

Eky'okulabirako eky'obuntu ekyenjawulo

# Muhammadi Omubaka wa Allah

*Allah amuwe okusaasira n'emirembe*


Kyaawandiikibwa
Osman Nuri TOPBAS



DARUL ARQAM

بسم الله الرحمن الرحيم

Istanbul - 2016 / 1437 H

© Erkam Publications - Istanbul: 2016 / 1437 H

# Muhammadi
## Omubaka wa Allah

*Allah amuwe okusaasira n'emirembe*

Osman Nûri Topbaş


| | |
|---|---|
| **Title Awali:** | Emsalsiz Örnek Şahsiyet<br>Hz. Muhammed Mustafa ﷺ |
| **Omuwandiisi:** | Osman Nûri Topbaş |
| **Abavvuunuzi:** | Quality Information Center |
| **Kyekenneenyezeddwa:** | Adam Zakariyya Mbaziira<br>AbdulHayyi Abdunoor Mukiibi<br>Idris Aiyd<br>Isimael Wandeba<br>Hasan Mutagubya<br>Hamid Kateregga |
| **ISBN:** | 978-9944-83-325-7 |
| **Mitaani:** | Ikitelli Organize Sanayi Bölgesi Mah.<br>Atatürk Bulvarı, Haseyad<br>1. Kısım No: 60/3-C<br>Başakşehir, Istanbul, Turkey |
| **Tel:** | (+90-212) 671-0700 pbx |
| **Fax:** | (+90-212) 671-0748 |
| **E-mail:** | info@islamicpublishing.net |
| **Web site:** | www.islamicpublishing.net |
| **Kyakubibwa mu kyapa:** | Erkam Printhouse |
| **Language:** | Luganda |

DARUL ARQAM

Eky’okulabirako eky’obuntu ekyenjawulo

# Muhammadi Omubaka wa Allah

*Allah amuwe okusaasira n’emirembe*

Osman Nûri TOPBAŞ

*Kyavvuunulwa*
Quality Information Center

DARUL ARQAM

**(Ntandise) n'erinnya lya Allah Omusaasizi ennyo Ow'okusaasira okwenjawulo**

Allah Oweekitiibwa yatwanjulira Omubaka We (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yagamba bw'atyi:

((وَمَا اَرْسَلْنَاكَ اِلاَّ رَحْمَةً لِلْعَالَمِينَ)) (الأنبياء، ١٠٧)

Okuvvuunula:

"Era tetwakutuma (lwa nsonga yonna) okuggyako okubeera eky'okusaasira eri ebitonde (byonna)" (An'biyaa-i, 107)

((يَا اَيُّهَا النَّبِيُّ اِنَّا اَرْسَلْنَاكَ شَاهِدًا وَمُبَشِّرًا وَنَذِيرًا. وَدَاعِيًا اِلى اللهِ بِاِذْنِهِ وَسِرَاجًا مُنِيرًا)) (الأحزاب، ٤٥-٤٦)

Okuvvuunula:

"Owange Nnabbi! Mazima Ffe twakutuma ng'oli mujulizi, asaasaanya amawulire amalungi, era omutiisa; era omukoowooze (akoowoola abantu okudda) eri Allah olw'okusalawo kwe, era ng'oli ttaala emulisa". (Ahzaabu, 45-46)

((لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللهِ اُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِمَنْ كَانَ يَرْجُوا اللهَ وَالْيَوْمَ الآخِرِ وَذَكَرَ اللهَ كَثِيرًا)) (الأحزاب، ٢١)

Okuvvuunula:

“Mazima mwafuna mu Mubaka wa Allah ekifaananyi ekirungi (ekyokugoberera) eri oyo alina essuubi okusisinkana Allah n’Olunaku lw’enkomerero, n’ajjukira nnyo Allah”. (Ahzaabu, 21)

((وَاِنَّ لَكَ لاَجْرًا غَيْرَ مَمْنُونٍ. وَاِنَّكَ لَعَلَى خُلُقٍ عَظِيمٍ)) (القلم، ٣-٤)

Okuvvuunula:

“Mazima olina empeera ezitali za kuggwaawo. Era mazima ggwe olina empisa ez’ekika ekyawaggulu”. (Qalam, 3-4)

((يَا اَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اَطِيعُوا اللّٰهَ وَاَطِيعُوا الرَّسُولَ وَلاَ تُبْطِلُوا اَعْمَالَكُمْ)) (محمد، ٣٣)

Okuvvuunula:

“Abange Abakkiriza! Mugondere Allah, era mugondere Omubaka era temwonoona emirimu gyammwe”. (Muhammadi, 33)

((وَمَنْ يُطِعِ اللّٰهَ وَالرَّسُولَ فَاُولَئِكَ مَعَ الَّذِينَ اَنْعَمَ اللّٰهُ عَلَيْهِمْ مِنَ النَّبِيِّينَ وَالصِّدِّقِينَ وَالشُّهَدَاءِ وَالصَّالِحِينَ وَحَسُنَ اُولَئِكَ رَفِيقًا)) (النساء، ٦٩)

Okuvvuunula:

"Omuntu agondera Allah ne Omubaka, abo be baliba wamu n'abo Allah be yagabira ebyengera mu Bannabbi, n'abo abaabakkiririzaawo, n'abaalwana ne bafiira mu kkubo lya Allah, n'abalongoofu, era abo be bantu abasinga okubeera abalungi okubeera nabo". (Nisaa-i, 69)

((اِنَّ اللّٰهَ وَمَلاَئِكَتَه يُصَلُّونَ عَلَى النَّبِيِّ يَا اَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَلُّوا عَلَيْهِ وَسَلِّمُوا تَسْلِيمًا)) (الأحزاب، ٥٦)

Okuvvuunula:

"Mazima Allah ne Bamalayika be basaalira ku Nnabbi, abange Abakkiriza mumusaalire era mumusabire n'emirembe emingi". (Ahzaabu, 56)

صدق اللّٰه العظيم

Allah Oweekitiibwa ayogera mazima

# Ennyanjula

Tutendereza Allah Oweekitiibwa okutendereza okw'olubeerera ne tumwebaza okwebaza okutakoma olw'okutuwa, okutugabira n'okutusitula eddaala bwe yatufuula ekibiina ky'Omubaka we era n'atutumira Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) engule ya Bannabbi bonna era omwagalwa we nga Nnabbi era Omubaka.

Okusaasira n'emirembe eby'olubeerera bibeere ku mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekitangaala ky'enjuba zonna era ekitangaala ky'amazima n'okulunngamya okwakayakana era okw'olubeerera mu kkubo ly'okwesiima eri abantu bonna.

Allah Oweekitiibwa yamutuma eri abantu mu biseera ebyali bibasingira obuzibu, okubeera ebyakazigizigi, wamu n'okubeera ebizito era eby'omutawaana; n'amuwa abantu bonna nga kyengera era nga kya kusaasira eri ebitonde mu kiseera ekyo ensi we yali ebbidde mu gayanja g'ebizikiza n'obulyazaamaanyi.

N'amutugabira ng'emmunyeenye "Shurayya" etangalijja ennyo eyava eyo mu bwengula obwawaggulu n'amufuula ekitangaala ekyakira emmunnyeenye entono n'ennene n'enjuba zonna ezaali zibikkiddwa essuuka y'ekizikiza ku nsi, eyo ensi abantu baayo abaali bawangaala ng'ensolo nga bawangaalira

mu kiwuubaalo, obugayaavu n'obujeemu. Allah Oweekitiibwa yamutumira ebitonde byonna nga kya kusaasira eky'olubeerera ekitakutukawo; nga kya kusaasira eri ebissa n'ebitassa, amayinja n'emiti, emigga n'ennyanja, ensi n'eggulu zonna, ebiseera n'ebifo, naye okusinga nga kya kusaasira eri abantu. Nnabbi n'abeera nga ly'ekkubo erituuka eri emikisa, okulunngama, okusaasira, wamu n'okuwona.

Yamutuma nga kya kusaasira kubanga ebintu byonna ebiriwo byatondebwa ku lwa kumuwa kitiibwa. Na bwe kityo ekitiibwa ebitonde kye biyinza okufuna eri Allah Owaamazima kisinziira ku ngeri gye bissaamu Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekitiibwa n'essa lye bimuteekamu.

Ye kya kusaasira kubanga okulumirwa kwe n'ekisa byabuutiikira abantu bonna n'ebitonde byonna.

Ye kya kusaasira kubanga Allah Oweekitiibwa yamulondamu nga y'ensulo ey'amazzi g'obulamu ag'olubeerera eri emitima n'amagezi era nga ye nsibuko y'essanyu ery'omu mwoyo n'emikisa ebyolubeerera.

Ye kya kusaasira kubanga Oweekitiibwa Allah yamugonnomolako ekitiibwa kya Kulaane nga y'endagiriro eri obulunngamu obutaggwaawo.

Ye kwe kusaasira kubanga ye Mubaka Allah gw'asinga okwagala era nga kye kitonde ekisinga ekitiibwa gy'ali nga ye Mubaka Allah gwe yawa ekitiibwa kya Miraaje (eky'okumulinnyisaako ekiro mu Ggulu).

Ye kya kusaasira! Singa si ku lulwe ensi zonna zandifuuse malungu amakalu agataliimu bantu.

Ye kya kusaasira kubanga ensi yonna yatondebwa mu kitangaala kye.

Ye kya kusaasira; buli kintu kirungi obulungi bwa kyo kibujja ku ye, era n'obulungi bwatondebwa lwa kuwa bulamu bwe kitiibwa.

Buli kimuli mu nsi eno ekitaafuna kitangaala kye tekyayanjulukuka. Singa si ye tewali kyanditondeddwa. Ku lulwe twasobola okubeerawo. Ye kye kitangaala ekijjuvu ekitakendeera wabula okweyongera obweyongezi buli lunaku oluyitawo.

Ye kya kusaasira kubanga Allah yennyini okumusaalira olubeerera kwali kulaga ssa na ddaala lye gy'ali.

Na bwe kityo amawanga gonna nga gali wansi w'akasolya k'obwannabbi ow'okusaasira n'obulunngamu obw'omubaka wa Allah gaaloza ku ddembe n'obutebenkevu ebyannamaddala, n'abantu abaali babuliddwa we bassiza olw'omukka gw'obujeemu mu biseera by'obutamanya. Baatandika okufuna obulamu obulungi okuva mu kumanya n'okutegeera okwenjawulo okwo okwaggulibwawo Nnabbi waffe oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ne kusaasaanira n'okutuuka mu bwengula.

Mu mikono gye egy'ekitiibwa, emitima egyali gifuuse emikalubu ng'amayinja gyakyuka ne gifuuka ettaka ebbisi erigonda. Emitima egyali gibbidde nga gitubidde mu bukyafu ne

kakiki ne ginaazibwa n'amazzi agava mu nsulo entukuvu ne gitukula. Ekitangaala ne kidda awaali ekizikiza n'okufuma.

Twala ekyokulabirako eky'omusajja eyayitibwanga Habashiyyu eyali ava mu bitundu by'e Abisiniya (Abysinia – awali Ethiopia olwaleero). Omusajja ono bwe yali tannakkiriza kwegatta ku ggunjuliro ly'omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali muntu wa mpaka, kalibutemu era ow'omutima ogwekko. Laba bwe yasiramuka n'akeesa enkya nga wa mutima omulungi, omugonvu era ebiseera bye ebingi n'atandika okubimaliranga mu kukaaba. N'abekika ekyo abaafuuka oluvannyuma lw'okwegatta ku ggunjuliro lya Nnabbi bangi tobala.

Emyoyo gyabwe gyali gisemberedde okusaanawo olw'amayisa agasinga okuvumirirwa. Naye bwe baanywa ku mazzi ag'ensulo z'obulunngamu baamanya obulamu obutaggwaawo, buli omu n'afuna ekitiibwa n'asituka mu ddaala, era amannya gaabwe ne gagattibwa ku linnya lye baawa mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ebyo byonna bitulaga nti Omubaka waffe oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kye kyamagero ekisinga obunene Allah (Oweekitiibwa Owaawaggulu) kye yatondawo era n'amutuwa ng'ekirabo. Yali kyamagero ku buli ludda lw'oba otunuulidde ku ngulu ne munda. Ye ye mujjuvu eyajjuzibwa, oweekitiibwa, assibwamu ekitiibwa, ow'omukwano era ayagalwa.

Olwokubanga yali kusaasira, kulunngamya na kirabo, Omutonzi nannyini kitiibwa kye yawa ebitonde bye byonna, abalongoofu bonna, abalondemu bonna, abantu ba Allah

bonna, abalamuzi, abanunuzi, abakiikirira amazima mu byafaayo by'ensi; abo bonna ndabirwamu eziraga ekifaananyi kye, era bitundu ku ye ng'omwezi bwe gulaga ekitangaala ky'enjuba.

N'olw'ekyo, ekkubo ly'okusembezebwa ewa Allah (Oweekitiibwa Owaawaggulu) n'okufuna okusiimibwa okuva gy'ali, liyita mu kwagala Mubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) na kugoberera nkola ye. Allah Oweekitiibwa ekintu ekyo akitangaaza bw'atyi mu aya ze ezeekitiibwa bw'agamba nti:

((قُلْ اِنْ كُنْتُمْ تُحِبُّونَ اللّٰهَ فَاتَّبِعُونِي يُحْبِبْكُمُ اللّٰهُ وَيَغْفِرْ لَكُمْ ذُنُوبَكُمْ وَاللّٰهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ)) (آل عمران، ٣١)

Okuvvuunula:

"Gamba nti bwe muba mwagala Allah kale mungoberere olwo Allah alyoke abaagale era abasonyiwe ebyonoono byammwe. Allah Musonyiyi, Musaasizi". (Aal-Imran, 31)

Era Allah Oweekitiibwa mu kifo ekirala agamba bw'atyi:

((مَنْ يُطِعِ الرَّسُولَ فَقَدْ اَطَاعَ اللّٰهَ وَمَنْ تَوَلَّى فَمَا اَرْسَلْنَاكَ عَلَيْهِمْ حَفِيظًا)) (النساء، ٨٠)

Okuvvuunula

“Oyo agondera Omubaka aba agondedde Allah naye oyo akyuka (n’atamugoberera) tetwakutuma obeere ng’obakuuma.” (Nisaa-i, 80)

Nga aya bwe zikirambika, ekipimo kyokka eky’okwagala Allah (Oweekitiibwa Owaawaggulu) ye muntu okubeera ng’agoberera Omubaka we, ng’amwetunzeeko, ng’amwelippyeko ng’ekiwojjolo bwe kyerippa ku kimuli. Okukola ekyennyume ky’ebyo tekubalibwa ng’obukkiriza. Ekipimo kyokka eky’okwagala Allah (Oweekitiibwa Owaawaggulu) kwe kugoberera Nnabbi we. Ago ge mazima omuntu yenna akkiriza Allah Oweekitiibwa g’atateekeddwa kugayaalirira. Olw’ekyo kitukakatako mu ngeri eyo okuba nga tubeera ne mukama waffe Omubaka wa Allah buli kiseera ne mu buli kantu mu bulamu bwaffe era embeera ze ez’enjawulo ez’okulabirako zibeere ekipimo ekyeyawudde mu kubumba embeera zaffe. Engeri y’okutuukirizaamu ekyo kye tusinga okwetaaga kwe kumanya Omubaka n’okumusembeza okumpi n’okumanya engeri gye yawangaalamu nakyo ne tukisembeza kumpi ddala, okutuusa tumanye n’enzisa gye yassangamu. Mu ngeri y’emu emitima gyaffe gisaana gikubire wamu n’omutima gwe era tubeere nga Basswahaba ab’ebitiibwa (Allah abasiime) abaayagala ennyo Nnabbi, ebibumba byabwe ne bisemberera okusiriira olw’omukwano n’okwagala bye baalina gy’ali.

Wadde nga ffe tetusobola kutuuka ku ddaala erimusaanira olw’obulemu bwe tulina, singa tukola kimu kukwata kkubo lye n’okuwangaalira ku bulunngamu bwe ekyo kyanditumaze. Laba essanyu n’okwesiima eby’amaanyi bye twandifunye

singa tugoberedde Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) wadde mu ngeri entono etya ne twefaanānyiriza n'embeera ye etalina egisemberera ate nga gwe mulyango ogutuuka eri okwesiima okutaggwaawo.

Okusobola okutuukiriza ekyo tufubye okuwandiika ekitabo kino era kye tubateeredde mu maaso gammwe – wadde ng'eddimo ddene nnyo era obusobozi butono obusobola okulituukiriza obulungi. Tuwandiise nga tulina essuubi nti tujja kusobola okubamanyisa embeera za Nnabbi oweekitiibwa okuzirabira okumpi. Ebintu ebikwata ku mbeera z'omubaka wa Allah ennyingi tubireese mu bufunze nga tubijja mu bintu bye twawandiika mu bitabo byaffe ebikadde. Olw'okuba nga ebigambo byaffe ne bwe biwanvuwa bitya tebisobola kumalayo bimukwatako mu butuufu, twesanze nga kitukakatako okwebaza Allah Oweekitiibwa Owaawaggulu olw'ekyengera ekinene kye yatugabira, nakyo nga ye Mubaka we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), kye kimu ng'okwebaza kuno tukuyisa mu kumwogerako, oba kwogera ku byafaayo bye oba okuwangaalira ku kulunngamya kwe ne sunna ze (enkola ye).

Ekiriwo kwe kuba ng'omulimo gwaffe ogusinga obukulu - wadde nga tulina obunafu - kwe kukola ng'olutindo oluwanirira n'okusitula okusaasira kwe n'okubeerawo kwe okutakutukawo, ebyabuutikira amawanga gonna, ne tubireetera omulembe gwaffe guno ogujjudde ebizibu ebipya n'okumanyisa abantu bonna ekyamagero ekyo ekyatuukirira mu kifaananyi n'olulimi ebisinga obulungi. N'ekitiibwa kye tusobola okufuna ekisinga kwe kuleeta Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu kifaananyi ekisinga obulungi.

Allah tukusaba otuweeyo omugabo mu mbeera y'ekyamagero ekyokulabirako ekitalina kikyenkana. Tukusaba mu mitima gyaffe oteekemu embiri ezizimbiddwaamu emizimbo gy'okumwagala, otugabire obusobozi n'okuyita ebigezo by'okwewala obusungu bwo nga tuyita mu kumwewa n'okumubeerako. Otufuule abantu abagwanidde okusiima n'okwagala kwo. Aamiina.[1]

1 Nsaba Allah Oweekitiibwa era muwanjagira, okufuba kw'abayizi baffe abeebitiibwa abakoze kyonna ekisoboka era ne bawaayo obuyambi bwonna mu kukola omulimu guno, byonna bye bakoze abibafuulire saddaaka egenderera.

# Ekitundu Ekisooka

- Eky'okulabirako eky'obuntu ekyenjawulo
- Eky'okugoberera ekirungi/ Ekifaanaanyi era eky'okulabirako ekisinga obulungi

# Ekyokulabirako eky’obuntu ekyenjawulo

**Mukama waffe Muhammadi**
(Allah amusaasire amuwe n’emirembe)

Allah yawaayo omubaka we Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) nga kye kirabo ekyawaggulu era ekyomuwendo eri abantu, olw’ekifo kye ky’alina ekyawaggulu n’eddaala lye eryawaggulu eri Allah (Oweekitiibwa Owaawaggulu). Mu ngeri eyo yatwala okugondera omwagalwa we Muhammadi ng’okumwagala, n’okuwera eri omwagalwa we ng’okuwera gy’ali. Era okugoberera Nnabbi we (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yakufuula akalombolombo okasobozesa omuntu okufuna okwagalwa Allah n’okutuuka gy’ali. Waliwo aya za Kulaane ezeekitiibwa ezoogera ku nsonga eno:

((وَمَا اَرْسَلْنَاكَ اِلاَّ رَحْمَةً لِلْعَالَمِينَ)) (الأنبياء، ١٠٧)

Okuvvuunula

“Era tetwakutuma (lwa nsonga yonna) okuggyako okubeera eky’okusaasira eri ebitonde (byonna)” (An’biyaa-i, 107)

Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yakoowoolanga Basswahaba ng’ababuulira amakulu g’ebigambo ebyo waggulu n’abagamba bw’atyi:

“Abange abantu! Nze siri kirala okuggyako okusaasira n’okulunngama” (Daarimi, ebyanjula, 3)

((مَنْ يُطِعِ الرَّسُولَ فَقَدْ اَطَاعَ اللّٰهَ)) (النساء، ٨٠)

Okuvvuunula

“Oyo agondera Omubaka ddala aba agondedde Allah”. (Nisaa-i, 80)

((اِنَّ الَّذِيْنَ يُبَايِعُونَكَ اِنَّمَا يُبَايِعُونَ اللّٰهَ)) (الفتح، ١٠)

Okuvvuunula

“Mazima abo abawera mu maaso go, ddala bawera mu maaso ga Allah” (Fat-hi, 10)

((قُلْ اِنْ كُنْتُمْ تُحِبُّونَ اللّٰهَ فَاتَّبِعُونِي يُحْبِبْكُمُ اللّٰهُ وَيَغْفِرْ لَكُمْ ذُنُوبَكُمْ وَاللّٰهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ)) (آل عمران، ٣١)

Okuvvuunula

“Gamba nti bwe muba mwagala Allah kale mungoberere olwo Allah alyoke abaagale era abasonyiwe ebyonoono byammwe. Allah Musonyiyi, Musaasizi”. (Aal-Imran, 31)

Mu ngeri y’emu Allah (Oweekitiibwa era Owaawaggulu) yagaanira ddala okukulembera omwagalwa we era Omubaka we (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) mu kintu kyonna bwe yagamba bw’atyi:

((يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لاَ تُقَدِّمُوا بَيْنَ يَدَيِ اللّٰهِ وَرَسُولِهِ وَاتَّقُوا اللّٰهَ اِنَّ اللّٰهَ سَمِيعٌ عَلِيمٌ)) (الحجرات، ١)

Okuvvuunula

“Abange Abakkiriza! Temukulemberanga Allah ne Omubaka we (ne musalawo ekintu kyonna nga tebannasalawo); mwewale obusungu bwa Allah kubanga Awulira era Amanyi” (Hujuraati, 1)

Aya zino ezeekitiibwa ziragira era ne ziteekawo ekkomo ery’omuntu okuwangaalira mu nsalo za Kulaane ne sunna za Nnabbi nga tewali kubuuka nsalo ezo oba okugayaala obutazituuka. Bw’osinziira ku ekyo kiba kikakata obutava mu nsalo za biragiro bya Allah n’omubaka we, n’endagiriro za Kulaane ne Sunna nga ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) Basswahaba be yabatambulizanga ku ndagiriro y’obubaka bwa kulaane. Eyo ye nsonga lwaki buli Nnabbi lwe yabuuzanga Basswahaba be ekigambo kyonna baamuddangamu bagamba nti, “Allah ne Omubaka we be basinga okumanya”. Baddangamu bwe batyo ne bwe baabanga ky’ababuuzizza nga bakimanyi. Mu ngeri eyo baali batuuse ku ntikko y’empisa ennungi, enneeyisa, obukwatampola n’obugonvu.

Allah yalaalika Abakkiriza okubeera nga bazuukufu nga bali mu mbeera esembayo waggulu mu mpisa n’obugonvu mu ngeri gye boogeramu era n’enneeyisa gye beeyisaamu nga bali ne Omubaka wa Allah n’okulema okusitula amaloboozi nga boogera ne Omubaka oba nga bamuyita era n’abatiisa

nti okuva oba okwawukana ku nkola ebalagiddwa kwali kwa kwonoona emirimo gyabwe. Aya ezoogera ku nsonga eyo nnyngi nga mwe muli zino:

((يَا اَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لاَ تَرْفَعُوا اَصْوَاتَكُمْ فَوْقَ صَوْتِ النَّبِيِّ وَلاَ تَجْهَرُوا لَهُ بِالْقَوْلِ كَجَهْرِ بَعْضِكُمْ لِبَعْضٍ اَنْ تَحْبَطَ اَعْمَالُكُمْ وَأَنْتُمْ لاَ تَشْعُرُونَ)) (الحجرات، ٢)

Okuvvuunula

“Abange mmwe Abakkiriza! Temusitula maloboozi gammwe kusukka ddoboozi lya Nnabbi era temumwatuliranga bigambo nga bwe mwatuliragana, ekyo nga kijja kuvaako okwonooneka kw’emirimo gyammwe nga temumanyi”(Hujuraati, 2)

Mu ngeri y’emu Allah Oweekitiibwa Owaawaggulu abantu yabafuulira okuwa ekitiibwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) ekibagezesa eddaala lye baba batuuseeko mu kutya kw’emitima gyabwe. Allah Oweekitiibwa era Owaawaggulu yabala okuwa ekitiibwa omwagalwa we Nnabbi Muhammadi n’okumugulumiza nga kye kisobozesa omuntu okutuuka ku ddala ly’obuddu eryegombwa era eryettanirwa. Yatwala obuteekwata ku mpisa z’okwogera obulungi ne Omubaka okubeera emu ku mpisa z’Ebiseera eby’obutamanya”

((اِنَّ الَّذِيْنَ يَغُضُّونَ اَصْوَاتَهُمْ عِنْدَ رَسُولِ اللّٰهِ اُولَئِكَ الَّذِينَ امْتَحَنَ اللّٰهُ قُلُوبَهُمْ لِلتَّقْوَى لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَاَجْرٌ

عَظِيمٌ. اِنَّ الَّذِينَ يُنَادُونَكَ مِنْ وَرَاءِ الْحُجُرَاتِ اَكْثَرُهُمْ لاَيَعْقِلُونَ)) (الحجرات، ٣-٤)

Okuvvuunula

"Mazima abo abakkakkanya amaloboozi gaabwe awali Omubaka wa Allah abo Allah be yagezesa emitima gyabwe (basobole) okumutya. Balina okusonyiyibwa n'empeera ennyingi. Mazima abo abakukoowoolera emabega w'ebisenge abasinga tebategeera." (Hujuraati, 3-4)

Mu mulyango guno tusobola era okwesembesa aya eyeekitiibwa eno:

((لاَتَجْعَلُوا دُعَاءَ الرَّسُولِ بَيْنَكُمْ كَدُعَاءِ بَعْضِكُمْ بَعْضًا))

(النور، ٦٣)

Okuvvuunula

"Temufuula okukoowoola Omubaka ng'engeri mmwe gye mwekoowoolamu". (Nuuru, 63)

Ibn Abaasi (Allah amusiime ye ne taata we) aya eno aginnyonnyola bw'atyi: "Nga aya eno tennaba kukka abantu Nnabbi baamuyitanga bakozesa mannya ge bwe batyi: "Ggwe Muhammadi! Ggwe Abu Kasimu (Taata Kasimu)!" Ekyo Allah kwe kukibagaana basobole okussa ekitiibwa mu Nnabbi n'abalagira bagambe bwe bw'atyi: "Mugambe nti: "Owange

Nnabbi wa Allah!" oba "Owange Omubaka wa Allah!" (Ibn Kathiir, okunnyonnyola Nuur, 63)

Ng'oggyeeko ebyo, Allah (Owaawaggulu Oweekitiibwa) bwe yabanga ayogera ku Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyamwogerako ng'akozesa erinnya lye wadde erinnya eryamuweebwa abantu nga bwe yakolanga ku Bannabbi abalala be yabanga ayogeddeko. Bano bo yabayitanga mannya gaabwe. Kino kiraga bukulu bwa ddaala lya Nnabbi Muhammadi. Mu ngeri eyo Allah yali asomesa abaddu be essomo eryamaanyi mu mpisa ne mu nneeyisa ku bikwata ku mwagalwa waffe era Nnabbi waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Allah (Oweekitiibwa era Owaawaggulu) yalabula abo abatategeera kifo kya Mubaka we n'eddaala ly'aliko bwe yalayira obulamu bw'omwagalwa we. Ekyo kyali kinnyonnyola Kulaane eyeekitiibwa mu ngeri eyenkukunala. Allah yagamba nti:

((لَعَمْرُكَ إِنَّهُمْ لَفِي سَكْرَتِهِمْ يَعْمَهُونَ)) (الحجر، ٧٢)

Okuvvuunula:

"Ndayidde obulamu bwo abo ddala bali mu butamiivu bwabwe babungeeeta" (Hijri, 72)

Kw'ebyo byonna gattako nti Allah yafuula Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) asinga Bannabbi ne Ababaka ekitiibwa era n'amussa mu ddaala erisinga okubeera waggulu era n'amuwa ekifo ekyenjawulo wakati waabwe. Ekyo kyeyolekera mu kigambo kya Allah Oweekitiibwa:

((تِلْكَ الرُّسُلُ فَضَّلْنَا بَعْضَهُمْ عَلَى بَعْضٍ مِنْهُمْ مَنْ كَلَّمَ اللَّهُ وَرَفَعَ بَعْضَهُمْ دَرَجَاتٍ)) (البقرة، ٢٥٣)

Okuvvuunula:

"Abo Ababaka abamu twabasukkulumya ku bannabwe. Mulimu eyayogera ne Katonda (obutereevu), abalala n'abasitula mu madaala" (Baqara, 253)

Okusinziira ku lulimi Oluwalabu, ekigambo "Ba-adhuhum" ekyakozesebwa mu aya eno kitegeeza "omu ku bo", era nga mu aya eno bategeeza Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ibn Abaasi (Katonda amusiime) anyumya bw'atyi: "Waliwo abantu mu Basswahaba ba Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) abaatuula nga bamulindirira, Nnabbi n'ajja. Naye aba ali kumpi kubatuukako kwe kubawulira nga boogera n'awuliriza bye baali boogera. Kwe kuwulira omu ng'agamba: "Temulaba nga kyewuunyisa Allah mu bitonde okweteerawo owoomukwano: Bulayimu ye mukwano gwe". Omulala n'agamba: "Tolaba ng'ekisinga okwewuunyisa nti "Allah yayogerera ddala ne Musa". Omulala kwe kugamba: "Naye ate Yisa kigambo kya Allah era mwoyo ogwava gy'ali". Omulala n'agamba nti: "Adamu ye nno Allah yamulonda n'amweyawulira". Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabatuukako n'abatoolera Salaamu oluvannyuma n'agamba:

"Bye mubadde mwogera mbiwulidde ne bye mubadde mwewuunya nti 'Bulayimu munywanyi wa Allah era ekyo

kituufu; nti Musa yayogera naye era bw'atyo bw'ali; nti Yisa mwoyo ogwava gy'ali naye bw'atyo bw'ali; nti ne Adamu Allah Oweekitiibwa yamwawula naye era bw'ali. Naye abo bonna ng'obatadde ku bbali nze mwagalwa wa Allah, era teri kitiibwa kisinga ekyo; nze agenda okusitula bendera y'Okutendereza ku Lunaku lwenkomerero Adamu n'abamuddirira bonna mwe bagenda okubeera; ekyo nakyo teri kikisinga kitiibwa. Nze ngenda okusooka okuwolereza era agenda okusooka okukkirizibwa okuwolereza kwe; n'ekyo teri kikisinga kitiibwa. Nze nngenda okusooka okunyeenya ekizibawo ky'e Jjana. Ekyo nakyo teri kikisinga kitiibwa. Allah aliggula ekizibawo ekyo n'annyingiza Ejjana nga ndi n'Abakkiriza abaavu; ekyo nakyo kitiibwa teri kikisinga. Era nze wa kitiibwa asinga abaasooka n'abalijja; ekyo nakyo kitiibwa teri kikisinga. (Tirmidhi, al-Manaaqib. 1/13616, al-Daarimi, al-Muqaddima, 8)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era yagamba bw'atyi:

"Nze mukama wa batabani ba Adamu ku Lunaku lwe nkomerero era ekyo ekitiibwa teri kikisinga. Mu mikono gyange mwe mugenda okubeera bendera y'Okutendereza, ekyo nakyo teri kitiibwa kikisinga. Teri Nnabbi okutandikira ku Adamu n'okukka wansi atalibeera wansi wa bendera yange ku Lunaku olwo. Nze muntu ensi gw'erisooka okubejjukira, ekyo nakyo teri kitiibwa kikisinga. (Tirmidhi, okuvvuunula Kulaane, 17/3148)

Olw'ebitendo ebyo byonna bye twogedde n'embeera ze ezettendo ebikwata ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), ky'ova olaba nga Allah Oweekitiibwa

yalagira abantu okusaanawo n'okusebengerera olw'omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okuwangaalira mu mbeera nga balinga abanjulira Omubaka wa Allah Oweekitiibwa emirimu gyabwe. N'obujulizi obwenkukunala obulaga ekyo kwe kuba nga Allah yalagira Abakkiriza okutoolera Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) salaamu mu sswala mu kiseera we babeerera nga batudde nga basoma tashahhudu (tahiyaatu) mu sswala zonna nga Nnabbi alinga ayimiridde awo mu maaso gaabwe abatunuulidde nga bagamba bwe batyi: "Emirembe gibeere ku ggwe owange Omubaka wa Allah n'okusaasira kwe n'emikisa Gye" So ng'asaala okutoolera omuntu omulala salaamu ng'ali mu sswala esswala ye efa tebalibwa.

Ye Imaamu Abu Hamidu al-Ghazali ng'annyonnyola amakulu agali mu kino yagamba bw'atyi:

"Bw'oba otudde ng'osoma tashahhudu tuula nga weewombeese olangirire nti byonna by'oyogerako "okusaasira okungi n'ebirungi ebingi" amakulu empisa zonna entukuvu nti n'obufuzi bya Allah. Ago ge makulu agali mu kigambo "tahiyyaatu" (Ebiramuso ebingi). Sembeza Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) wamu n'embeera ze ez'ekitiibwa mu mutima gwo ogambe nti: "Emirembe gibeere ku ggwe, owange Nnabbi n'okusaasira kwa Allah n'emikisa Gye". Kakasa era osuubire nti salaamu gy'otoola emutuukako era nti akuddamu mu bigambo ebisinga okuba ebirungi (Abu Hamidu al-Ghazali, Ihyaa Uluum Ddiini, 1/224)

Seeka Khalid al-Baghdad (Ekyama kye kitukuzibwe) mu bbaluwa ye eyookuna mu kitabo kye al-Maktuubaati ng'ebi-

gambo abijja ku kakensa Seeka Shihab mutabani wa Hajari al-Makkiy ng'annyonnyola amakulu g'ebigambo ebiri mu tashahhud yayogera bino:

"Ne boogera ne Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga kiringa ekiraga nti Allah Oweekitiibwa amubikkulira abasaaze mu kibiina kye abeere ng'ali nabo abajulire ku mirimo egisinga obulungi mu mirimo gyabwe, era okujjukira okubeerawo kwe ebeere ensonga ebongera obukkakkamu n'okutya (nga basaala).[2]

Ekiva mu bino ye Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okuba nga y'asinga obuganzi mu bitonde byonna eri Allah era nga y'abasinga ekitiibwa engeri gy'ali nga kye ky'okwewuliza eky'oku nsi n'Olunaku lwe nkomererero, nga ye mulunngamya era omununuzi w'abantu mu nsi muno, era nga ye muwolereza waabwe ku Lunaku lwenkomerero. Era nti Adamu, taata w'abantu (Allah amuwe emirembe) bwe baamala okumwesambisa Ejjana yeenenya eri Allah we n'amusaba okumusonyiwa, era Allah n'amusonyiwa kubanga yayita mu Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Era oluvannyma lwa Allah Oweekitiibwa okumutuma yafuuka eky'okulunngamya eri abantu bonna. N'ekiringa ekyo bye byayogerwa mu hadiisi eyeekitiibwa nti: "Adamu bwe yamala okusobya yagamba nti: "Allah wange! Nkusaba onsonyiwe olwa Muhammadi. Allah yamubuuza engeri gye yamanyaamu Muhammadi nga yali tannamutonda. Adamu yaddamu: "Mukama wange! Kubanga bwe wama-

2 Maktuubaati Maulaana Khalid, olup. 118; Kitab Rashihaati, Mau - ana Swafiyyu Ddiini, olup. 225-226.

la okuntonda n'omukono gwo n'onfuuwamu omwoyo Gwo nnasitula omutwe nngenda okulaba ku bikondo bya Arishi nga kuwandiikiddwaako "Laa ilaaha illa Laahu Muhammadu rasuulu Llaahi" (Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah; Muhammadi Mubaka wa Allah). Bwe nnalaba ekyo ne mmanya nti ku linnya lyo tewagattako linnya okuggyako ery'ekitonde ekisinga okubeera ekiganzi gy'oli". Allah kwe kumugamba nti: "Adamu oyogedde mazima, Muhammadi kye kitonde kye nsinga okwagala. Onsabye ku lulwe, kati nkusonyiye. Singa si Muhammadi sandikusonyiye".[3]

Bw'atyo mukama waffe Adamu (Allah amuwe emirembe) yasobola okusaba ng'ayita mu Mubaka wa Allah, Oweekitiibwa Allah n'amusonyiwa. Wuuno Omubaka oweekitiibwa eyali ettondo bwe yajjulukuka ne yeetondeka ku mugongo gwa mukama waffe Bulayimu (Allah amuwe emirembe) Abakaafiiri bwe baamusuula mu muliro okumwokya Allah yagumufuulira bunnyogovu na mirembe. Ekkula ery'ekitiibwa bwe lyayingira ku mugongo gwa Semayiri (Ismail) (Allah amuwe emirembe), kitaawe bwe yali agenda okumusala Allah yaweereza ekimununula okuva mu ggulu ku lwa Muhammadi.

Nga bwe twalabye, Bannabbi bonna baafuna okulabirirwa okwenjawulo olw'ensonga y'Omubaka oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Mu ngeri eyo mukama waffe Musa yayagala abeere mu kibiina kya Muhammadi asobole okufuna emikisa n'obulungi ebyateekerwateekerwa ekibiina kya

3 Haakimu, Mustadraku alaa Swahiihayni, Beirut, 1990, ekitabo 2, 672/4228.

Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Kataddaata mutabani wa Nu'man (Allah amusiime) anyumya nti mukama waffe Musa (Allah amuwe emirembe) yagamba bw'atyi:

"Katonda wange! Mu byawandiikibwa ndabamu ekibiina nga kye kibiina ekisinga obulungi ku bibiina by'abantu byonna ebyali bitondeddwa: balagira okukola obulungi ne baziyiza okukola obubi. Ekyo kifuule kibiina kyange". Allah yamuddamu nti: 'Ekyo kibiina kya Ahmada (Muhammadi)'.

Musa yayongerako:

"Katonda wange! Mu byawandiikibwa ndabamu ekibiina nga kye kyenkomerero – amakulu ekyenkomerero mu kutonda naye nga kye kiri ku mwanjo mu kuyingira Ejjana – Katonda wange! Ekyo kifuule ekibiina kyange". Allah yamuddamu nti: "Ekyo kibiina kya Ahmada".

Musa n'agamba nti:

"Katonda wange! Mu byawandiikibwa ndabamu abantu enjiri zaabwe baazikwata zibali mu bifuba byabwe bazisoma. So nga bannaabwe abaabasooka ebitabo byabwe baabisomanga nga babitunulako nga ne bwe babisitula tebasobola kukwata kintu kyonna wadde okukimanya. Abantu abo Allah yabawa okukwata kw'ataawa bantu ba kibiina kirala. Katonda wange! Abo bafuule ekibiina kyange. Allah yamuddamu: 'Ekyo kibiina kya Ahmada".

Musa kwe kweyongerayo n'agamba nti:

"Katonda wange! Mu byawandiikibwa nsangamu ekibiina ky'abantu abakkiriza ebyawandiikibwa ebyasooka n'ebya-

sembayo ne balwanyisa obubuze ne batuuka n'okulwanyisa 'Owettulu omulimba'. Ekyo ky'oba ofuula ekibiina kyange. Allah kwe kumuddamu nti: 'Ekyo kibiina kya Ahmada'.

Musa kwe kugamba nti:

"Katonda wange! Mu byawandiikibwa ndabamu abantu nga saddaaka zaabwe bazimalira mu mbuto zaabwe ate ne bazisasulwamu empeera, so ng'abaabasooka oli bwe yasaddaakanga saddaaka n'ekkirizibwa Allah yaweerezanga omuliro ne gugirya. Naye saddaaka bwe yagaanibwanga ng'erekebwa ensolo n'ebinyonyi ne bigirya. Abantu b'ekibiina ekyo Allah saddaaka zaabwe azijja ku bagagga mu bo n'aziwa abaavu. Allah abo bafuule ekibiina kyange". Allah kwe kumugamba nti: 'Ekyo kibiina kya Ahmada".

Musa n'agamba nti:

"Katonda wange! Nsanga mu byawandiikibwa ekibiina ky'abantu nga omu mu bo bw'awankawanka okukola ekintu ekirungi n'atakikola olwo bamuwandiikako ekirungi kimu, so nga bw'akikola olwo bamuwandiikako ebirungi kkumi ebikyenkana okutuukira ddala ku birungi lusanvu (700) lulamba. Allah abo bafuule ekibiina kyange". Allah kwe kumugamba nti: 'Ekyo kibiina kya Ahmada".

Musa n'agamba nti:

"Katonda wange! Mu byawandiikibwa nsangamu ekibiina ky'abantu nga abawolerezebwa nga n'abawolereza ali mu bo. Abo bafuule ekibiina kyange". Allah kwe kumugamba nti: 'Ekyo kibiina kya Ahmada".

Kataddaata ayongerako: Baatugamba nti Nnabbi wa Allah Musa yasuulawo embaawo n'agamba: "Allah nfuula ow'omu kibiina kya Ahmada".[4]

Kye tujja mu bino kwe kuba nga buli muzingo mu lujegere lwa Bannabbi abalunngamya aboomukisa, yali mulanzi era nga muwi wa mawulire ag'essanyu olw'okujja kw'omwawule (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) oyo eyatumibwa nga kya kusaasira eri ebitonde.

Kyaddaaki ekitangaala ki mulindwa kyajja mu nsi. Ng'enjuba eneetera okuvaayo ey'olunaku olw'okusooka nga 12 Rabbil Awwal omwaka ogwa 571 okuva Yisa lwe yazaalibwa yasaasaanira ebbanga lyonna, n'esaasaanira na buli kifo kyonna.

N'okujja kwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okusaasira kwa Allah kwajjula mu nsi eno. Embeera z'okumakya n'olweggulo ne zikyuka, emitima ne gitereera, eby'ogerwa ne bikkakkana n'ebinyumizibwa ne biwoomerera, buli kintu ne kifuna amakulu amapya n'obulungi obulala. Amasanamu gaajugumira ne gawanukayo ne gagwa ku ttaka. Empagi z'embiri n'obusolya mu mbiri za Bakabaka ba Bufaarisi ne bimenyeka. Ennyanja ye Saawah n'ekala. Emikisa n'okutukula ne bibuutikira ensi eno yonna n'ebiseera byonna n'ebitonde byonna.

Singa mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyakunngaanya ebirungi byonna

4 Ibn Kathir, tafsiirul Qur'anil Adhwim, Beirut, 1988 A.D., ekitabo 2, Aaraaf, 154.

teyayamba nsi eno na kujja kwe, abantu bandisigadde mu kizikiza na kiwuubalo okutuusa Olunaku lwe nkomerero lwe lwandituuse; abanafu bandikeesezza enkya nga bawambe b'ababasinga amaanyi era ekibi kyandiwangudde ekirungi; ensi eno yandifugiddwa balyazaamaanyi na bannakyemalira.

Omutontomi yatontoma bulungi bwe yagamba nti:

- Singa Omubaka wa Allah teyajja ku nsi eno
- Ebimuli tebyandyeyanjuluzza, ebinyonyi tebyandiyimbye era amannya (g'ebintu) gandiisigadde ga nkiso eri Adamu.
- Okubeerawo tekwandibadde na makulu gonna era ensi yandibadde mu nnaku na buvune.

Mukadde waffe Jalaluddini al-Ruumi (Ekyama kye kitukuzibwe) yayogera ku bwetavu okuba nga tuwulira ekyengera n'obulungi olw'okujja kwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyateemateema amasanamu, ensi n'agijjuza obwenkanya, obulyazaamanyi n'abujja mu bifuba, yagamba bw'atyi:

"Musiraamu ggwe owo ku mulembe guno! Singa si kunyiikira kwa mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), kussaamu maanyi na kussamu birowooozo mu kutemaatema amasanamu, ggwe olwaleero wandibadde nga bajjajja bo ng'oli ku masanamu g'osinza".

Mazima omuntu ono eyali teyasoma ng'ate awangaalira ku mulembe gw'abantu abaali batamanyi kusoma na kuwandiika nga baali wala nnyo n'obugunjufu, nga bwe yayitirirako

abantu b'oku mulembe gwe olw'okumanya kwe yalina n'amagezi, era yajja ne Kulaane eyeekitiibwa ekyamagero ekyalemesa omuntu yenna era nga tewali alisobola kukigezaako okutuusa ensi lw'eriggwaawo. Kulaane eyo eyeekitibwa eyogera ku bintu ebyazuuka mu byafaayo mu biseera ebyemabega, ng'ate mu kiseera kye kimu eyogera ku bintu ebikwata ku Sayansi n'amagezi agatali ga Sayansi ebirizuuka mu biseera eby'omu maaso so nga teri muntu mu myaka gyonna olukumi mu ebina gy'emaze eyali asobodde okugirimbisa. So nga mu bifo by'abayivu ebisinga obwatiikirivu, buli mwaka abaayo bakakibwa okutereeza ebyasoba n'okubizza obuggya ng'eno bwe bongeramu ekitabo ekipya ekirala.

Ono Nnabbi mulekwa ate nga teyasoma atalina muntu yenna gwe yasomako oba gwe yajjako ebigambo, wabula eyajja okutaasa abantu bonna alyoke abeere nga y'annyonnyola ebikusike era nga ye musomesa omukulu mu ssomero lya Allah (Oweekitibwa Owaawaggulu).

Mukama waffe Musa (Allah amuwe emirembe) yajja n'ettundutundu ly'amateeka. Mukama waffe Dauda (Allah amuwe emirembe) ye yajja na dduwa (bigambo bisaba), eby'okutendereza wamu n'okulaajanira Omutonzi Oweekitibwa. Ate mukama waffe Yisa (Allah amuwe emirembe) ye baamutuma ayigirize abantu empisa ezisinga obulungi n'okukyawa ensi. Wabula ye mukama waffe omulondemu Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), Nnabbi w'Obusiraamu, ye ebyo byonna yabikukumba n'ajja nabyo. Yayigiriza amateeka n'ebigambo ebyamagezi, n'ayigiriza abantu okutukuza emyoyo, n'abayigiriza okusaba Allah n'omutima omutukuvu, n'abamanyisa empisa ennungi ezisinga, n'ababeerera ekyoku-

labirako mu ngeri gye bawangaalamu, n'abalaamira obuteesigula na byakwewunda kwa nsi eby'ekiseera. Mu bufunze, Nnabbi yagatta emirimo n'obuvunaanyizibwa ebya Bannabbi bonna wamu n'obusobozi bwabwe bwonna era nga muye mwe mwakunngaanira ensibuko y'olulyo n'empisa n'eddembe eriri mu bujjuvu n'obulungi.

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yawangaalira mu bantu abataasoma emyaka amakumi ana malamba era ng'ebintu ebisinga obungi ebikwata ku bujjuvu bw'empisa n'obulungi bye yaleeta oluvannyuma byali tebimanyiddwa bantu mu bitundu ebyo ate ng'omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali tamanyidwa nga munnabyabufuzi oba omubuulize oba omulyoyi w'emyoyo. Yali tamanyiddwa ng'omulwanyi namige oba omuduumizi kayingo.

Naye awatali kubuusaabuusa, okuweza kwe emyaka amakumi ana ye yali entandikwa y'okutuuka ku ntikko eri obuntu.

Nga tannaweza myaka egyo, Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali talina muntu yenna gw'awuliriza ng'ayogera ku byafaayo by'amawanga ne Bannabbi abaayita, oba ng'ayogera ku Lunaku lwenkomerero, oba Ejjana oba Omuliro, okuggyako okubeera nti ye yali awangaala obulamu obwawaggulu obujjudde empisa ez'ettendo. Naye oluvannyuma lw'okudda okuva mu mpuku esangibwa e Hira ng'afunye obuvunaanyizibwa obuva eri Allah ebyo byonna byakyuka.

Bwe yatandika okutuusa ekigambo kya Allah eri abantu n'okubakoowoola badde eri Allah, Ekizinga kya Buwalabu kyonna kyawuniikirira ne kijjula okutya. Ensengeka ya Nnabbi

ey'ebigambo wamu n'okubuulira okutasobolwa mulala byabamalako ebigambo, ne bukya ng'empaka ezaabeerangawo mu nnyimba n'okutontoma n'okusengeka ebigambo nga biweddemu amaanyi tebikyafiibwako. Omuwanguzi eyawanikanga ekitontome kye ku ntimbe za Kaaba n'aba nga takyasobola. Bwe butyo bwakya ng'eby'ennono ebyajja bijjululwa mu mirembe egyenjawulo nga bisigadde kufumizibwa. Banyumya nti mwannyina w'omutontomi nakinku eyayitibwanga Imru-ul Qaysi olwawulira aya eyeekitiibwa egamba nti:

((وَقِيْلَ يَا اَرْضُ ابْلَعِيْ مَاءَكِ وَيَا سَمَاءُ أَقْلِعِي وَغِيْضَ الْمَاءُ وَقُضِيَ الاَمْرُ وَاسْتَوَتْ عَلَى الْجُودِيِّ وَقِيْلَ بُعْدًا لِلْقَوْمِ الظَّالِمِيْنَ)) (هود، ٤٤)

Okuvvuunula:

"Ekiragiro ne kiyisibwa nti: 'Ggwe nsi mira amazzi go; naawe ggulu komya okuyiwa amazzi. Amazzi ne gakala. Ekigambo ne kisalibwawo. Eryato ne litereera ku lusozi Juudi. Olwo ne kirangirirwa nti: okwesamba kuli eri abo abantu abalyazaamaanyi" (Huudu, 44)

Nakyala oyo olwawulira ebyo yagamba bw'atyi:

'Teri muntu yali asobola kuddayo kwogera kintu, era tewakyali kiwanisa luyimba lwa mwannyinaze ku bisenge bya Kaaba, kubanga omutontomi yenna takyalinawo kisobola kumwewuliza.'

Yawanulayo ebitontome bya mwannyina n'ennyimba ku kisenge kya Kaaba so nga bye byali ku mwanjo mu nnyimba z'abayimbi omusanvu ezaali zookya. Oluvannyuma n'ennyimba endala abazirinako obuvunaanyizibwa baagenda nga baziwanulayo lumu ku lumu.[5]

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yayigiriza abantu bonna amakulu agannamaddala agali mu muntu okubeera nga ye musigire wa Allah ku nsi. Yateekawo emisingi mu bintu ebitali bimu okugeza ku bikwata ku mpangaala y'abantu, ebyenjigiriza, ebyenfuna, okukola ku nsonga z'abatuuze n'enkolagana y'amawanga. Ebintu ebyo byonna abamanyi abalondemu bye bataasobola kutuuka ku kumanya bigendererwa byabyo ebyannamaddala okuggyako oluvannyuma lw'okunoonyereza ennyo okwabatwalira obuwangaazi bwabwe kumpi bwonna era oluvannyuma lw'okugezesa okugazi kwe baakolanga ku muntu n'ebintu. Naye ng'ekikakafu kiri nti abantu gye beeyongera okumanya nga bayita mu kukozesa amagezi wamu n'okugezesa gye bakoma okuvumbula ebikwata ku mazima agakwata ku Muhammadi.

Omubaka waffe oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyali teyeetabangako mu lutalo okuggyako omulundi gumu ate nga yalwetabamu ng'omutunuulizi kyokka ate nga teyakwatako kitala mu mukono gwe, yakeesa enkya nga tewali amutendese mu bya kijaasi, nga muduumizi oweekitalo, era nga muserikale enjasabiggu, omuzira nnamige atatya nga tasigala mabega mu ntalo ezisinga obuzibu nga zaali tezee-

5 Ahmada Jaudat Pasha, Qisasul Anbiyaa wa Tawaariikhul Khul - faa, Istanbul 1976 A.D., ekitabo 1, olup. 83.

beereka (olw'okulwanirira ekigambo kya tawuhiidi) wamu n'okulongoosa embeera z'abantu nga bino abikola awamu n'ekisa ekyamaanyi kye yalina ekyabuutikira abantu bonna.

Omubaka waffe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabeeranga akonkona mulyango ku mulyango (nju ku nju) asobole okutuusa eddiini ya Allah Oweekitiibwa ku mwana w'omuntu. Naye ababi era baagaana okukkiriza obulunngamu, emiryango gyabwe ne bagiggala baleme kubatuukako, ne batya enjuba n'ekitangaala ky'obulunngamu okubaakira, ne basigala mu bizikiza olubeerera, okutuusa abamu olw'obukalubu bw'emitima gyabwe baasalawo Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okumukolako n'obukambwe n'okumutuusaako obulabe. Awamu n'ekyo Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabeeranga ayisibwa bubi olw'obugayaavu n'obutamanya bwabwe so si lwa bukambwe n'ebikolobero bye baamukolanga. Ab'engeri eyo yabagambanga bw'atyi:

((قُلْ مَا اَسْئَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ اَجْرٍ وَمَا اَنَا مِنَ الْمُتَكَلِّفِيْنَ))

(ص، ٨٦)

Okuvvuunula:

"Gamba nti ekyo (Kulaane gye mbasomera) sikibasabirako mpeera era siri mu abo (abalimba) abeeyita kye batali" (Swad, 86)

Kino kitegeeza nti Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali ayagala kusiimibwa Allah (Oweekitiibwa Owaawaggulu). Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe

n'emirembe) yasobola mu bbanga ery'emyaka omwenda okuwangula Ekizinga kya Buwalabu kyonna ng'akozesa eryanyi ery'amagye mu biseera ebisinga eryenkana kimukyakusatu kyokka eky'eryanyi ly'omulabe. Wabula yasobola okutuuka ku buwanguzi obw'omuggundo mu ntalo olw'engeri gye yawaamu abantu obukodyo bwe baali batamanyi era n'abaliikiriza n'amaanyi ag'omwoyo, so nga bo tebaali bateeketeeke nga n'amagye gaabwe bagaddukanya mu ngeri ya ffujjo. Mu ngeri eno yasobola okuwangula entalo zonna ez'okununula naye ng'afiiriddwa abantu batono ddala b'otayinza na kwogera. Mu ngeri eyo yawangula bubi nnyo obwakabaka obwa Bafaarisi n'obwa Baruumi nga bwe bwali businga obunene n'obwatiikirivu mu kiseera ekyo.

Bw'atyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yasobola, ng'ayita mu bizibu ebitali bimu, okuleeta enkyukakyuka esingira ddala mu byafaayo by'obuntu, n'okusangulawo obulyazaamaanyi, n'okusangula amaziga g'abalyazaamaanyizibwa. Omukono gwe ogw'ekitiibwa gwabeeranga gusangula ku mitwe gya bamulekwa. Ebitangaala by'okusaasira kwe ne biwonya emitima ennaku.

Omutontomi Omuturuuki Muhammadi Akifu bino yabyogerako mu ngeri esinga obulungi bw'agamba bw'atyi:

- Ekiseera bwe kyatuuka nga mulekwa akuze n'aweza emyaka emakumi ana
- Ebigere ebitobye omusaayi ebyatambuliranga ku mitwe byatukula.
- Oyo eyakuumibwa yanunula abantu ng'ayita mu kufuuwa obukkiriza mu mitima gyabwe.

- N'amegga Bakayisaari ne Baqayiswari mu lulumba lumu n'ababetenta olubetenta.
- N'anunula abanafu n'abalinnyiririrwa abaali batalina ddembe okuggyako okukkakkanyizibwa n'okunyoomebwa.
- Kyali tekisuubirwa nti obulyazaamaanyi bwali buyinza okuvaawo, wabula bwafa bufi ne bubulawo.
- Ye. Amateeka ge ameeyolefu ge yaleeta ne gafuuka eky'okusaasira eri ebitonde.
- Abantu bonna ne kinnoomu balina ebbanja lye
- Obuntu bwonna bubanjibwa oyo eyakuumibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).
- Katonda wange! Tuteeke mu abo abajja okuzuukirira ku kukakasa okwo ku Lunaku lw'amazuukira.

Ekkubo lya mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), omukama wa Bannabbi n'Ababaka lyali nnyanja engazi, ate ng'amakubo ga Bannabbi abalala nga gye migga egiyiwa mu nnyanja eyo. Omubaka wa Allah yalina ebitendo n'ebintu ebimwawula ebimanyiddwa n'ebitamanyiddwa ku Bannabbi n'Ababaka abaamusooka okujja abawerera ddala 124,000 - okusinziira ku njogera ezimu - era ebyali bikunngaanya entikko y'empisa n'embeera ennungi. Ng'ogasseeko okugenda mu maaso obuntu kwe bwali butuuseeko okutuuka ku mulembe gwe bw'otunuulira endowooza n'obulamu, embeera ze ezikiikirira akabonero akasobola okwennganga ebyetaago by'obuntu ebisobola okuzuuka okutuusa ku Lunaku lwenkomerero. Olw'ensonga eyo, Nnabbi yatumibwa eri abantu bonna nga "Nnabbi ow'omulembe ogukomererayo".

Olw'ensonga eyo, Omubaka Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatenda empisa ze ezettendo mu bigambo ebyangu bino:

"Mazima nze nnatumibwa kujjuza mpisa ezisinga obulungi" (Muwattwaa, Empisa ennungi, 8)

N'ekisembayo, Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyaleka byabugagga bya nsi bisikirwa ng'avuddewo. Wabula abantu bonna yabalekera ebyobugagga ebisinga obulungi era ebisinga obunene. Bye yaleka ze mbeera ze wamu n'empisa ze ebyettendo.

## Eky'okugoberera ekirungi/ Ekifaananyi era eky'okulabirako ekisinga obulungi

Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ye muntu yekka era Omubaka yekka ebyafaayo gwe byawandikako kalonda yenna akwata ku bulamu bwe mu bujjuvu. Ekituufu kiri nti Bannabbi mu bujjuvu bwabwe bawa ebifaananyi ebyenjawulo mu kulunngamya abantu eri amazima n'ebirungi. Empisa zaabwe n'enneeyisa n'engeri gye baakolangamu ebintu byabwe byajja bijjululwa okutuuka eno gye tuli naye mu ngeri eyenjawulo era ng'ababijjulula balina we bakoma. Wabula ye Nnabbi ow'omulembe ogw'enkomerero (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kalonda akwata ku bulamu bwe yawandiikibwa oba okukwatibwa ddakiika ku ddakiika, mu ngeri eraga ebikolwa bye yakola n'ebigambo bye yayogera byonna ebitono, ebinene, n'ebijjuvu byajjululwa obutalekaayo kantu. Ebintu bino byawandiikibwa mu byafaayo ng'akabonero akalaga ekitiibwa. Ng'oggyeeko ebyo, kwali kusaasira kwa Allah Oweekitiibwa ebikolwa n'ebigambo okujjululwa okuva mu mulembe gwe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era nga bijja kutuuka ku muntu alisembayo nga Olunaku lwe nkomerero lubulako katono okutuuka.

Engeri gye tusobola okwewaza emyoyo gyaffe ebikemo by'omu nsi nga twennganga obubenje, okugezesebwa, n'ebi-

gwa bitalagaannye, tuteekwa okussa mu nkola empisa za Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) ezettendo ng’okwebaza, okwesiga Allah, okumatira ne Allah by’aba asazeewo, okugumiikiriza nga Allah atugezesezza, okumalirira, obuzira, okwewaayo, okwekkusa, obugagga mu mwoyo, okukolerera abalala, okugaba, okwetoowaza, n’okunyweera n’okukakata mu kwannganga ebigwawo mu bulamu bwaffe. Ebintu ebyo nga tubissa mu nkola mu ngeri esinga obulungi n’obunyirivu.

Era olw’okusobozesa ekyokulabirako okubeerawo mu bintu bino byonna, Allah Oweekitiibwa Owawaggulu yaweereza ekirabo eri abantu bonna ng’ekirabo ekyo ye mukama waffe Muhammadi Omubakka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) omulunngamya omujjuvu, ng’okulunngamya akuyisa mu bulamu bwe obutukuvu obuwa ekyokulabirako.

Obulamu bwa Nnabbi ke kabonero eri abantu b’emirembe gyonna nga bwe giriddinngana okutuuka ku Lunaku lw’enkomerero. Kulaane eyeekitibwa yo Nnabbi yamwogerako bw’etyi:

((وَإِنَّ لَكَ لَأَجْرًا غَيْرَ مَمْنُونٍ. وَإِنَّكَ لَعَلى خُلُقٍ عَظِيْمٍ))

(القلم، ٣-٤)

Okuvvuunula:

“Mazima ddala ggwe olina empeera ezitali za kukoma. Era ddala ggwe (otambulira) ku mpisa ennungi. (al-Qalam: 3-4)

Embeera za Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) wamu n'okulunngamya kwe ebyemikisa bye bikunnganiramu entikko y'empisa n'enneeyisa eby'obuntu, ebiteeketeeke obulungi, ebisobozesa omuntu okubimanya n'okubitegeera mu bujjuvu. Embeera za Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eziwa ekifaananyi ekirungi zaamalayo eddimu ly'okulunngamya. Ye yennyini Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali kabonero akalamu akalabwako ng'awangaalira mu nda mu bantu.

Allah Oweekitiibwa Owaawaggulu yawa embeera ya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eri abantu bonna ng'ekyokulabirako ekirungi ng'akozesa Kulaane. Allah Oweekitiibwa agamba nti:

((لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِيْ رَسُولِ اللّٰهِ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِمَنْ كَانَ يَرْجُوا اللّٰهَ وَالْيَوْمَ الآخِرِ وَذَكَرَ اللّٰهَ كَثِيْرًا)) (الأحزاب، ٢١)

Okuvvuunula:

"Omubaka wa Allah mwamulinamu ekyokugoberera ekirungi eri oyo alina essuubi okusisinkana Katonda n'Olunaku lwe nkomerero n'ayogera nnyo ku Katonda" (Ahzaab, 21)

Buli kitendo mu bulamu bwa mukama waffe Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kitwanjululiza bulungi engeri endala ezenjawulo mu ngeri enzijuvu ne mu bulungi. Bwe butyo obulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) butwanjululiza enneeyisa ennungi zonna mu kifaananyi eky'okutwalira awamu oba mu kifaananyi eki-

talekaayo kantu. Olw'ensonga eyo buli muntu asobola okweloboza okufuna mu bulamu bwa Nnabbi obwekitiibwa ne mu sunna ze ezitangaala empisa ezisinga obulungi n'obujjuvu ezo mw'asobola.

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kye kyokulabirako ekirungi eri omukulembeze w'eddiini, era ye (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kye kyokulabirako ekirungi mu kukukulembera eggwanga. Kye kyokulabirako ekirungi eri abaagala okuyingira mu kwagala kwa Allah. Kye ky'okulabirako mu kwebaza kwe, n'okwewombeka ng'atuukiddwaako ebigezo bya Allah.

Kye kyokulabirako mu bugumiikiriza bwe n'okwewaayo kwe mu biseera n'ebifo ebyakanaayokyani. Kye kyokulabirako mu kugaba kwe n'okulaga okwekkusa mu kiseera ky'okugabana. Kye kyokulabirako mu kusaasira kwe n'okulumirwa kwe abantu b'awaka. Kye kyokulabirako mu kusaasira ng'ali n'abanafu, n'abaddu n'abatambuze. Kye kyokulabirako mu kusonyiwa kwe n'okulembeekereza abamenyi b'amateeka.

Bw'oba oli mugagga binojjo, lowooza ku bwetoowaze bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) Nnabbi oweekitiibwa eyalamula Ekizinga kya Buwalabu kyonna n'aduumira abanene b'Abawalabu naye n'abasembeza gy'ali ng'ayita mu mukwano.

Bw'oba ng'oli omu ku Bannansi abanafu, funa ekifaananyi mu bulamu bwa Omubaka wa Allah kubanga yawangaalira wansi wa Bamushirikiina b'e Makka abalyazaamaanyi.

Bw'oba omununuzi awangula lowooza ku bulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyeewaayo mu buzira n'awangula mu lutalo lw'e Badiri ne Hunayini.

Bwe baba bakuwangudde – Allah akikukingirize – jjukira ekiseera Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyeesiga Allah lwe yeetoloola mu bugumiikiriza ng'akebera emirambo gya Basswahaba be abaali battiddwa ng'abajulizi oba nga bafunye ebisago ebyaamaanyi mu lutabaalo lw'e Uhudi.

Bw'oba omusomesa, lowooza ku Nnabbi eyasomesa abantu ebiragiro bya Allah emikisa gy'omutima gwe omugonvu ogulumirwa ne gikulukutira abantu abaali mu muzigiti nga tebalina ke balina.

Bw'obeera muyizi, kubamu akafaananyi k'omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'atudde n'empisa n'okuwuliriza n'okwagala mu maaso ga Jibuliilu Omwesigwa oyo eyamuleeteranga Obubaka.

Bw'obeera omubuulize abuulirira abantu era omulunngamya omwesigwa, wuliriza n'okutu okwogi eri Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) omuwe amatu go n'omutima gwo owulirize eddoboozi lye esseeneekerevu ng'afukumula ebigambo ebyamagezi ng'ayogera ne Basswahaba be mu muzigiti gw'obwannaabi.

Bw'oba mulwanirizi wa mazima ng'ogatuusa ku be kikwatako era ng'oganyweererako, n'otafuna muntu akutaasa akuyambako ku lutalo olwo, tunuulira obulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyalangirira amazima

mu maaso g'abalyazamaanyi e Makka n'abayita badde eri obulunngamu naye nga tasobola kufuna buyambi bwonna.

Bw'oba ng'ogezaako kuwangula mulabe n'okumukutula enkizi n'okumugolola ettumba n'okumulinnya ku nfeete, bw'oba oyagala okuyuza obulere obulimba olangirire amazima, amaaso gasimbe ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyali omuduumizi awangudde mu lunaku lw'okununula Makka; naye awamu n'ekyo yasigala nga yeebaza. Jjukira bwe yayingira mu kibuga Ekyemizizo ng'ali ku nsolo ye ng'ali mu bwetoowaze obwekitalo ng'alinga ali mu kuvunnama.

Bw'oba omulimi ng'oyagala kuteekateeka n'okutereeza emirimo gyo mu nnimiro yo Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mutwale ng'ekyokulabirako bwe yafuna abantu abamulabirira emirimo gye mu ngeri ennungi oluvannyuma lw'okutwala ennimiro za Babanu Nadwiri, ne Khaybar, ne Fadak.

Bw'oba ng'oli omu oli mu kiwuubaalo tolina akutaasa, lowooza ku mulekwa oyo atangalijja, mutabani wa Abdalla ne Amina.

Bw'oba oli muvubuka mbulakalevu, tunuulira obulamu bw'omuvubuka eyali ow'okufuuka Omubaka wa Allah naye ng'alundira kitaawe omuto Abu Talib embuzi mu Makka.

Bw'oba musuubuzi weetegereze embeera z'omuntu eyafuluma n'agendera mu safaali ey'abasuubuzi ng'omuntu oyo ye yali abasinga empisa nga safaali abasuubuzi bagiraza Siriya ne Yamani.

Bw'obeera omulamuzi oba omufuzi lowooza ku mpisa ez'obwenkanya era n'amagezi ag'ekika ekyowaggulu Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bye yalaga bwe yayingira mu Makka ng'abanene b'e Makka bateesa era nga baali basemberedde okuyomba n'okulwana. Ensonga ezo yazigonjoola na kuddira Ejjinja Eriddugavu n'aliteeka ku Kaaba mu kifo we lyali lirina okugenda. Kino nga kiraga amagezi amangi aga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Kati nno ddamu otunule mu byafaayo. Tunuulira Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) omulundi omulala, ofune ekifaananyi kye (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'atudde mu muzikiti ogw'obwannabbi ogwe Madiina ng'afulumya amateeka mu ngeri n'ekifaananyi ekisinga obwenkanya eri abantu, ng'alamula n'obwenkanya wakati w'omugagga n'omwavu, wakati wa binojjo n'omunkuseere.

Bw'obeera omwami awaka kati laba engeri Nnabbi gye yalunngamyangamu ennunngamya entukuvu n'okulumirwa okuwanvu bye yalaganga bwe yali bba w'omukyala Hadiija n'omukyala Ayisa (Allah bonna abasiime).

Bw'obeera omuzadde yiga embeera za Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) wamu n'enneeyisa ye we yabeerera taata wa Fatuma Zaharaa (Allah abasiime) ne we yabeerera jajja w'abazzukulu Hasane ne Huseyini (Allah bonna abasiime).

Kyonna ky'oba oli n'engeri yonna gy'obeeramu ekiseera kyonna ojja kusanga mukama waffe Omubaka wa Allah

(Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga ye mulagirizi era omulunngamya w'omwoyo atuukiridde.

Tugamba nti mulungamyawo kubanga oba osobola okutereeza buli nsobi gy'oba oguddemu olwo n'osobola okulongoosa emirimo gyo egiba gikyamye ne giva ku kituufu, era n'olongoosa ebintu ng'ogoberera enkola ya Nnabbi eyeekitibwa. Ng'oli wansi w'ekisiikirize ky'ekitangaala kye wamu n'endagiriro ye, gye biggweera oba ojja kusobola okubuuka enkonge ezeekiise mu bulamu wamu n'ebiremesa obulamu obulungi era kyaddaaki olifuna essanyu n'okwesiima ebyannamaddala.

Kyaddala ensi ye ey'omunda mu mutima yali nnimiro eyeefaanaanyirizaako amalimiro agali mu Jjana agawundiddwa n'ebimuli ebirabika obulungi ebinyirira n'ebimuli ebimulisizza ebirina olusu oluwunya akawoowo akalungi (akaamisiki).

Nga bwe twalabye, obulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kye kyokulabirako eri abantu ab'embeera ezenjawulo era abawangaala obulamu obwenjawulo obuli wakati w'okussibwamu ebitiibwa n'okunyoomebwa ekitasoboka mu bantu balala. Okugeza empangaala y'omuntu gwe balamula teyinza kuwa mulamuzi kifaananyi kituufu, ng'era empangaala y'omulamuzi bw'etasobola kuwa kifaananyi kituufu omuntu atali mulamuzi.

Embeera y'omwavu awangadde obulamu bwe bwonna ng'alwanagana na kufuna kyakulya ng'era abonaabona na mbeera ya butasobola kwetuusaako by'ayagala, teyinza kuwa

mugagga eby'okwejalabya awugamu ebiwuge kifaananyi kirungi.

Naye obulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) buwa ekifaananyi ekirungi eri abantu b'enjuyi zombi kubanga Allah Oweekitiibwa Owaawaggulu yamutandikiza mu kubeera mulekwa nga ye mbeera esembayo mu bwetavu mu mbeera y'obuntu, ate oluvannyuma n'amusitula n'amulinnyisa ng'amuyisa mu madaala gonna mu bulamu bwe okutuusa lwe yatuuka ku ddaala erisembayo mu madaala g'okusobola n'ebisaanyizo nga lino ly'eddaala ly'okukulembera eggwanga ate n'obwannabbi. Emitendera obulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mwe bwayita gituwa ekifaananyi ekyamaanyi ku mpisa ezitalojjeka mu bulamu bw'omuntu. Olw'ensonga eyo obulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) buweera ddala ekifaananyi ekyanamaddala ekijjuvu eri omuntu, eddaala lye ka libe litya oba ekifo kye ka kibe kitya – ekisobozesa bonna okumugoberera buli omu okusinziira ku busobozi bwe ne waakoma.

Kye tufunamu kiri nti Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali ekyamagero Allah Oweekitibwa kye yagemulira abantu era kye kyokulabirako ekyettendo eri buli kkubo nga mw'otwalidde n'erisembayo okubeera wansi okutuusiza ddala ku ddaala erisembayo waggulu. Era Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali minzaane eggibwako ekyokukola eri Abakkiriza abo abagenda ewala ennyo mu kunoonyereza ebifaananyi by'obuntu ebyenjawulo.

Abo bonna abeeraga nti be basobola okulaga ekkubo erisobola okutaasa omuntu era mbu bo kye kyokulabirako eri

abantu abasigadde - naddala Abafilosoofi abennganga okulaga buli kintu n'amagezi gaabwe agakoma n'okulengera kwabwe okunafu – ekintu kye beeregako tebakisobolera ddala. Kino Bannabbi n'Ababaka n'abo abalongoofu abatambulira mu buntu bwabwe be bakisobola. Olwokubanga Bannabbi ebintu byabwe baabyesigamyanga ku bubaka obuva eri Allah, bajjanga balagirira eri obulunngamu obuva eri Allah obwo obubakakasa bonna. Bonna amateeka ge baafuna ne bagatuusa eri abantu baagajjanga wa Allah, era bo olubeerera baagambanga nti "Allah bw'atyo bw'alagira". Ne ku nsonga eyo Bafilosoofa, yadde nga baali bagenderera kubeera balunngamya eri abantu mu kkubo eryamazima, olw'okubulwa obuwagizi okuva eri Allah, wamu n'ebintu byabwe okubyesigamya ku kulowooza nga bakozesa amagezi gaabwe agakoma okumpi era agazimbiddwa ku bo bye basobola, amateeka n'okulamula bye bakola babyesigamya ku ndaba yaabwe. Ky'ova osanga nga bulijjo oli agamba: "Bwe ntyo bwe ndaba" oba nti: "Nga bwe ndaba ….'. Olw'enjawukana eyeekika ekyo kye tuva tulaba ng'omu anafuya endaba ya munne, ate omulala n'alimbisa munne. Ekiva mw'ekyo bo be nnyini tebasobola kulunngamya balala mu bitundu byabwe.

Twala ekyokulabirako ekya Aristo. Aristo teyalina buwagizi bwa bubaka awamu n'okubeera nga yateekawo emisingi okuzimbirwa ebintu ebiwera mu filosofe w'empisa wamu n'amateeka agafuga empisa. Olw'ensonga eyo teyasobola kufunayo muntu n'omu bw'atyi akkiririza mu bintu bye, oba eyafuna essanyu olw'okussa ebigambo bye mu nkola. Ensonga evaako kino kwe kubanga Abafilosoofa tebaasengejja mitima gyabwe era tebaagitukuza; era ebirowoozo byabwe n'ebiko-

lwa byabwe tebyakula kutuuka kwengera wadde okutuukirira nga biyambibwako obubaka. Ekikakafu kiri nti, Kulaane eyeekitiibwa ly'ekkubo lyokka eriyinza okuwonya abantu ebizibu ebireetera amatwale g'ebirowoozo wamu n'obwagazi bw'emitima gyabwe egitaagunjulwa oba okulabirirwa n'obubaka. Kulaane lwe lusozi olunywevu Allah Owaawaggulu lwe yatonera ebitonde ne Nnabbi we owenkomelero (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ekiriwo kiri nti ebyokulabirako mu bikolwa n'ebigambo ebya ddala ebiri mu Kulaane bisangibwa mu mpisa n'ebyafaayo ebingi ebya mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Mu ngeri eyo, emirimo egisingira ddala obungi nga giteekeddwa buteekwa okukolebwa abantu abakulu basobole okutuukiriza ebyabatondesa, kwe kutereera n'okutambula n'amazima ne Kulaane eyeekitiibwa ne suna entukuvu.

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatuteekerateekera ensulo enkulu ebbiri nazo nga ye Kulaane ne Ssuna; kubanga Kulaane eyeekitiibwa ne Ssuna za Nnabbi we - lye kkula eddungi ery'olubeerera eri "Ekitangaala Ky'okubeerawo".

Ku ludda olulala mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yawangula emitima gy'abantu nga tannafuuka na mubaka. Abantu baakakibwa okumutuuma "al-Saadiqu al-Amiinu" (omwogera mazima, omwesigwa) nga bwe bagamba: "Ggwe mwesigwa era ggwe mwogera mazima". Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatandika okutuusa okukoowoola (da'awa) ku bantu ng'ekintu kino kimaze okukakata mu mbeera ze ezeekitiibwa.

Abantu baamanya obubumbwa bwe obulungi, empisa ze ennungi, obwesimbu n'amazima nga n'obwannabbi tebunnaba, ekintu ekyamubaagazisa. Abantu baamutuuma "al-amiinu" (omwesigwa) ne bakkiriza ky'asalawo ne ky'alamula nga tebamuwakanyizzanamu, mu kiseera we baayawukanira mu kusalawo ku ani eyali ow'okussa Ejjinja Eriddugavu mu kifo we lyali nga tebannaba kuddamu kuzimba kisenge kya Kaaba. Ekirala ekiraga amazima ga Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ye Hiraqilu, Kabaka we Rooma, bye yabuuza Abu Sufuyaani, era nga mu biseera ebyo Abu Sufyaani yali mulabe wa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kayingo nga yali tannaba kusiramuka. Hiragilu yabuuza Abu Sufyaani bw'atyi: "Mubadde mumumanyi ng'omulimba nga tannagamba by'ayogedde?" Abu Sufuyaani teyafuna kyakuddamu kirala okuggyako okugamba nti: "Nedda". Kabaka Hiragilu yabuuza: "Akola obukuusa?" Abu Sufuyaani anyumya nti: "Ne ngamba nti: "Nedda". Agamba nti: "Saafuna kigambo kirala kye nnyinza kuyingizaawo ng'ate twali naye mu kiseera nga tetumannyi ky'agenda kuzzaawo".[6]

Mazima abantu be Makka baabano bamukakasa mu buli ky'agamba kubanga tebamumanyiiko kirala okuggyako amazima n'emirembe. Waliwo n'olunaku Abu Jahali ne banne nga baali basaale mu kuyigganya Nnabbi era nga be balabe be abasinga obubi lwe yagamba Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe):

6 Bukhari, Bad-ul Wahy, 6, Swalah, 1,, Swadaqaat, 28; Muslim, Jihad, 74.

“Muhammadi! Ndayira Allah nti tetugamba nti olimba era tukimanyi nti ggwe eno ggwe mwogeramazima. Wabula ffe by’ozze nabo bye tulimbisa”.

Ku nsonga eno, aya eno eyeekitiibwa kwe kukka egamba nti:

((قَدْ نَعْلَمُ اِنَّهُ لَيَحْزُنُكَ الَّذِي يَقُولُونَ فَاِنَّهُمْ لاَ يُكَذِّبُونَكَ وَلٰكِنَّ الظَّالِمِيْنَ بِآيَاتِ اللّٰهِ يَجْحَدُونَ)) (الأنعام، ٣٣)

Okuvvuunula:

“Tukimannyi nti bye bagamba bikwasa ennaku naye tebagamba nti oli mulimba wabula abalyazaamanyi bali ku bubonero bwa Allah (amateeka ge) bwe bawakanya” (An-aamu, 33)[7]

Mu birala ebyagwawo ebiwa ekitangaala ku nsonga ezaawaliriza abantu nga mw’otwalidde n’abatakkiriza (Abashiriki) okuwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) erinnya “Muhammadi omwesigwa” ky’ekyo ebitabo bya Siira kye byogera bwe bityi: nti waliwo omulunzi w’embuzi Omuyawudi eyajja ew’Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’ayogera naye era Omuyawudi ng’amusaba amukkirize ayingire Obusiraamu kyokka Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) namulagira addize bannyini mbuzi amagana gaabwe oluvannyuma abeeyun-

7 Waahidi, Asbaab Nuzuuli, Tahqiq: Kamaal Busyuuni Zaghluul, Beirut, 1990 A.D., olup. 219.

geko.[8] So ng'olutalo lwali lututte ekiseera kiwanvu era nga Abasiraamu baali mu bbula lya bya ndya. Ekiragiro kya Nnabbi kino kiwa ekifaanannyi ekyamakulu ekiraga okuwulira obuvunaanyizibwa n'obukulu bw'okufa ku bwesigwa ne bwe kiba kiseera kya kazigizigi.

Era tusobola okuganyulwa okwannamaddala mu mpisa za Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'embeera ze ezettendo bwe tufuna ekyokuyiga mu kyafaayo kye Isra ne Miraaje (Olugendo lwe yatambula mu kiro kimu okuva e Madiina okugenda e Yerusalem n'okulinnya mu Ggulu). Ekiseera ky'okukkiriza n'okukakasa oba ddala Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali abikoze Abubakari Siddiiq (Allah amusiime) ye yagamba bugambi ekigambo kye ekiteerabiwa:

"Bw'aba nga bw'agambye ago ayogedde mazima."

Ekiriwo kiri nti obwenkanya, ekisa n'okusaasira ebirabikira mu bulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) by'otayinza kukomekkereza biwa ensi ekifaananyi eky'okusigalawo okutuusa ku Lunaku lwenkomerero.

Eriiso lyonna eritalina kyekubiira eriraba ekitangaala ekyakaayakana, ekyakira ebitonde nga kiva mu ttaala eyenjawulo, terisobola kuwakanya mazima agabirimu waakiri mu nda muli.

Nga bwe tulabye era mu ngeri y'emu abamanyi abagwira abalina amagezi amalamu bakkiririza muli mu ddaa-

8 Ibn Hisham, Siirah Nabawiyyah, Beirut, Daarul Fikri, 1937 A.D., ekitabo 3, 397-398.

la lya mukama waffe Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okuwangula kwe. Tomasi Kalayire (Thomas Carlyle) ebya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabyogerako bw'atyi:

"Okuvaayo kwe kwali kweyubula kwa kitangaala okuva mu kizikiza".

Ate mu Encyclopedia Britannica nga boogera ku bulungi bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) baagamba nti: "Ekyo Muhammadi kye yatuukako teri Nnabbi, yadde omulongoosa, oba munnaddiini yenna yali akituuseeko bukya nsi ebaawo".

B. Smith ye yagamba bw'atyi: "Awatali kubuusabuusa kwonna, Muhammadi ye munnankyukakyuka asinigra ddala obukulu."

Kino n'omuwandiisi Stanule Lane-Paulo yakikkiriza n'agamba bw'atyi:

"Olunaku Muhammadi lwe yasobola okuwangula okusinga obunene eri abalabe, ekiseera ekyo kye kimu yafuna obuwanguzi obwomuggundu ku ludda lw'okussaawo empisa ennungi bwe yata abawambe bonna, n'asonyiwa Abakulayisi nga talina na ky'abaggyeeko, n'azingiramu Bannamakka bonna mu lunaku olwo."

Omuwandiisi Atha Girimaani (Arthur Gilman) ye yagamba bw'atyi:

"Eddaala lye eryowaggulu twarirabira mu kiseera we yawangulira Makka bw'ataafaayo ku bye baali baamukola

n'engeri gye baamuyisaamu mu biseera ebikadde ng'ebyo byali biyinza okumutuma okuwolera eggwanga mu ngeri embi ennyo. Wabula Muhammadi yagaana eggye lye okuyiwa omusaayi ogw'ekika kyonna n'ayolesa okusaasira okwekika ekyowaggulu, ekyo n'akyebaza Allah Oweekitibwa Owaawaggulu era n'amutendereza".

Ye La Fayette, Omufilosoofa era omu ku baateekawo emisingi egyendowooza eyenkyukakyuka mu Bufalansa mu 1789 ng'eddembe ly'obuntu terinnalangirirwa, bwe yali ayitaayita mu misingi okwesigamizibwa amateeka yaleekaana nga bw'agamba: "Muhammadi Omwatiikirivu….! Otuuse ku ddaala erisembayo mu bwenkanya eritatuukikako ate nga tewali alisobola kulituukako".[9]

Zino ze mpisa ezannamaddala omulabe ze yakkiriza era n'awalirizibwa okuzikkiriza n'okuzikakasa. Abatakiriza Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bulijjo bakkiririzanga mu bulungi bwe obuzira bwe wamu n'obutegeevu bwe, kubanga empisa ezitalabikalabika zaayanukula buli kigambo mu bigambo ebyenjawulo ne zikunngaanya mu nda obutuukirivu bwe mpisa. Ekyo kyasaasaanya ekitangaala mu kkubo lya abo abanoonyereza ekitangaala, era ekyo kye kyateekawo omusingi ogw'okuyigiriza abantu bonna ku nsi kuno.

Okulunngamya kwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kitangaala ekitakendeera ekyatangaaza ekkubo

9 Kaamil Miiraath, Tarjumatu Tahriid Swariih, Ankarah, 1972, ekitabo 9, 289.

ettuufu eri oyo yenna alinoonya era nga ye yali endagiriro etalina egifaanana eri abantu bonna.

Emisomo egyeyawulidde Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okulunngamya gyakunnganyanga ebibinja by'abantu abava mu madaala ag'enjawulo ag'abantu bonna. Abantu ab'engeri ezitali zimu bajjumbira emisomo egyo era ne gibagatta awamu n'okuba ng'ennimi ze boogera, obugunjufu bwabwe, awamu n'ennyimirira yaabwe mu kitundu, byawukana.

Tewabeeranga kakwakkulizo konna wadde akalombolombo akaziyiza omuntu yenna okuyingira mu masomero gano. Amasomo gano gaali tegeeyawulidde bantu ba njawulo wabula yali ntabiro ey'ebyenjigiriza n'okumanya etasosola, ejjumbirwa omuntu ng'omuntu era nga mwalimu owaamanyi n'omunafu.

Mutunuulire mulabe ani eyagoberera mukama waffe Muhammad (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ojja kulabamu abanene nga Najjaashi Kabaka we Abisinia (Ethopia), Dhil Kailat eyakuliranga Himyar, Fairuuz Dailamu, Fariwat omunene w'e Mian, Ubeid bin Ja-afari omu ku bakulu b'e Oman, ne Markabuudi omu ku banene b'e Yamani.

Bw'oddamu okutunula omulundi omulala ojja kusanga nga wabbali w'abanene abo watuddewo abasajja nga Bilaali, Yasir, Suhaibu, Khabab, ne Ammaar ng'abo baali bantu baabulijjo, era wandisanze abazaana ne bannamwandu nga Summayyah, Lubainah, Zinniirah, Nahadiyyah ne Umm Ubayisi.

Nga bw'osanga mu Baswahaba ba Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) abantu abagezi era abeebuziibwako ensonga abaamagezi ag'owaggulu, mu ngeri y'emu osangayo abantu abasaanira okukola emirimo egy'okwegendereza ennyo abamanyi ebyama by'omu nsi muno abasobola okuddukannya ensi mu bumanyi n'obukenkufu.

Mu bagoberezi ba Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mwavaamu abantu abaafuga ne balamula ebitundu n'obutebenkevu ne beetabula n'abantu nga balinga baganda baabwe, ensi n'efuna eddembe mu biseera by'obufuzi bwabwe, era n'ekomba ku buwoomerevu bw'obwenkanya nga balamula.

# *Ekitundu Ekyokubiri*

- **Empisa za Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **ez'ekika ekyawaggulu**
- **Ebipimo ebyawaggulu ebiyisa emmunyeenye**

# **Empisa za Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **Ez'ekika Ekyawaggulu**

Bwe tutunuulira ebyafaayo by'obuntu tetuyinza kusangayo muntu gwe baali bataganjudde ne bafuukuuza, era ne bajjayo kalonda yenna akwata ku bulamu bwe mu mpuyi zonna, n'okujjumbira okungi n'obwegendereza n'okwekenneenya, nga bwe baakola ku bulamu bwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Kino baakikola nga bayita mu kubusoma okunoonyereza n'okuwandiika. Singa tugezezaako bugeza okwogera ku bintu ebyeyawulidde Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era ebikola obuntu bwe obumufuula ekyokugoberera, entuumu y'ebitabo ebinene teyandibimazeeyo kubyogera.

Ekiriwo kiri nti ebyokuyiga eby'ekisiraamu mu musingi gwabwo[10] obuntu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe

10 Ekikolo ekyesigamizibwako amasomo ag'ekisiraamu ye Kulaane ne Sunna ezinnyonnyola n'okutaputa Obubaka. Sunna kye kigambo kyonna oba ekikolwa kyonna oba ekintu kyonna Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kye yaleka ne kikolebwa ng'akimanyi oba akiraba naye n'atakigaana, oba engeri yonna oba empisa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bye yaleeta. Mu ngeri eyo okunyiikira kwonna tekukkirizibwa ku kintu Kulaane ne Sunna bye kyalambika obulungi.

n'emirembe) n'embeera ze zonna byali byazifuula obujulizi kwe byesigama. Mu ngeri eyo y'emu eby'okyiga eby'ekisiraamu byakolanga ekintu kye kimu nga byesigama ku buntu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu bintu bya Ijtihaadi (okunyiikira)[11]. Olw'ensonga ezo, amatabi g'amasomo gonna agenjawulo gaatwala omutawaana okunoonyereza ebintu byonna ebikwata ku Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okubisoma.

Ebitabo byonna ebyekisiraamu ebyawandiikibwa okuviira ddala eyo mu myaka egisukka mu lukumi mu bina, byatwala obuvunaanyizibwa era ne byetaba ne mu kunnyonnyola Ekitabo nga ye Kulaane eyeekitiibwa n'okunnyonnyola ebikwata ku muntu naye ye Mukama waffe Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Tekisoboka n'akamu, n'obusobozi bwaffe obutono n'okwetegeka kwaffe okw'obuntu, okutegeerera ddala ne tumalayo mu bujjuvu Mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), oyo eky'okweyagala kw'ebitonde byonna ebiriwo, era eyali eky'amagero eri ebitonde. Okugeza tetusobola kutegeera "**Ekitangaala ekyobwa Muhammadi**" nga bwe tuteekeddwa kubanga embeera zaffe eziva mu nsi yaffe ey'obuntu zisigala nga tezimala kumumalayo n'okumutegeera (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Naffe wano tujja kufuba nga bwe tusobola okumanyisa obuntu obwokulabirako obwa Omubaka wa Allah (Allah amu-

11 Ijtihaad: Kitegeeza okunoonya ennamula y'amateeka mu bintu Kulaane ne Sunna bye bitaayogerako mu bulambulukufu. Naye kino okubaawo kirina kutambulira ku mateeka agaawamu ageesigamiziddwa ku bikolo ebimanyiddwa Abamanyi Abanyikivu.

saasire amuwe n'emirembe) nga tuyita mu kulaga - okusinziira ku busobozi bwaffe – ebifaananyi ebiwera ebyo ebikola ennyanja engazi.

### **Obunyirivu bw'ekyenyi kya Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)**, obutonde bwe wamu n'empisa ze**

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), awatali kubuusabuusa kwe kubeerawo okwomukisa awatali kitonde kimufaanana. Yali afaanana bulungi era ng'ajjudde empisa n'obulunngamu. Mu ngeri eyo tetuyinza kufuna bigambo bimala bye tuyinza kukozesa kwogera mu bujjuvu nga bwe yali afaanana oba kwogera ku mpisa ze (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kuzimalayo.

Imam Qur'tubi ku nsonga eno agamba bw'atyi:

"Mazima ddala obulungi bwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tebweyoleka mu bujjuvu bwabwo, kubanga singa Nnabbi yalabikira mu kifaananyi kye ekyakunngaanya obulungi bwonna Basswahaba be tebandisobodde kufuna maanyi na busobozi kumutunuulira"[12]

Basswahaba (Allah abasiime) batono ddala - olw'empisa zaabwe ennungi - abaasobola okulaba ekitangaala ky'obulungi bwe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ne basobola okumukkuta n'okumuggwa ennyalwe n'amaddu, ng'ate Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirem-

12 Ali Yaardim, Ebikwata ku Mubaka waffe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) Istanbul, 1992 ekitabo 4, 199)

be) y'ababeerangamu era nga lubeerera awangaala nabo. Bagamba nti Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yavangayo nga Basswahaba be batudde, ng'otwaliddemu Bamuhajiruuna (abaasenguka okuva e Makka) ne Ba-answari (be baasanga e Madiina) nga mulimu Abubakari ne Umaru (Allah abasiime) nga tewali mu Basswahaba ayinza kusitula maaso ge kumutunuulira okuggyako Abubakari ne Umaru. Bano baamutunuuliranga nga naye abatunuulira, nga bamumwenyera naye n'abamwenyera (Tirmidhi, al Manaaqibu, 16/3668).

Amru bin Al-Aasi (Allah amusiime) eyanunula Misiri, bwe yali annatera okufa embeera eno yagyogerako bw'atyi:

"Tewali muntu gwe nnali nsinga kwagala nga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era tewali gwe nnali ntiisa maaso nga ye. Amaaso gange gaali tegasobola kumwetegereza olw'ekitiibwa kye gaali gamuwa. Singa bambuuza mutende nga bw'afaanana ekyo sandikisobodde" (Muslim, Imaani, 192; Ahmada 4, 199).

Ekyenyi kya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eky'emikisa, ekyabunyisanga abaamulabanga obutebenkevu n'obusirifu, kyabeeranga nga kye kyenyi ekisinga ebyenyi byonna obulungi n'obutukuvu.

Nga ne Sswahaba omu ayitibwa Abdalla bin Salaamu, eyali omu ku bamanyi b'Abayawudi nga tannasiramuka, bwe yatuuka e Madiina (eyakaayakana era ensi eyawa Abasiraamu obubudamu) n'alaba ekyenyi kya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eky'omukisa yagamba bwatyi:

“Mazima ddala kino tekiyinza kuba kyenyi kya mulimba” (Tirmidhi, al-Qiyaama, 42/2485; Ibn Maajah, al-Atw-imah, 1; Ahmada, 5/451).

Mu mazima ddala endabika ya Nnabbi ennungi, ekitiibwa kye, n’okwakayakana kwe, n’ekitangaala kye, n’obulungi bwe (Allah amusaasire amuwe n’emirembe), byali ku ddaala n’ekigero ebyawaggulu nga tekyetaagisa (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) kubeera na kabonero konna oba kyamagero kyonna kiraga nti Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe).

Ekyenyi kya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) kyakyukirangawo ng’alina ekintu kyonna ky’alabye ekitamusanyusizza, so ng’ate bwe yayagalanga ekintu kyonna, okusiima kwe nga nakwo kumulabikako mu kyenyi kye.

Omubiri gwe omuweweevu gwabeeranga gujjudde obulamu, ensonyi, obumalirivu, eby’ekika ekyawaggulu. So ng’ate obunnyikivu bw’obugonvu bw’omutima gwe tewali ngeri muntu gy’ayinza kubutendamu.

Ekitangaala ky’obulungi mu kyenyi kye, era nga tubusanga mu ngeri gye yasengekangamu ebigambo n’engeri gye yabifulumyangamu, mu buwoomu bw’engeri gye yeenyenyangamu, olulimi lwe engeri gye lwayatulangamu, emboozi ze engeri gye zaategeerekekangamu, wamu n’engeri gye yannyonnyolangamu ebigambo.

Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) teyayogeranga muwawa. Ebigambo bye byabeeranga bijjudde magezi

mereere na kubuulirira. Enkuluze y'ebigambo bye temwabeerangamu n'akamu bigambo bya nsimattu, oba ebigambo ebitalinaako musingi, oba ebitalina makulu. Ekigambo ky'ayogera yakipimanga okusinziira ku kutegeera kw'omuntu n'eddaala lye yabangako mu kumanya.

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabeeranga mwetoowaze omugonvu. Teyasekanga nseka etyetyemuka wabula okuseka kwe kwabeeranga kumwenya. Ekyenyi ky'omuntu eyagwanga ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) w'abadde tamusuubira kyakyukangako olw'okutya n'ekitiibwa kya yalinga amuwa. Ate omuntu eyamwagalanga, nga naye (Omubaka) amussa mu mutima n'omwoyo gwe.

Yawanga nnyo ekitiibwa abantu abaabeeranga n'ebitone ebyenjawulo buli omu okusinziira ku ddaala lye. Yagabiranga nnyo abooluganda lwe okusinga ku bantu abalala. Abantu bonna yabakwatanga bulungi n'obukwatampola n'obwegendereza mu ngeri nga gye yayisangamu obulungi abantu b'omu maka ge ne Basswahaba be.

Bo abakozi be yabayisanga bulungi nnyo n'agenda wala era ng'abalabirira bulungi. Engoye ze yayambalanga nabo kwe yabafuniranga nga n'emmere gy'alya kwe balya. So ng'ekisa kye, obulungi, okusaasira, obukwatampola n'okulumirwa tebyamugaananga kubeera muzira enjasabiggu. Buli kimu yakikolanga we kyetaagisanga ne mu kiseera kyakyo.

Ekirala ekitasoboka kwe kugeraageranya, mu ngeri ematiza, engeri gye yagabangamu n'ebintu bye yagabanga. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

yagabanga engaba y'omuntu atatya kwavuwala. Mukama waffe Jabbeeri (Allah amusiime) kino yakyogerako bwatyi:

"Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tebaamusabaako kintu n'agamba nti nedda" (Muslim, Fadhwailu, 56).

Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabeeranga wa mpisa ezisinga obulungi. Yalambulanga nnyo ab'ennganda. Yalaganga okulumirwa n'okusaasira ebisembayo eri buli kitonde. Abantu yabayisanga mu mpisa ezisinga obulungi, era lubeerera yeewaliranga ddala amayisa amabi. Yagamba bwati:

"Teri kintu kirizitowa ku minzaane y'Omukkiriza ku Lunaku lwe nkomerero kusinga mpisa nnungi. Era mazima ddala Allah akyawa omuntu akozesa olulimi olubi era amokkola agagambo" (Tirmidhi, Birr, 62/2002)

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatuukirizanga endagaano gye yabanga akoze, nga by'aba alagaanyisizza abituukiriza era ng'ekigambo ky'aba awadde omuntu kiba kye kyo. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali nga y'asinga abantu okutegeera. Ebintu bye byonna byali bisaana okuwaana n'okutederezebwa. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabeeranga ng'alaga ennaku era nga buli kiseera abeera alowooza. Yabeeranga musirise naye nga bw'ayogera ayogera n'amalayo. Ebigambo bye byabeeranga bitono naye nga birina amakulu mangi. Kino kitegeeza nti yaweebwa ebigambo ebikungaanya. Ebigambo bye byasobolanga okubaliwba ku ngalo. Yeewalanga ebigambo ebitalina makulu ka bibe bingi oba bitono. Mu bubum-

bwa bwe yali mugonvu, alina ekitiibwa kye era nga muvumu. Teyanyiiganga okuggyako nga waliwo gwe bayiikirizza oba gwe banyigirizza ate ne wataba afaayo kumalawo kuyiikiriza na kunyigiriza okwo. Bwe waabangawo anyigiriziddwa nga Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) anyiiga era ng'asigala mu mbeera eyo okutuusa ayiikiriziddwa lwe yaddizibwanga ebibye oba ekintu kye bakumpanyizza ne bakizza we kyabadde. Yaddanga mu mbeera n'atebenkera ng'ekintu obulyazaamaanyi buweddewo. Ku nsonga ezize ng'omuntu, Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali tanyiiga n'akamu era nga teyeerwanako mu kintu kyonna ekikwata ku buntu bwe obw'ekitiibwa. Teyayingiranga mu kukubaganya birowoozo wadde mu kuwaanyisiganya bigambo na muntu yenna.

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyayingiranga nnyumba yonna nga tebannamukkiriza. So nga bwe yaddanga awaka we oweekitibwa, ng'ebiseera bye bye yabeeranga awaka abigabanyaamu emirundi esatu. Ekiseera ekimu yakimalanga mu kusinza Allah Oweekitiibwa; ekiseera ekyokubiri kye yawanga abantu be (abaawaka), n'ekiseera ekyokusatu kye yeewanga. Ekiseera kye yeewanga ekyo kye yawanga abantu bonna nga tafuddeeyo ku madaala gaabwe. Tewali gwe yammanga mukisa kumulaba oba okwogera naye, era ng'abantu bonna abaggulirawo omutima gwe awatali kusosola.

Mu muzikiti teyabangamu na kifo kya nkalakkalira era ng'atuula mu bifo ebyawaggulu. Kino yakikolanga olw'okwewala embeera y'okwemanyiiza okutuula mu kifo ekimu. Yali tayagala kuwa kifo kyonna butukuvu ng'akyawud-

de ku birala. Teyayagalanga kuteekawo kintu kuanjawulo mu mizikiti ekyo kireme kufuuka nsonga ya kwetwala ng'ekikulu n'okwekuza. Bwe yayingiranga awantu ekifo kye yasanganga nga temuli muntu nga mw'atuula era kino yakigambanga buli muntu ng'ayagala ky'aba akola.

Omuntu bwe yamusabanga okumukolera ekintu, teyaweeranga nga tannakimukolera kye kimu kyabeeranga kikulu oba nga ssi kikulu, oba nga kinene oba kitono. Ne bw'atasobolanga kumala kizibu ekyo era omuntu teyamuddizangayo awo ngalo nsa, wabula ng'amubudaabuda n'ekigambo ekirungi ekivubiriza omutima. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yeegattanga wamu n'abantu mu bulumi bwabwe era ng'ababeesabeesa n'okulaga okulumirwa awamu nabo. Abantu bonna yabalabanga nga benkana era yabayisanga kyenkanyi nga tafa ku bifo byabwe oba bwe bayimiridde mu kitundu, oba oli yabeeranga mugagga oba mwavu, muyivu oba si muyivu.  Embuga ze (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) zaabeeranga bifo eby'okussa mu nkola empisa ennungi: okugeza ekisa, okumanya, ensonyi, okugumiikiriza, okwesiga Mukama, n'obwesigwa.

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyakolimiranga muntu yenna olw'obumogo oba obulemu omuntu oyo bwe yalina, mpozzi ate bwe yasanganga omuntu nga yeetaaga amuwabula oba amuyigiriza, yamuyigirizanga ng'ayita mu kukozesa obubonero era mu ngeri ennungi, nga tamuweebuula oba okumuswaza. So ng'ate obumogo bw'abantu n'obulemu omuntu by'atayagalanga balala babirabe tebyamutwaliranga biseera wabula era yagaaniranga ddala omuntu yenna okunonooza ebintu ebifaanana ng'ebyo.

Omubaka, ekyokweyagaza ky'ebitonde (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), yali tanyumya wabula ng'anyumya ku bintu bikulu era ebivaamu empeera. Ebifo mwe yasisinkaniranga Basswahaba be byabeeranga bifo ebijjudde omukwano n'okwagala. Bwe yanyumyanga ng'amuli okumpi amuwuliriza n'okutu okwogi ng'alinga gwe baloze. Empisa n'obukkakkamu byabuutiikiranga abo abaabeeranga ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era nga bwe batyo bwe baabeeranga. Embeera eyo baagyogerangako bwe batyi:

"Nga ku mitwe gyaffe kulinga okuli akanyonyi" (Abu Dawuda, al-Sunna, 23-24/4753).

Empisa n'ensonyi ebya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) byabbulukukira mu Basswahaba be. Bano batuukanga n'okufuna obuzibu obunene nga bandiyagadde okumubuuza naye nga tebafuna buvumu bumala okwolekeza omubaka ekibuuzo. Eyo ye yabeeranga ensonga eyabalindisanga akakisa munnamalungu eyavanga mu ddungu abuuze Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekibuuzo olwo balyoke baganyulwe mu bigambo ebimuva mu kamwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe); ebigambo ebizimba wamu n'ebimuva ku mwoyo ebyabuutiikiranga ekifo.

Bw'atyo Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yabeeranga obulamu bwe bwonna nga kyakulabirako era eky'okugoberera, ekifaananyi ekiramu era akabonero ak'obutukuvu bw'omwoyo. Teyayogeranga kintu kitali mu mutima. Empisa ze n'enneeyisa yabeeranga Kulaane era-

bikako. Teyalagiranga muntu kukola kintu ye kye yabanga takola.[13]

**Obwetoowaze bwa Omubaka wa Allah**
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Wadde nga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), yasobola, mu kaseera katono ddala okufuna obufuzi obwamaanyi omufuzi omulala yenna bw'atasobola kutuukako mu nsi, era n'atwala ekifo mu mitima gy'abantu bonna ng'omusomesa era omugunjuzi alabirwako eri abantu bonna, (wadde ebyo byonna yabituukako) naye teyafa ku kintu kyonna mu byengera ebyali wansi w'ebigire bye, wabula yasigala nga yeenywerezza ku mbeera ze ez'obwetowaze nga bwe yali nga bino tannabituukako. Yasigala nga bwe yali ng'asula mu kasenge ak'ekyavu akaabulijjo ke baazimbisa ebikuta by'omuti omutende. Yeebakanga ku kifaliso kye bajjuza ebikoola. Yayambalanga engoye ennyangu. Olumu yabulwanga ekyokulya era mu ngeri eno nga yeebaza Katonda we, olwo n'asiba ejjinja ku lubuto lwe olw'ekitiibwa olw'enjala eyabanga emuluma. Era wadde nga Allah Oweekitiibwa Aliwaggulu (w'ebyo bye bamugattako) yali yamusonyiwa amazambi ag'omu maaso n'ag'emabega naye yabeeranga takutuka na kwebaza na kunoonya ngeri gy'asembereramu Omutonzi. Yasaalanga ekiro okutuusa ebigere bye lwe byazimbanga.

13 Laba: Ibn Saadi, Attwabaqatul Kubrah, Beirut, Daru Swadir, ekitabo 1, 121, 365, 422 – 425.

Yasembezanga omwavu, n'abudaabuda mulekwa n'oyo atalinaako mwasirizi. Awamu n'ekitiibwa kye (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ebiseera bye ebisinga obungi yabimaliranga mu bantu abasinga okulemwa n'obwavu era ng'abalaga okulumwa n'okusaasira.

Olunaku Makka lwe yanunulwa, abantu lwe baalaba eryanyi lye baali batalabangako, okutya n'entiisa ne bibuutiikira emitima gyabwe, amannyo ne gakubagana olw'okutya, omu ku Banamakka yajja ewa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'akankana olw'okutya n'amugamba bwatyi:

"Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)! "Njigiriza Obusiraamu" Omubaka yatandika okumuyigiriza Obusiraamu nga bw'ajjukiza Munnamakka ono bwe yali mu bisera we yabeerera e Makka nga munafu ng'eno bw'amugamba bw'atyi: "Kakkana! Nze siri Kabaka. Nze ndi mwana wa mukazi eyalyanga omukalo".[14]

N'ebigambo ebyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatuuka ku ntikko y'obwetowaze omunene yenna ly'atasobola kutuukako wadde okutuuka ku ddaala erisingayo obutono mu kwetowaza.

Ku lunaku olwo lwennyini (Makka lwe yanunulwa), Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalaga Abubakari Swiddiq, mukwano gwe era omuntu gwe baali bombi mu mpuku, ekigambo, Abubakari bwe yayingira mu

14 Laba: Ibn Maajah, al-Atw-imah, 30 (2); Twabraani, al-Mu-ujamul Awsatwu, ekitabo 2, 64.

muzikiti ng'aleese kitaawe. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yamulaba yamugamba bw'atyi:

"Kale singa musajjamukulu tomutawaanyizza n'omuleka eka, nze ne mulumba eka"[15].

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) lubeerera yeeyogerangako ng'omuntu alina by'atasobola. Mu kweyogerako yagambanga nti:

((قُلْ اِنَّمَا اَنَا بَشَرٌ مِثْلُكُمْ)) (الكهف، ١١٠)

Okuvvuunula:

"Bagambe nti nze ndi muntu nga mmwe" (Kahfu, 110).

Abantu b'ekibiina kye yabakuumanga butiribiri baleme kugwa mu bubuze ng'abantu b'ebibiina ebirala bwe baakola. Kino yakikola ng'ayita mu kulemera ku kukozesa kigambo

"Abdullah" (Omuddu wa Allah) nga kyakulembeza ku bigambo ebikakasa obutume bwe.

Eyayagala okumuyisa w'akoma mu kumuwa ekitiibwa ekisukkiridde yamuwabula bw'ati:

"Temunsuuta (kumpisa we nkoma) ng'abagoberezi ba Kristo bwe baasuuta mutabani wa Mariyamu (ne bamuyisa w'akoma). Nze ndi muddu. Kati mugambe bwe mutyi: "muddu wa Allah era mubaka we" (Haythami 9/21).

15 Laba: Ahmada ekitabo 6/349, Haithami, ekitabo 6/164; Ibn Saadi, ekitabo 5, 451.

Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalina entamu nga bagiyita Gharraa ng'esitulwa abasajja bana. Lumu ku makya nga bamaze okusaala swala ya Dhuha, entamu baagireeta nga mulimu ennyama abantu ne beegyetooloola. Bwe baayitirira Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yafukamira ne wabaawo munnamalungu eyagamba:

"Eyo ntuula ki?" Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba:

Nze Allah yanfuula omuddu omugabi omuntumulamu n'atanfuula nakyemalira atafa ku bantu". Oluvannyuma yagamba bw'ati: mulye okwetoolola muleke waggulu wateekebwemu omukisa". (Abu Dauda, Atwi-imatu, 17/3773).

Mu bino tuyigamu nti Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyeeyisanga n'akamu nga bantu abeekuza n'abo abazibwa amaaso ebintu bye balina era ne bibeeyinuza.

Olulala kino yakinnyonnyola n'agamba bw'atyi:

"Mwogere ebituufu, musembeze abantu, mubawe amawulire ag'essanyu, kubanga mazima ddala teri aliyingira Jjana olw'emirimo gye". Kino Basswahaba abeebitiibwa (Allah abasiime) kyabayitirirako kwe kumubuuza: "Naawe Mubaka wa Allah?". Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabaddamu nti: "Nange. Okuggyako Allah okumbuddugulirako okusonyiwa n'okusaasira. (Bukhari, Riqaq, 18; Muslim, Munaafiquuna, 71, 72; Ibn Maajah, Zuhud, 20; Ddaarmi, Riqaq, 24).

Olulala Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) abantu b'ekibiina kye yabalabula nti oyo yenna ayambala olugoye ng'ali mu kifananyi kya kwekuza, kweraga na kwe-

matira, Allah ajja kumwambaza olugoye lw'okunyoomebwa n'obukkakkamu ku Lunaku lw'enkomerero. Ensonga eyo Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) agyogerako bwatyi:

"Ku Lunaku lwe Qiyamah, Allah tajja kutunuulira muntu awalula nkutu ye olw'okweyagala" (Bukhari, Libaasi, 1,5)

Era yagamba bw'atyi:

"Omuntu ayambala olugoye ng'anoonya kwatiikirira mu nsi, Allah ajja kumwambaza olugoye lw'okunyoomebwa ku Lunaku lw'enkomerero, ate oluvannyuma lukumibwemu Omuliro" (Ibn Maajah, Libaasi, 24)

Mu ngeri y'emu Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagabanyanga eminyago mu bantu n'omugabo ogugwe ku bubwe nagwo n'agutwaliramu. Era yawangalanga obulamu omunaku asembayo wansi mu ngeri y'eby'enfuna mu bantu b'Ekibiina kye bwe yawangaalanga.

**Okugaba kw'omubaka wa Allah**
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yeeyogerangako nga gwe baalagira okugaba. Yagambanga nti Allah Ali waggulu (ne bye bamugattako) ye Muwi era Omufuzi (afuga ebintu byonna).

Nga tannasiramuka, Swafuwaani bin Umayyah yeetaba mu lutalo lw'e Hunayni ne Twaif ng'alwanira wamu ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Mu kiseera ekyo Swafuwaani yali omu ku banene b'e Makka.

Ng'olutalo luwedde yali ne Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) e Ji-iraanah. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) aba atambula ng'alambula eminyago nga bali ne Swafuwaani bin Umayyah, Swafuwaani yatunuulira nnyo ekiwonvu nga kijjudde enngamiya, embuzi, endiga n'amagana n'alwawo nnyo ng'abyekaliriza, ng'eno ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) amwegese amaaso. Kwe kumubuuza:

"Taata Wahabi ekiwonvu ekyo kikusanyusizza?" Swafuwaani kwe kukkiriza. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kumugamba nti: "Kati kikyo n'ebikirimu".

Swafuwaani awo we yagambira nti: 'Teri mutima guyinza kwerekereza bintu ng'ebyo okuggyako nga mutima gwa Nnabbi. Kati nzikiriza n'omwoyo ne nkakasa n'olulimi nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah; era njulira nti Muhammadi muddu we era Mubaka we', era n'asiramukirawo.[16]

Swafuwaani bwe yadda mu bantu b'ekika kye yabagamba bw'atyi:

"Bantu bange! Musiramuke, kuba ndayira Allah nti mazima ddala Muhammadi agaba ng'omuntu atatya kwavuwala". (Muslim, Fadha-il, 57-58; Ahmada, 3, 107)

Olulala waliwo omuntu eyagenda ewa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'abaako ne kye yamusaba nga takirina. Omubaka kye yakola kwe kugwa ku

16 Waaqidu, Maghazi, Beirut, 1989, ekitabo 2, olup. 854-855.

bbanja ne yeewola asobole okumalira omusajja ono ekizibu kye, ne yeeyama okusasula ebbanja.[17]

Okugaba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatwala kwa jajja we Bulayimu (Allah amuwe emirembe). Yali tasobola kulyako mugenyi mmere. So nga n'omuntu eyafanga ng'alina ebbanja ly'atannasasula yalimusasuliranga, oba ng'asaba abantu balimusasulire. Yali tasaalira *janaza* ya muntu afudde nga tebanamusasulira bbanja. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalina hadiisi eyeekitiibwa egamba nti:

"Omugabi ali kumpi ne Allah, ali kumpi n'Ejjana. Abantu bamusembeza, era yeesambye nnyo Omuliro. Omukodo aba wala nnyo ne Allah, yeesambye e Jjana. Abantu bamwesamba ate asemberedde nyo Omuliro (Tirmidhi, Birru, 40/1961)

Mu hadiisi endala Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) agamba bw'atyi: "Engeri bbiri teziyinza kukunngaanira mu Mukkiriza: obukodo n'empisa embi" (Tirimidhi, Birri, 41/1962)

### Taquwa ya Omubaka wa Allah
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ye yali asinga abantu bonna taquwa (okwewala ebibonerezo

17 Haythami, 10/2/242; Era kebera mu: Abu Dauda, Kharaj, 33-35/2055; Ibn Hibbaan, Sahiih, Beirut, 1993 A.D. ekitundu 14, 262 – 264.

bya Allah ng'ayita mu kukola bye yalagira n'okwewala bye yaziyiza). Yasaba Allah amuwe taquwa n'agamba bw'atyi:

"Allah! Nkusaba omwoyo gwange oguwe taquwa era ogutukuze kubanga Ggwe mulungi okugutukuza. Ggwe agufuga era Ggwe agulabirira" (Muslim, Dhikri, 73)

Era yagamba bw'atyi:

"Allah! Nkusaba ompe obulunngamu, ompe taquwa, ensa, n'okumatira" (Muslim, Dhikri, 72)

Taquwa yaviirako Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okuwangaala ng'omunaku. Aisha Maama wa Abakkiriza (Allah amusiime) agamba bw'atyi:

"Ab'omu maka ga Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tebakkutako mugaati gwa nngano ogukozebwa mu nva okumala ennaku essatu eziddinnganye okutuusa lwe yafa" (Bukhari, Imaan, 22; Muslim, Zuhud, 20-22; Ibn Maajah, Atw-imah, 84)

Abantu b'ekibiina kye Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabawagiranga okwenywereza ku taquwa ng'agamba:

"Abantu abasinga okubeera abantu bange beebo abalina taquwa nga sifuddeeyo ku be baani oba bali ludda wa" (Ahmad 7, 235; Haythami, 9/22)

Era agamba nti:

"Abantu bange beebo abalina taquwa" (Abu Dauda, Fitanu, 1/4242)

Awalala n'agamba nti:

"Beera ne taquwa awo wonna w'oba obadde. Ekibi kigobereze ekirungi kijja kukisangulawo. Abantu kolagana nabo ng'obayisa mu mpisa ennungi. (Tirmidhi, Birru, 55/1987)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalambulula engeri omuntu gy'ayinza okufunamu taquwa eyannamaddala n'agamba bw'atyi:

"Omuddu (wa Allah) tayinza kubeera mu balina taquwa okutuusa lw'aleka ebintu ebitalina mutawaana, olw'okwekengera okugwa mu birina omutawaana". (Tirmidhi, Qiyaamah, 19/2451' Ibn Maajah, Zuhud 24)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyasosolanga mu bantu era bonna yabalabanga nga benkana ng'agamba:

"Omuwalabu talina nkizo ku atali Muwalabu, n'atali Muwalabu talina nkizo ku Muwalabu. Omumyufu talina nkizo ku muddugavu yadde omuddugavu okubeera n'enkizo ku mumyufu, okuggyako taquwa (y'ewa omuntu enkizo)" (Ahmad 5/411)

Waliwo ebigambo ebinnyonnyola taquwa obulungi nga Mukama waffe Yisa (Allah amuwe emirembe) ye yabyyogera. Waliwo omusajja eyagenda gy'ali n'amugamba bw'atyi:

"Omusomesa w'obulungi! Njigiriza ekintu ggwe ky'omanyi nga nze si kimanyi; ekingasa ng'ate ggwe tekikuyisa bubi." Nnabbi Yisa kwe kumubuuza nti: "Kiki ekyo?" Ono kwe kumuddamu nti: "Omuntu abeera atya ne taquwa eyan-

namaddala?” Yisa yamuddamu nti “Ng’akoze ekintu ekitono: Oyagala Allah mu mutima gwo okwagala okwannamaddala, n’okola n’amaanyi go gonna n’okutegana nga bw’osobola, n’osaasira abantu b’omutindo gwo ng’oyita mu kwesaasira”. Omusajja yagamba bw’atyi: “Musomesa w’obulungi! B’ani abantu b’omutindo gwange”. Yisa yamuddamu nti: “Abaanaadaamu bonna. Era ekintu ky’otayagala bakukole tokikola munno. Bw’onookola ebyo ojja kuba olina taquwa eyanamaddala”.[18]

Lumu mukama waffe Umaru bin Khattaab (Allah amusiime) yabuuza Ubayy bin Kaabi bw’atyi (Allah amusiime) nti:

“Taquwa kye kiki?” Ubayy yamuddamu bw’atyi “Amiiru w’Abakkiriza! Wali oyiseeko mu kkubo eririmu amaggwa?”

Umaru yaddamu nti “Nnali ndiyiseemu”.

Ubayyi yamubuuza: “Olwo wakola otya?”

Ko Umaru: “Nneegenderezanga ne nfuba obutanfumita”. Ko Ubayyi nti: “Ne taquwa bw’etyo”.[19]

Abantu abaasinganga okubeera ku mwanjo mu mutima gwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) beebo abalina taquwa. Mawaazi bin Jabali anyumya nti Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bwe yali amusindika e Yaman yatambula naye ng’agenda amulaamira nga Mawaazi yeebagadde ensolo ng’ate Omubaka

18 Ahmada, Zuhudu. Tekuli baafulumya kitabo wadde nnaku za mwezi, olup. 59.

19 Laba: Ibn Kathir, Tafsiirul Qur’an al-Adhwim, Beirut, 1988 A.D., ekitabo ekisooka 1, 42.

wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) atambulira wansi w'ensolo ya Mawaazi. Bwe yamala okumulaamira kwe kumugamba bw'atyi:

"Mawaazi oyinza obutaddayo kundaba omwaka omulala oba oyinza okuyita ku muzigiti gwange guno oba entaana yange". Mawaazi eky'owulira nti yali ayinza obutaddayo kulaba Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kyamutengula emmeeme n'akaaba. Oluvannyuma Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yakyuka n'atunula ku ludda lw'e Madiina n'agamba nti:

"Abantu abasinga okumbeera ku lusegere beebo abalina taquwa, nga sifudde ku be baani oba bali ludda wa"[20]

**Zuhudu (Okwesonyiwa ensi) ya Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Amawanga agasinga obungi n'ensi byakkiriza ne bidda wansi w'obukulembeze bwa Mukama waffe Omubaka wa Allah Muhammad (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga zisiimye. Olwo Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'abeera nga y'alamula ekizinga kya Buwalabu kyonna. Awamu n'okubeera nga yali asobola okukola buli kintu kye yandiyagadde wabula yasigala ng'awangaala obulamu bwe obwangu. Yategeezanga nga buli kintu bwe yali takifuga ku lulwe. Yayogera kaati nti buli kintu kibeerawo lwa buyinza bwa Allah, kugera kwe, na busobozi bwe. Ebiseera byayi-

20 Laba: Ahmada ekitabo 5, 235, Haythami, Majma-i Zawaa-idi, Beirut 1988 A.D., ekitabo 9, 22.

tawo ebyobugagga obufukunya ne byeyongera. Enngamiya ne ziyingira Madiina etangalijja nga zitisse ebyobusuubuzi n'ebyobugagga. Naye ebyobugagga byonna Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabigabanyizanga abantu abaalinanga obwetaavu. Ye olwo n'asigala mu bulamu bwa zuhud (okwesonyiwa ensi) bwe yali awangaala. Yagambanga nti:

"Nze tekinsanyusa okubeera ne zaabu eyenkanankana olusozi lw'e Uhudi ne mmala ennaku ssatu nga nkyalinawo eyenkana dinaar okuggyako nga mba dinaari eyo ngiterese kusasula bbanja lye bammanja (Bukhari, Tamanni, 2; Muslim, Zakat, 31)

Ennaku zeekulungulanga nga mu nnyumba ya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) temukumiddwamu kiyitibwa muliro kufumba mmere. Era emirundi gyawera Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) gye yasulanga enjala (Ahmada 6/217; Ibn Saad 1/405)

Anas bin Maalik anyumya bw'atyi:

"Nayingira ewa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'agalamidde ku kifaliso ekyebikoola nga yeezizise akatto akapakiddwa ebikoola by'omutende. Basswahaba baayingira omwali ne Umar (Allah amusiime). Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kukyuka enkyuka eyasobozesa Umaru okulaba embiriizi ze nga tekuli lugoye lwonna lwawula mubiri gwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ku kifaliso. Yalaba ekifaliso nga kimutaddeko obulambe. Umar (Allah amusiime)

kwe kukaaba. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yambuuza ekimukaabya, Umaru kwe kugamba bw'atyi:

"Ndayira Allah! Sandikaabye wabula lwa kuba mmanyi nti ggwe asinga okugaba ku lwa Allah okusinga (Bakabaka) Kisira ne Qaysar. Naye nga bo ebyobugagga by'ensi bawugamu biwuge ggwe, Mubaka wa Allah, n'obeera ng'oli mu kifo nga bwe ndaba. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kumugamba bw'atyi:

"Ggwe tomatira okuba nga bo balina ensi nga ffe tulina Enkomerero". Umar kwe kugamba nti: "Kituufu". Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba nti: "Bwe kityo nno bwe kiri".[21]

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yageraageranya bw'atyi embeera ye n'engeri gye yali atwalamu ensi:

"Nze ensi njaagaza ki? Nze mu nsi nfaanana ng'omuntu eyeebagadde ensolo ng'alina gy'alaga n'awummulirako mu kittuluze ky'omuti oluvannyuma n'avaawo n'agenda n'agulekawo".[22]

Empisa z'omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe zityo bwe zaabeeranga.

21 Ahmad ekitabo 3, 139; Twabraani, Jami-ul Kabiiri, kyakakasibwa, Hamdi Abdul Majiid Assalafi, Beirut, Daru Ihyaa-I Turaathil Arabiyy, ekitabo 10, 162.

22 Tirmidhi, Zuhdi, 44/2377; Ibn Maajah, Zuhd 3; Ahmada ekitabo 1,301.

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatiisanga nnyo omwoyo gwe okubuuzibwa ku Lunaku lwe nkomerero ku byengera by'ensi bye yafuna. Yasabanga bw'atyi:

"Allah! Nkusaba ompangaaze nga ndi munaku, era onzite nga ndi munaku, onzuukize nga ndi mu kibinja ky'abanaku ku Lunaku lwe nkomerero". (Tirmidhi, Zuhud, 37/2352; Ibn Maajah, Zuhud, 7)

Awamu n'okuba nga Bannabbi bonna baali bakimanyi bulungi nti ebyabwe byaggwa dda, era Allah Oweekitiibwa yabawa dda Ejjana ng'era baakugiyingira, wabula era baali bakimanyi bulungi nti bajja kwokebwa kajojijogi w'ebibuuzo ebikwata ku Bubaka n'ebyengera Allah bye yababundagguli-ra: Abaffe Obubaka baabutuusa ku bantu nga bwe kyetaagisa? Allah baamutenderezanga era ne bamwebaza nga bwe kyalu kyetaagisa olw'ebyengera bye yabawa? Ku nsonga eno Allah Oweekitiibwa agamba bw'atyi.

((فَلَنَسْأَلَنَّ الَّذِينَ أُرْسِلَ إِلَيْهِمْ وَلَنَسْأَلَنَّ الْمُرْسَلِينَ))

(الأعراف، ٦)

Okuvvuunula:

"Kale tujja kubuuliza ddala abo be baatumira Ababaka. Mu ngeri y'emu tujja kubuuza Ababaka abaatumwa". (A-araaf 6)

Ekiriwo kiri nti ebigambo nga Zuhud, Taquwa ne Ihsaan, byawula njatula naye nga kyenkana biwa amakulu ge gamu.

Ekigendererwa mu bigambo ebyo byonna mwe byegattira era nga gwe mulamwa gw’engunjula ey’ekisuufi kwe kukoma ku mwoyo bye gwegomba. Mu ngeri eyo, okweteekateeka kw’omwoyo kweggula, omuntu n’atuuka ku ddaala erya “okusembera kw’omutima n’okutukula kw’omwoyo”. Kino kitegeeza obulambulukufu bwa “omutima omulamu”, ogwetaagisa mu kutuukiriza eky’obuddu eri Allah (Oweekitiibwa). Kino aya eyeekitibwa ky’eyogerako nti:

((اِلاَّ مَنْ اَتَى اللّٰهَ بِقَلْبٍ سَلِيمٍ)) (الشعراء، ٨٩)

Okuvvuunula:

“Okuggyako oyo aliba azze ewa Allah n’omutima omulamu”. (Shuaraa-i, 89)

**Obugonvu bw’omutima gwa Omubaka wa Allah**
(Allah amusaasire amuwe n’emirembe)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yalina omutima ogwesittala. Lumu yalaba omusajja ng’awanda ku ttaka ekyenyi kye ne kimyukirira n’ayimirira nga teyeenyenya. Basswahaba abaaliwo kwe kwanguwa amalusu ne bagabikkako ettaka, olwo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’alyoka yeeyongerayo gye yali alaga.

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yalagiranga abantu okubeera mu kifaananyi ekirungi era nga beerongoosezza. Teyasiimako ebyambalo by’omutnu okubeera nga si birongoose mu ngeri esaanira. Teyayagalanga

kirevu kubeera kikyafu oba nga tekirabiriddwa. Lumu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali mu muzikiti omusajja n'ayingira ng'omutwe n'ekirevu bitankuuse, kwe kulaza n'omukono omusajja afulume. Omusajja yafuluma n'amala okulongoosa envirri ze n'ekirevu olwo n'alyoka komawo. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba bw'atyi:

"Ekyo tekirabika bulungi okusinga omu mu mmwe okujja ng'omutwe gutankuuse nga yenna alinga sitaane".[23]

Olulala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalaba omusajja ng'agubye ng'enviiri ze zisasamadde okwe kugamba bw'atyi:

"Oyo teyafunye ky'asaniriza nviiri?!". Ate olulala n'alaba omusajja omulala ng'ayambadde engoye enkyafu kwe kugamba bw'atyi

"Ono teyafunye mazzi g'ayozesa lugoye lwe?!" (Abu Dauda, Libaasi (Ebyambalo), 14/4062; Nisaai, Ziinah (Okwenyiriza), 60)

Olulala omusajja yayingira ng'ali mu ngoye nga tezimutuuka kwe kumubuuza bw'atyi: "Olina ekyobugagga?" Omusajja kwe kuddamu nti: "Yye". Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yamubuuza "Kyabugagga ki?" Omusajja yaddamu nti: "Allah yampa enngamiya, embuzi n'endiga, ennyumbu n'abaddu". Wano Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba bw'atyi:

23 Muwattwa, Sha-ar (Enviiri), 7; Baihaqi, Shuabul Imaani, Beirut, 1990 A.D. ekitabo, 5, 225.

“Kati nno Allah bw’akuwanga ebyobugagga leka ekyengera kya Allah n’eby’eyakuwa bikulabikeko” (Abu Dauda, Libaasi, 14/4063; Nisaa-i, Ziinat, 54; Ahmada, ekitabo 4/147)

Olulala Omubaka (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yagamba bw’atyi: “Mazima ddala Allah ayagala ekyengera ky’awadde omuddu we kimulabikeko (Tirmidhi, Adab (Empisa), 54/2819; Ahmada, 11, 311)

Embera ez’obuntu eza Mukama w’ebitonde Muhamadi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) zaali nga ze zikiikirira entikko y’obugonvu n’obubumbwa obulungi, n’obukwatampola n’obukkakkamu.

Waliwo omusajja ow’obubumbwa obubi eyayingira ewa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) ne boogera naye. Naye omulundi ogusukka ku gumu omusajja yayitanga Nnabbi nga bw’ayatuukiriza erinnya lye nti: “Ggwe Muhammadi, ggwe Muhammadi”. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) kino tekyamujja mu mbeera wabula yayogera naye mu bukkakkamu, n’obukwatampola nga bw’amugamba: “Mutawaana ki?”[24]

Ebiseera bingi, olw’obugonvu, obukwatampola, n’empisa ez’ekika ekyawaggulu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bye yalina, yaweerezanga abagenyi be era ye yennyini n’abagabula. (Baihaqi, Shiab, 6/518, ekitabo, 7/436)

Ne mu buto bwe teyawakananga wadde okukaayana na muntu ebitalina gye biraga. Era n’abantu be yabakuliza mu

24 Muslim, Nadhru (okweyama), 8; Tirmidhi, Zuhud, 50; Ahmada, ekitabo, 4, 239.

mpisa ez'ekika ekyawaggulu, n'obugonvu n'obukwata mpola nga ye bye yalina.

Zo embeera za muzzukulu wa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mukama waffe Hasane zituwa ekifaananyi ekinene era ekirungi ku nsonga eno:

"Hasan bin Ali (Allah amusiime) baamulabanga yeetoloola Kaaba. Bwe yatuuka ku Maqaam yasaala laaka bbiri, oluvannyuma oluba n'alussa ku Maqaamu n'abeera awo ng'akaaba nga bw'agamba nti:

"Akaddu ko kali ku mulyango gwo. Akaweereza ko kali ku mulyango gwo. Akusaba ali ku mulyango gwo. Omunaku wo ali ku mulyango gwo". Kino yakiddinngana emirundi egiwera era bwe yamala n'agenda. Mu kkubo yasanga Bamasikiini (abanaku) nga balina ekitundu ky'omugaati nga bakirya. Yabatoolera salaamu, ne bamuyita balye bonna. Yatuula wamu nabo n'abagamba bw'atyi:

"Singa simanyi nti eyo gye mulya saddaaka twandiridde ffenna". Oluvannyuma n'abagamba nti: "Mujje tugende eka". Baasituka ne bagenda n'abagabula n'abawa n'engoye ez'okwambala n'alagira ne babawa ne ku ssente".[25]

Obugonvu buno, obukwatampola, n'okulumirwa, kye kifaananyi ekisinga obunene ku ngeri ekitonde gye kiyinza okuwa ekifaananyi ky'okusaasira n'ekisa Omutonzi by'akozesa mu ngeri gy'ayisaamu abantu.

25 Laba: Abshayhiyy, Mustatwrafu, Beirut, 1986 A.D., ekitundu 1, 31.

Ekifaananyi ekirala ekiraga engeiri eyo ku mukama waffe Hasane (Allah amusiime) kye kino: Lumu yali ayitaayita mu malimiro ageetoolodde Madiina kwe kulaba omusajja Omuddugavu ng'akutte omugaati ng'eno asunako n'alya ate n'aliisa n'embwa ku mugaati gwe gumu okutuusa lwe baagugabana n'embwa. Hasane yeewuunya engeri erinnya lya Allah erya Rahmaani (Omusaasizi) lwe lyeyolokera mu kikolwa eky'ekisa eky'omusajja ono omuddu eyali aliisa embwa. Yamugamba bw'atyi:

"Kiki ekikutuusizza ku kugabana omugaati n'embwa n'otagikutulirako bukutulizi?" Omusajja yumuddamu nti: "Ensonyi zinkutte ng'embwa ensimbye eriiso okugikutulirako obukutulizi".

Hasane (Allah amusiime) kwe kumubuuza: "Ani Mukama wo?" Omusajja yamuddamu nti: "Ndi muddu wa Abaan bin Uthman". "Ate ennimiro?" Omusajja n'addamu nti: "Nnimiro ya Abaan bin Uthman"

Wano Hasane (Allah amusiime) we yayagalira ennyo okubeera n'omuddu ono eyali omuddu obuddu ku ngulu naye nga mu butuufu yali mwagalwa wa Allah era ng'amuli kumpi. Olwo kwe kumugamba nti: "Ndayidde! Tovaawo wano. Kwatirirako nkomewo".

Yagenda n'agula omuddu n'ennimiro n'agigulirako. Oluvannyuma yamala yakomawo ew'omulenzi n'amugamba bw'atyi:

"Mulenzi ggwe nkuguze". Omuddu yayimirira butengerera n'agamba nti:

“Nja kugondera Allah, Omubaka we naawe mukama wange”. Hasane (Allah amusiime) olwawulira ebigambo ebyo yeeyongera mu mutima okwewuunya amazima g’omuddu ono. Olw’obutukuvu bw’omutima gw’omuddu, n’obutaba na kakiki yenna mu nda ye, Hasane yamugamba bw’atyi:

“N’ennimiro nayo nagiguze. Naye kati nkutadde ku lwa Allah n’ennimiro kirabo kyange gy’oli”.

Omuvubuka yamuddamu, “Mukama wange! Ennimiro eyo ngigabidde Oyo afuuse ensonga yo okugimpa”. (Ibn Mandhur, Makhtasar Taarekh Dimashq, ekitundu 7/25)

**Empisa n’ensonyi ebya Omubaka wa Allah**
(Allah amusaasire amuwe n’emirembe)

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) teyasitulanga ddoboozi ng’anyumya era abantu yabasisinkananga ng’ataddeko akamwenyumwenyu wamu n’obukkakkamu. Ekigambo bwe kyamuyitirirangako nga takyagadde teyakyasanguzanga mu maaso g’abantu. Olw’okuba ng’ekyenyi kye ye yali endabirwamu eraga ebiri mu mutima gwe n’engeri gye yali awulira mu nda, abamwetoolodde bonna beeyisanga mu ngeri y’emu yaabwegendereza mu ngeri gye baanyumyangamu n’enneeyisa yaabwe gye beeyisangamu. Ensonyi zaamugaananga okusekera waggulu oba okutyetyemuka era okuseka kwe kwabeeranga mu ngeri ya kumwenya. Basswahaba (Allah abasiime), Omubaka (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bamwogerangako nga eyalina ensonyi ezisinga n’omuwala embeerera ng’ali mu lugoye olumubuna.

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yannyonnyola ensonga eno n'agamba nti: "... kubanga ddala ensonyi za mu Bukkiriza" (Bukhari, Imaan, 16)

"Mazima ddala ensonyi n'Obukkiriza bigendera wamu tebyawukana. Bw'oggyawo ekimu n'ekirala kivaawo". (Bukhari, Adabul Mufradu, namba: 1313)

"Mazima ddala obugonvu (oba obukwatampola) tebuyinza kubeera mu kintu okuggyako bunyiriza kinyirize. Ate tebuyinza kuva mu kintu okuggyako nga kyonooneka" (Muslim, -Birri; Abu Dauda, Jihad, 1)

Ensonyi ezanamaddala zibeerawo na **"kujjukira kufa"** ekkubo erijja omuntu ku kwagala edduniya mu mutima. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalagiranga Basswahaba okukwatibwa Allah Oweekitiibwa ensonyi ezannamaddala.

Lumu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagamba Basswahaba bw'atyi: "Mukwatibwe Allah ensonyi mu butuufu bw'okumukwatibwa ensonyi." Basswahaba baamugamba nti: "Naye ffe Allah, amatendo amajjuvu gage, tumukwatibwa ensonyi". Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kubagamba bw'atyi:

"Si ky'ekyo. Naye okukwatibwa Allah ensonyi ezannamaddala: kwe kukuuma omutwe n'ebiguliko, okukuuma olubuto n'ebiruyingiramu, n'okujjukira okufa n'okuvunda. Omuntu ayagala enkomerero (ennungi) aleka eby'okwewunda by'oku nsi. Omuntu akola ebyo aba akwatiddwa Allah enso-

nyi mu bwennyini bw'okuzimukwatirwa" (Tirmidhi, Qiyaamah, 24/2458)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyatunuuliranga muntu nkaliriza mu maaso, wabula yabeeranga mukkakkamu wa maaso. Ebiseera bye yamalanga ng'atunudde ku ttaka byabanga biwanvu okusinga bye yatunulanga waggulu. Olw'ensonyi za Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'obuntu bwe obwenjawulo obwawaggulu teyayatuukirizanga bumogo bwa muntu oba bunafu bwe nga waali wadde okubeera nnamwatulira.

Aisha (Allah amusiime) yagamba nti Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe baamubuuliranga ekintu ku muntu nga tagamba nti "Omuntu gundi abadde ki" wabula ng'agamba bw'atyi: "Abantu abagamba kino na kino babadde ki? (Ibn Dauda, Adab, 5/4788)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yayagalanga okuwabula abantu be yabanga ayogera nabo ku nsobi gye baabanga bakoze ng'ayagala okubajjukiza nti ekintu kye bakoze tekisaana, yabagambanga bw'atyi: "Nga mbalaba bwe mutyi ne bwe mutyi!"[26].

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nnannyini kifo ekyawaggulu, bwe yabanga abuulirira omuntu, yafubanga nnyo okulaba nga gw'abuulira tava mu mbeera wadde okwennyamira kuba yabeeranga kifaananyi ekyawaggulu mu kusaasira.

26 Laba: Muslim, Swalat, 119; Ibn Hibbaan, ekitabo 4, 538)

Mu ngeri eyo Mukama waffe Jalaalu Ddiini Habibul Haqq eyeeyisanga okusinziira ku mpisa za Nnabbi ng'ayogera ku bintu bino ng'ebigambo bye abisibye mu bigambo bino eby'ekyewuunyo, yagamba bw'atyi:

"Amagezi gange gaagamba nga gabuuza omutima gwange nti Obukkiriza (Imaan) kye ki? Omutima gwange ne gukyukira amatu g'amagezi gange ne gagamba nti Imaani ze mpisa".

**Obuzira bwa Omubaka wa Allah**
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Tetuyinza kufumiitiriza nti waliwo omuzira asinga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kubanga mu bulamu bwe tebaamulabako ng'ajugumira oba ng'atidde. Omubaka waffe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabeeranga munywevu nga mugumu atateerebuka mu mbeera zonna ne mu bifo byonna. Tewali kiseera okutya n'okutiribira lwe byamusinza maanyi.

Mu buvumu obungi, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yayita mu kaseera we baali baagalira okumutta ng'asoma busomi aya zino ebbiri.

((اِنَّا جَعَلْنَا فِي اَعْنَاقِهِمْ اَغْلاَلاً فَهِيَ اِلَى الْاَذْقَانِ فَهُمْ مُقْمَحُونَ. وَجَعَلْنَا مِنْ بَيْنِ اَيْدِيهِمْ سَدًّا وَمِنْ خَلْفِهِمْ سَدًّا فَاَغْشَيْنَاهُمْ فَهُمْ لاَيُبْصِرُونَ)) (يس، ٨-٩)

Okuvvuunula:

“Mazima Ffe twateeka mu nsingo zaabwe enjegere ez’ebyuma ebituukira ddala ku bulevu bwabwe emitwe gyabwe gibeere nga gireegeddwa. Ne tuteekawo mu maso omuziziko, n’emabega waabwe ne tuteekayo omuziziko, olwo ne tubabikka (ekifu ku maaso) nga tebasobola kulaba (Yasin 8-9)

Mukama waffe Ali (Allah amusiime) ye Omubaka yamutenda bw’atyi:

“Twalinga mu lutabaalo lw’e Badri ng’obubudamu tubunoonya wa Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe), nga y’atusinga obuzira n’okulwana era nga y’atusinga okubeera omulabe okumpi. (Ahmada, ekitundu 1, 86)

Ye Barraa-u (Allah amusiime), obuzira bw’omwagalwa ow’ekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yabwogerako bw’atyi nate: “Ndayira Allah nti ekigambo bwe kyetindanga mu lutalo, embeera n’ekaawa, twewogamanga mu Mubaka wa Allah. Era omuzira mu ffe, y’oyo eyasinganga okuba okumpi ne Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe). (Muslim, Jihad, 79)

Mu ntalo Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) lubeerera yabeeranga mu maaso asobole okubunyisa ekigambo kya Allah Oweekitiibwa. Mu lutabaalo lw’e Hunayini olwayuuguumya eggye ly’Abasiraamu ku ntandikwa, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) teyajugumira wabula yalaga obuvumu n’amaanyi n’alumba omulabe n’agenda omulabe gy’ali ng’ali ku nsolo olwo Basswalaba ne bafuna obuvumu era gye byaggweera ng’olu-

talo balulinyeeko olw'obulungi bwa Allah n'obuyambi okuva gy'ali (Muslim, Jihad, 76-81)

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagambanga bw'atyi: "Ndayira Oyo afuga obulamu bwa Muhammadi! Neegomba nnyo okutabaala mu kkubo lya Allah ne banzita, (ne nzuukira) oluvannyuma ne ntabaala ne banzita (ne nzuukira) n'era ne ntabaala ne banzita". (Muslim, Jihad, 103)

**Ekisa kya Omubaka wa Allah**
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali muntu mwangu,[27] mukama waffe Aisha (Allah amusiime) gwe yaywogerako bw'atyi:

"Teri muntu yali asinga Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mpisa. Buli Sswahaba yenna oba omuntu we lwe yamuyitanga ng'amuyitaba n'obwewombeefu (nti "wangi"). Olw'empisa ze ez'ettendo Kulaane eyeekitiibwa yamutenda bw'etyi:

((وَإِنَّكَ لَعَلَى خُلُقٍ عَظِيمٍ)) (القلم، ٤)

Okuvvuunula:

"Mazima ddala oli ku mpisa za ttendo" (Qalam, 4)" (Waahidi, Asbaabu Nuzuul, 463)

27 Muslim, Hajj, 137.

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ku bimukwatako, talina lwe yawolera ggwanga wabula lubeerera yalekanga era n'asonyiwa.

Olulala Mukyala Aisha yanyumya ebintu bingi ebiraga embeera z'obugonvu n'obukakamu ebyali mu mpisa za Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ez'ekika ekyawaggulu n'agamba bw'atyi:

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyakubako kintu kyonna oba omukyala yenna, oba omukozi, okuggyako entalo ze yalwananga mu kkubo lya Allah. Tewali kintu kibi kye baamukola ne yeesasuza akikoze okuggyako ng'omuntu yetantadde bintu Allah by'avunaana, olwo Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'asasula akikoze ku lwa Allah Oweekitiibwa. (Muslim, Fadhwail, 79)

Ye mukama waffe Anasi (Alla amusiime) ayogera ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bw'atyi:

"Siwunyirwanga kawoowo nga mw'otwalidde Anbar ne Miski kasinga lusu lwa Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kuwunya bulungi. Era sikwatanga ku satiini oba liiri aweweera era omugonvu okusinga omubiri gwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Thabit agamba nti kwe kumubuuza bwe ntyi:

"Taata Hamza tolaba ng'olinga atunuulira Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era ng'owuliriza ebigambo bye ebiseeneekerevu".Ye kwe kugamba nti:

“Bwe kiri. Ndayira Allah, neesunga okumusisinkana ku Lunaku lwe nkomerero ne mugamba bwe ntyi: ‘Mubaka wa Allah! Akakozi ko kali wano’”. Yayongerako bw’atyi: ‘Namukolera emyaka kkumi miramba e Madiina nga ndi mulenzi nga situukiriza buli kintu nga bw’akyagala naye teyankaayuukirako wadde okunngamba nti, ‘Lwaki okoze kino oba singa okoze bw’otyi” (Ahmada, 3, 222; Bukhari, Swawm, 53; Manaaqib, 23; Muslim, Fadhwail, 82)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) alina omu ku Basswahaba be gwe yawaana n’amugamba nti olina engeri bbiri Allah azaagala: ekisa n’obukwatampola” (Muslim, Imaan, 25-26)

Ye Abu Huraira (Allah amusiime) yanyumya ku munnamalungu eyakunkumula mu muzikiti abantu ne baagala okumulyamu maaso, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’abagamba bw’atyi:

“Mumuleke! Omusulo muguyiweeko akalobo k’amazzi. Mmwe temwatumwa kukalubya wabula mwatumibwa kugondeza bantu”. (Bukhari, Adab, 80; Wudhu, 61)

Oluvannyuma Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe), ng’akozesa ebigambo ebiwoomu, yabuulira omusajja oyo obukulu bw’omuzikiti n’empisa ezisuubirwa mu muzikiti.

Anasi (Allah amusiime) anyumya ku kisa kya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’agamba bw’atyi:

“Nnali ntambula ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) nga yeebikkiridde esuuka enzito

(eyawuulu) ekolebwa e Najraani era ng'erina ebijwenge ebizitowa. Omusajja munnamalungu yamuva emabega n'amusanga n'akwata essuuka n'agisika n'amaanyi mangi nnyo nagenda okulaba ng'eno gy'ekoma wali ku bulago bwa Nnabbi era ng'emusaze olw'engeri omusajja gye yagisikamu. Bwe yamala n'agamba:

"Muhammadi! Nange lagira bampe mu mmaali ya Allah nga kino ky'olina". Omubaka yakyuka n'amutunuulria n'amwenya. Oluvannyuma yalagira omusajja bamuwe essuuka. (Bukhari, Libaasi, 81; Khumsu, 91; Adab, 86; Muslim, Zakat, 241)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okusobola okutuukiriza obulungi eddimo ly'okutuusa ku bantu ekigambo kya Allah, okyitamu obulungi kyava ku mukisa gw'empisa zino ennungi.

Kino Allah oweekitiibwa yakyogerako bw'atyi:

((فَبِمَا رَحْمَةٍ مِنَ اللّٰهِ لِنْتَ لَهُمْ وَلَوْ كُنْتَ فَظًّا غَلِيظَ الْقَلْبِ لَانْفَضُّوا مِنْ حَوْلِكَ)) (آل عمران، ١٥٩)

Okuvvuunula:

"Ku lw'okusaasira kwa Allah wafuuka mugonvu gye bali. Singa wali mukambwe ng'olina omutima omukalubo bandikwesambye". (Aali-Imran, 159)

Mu butuufu abantu ab'oku mulembe gwa Jahiliyya (ebiseera nga Nnabbi tannatumwa) baasaanuukanga ng'omusubbaawa nga bagoolekaganye n'obuntu bwa Omubaka wa

Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), obugonvu bwe, ne mu maaso g'okusonyiwa kwe, n'empisa ennungi, n'ekisa kye, n'okulekera kwe. Mu ngeri eno baasobola okwetaasaako empisa ez'ensolo n'obubumbwa bwabwe obubi ne bakeesa enkya nga balinga ebiwojjolo nga byetooloolera ku kitangaala eky'obuntu ekyeyolefu. Bino byonna byasobokanga kubanga Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyayagalanga bantu kufaafaaganirwa ng'abasaba kulunngama era yali takiikirira bibonerezo wabula ng'akiikirira kusaasira.

**Okulumirwa kwa Omubaka** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **n'okusaasira kwe**

Mu hadiisi eyeekitiibwa, Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) agamba bw'atyi:

"Abasaasizi, (Allah) Omusaasizi (asembayo) ajja kubasaasira. Musaasire abali mu nsi ali mu ggulu alyoke abasaasire". (Tirmidhi, Birr, 16/1924)

Lwe yali asaaza abantu n'awulira omwana ng'akaaba yatya maama we okuyisibwa obubi kye yava ayita mu byanguwa n'akendeeza okusoma maama w'omwana asobole okusanga omwana we. Omubaka yasaalanga ekiro n'awangaala nnyo mu sswala amaaso ge ne gattulukuka amaziga mangi ng'ensogna eva ku kusabira bantu ba Kibiina kye. Ebiseera bye ebisinga obungi yabimalanga ng'alafuubana asobole okuwonya abantu Omuliro. Obwo bubonero obulaga obuwanvu bw'okusaasira kwa Omubaka wa Allah n'okulumirwa bye yalina eri abantu.

Olw'okuba nga yatumibwa nga kya kusaasira eri ebitonde okusaasira kwe n'okwagala byabuna emyoyo gyonna. Lumu baamusaba (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) asabire Bamushiriku (abasinza ebifaananyi) n'agamba nti: "Nze tebantuma kubeera kakolimira. Nze bantuma nga ndi kya kusaasira" (Muslim, Birr, 87; Tirmidhi, Da-awaat, 118)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yagenda e Twaifa asobole okuyita abaayo okuyingira Obusiraamu, Bamushriku baayo n'abasinza ebifaananyi abalala baamukasuukirira amayinja. Malayika afuga ensonzi yajja ne Mukama waffe Jibriilu (Emirembe gibeere kubo) n'agamba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bw'atyi:

"Oyagala nkuzikiririze abantu abo? Singa oyagala nja kubamerengulirako ensozi ebbiri".

Naye Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagaana nga bw'agamba bw'atyi:

"Nedda! Wabula nsuubira Allah okujja ku migongo gyabwe oyo amusinza n'atamusinzizaako kintu kirala kyonna". (Bukhari, Bad-ul Khalqi, 7); Muslim, Jihad, 111)

Bannatwaifa, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabasabira bw'atyi: "Allah nkusaba Bathaqiifu obalunngamye era bonna obaleete". Bw'atyo yabanga abasabira okutuusa Bannataaifa gye byaggweera ne bajja e Madiina ayakaayakana ne beesoga eddiini ya Allah ey'Obusiraamu (Ibn Hisham, 4/134; Tirmidhi, Manaqib, 73/3942). So nga Bannatwaifa bano baali baalumya Omubaka wa Allah

(Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu ngeri yonna gye baali basobola, ne bamugobaganya mu nsi yaabwe, ne bamukolako ebikolwa eby'obukambwe okutuusiza ddala eyo mu mwaka ogw'omwenda ogwa Hijra (okuva Nnabbi lwe yasenguka), ne bafiiriza Abasiraamu ebintu enkuyanja, bo

Ye Abu Usayidi yajja ewa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'abanyage mu lutabaalo okuva e Bahrain, Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'alabamu omukazi ng'akaaba, kwe kumubuuza ekyali kimutuuseeko nga bw'agamba nti: "Ate ggwe mutawaana ki?" Omukazi kwe kumuddamu nti: "Oyo yatunze mutabani wange". Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba Abu Usayidi: "Watunze mutabani w'omukazi ono?" Abu Usayidi n'akkiriza nti: "Yye". Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kumubuuza gye yali amutunze era Abu Usaid n'amubuulira nti: "Namutunze mu ba Bani Absi". Nnabbi kwe kumulagira bw'atyi: "Ggwe wennyini linnya ensolo ogende omunone".[28]

Okusaasira n'okulumirwa kwa Omubaka wa Alah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) byasaasaanira ensi yonna. Yagambanga bw'atyi:

"Temujja kubeera Bakkiriza okutuusa lwe munaayagalana. Abange mbalagirireyo ekintu nga bwe munaakikola kijja kubafuula abaagalana?" Abaaliwo baddamu nti: "Ate lwaki totubuulira Omubaka wa Allah?"

---

28 Ali Muttaqi al-Hindiyy, Kan'zul Ummaali, Birut, 1985, 4, 176/10044.

Omubaka kwe kubagamba bw'atyi: "Mwesaasaanyeemu Salaamu. Mbalayirira Oyo afuga obulamu bwange, temujja kuyingira Jjana okutuusa lwe munaasaasiragana". Baamugamba nti:

"Mubaka wa Allah! Buli omu muffe musaasizi". Omubaka kwe kubaddamu nti: "Mmwe okusaasiragana si kwe kusaasira, wabula okusaasira kwe kusaasira abantu baabulijjo, okusaasira abantu baabulijjo". (Haakim, ekitundu 4, 185/7310)

**Okusonyiwa kwa Omubaka**
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Allah Oweekitiibwa ayagala okusonyiwa era singa omuddu yeenenya muli n'awulira okwejjusa n'obulumi olw'ebisobyo bye yakola n'ebyonoono bye, Allah yamulagaanyisa okukkiriza okwenenya kwe. N'olw'okuba nga Allah musonyiyi akkiriza okwenenya kw'abakoze ensobi, ayagala abaddu be okubeera mu abo abasonyiwa.

Okusonyiwa kujja ng'omuntu amaze okwejjusa, ng'agondedde ebiragiro bya Allah era nga yeewaze Allah bye yagaana. Ebifaananyi ebisinga obulungi ebikwata ku kusonyiwa tubisanga mu bulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyasonyiwa Hindu bwe yakkiriza Obusiraamu olunaku Makka lwe yanunulwa. So nga Hindu oyo yali yaluma n'amannyo ekibumba kya taata omuto owa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eyayitibwanga mukama waffe Hamza mu lutabaalo lw'e Uhudi.

Ye Habaar bin al-Asw'adi yali mu balabe abasinga obubi eri Obusiraamu. Lumu yafumita enngamiya eyaliko mukama waffe Zainabu muwala wa Omubaka wa Allah (Allah amusaa-

sire amuwe n'emirembe), enngamiya n'emusuula ate nga yali lubuto. Kino kyamuviirako olubuto okuvaamu n'okuvaamu omusaayi omungi ennyo era nga kyali kiwundu ekyava mu bino ekyamuviirako oluvannyuma okufa. Habbaar ono yakola ebikolobero ebirala bingi tobala. Kyokka Makka bwe yanunulwa Habbaar yadduka ne batasobola kumukwata. Naye lumu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali atudde ne Basswahaba be e Madiina (eyakaayakana) ng'ono Habbaari zimuleese. Yayimirira n'agamba bw'atyi:

"Emirembe gibeere ku ggwe Mubaka wa Allah. Nzikiriza mu mwoyo era ne nkakasa n'olulimi nti: 'Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah era nti ggwe oli Mubaka wa Allah'. Nakudduka ne nngenda mu nsi eyo ne njagala okuwangaala ne Bannamawanga naye oluvannyuma ne nzijukira endagaano zo, obulungi okuva gy'oli, okuyisa obulungi kw'oyisa abantu, n'okusonyiwa by'olina ku muntu akuyisizza obubi. Twali bantu abaawangaaliranga mu shiriki (nga tutabiikiriza ebintu ebirala ku Allah ne mu kumusinza), Allah Oweekitiibwa n'atulunngamya, era n'atuwonya okuzikirira ng'ayita mu ggwe. Sonyiwa bye nnakukola mu bukambwe na byonna bye babadde banjogerako. Nze nzikirizza obubi bw'ebintu bye nnakola era nzikiriza ebyonoono byange". Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba bw'atyi:

"Nkusonyiye, era Allah yakukolera ekyettendo bwe yakulunngamya eri Obusiraamu ate ng'Obusiraamu busangulawo ebyayita".

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kuziyiza omuntu yenna okuvuma Habbaar wadde okumulumbagana mu ngeri yonna (Waaqidi, ekitabo 2, 857 – 858)

Ye Ikrimah bin Abi Jahal yali mu balabe b'Abasiraamu abasinga obubi n'omutawaana. Naye ku lunaku lw'okununula Makka yadduka. Mukazi we eyayitibwanga Ummu Hakiimu muwala wa Haarith bin Hisham yali mukyala mukalabakalaba. Yasiramuka, oluvannyuma n'asaba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) awe bba ekisonyiwo. Nnabbi yamulagira agende akime bba gye yali addukidde. Omukyala yagenda okunoonya bba. Bwe yamufuna yamugamba:

"Nzize eno ng'anva ew'omuntu asinga okuyunga oluganda era asinga okuyisa obulungi ng'era y'asinga abantu bonna obulungi. Mmusabye akuwe ekisonyiwo n'akkiriza".

Ikrimah kwe kudda n'omukyala Bwe baasemberera Makka Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba Basswahaba be bw'atyi:

"Ikrimah agenda kujja ng'afuuse Mukkiriza era ng'ali mu abo ababa basenguse. N'olw'ekyo temugeza ne muvuma kitaawe kubanga okuvuma omufu kiyisa bubi omulamu ate ng'ebivumo ebyo omufu tebimutuuka".

Bwe yatuuka ku mulyango gwa Omubaka wa Allah, Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yasitukiramu okumwaniriza nga yenna abugaanye essanyu olw'okutuuka kwa Ikrimah. (Haakim, Mustadraku, 3, 269)

Yamugamba nti: "Tukusanyukidde azze yeebagadde, omusenguse".[29] Olwo n'amusonyiwa era teyamujjukiza kintu kyonna ku bisobyo bye yali yakola.

29 Tirmidhi, Isti-idhan, 34/2735.

Ebiseera bingi Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yayogeranga ebigambo bino: "Allah! Nkusaba osonyiwe abantu bange kubanga tebamanyi". (Laba: Bukhari, Anbiyaa-i, 52; Ibn Maajah, Manaasiku, 56; Ahmada, ekitabo 1,441)

Ye Thumaamah bin Uthaali, eyali atwala Yamaamah, bwe yasiramuka yagamba bw'atyi:

"Nkakasa nti: Tewali asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah era nti Muhammadi Mubaka wa Allah. Muhammadi! Ndayira Allah nti ku nsi kuno tekwali kintu kye nnali nsinga kutamwa nga kyenyi kyo ekyo, naye bukedde enkya nga kye kyenyi kye nsinga okwagala okusinga ebyenyi ebirala byonna. Tewali ddiini gye nnali nsinga kukyawa ng'eddiini yo, naye bukeesezza enkya nga y'eddiini gye nsinga okwagala. Ndayira Allah nti tewali kibuga kye nnali nakyawa ng'ekibuga kyo kino. Naye ne bukya enkya nga kye nsinga okwagala okusinga ebibuga ebirala byonna. Njagala ensolo yo entwale nga ngenda okukola Umra (okulambula Makka), olabye otya?"

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yamuwa amawulire ag'essanyu n'amulagira okukola umra. Bwe yatuuka e Makka waliwo eyamugamba nti: "Ofuuse kireebwereebwe (obuze)". Wabula Thumaamah yamuddamu bw'atyi: "Nedda! Naye nasiramuse wamu ne Muhammadi Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), era ndayira Allah nti tewali mpeke ya nngano gye mujja kufuna okuva e Yamaamah okutuusa nga Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) amaze kukkirizza". (Bukhari, Maghazi, 70)

Thumaamah yakutulawo enkolagana ey'eby'obusuubuzi ne Bamushiriku (Bannamakka). Ekyalingawo kye ky'okuba nga Abakulayishi b'e Makka bye baali beetaaga byonna n'ebyali bitambuza obulamu bwabwe bwonna baabijjanga Yamaamah. Enjala yagwa ne bafuna ekyeya kwe kuwanjagira Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) abayambe, abataase bave mu mbeera eyo. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kuwandiikria Thumaamah azzeewo enkolagana y'ebyobusuubuzi n'Abakulayishi.[30] So nga Abakulayishi abo baali beerabidde nti baali bammako Abasiraamu emmere n'eby'okunywa bwe babassaako nnati ne babasibako boyikooti nga babafundizza mu lusenyi lwa Abu Twalib okumala emyaka esatu miramba. Naye Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ebyo yabireka n'abasonyiwa.

Era mu mwaka ogw'omusanvu nga Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) amaze okuwannganguka, nga bamaze okununula Khaibar, Omubaka baamutegeeza ng'abantu b'e Makka bwe baali mu buzibu, enjala, obwetaavu, n'ekyeya. Yabaweereza enngano, zaabu n'ebirala bye yatikka Amru bin Umayyah al-Dhumarri. Abu Sufuyaani byonna n'abitwala n'abigabanyiza mu Bakulayishi abanaku, era ne yeebaza Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) omwoyo ogwo ogw'obwasseruganda nga bw'agamba nti:

30 (Ibn Abdul Barri, Isti-aabu, Cairo, tekuli nnaku za mwezi, ekitabo 2,214-215; Ibnul Athiir, Asadul Ghabah, Cairo, 1970, ekitabo 1, 295)

“Allah asasule mutabani wa muganda wange ebirungi kuba ddala amanyi nnyo okuyunga oluganda” (Ya’quubi, Tarikh, ekitabo 2, 56)

Bwe kityo nga wayise akaseera abantu b’e Makka beesogga Obusiraamu ng’emitima gyabwe gimaze okugonda n’okuweweera mu maaso g’ebirungi ebingi.

Ate e Hudayibiyyah akabinja k’abalwanyi Bamushiriki kaalumba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) nga kamaliridde okumutta, kyokka bonna babakwata, naye Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bonna n’abasonyiwa (Muslim, Jihad, 132, 133).

So nga oluvannyuma lw’okununula Khaibar waliwo omukazi eyateera Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) obutwa mu mmere gye yali agenda okulya. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bwe yasitula ekifi ky’ennyama okukiteeka ku mumwa, teyakirya, n’azzaawo kizze. Oluvannyuma omukazi Omuyawudi baamukwata n’akkiriza nga bwe yali atadde obutwa mu mmere ya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe). Naye Omubaka (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yamusonyiwa kuba yali akkirizza kye yali akoze.

Era awamu n’okuba nga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yakitegeerako ng’ayita mu Bubaka bwe yafuna nti Lubayidi Omuyawudi omunnanfuusi yali agezezzaako okumuloga era ng’ekyo kirina engeri gye kyamukosaamu ne kimuviirako n’obulwadde, ate era nga yamanya omuntu eyamusindika okukola ekintu ng’ekyo. Kyokka Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emi-

rembe) teyajjukira kikolobero ekyo era teyamutta olw'ekikolwa ekyo era talina muntu n'omu gwe yatta mu Bayawudi ba Bani Zurayiq omusajja oyo Lubayidi mwe yali asibuka.[31]

Ensonga y'okusonyiwa aya ya Kulaane eyeekitiibwa egyogerako bw'etyi:

((خُذِ الْعَفْوَ وَأْمُرْ بِالْعُرْفِ وَأَعْرِضْ عَنِ الْجَاهِلِينَ))

(الأعراف، ١٩٩)

Okuvvuunula:

"Laga okusonyiwa. Era lagira okuyisa obulungi. Ove ku basiru" (Aaraaf, 199)

Bo Abasinzi ba Allah era Abamumanyi - abo abaasobola okusemberera Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okwagala era nga baagabana ekitundu mu kusonyiwa kwe – lubeerera beekwatanga ku kkubo ly'okusonyiwa nga basuubria okuyita mu kino bafune okusonyiwa Okwakatonda. Okugeza Mansuur al-Hallaaj, bwe baali bamukuba amayinja yasabanga Allah Oweekitiibwa ng'agamba nti:

"Katonda wange! Nkusaba osonyiwe oyo yenna ankuba amayinja nga tonnansonyiwa."

31 Laba: Ibn Saadi, ekitabo 2/197; Bukhari, Twibb (Obusawo), 47 – 49; Muslim, Salaam, 43; Nisaa-I, Tahriim, 20; Ahmada, 4/367.

**Okufaayo kwa Omubaka** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **okutuukiriza eddembe lya muliraanwa**

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yajjumbiranga nnyo okulaba nga muliraanwa by'ateekwa okukolerwa bituukirizibwa. Eyo y'ensonga lwaki mu hadiisi emu eyeekitiibwa yagamba bw'atyi.

"Jibriilu yabeeranga annaamira ku bikwata ku muliraanwa okutuusa lwe nnalowooza nti yali agenda kumuteeka mu basikira omuntu ng'afudde." (Bukhari, Adab, 28; Muslim, Birr, 140-141)

Mu hadiisi endala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe ) agamba bw'atyi:

"Baliraanwa balimu ebika bisatu: waliwo alina by'abanja eby'emirundi esatu; waliwo abanja eby'emirundi ebiri, waliwo n'abanja eby'omulundi ogumu. Muliraanwa nga Musiraamu ate nga wa luganda (olwokumpi) aba alina ku muntu ebbanja ly'omuliraano, ebbanja ly'Obusiraamu n'ebbanja ly'oluganda. Alina ku muntu by'abanja ebibiri ye muliraanwa Omusiraamu. Ono omuntu amulinako ebbanja ery'omuliraano n'ery'Obusiraamu.

Ye alina ebbanja erimu ye muliraanwa atali Musiraamu. Ono alina ebbanja ery'omuliraano".[32]

Okutyoboola eddembe lya muliraanwa kuzingiramu okulingiza mu ddirisa lye, n'okumunakuwaza ng'omuwunyiriza

32 Bayihaq, Shi-bu, 7/83; Suyuutwi, Jami-u Swaghiru, Egypt, 1321 A.H., 1/146)

akawoowo k'emmere, n'okukola ekintu kyonna ekitamusanyusa.

Eyo y'ensonga eyagambisa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bw'atyi:

"Ow'omukwano asinga obulungi y'oyo asinga obulungi eri mukwano gwe; ate muliraanwa asinga obulungi y'oyo asinga okuba omulungi eri muliraanwa we". (Tirmidhi, Birri, 28)

Mu hadiisi endala, Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) agamba bw'atyi:

"Tayinza kuba mukkiriza oyo asula ng'akkuse naye nga muliraanwa amusula mu mabbali asuze njala". (Haakim, ekitabo 2,15/2166)

Abu Dharri al-Ghafaariyy (Allah amusiime) yagamba nti: Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yamulagiranga bw'aba akoze emmere okwongera mu nva asobole okutoolako agabire baaliraanwa. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba nti:

"Abu Dharri! Bw'oba ofumbye enva teekamu amazzi mangi osobole okuyita muliraanwa wo" (Muslim, Birr, 142)

"Bw'oba okoze enva teekamu amazzi mangi osenereko muliraanwa". (Ibn Maajah, Atw-imah, 58)

Abu Dharri ono yali omu ku Basswahaba abaali basinga obwavu. Kino kitegeeza nti n'omwavu aba talina kya kwekwasa ku bikwata ku ddembe lya muliraanwa.

Abu Hurairah naye yanyumya nti Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) lumu yagamba bw'ati:

“Ndayira Allah! Ndayira Allah! Ndayira Allah, nti tayinza kubeera Mukkiriza”. Basswahaba abeebitiibwa baamubuuza nti: “Omubaka wa Allah! Ani oyo?!” Omubaka, mukama wa bantu bonna, kwe kuddamu nti: “Oyo muliraanwa we atayinza kufuna mirembe olw’okutya ebizikiriza bye”. (Bukhari, Adab, 29; Tirmidhi, Qiyaamah, 60)

Mu njogera ya hadiisi eno endala yagamba bw’atyi: “Taliyingira Jjana oyo muliraanwa we atafuna mirembe olw’okutya ebizikiriza bye” (Muslim, Imaan 73)

### **Engeri Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) **gye yayisangamu abaavu**

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yalumirwanga omwavu, mulekwa, namwandu, n’omupya mu kitundu, ng’ababudaabuda era ng’abakwata ng’ekyatika.[33] Yabeegenderezanga nnyo baleme muli kukosebwa mbeera ya bwavu gye baaberangamu. Abu Said al-Khudhriyy (Allah amusiime) anyumya bw’atyi:

Natuula mu kabinja k’abantu Bamuhaajiruuna (abaava e Makka okunoonya obubudamu e Madiina) abanaku ng’omu ayinza okwekweka mu munne ng’alina ebitundu ebitayambadde. Waaliwo omusomi wa Kulaane atusomera ku Kulaane. Twalabira awo nga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) atutuuseeko n’atuyimiriramu. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bwe yatuuka omusomi n’ayimiriza mu kusoma Kulaane. Omubaka wa Allah

33 Bukhari, Nafaqat; Muslim, Zuhud, 41-42

(Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yatoola Salaamu n’atubuuza: “Mubadde mukola ki?” Twamutegeeza nti: “Mubaka wa Allah! Omusomi waffe abadde atusomera Ekitabo kya Allah nga tuwuliririza”. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) kwe kugamba bw’atyi: “Amatendo ga Allah Oyo mu Kibiina kyange eyateekamu abantu be nnalagirira okugumiikiriza awamu nabo”.[34] Abu Said agamba nti: Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’akkakana ne tutuula ffenna.

Oluvannyuma yalaza tukole embuga bwe tutyi olwo n’alaba ebyenyi byaffe. Abu Said agamba nti: Nnalaba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) nga talina gw’amanyiimu okuggyako nze. Olwo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’agamba bw’atyi:

“Mbawa amawulrie ag’essanyu mmwe abaavu ba Bamuhaajiruuna n’ekitangaala ekijjuvu ku Lunaku lw’enkomerero; mujja kuyingira Ejjana ekitundu ky’olunaku kiramba

---

34 Yali ayogera ku aya ya Allah egamba nti:

((وَاصْبِرْ نَفْسَكَ مَعَ الَّذِينَ يَدْعُونَ رَبَّهُمْ بِالْغَدَاوَةِ وَالْعَشِيِّ يُرِيدُونَ وَجْهَهُ وَلاَ تَعْدُ عَيْنَاكَ عَنْهُمْ تُرِيدُ زِينَةَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَلاَ تُطِعْ مَنْ اَغْفَلْنَا قَلْبَهُ عَنْ ذِكْرِنَا وَاتَّبَعَ هَوَاهُ وَكَانَ اَمْرُهُ فُرُطًا)) (الكهف، ٢٨)

Okuvvuunula: “Beera mugumiikiriza awamu n’abo abasinza Allah waabwe ku nkya n’olweggulo nga baluubirira kudda gy’ali era amaaso go togabaggyako ng’onoonya eby’okwewunda by’obulamu bw’oku nsi. Togonderenga oyo gwe twagayaaza omutima n’atatwogerako wabula n’agoberera omwoyo gwe bye gwagala era ebintu bye ne kubeera kufaafaganirwa. (Kahfu, 28)

ng'abagagga tebannayingira, egyo gy'emyaka nga ebikumi bitaano" (Abu Dauda, ILM, 13/3666)

Lumu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali atudde e Madiina ne wabaawo ekibiina ky'abantu abajja gy'ali nga tebalina kantu mu bigere nga kumpi bali bwereere, nga n'amagumba gayiseemu olw'enjala n'ebuggumu. Ekyenyi kya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kyakyukako olw'ekifaananyi ky'obwavu kye yalaba. Yayingira mu nnyumba oluvannyuma n'afuluma n'alagira Bilaali n'ayaziina era n'akima sswala. Bwe yamala yabuulirira n'akuutira Basswahaba (Allah bonna abasiime) okugaba n'okuyamba abanaku abo. Olwo Basswahaba ne banguwa okubayamba. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) olwalaba ekyo ekyenyi kye kyatangalijja n'addamu okuwulira emirembe" (Muslim, Zakat, 69-70; Ahmada, 4/358-361)

Obulamu bwa Omubaka bwali buzimbiddwa ku mbeera ez'okuwaayo, obwesimbu, amazima, okusaasira, okulumirwa, n'obukwatampola. Mu ngeri eno Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalaamiranga mukama waffe Aisha (Allah amusiime) ng'amugamba bw'atyi:

"Aisha! Tommanga munaku ne waakubadde ng'osobola kumuwa lubajjo lwa ntende. Aisha! Yagalanga abanaku era obasembeze; bw'onookikola Allah ajja kukusembeza kumpi ku Lunaku lw'enkomerero" (Tirmidhi, Zuhdu, 37/2526)

Ye Abbaad bin Shurahabiil anyumya bw'atyi:

“Lumu enjala yannuma ne nyingira mu emu ku nnimiro z’e Madiina ne mpanula ekirimba ky’entende ne ndya ne nzisaako ne mu lugoye. Nnyini nnimiro kwe kungwikiriza n’ankuba n’olugoye lwange n’aluwamba. Nagenda ewa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) ne muloopa. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) kwe kugamba bw’atyi omusajja:

‘Tewamusomesezza we yabeeredde nga tamanyi. Tewamuwadde kyakulya we yabeeredde omuyala’. Yamulagira anzirize olugoye era nampa n’ekisero kiramba eky’emmere oba ekitundu ky’ekisero”. (Abu Dauda, Zuhdu, 93/2623; Nisaa-i, Qudhwat, 21)

Hadiisi eno etulaga nti Obusiraamu busooka kunoonyereza ekivuddeko ensobi n’obumenyi bw’amateeka era ne bagezaako okugolola ensobi n’okutereeza aboonoonyi. Mu ngeri eno ebibonerezo bya Shariya byefaananyirizaako maama oba taata bwe bagezaako okubonereza abaana baabwe. Ekigendererwa mu kubonereza tekibeera kugoba boonoonyi mu bulamu bw’abantu obwabulijjo, wabula omwonoonyi bugenderera kumuzimba buggya asobole okugya obulungi mu bulamu.

### Engeri Omubaka wa Allah gye yayisangamu abawambe n’abakozi b’awaka

Okulumirwa n’okusaasira kwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) kwazingiramu n’abawambe. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yalagiranga abantu bano okubakwata obulungi. Abu Aziiz,

muganda wa Mus-abu bin Umayru, anyumya ekyafaayo kino:

“Nnali omu ku bawambe mu lutalo lw’e Badri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’agamba:

‘Mbalaamira okuyisa abawambe obulungi’

Nze banzisa mu kabiina ka Baansaari. Naye bwe baabaleeteranga ekyenkya n’ekyeggulo nga balya ntende nze ne bampa omugaati basobole okutuukiriza Omubaka kye yabalaamira. Teri mu bo eyagwikirizanga ekitundu ky’omugaati n’atagumpa. Nange kye nnakolanga nga nguddiza agumpadde naye eyagugaananga nga tayinza kugukwatako (Laba: Haythami, 6/86; Ibn Hishami, 2/288)

Wadde nga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) we yatumirwa yasanga obuddu busimbye amakanda, kyokka yafuba nnyo okubumalawo ng’ayita mu mpenda ennyingi ze yatema mu kkubo lino ery’okubulwanyisa. Buli Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) lwe yafunanga akakisa yakakozesanga okuwagira abantu okuta abaddu. Yagambanga nti eky’okuta abaddu yali Ibaada (kitundu mu kusinza) nkulu nnyo. Okuta abaddu kwakwatanga kifo kisooka  mu kusasula engassi (omutango) ey’ettundutundu eddene mu byonoono. So ng’era Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) lubeerera yalaamiranga abantu okuta abaddu ekyatuusa munywanyi we era omuntu gwe yasinganga okwagala era  ng’era y’asinga okumubeera ku lusegere, Abubakari Swiddiq (Allah amusiime) okusaasaanya ettundutundu mu byobugagga bye mu

kkubo ly'okununula n'okuta abaddu, nga kino akikola ku lwa Allah Oweekitiibwa.

Ma'aruur bin Suwaid (Allah amusiime) yagamba bw'atyi: "Nasanga Abu Dharri (Allah amusiime) e Rabadhah nga yeenaanise ekikomo nga n'omuddu we amunaanise ekikomo kwe kumubuuza ekimukozesa kityo. Yannyumiza bw'tyi:

'Lumu navuma omusajja ne mulangira nnyina okubeera omuzaana (omuddu omukazi). Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kunngamba bw'atyi:

'Abu Dharri! Omulangidde nnyina?! Mazima ddala ggwe oli muntu alimu empisa z'ekijaahiliyya (omulembe gw'obutali bugunjufu obwaliwo ng'Obusiraamu tebunnasimba makanda). Baganda bammwe baweereza bamwme Allah be yateeka wansi wammwe. Omuntu alina muganda we ali wansi we, amuliise ku byalya amwambaze mu ngoye z'ayambala. Temubawalirizanga kukola bye batasobola. Era bwe muba nga mubakase okubikola mubayambengako (Bukhari, Imaan, 22; Muslim, Imaan, 38)

Ye omulala yaddira omuddu we n'amuwa omuzaana we amuwase. Kyokka oluvannyuma yayagala okubagattulula. Omuddu kwe kugenda ewa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'amwanjulira ensonga. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba bw'atyi:

'Abange abantu! Omu mu mmwe ayinza atya okufumbiza omuzaana we omuddu we ate oluvannyuma n'ayagala okubagattulula. Omuntu akwata ku ntumbwe (awasa) ye yekka

alina omukisa okugaba talaka' (Ibn Maajah, 21, Talaaq 31; Twabraani, Kabiiru, ekitabo 11, 300)

Okusobola okuyita mu mbeera eno n'ebirala ebigifaanana, Basswahaba (Allah abasiime) baasalangawo okuta abaddu. Era mpolampola obuddu bwasaanawo okutuusa n'olwaleero.

Amakulu nti Obusiraamu bwasumulula ekifundikwa ky'obuddu mu nsingo y'omuntu, obuddu obwo obwali ekimu ku bintu ebyaliwo nga bya ddala mu byafaayo by'obuntu olw'okuba nga kaali kamu ku bulombolombo obufuga entalo.

Bwo Obusiraamu omuntu bwamulagiranga lunye omuddu amuliise ku byalyako era amwambaze nga ye bw'ayambala, era aleme okumutikka by'atasobola. Bwannyonnyola nti okununula abaddu mulimu mulungi era nti, awatali kubuusabuusa, kkubo erituusa Abakkiriza eri okwesiima. Obusiraamu bwateerawo abaddu eddembe eririna okukuumibwa obutiribiri n'okukwatibwa n'obwegendereza, ng'omuntu akisanga nga obutabeera na muddu kukirako okubeera naye (ng'amutadde asinga). Eddembe ly'omuddu lino lyafuulanga omuntu amulina nga naye kyenkana alinga awangaalira mu bufuge ng'omuddu gw'afuga. Era Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yali ataawa yalaama bw'atyi:

"Mwekuume Esswala! Mwekuume Esswala! Mwewale obusungu bwa Allah ku bikwata ku abo emikono gyammwe egyaddyo be gifuga (abaddu)". (Abu Dauda, Adab, 123-124/5256; Ibn Maajah, Waswaya, 1)

Ebigambo ebyo biri mu bintu ebisinga okugenda ewala mu bintu Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bye yalaamira abantu b'Ekibiina kye.

Kino kitegeeza nti Omubaka wa Allah yaggalawo emiryango gyonna egyali gisobozesa omuntu okufuna omuddu ate n'aggulawo emiryango eginunula abaddu okutuusa okubumalawo. Yawagira era n'akuutira abantu okumalawo obuddu. Buli lwe yafunanga akakisa ng'awagira era n'akuutira abantu okununula abaddu n'abazaana. Olaba waliwo ekkubo erisingako ku eryo mu kulwana okusaanyaawo obuddu?!

Enyimirira y'Obusiraamu eyannamaddala etumala okutunyonnyola eddaala n'ekifo mwe bwateeka abaddu:

Nga bwe kimanyiddwa mukama waffe Bilaali Omuhabasha (Ethiopia) (Allah amusiime) yali muddu nga tanneesogga Busiraamu naye bwe yayingra Obusiraamu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yamufuula akulira abaaziinyi era Seeka waabwe. N'ekisinga okulaga ekyo kwe kuba nga n'olwaleero ku bisenge by'ebifo by'abaaziinyi tulabako ebigambo ebiwandiikiddwaako nti “Bilaali Omuhabasha!”

Omulundi omulala Zaid bin Haaritha yali muddu, mukyala Khadiija (Allah amusiime) gwe yagabira Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'amuta, ne bukya enkya nga Swahaba oyo gwe tukubirako ekifaananyi ng'akabonero ak'omuntu eyayagala ennyo Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ate era mutabani we Usaamah bin Zaid, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yamufuula omuduumizi w'eggye ly'Abasiraamu wadde nga yali akyali muvubuka.

Ne Twariq bin Ziyad, eyanunula Andaluusiya (Spain), naye yasooka kubeera muddu gwe bateekako enjegere mu bulago nga bamugula ne bamutunda. Naye mu Busiraamu eddaala ly'omuddu oyo lyalinya ne lituuka mu kifo ekigya mu kitibwa kye ekyobwebange n'essa lye, era n'akeesa enkya nga ye muduumizi w'eggye ly'Abasiraamu.

Mu bufunze, Obusiraamu bw'alinnyisa omuddu nafuna ekifo ky'omuntu oweekitiibwa ekyabeerangamu mukama we era eyo y'ensonga enkulu eyaviirako Abakulayishi okulwanyisa Obusiraamu. We twogerera abawakanya Obusiraamu tebagezaako kukola kintu kye kimu? Abanyuunyusi mu nsi ya kaakano tebadda ku bantu abaanabaaboobwe abangi ne babafuula abaddu? Tebanyaga bantu abatalina musango n'abanafu ne babaggyako eddembe lyabwe eryobwebange nga bayita mu kye bayita okwenunula basobole okuganyulwa mu busobozi bwabwe? Abaffe enkola ey'obuddu obw'omulembe guno obutaliimu kasaasira konna gye tuwagaaliramu olwaleero erina weeyawukanira n'obulyazaamaanyi obumanyiddwa obwakolebwa mu byafaayo by'obuntu, wadde nga ku luno bakozesa amannya agavuga obulungi mu matu, agasikiriza era aganyuma okuwulira?

N'olw'ekyo Obusiraamu obwasobola okumalawo obuddu eggulo nga buyita mu misingi gyabwo n'enzikiriza ebyawaggulu era ne busitula eddaala ly'omuntu, ekigero kye n'obulungi bwe, n'olwaleero busobolera ddala bulungi okuleeta ebikolo by'eddagala ebisobola okuvumula obuntu.

Singa obuntu bukola ekitali ekyo bwandyesanga nga busanyeewo era nga bubulidde mu njala za kye bayita okwagala emigaso.

Tewali ngeri gy'oyinza kugeraageranya ebikolobero ebyakolebwa enkola y'abafuzi b'amatwale abaanyuunyutanga emisaayi gy'abanafu ne babafuula abaddu, n'ebikolo, n'emisingi gy'Obusiraamu egiri waggulu era egy'olubererera, egyo egyayitira ku lulimi lwa Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yagamba nti:

"Omuntu, muganda we bw'aba ng'ali wansi w'emikono gye (nga y'amufuga) amuliise ku mmere gy'alyako era amwambaze engoye nga z'ayambala. (Bukhari, Imaan, 22; Muslim, Imaan, 36-38)

Ebyo bye bigambo Obusiraamu bye bwakozesa okulinnyisa eddaala ly'omuntu n'ekifo kye nga tebufudde ku y'ani, ava wa era kiseera ki!

Ekituufu kiri nti ekkubo lyokka erimu erisobola okuwonya obuntu olwaleero lye kkubo lyennyini eryataasa omuntu mu bisera eby'edda era nga kwe kugoberera okulunngamya kwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumulemerako. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yateekawo ebipimo ebitegeke obulungi okupimirwa enkolagana y'abantu, n'awa omuntu ekitiibwa kye, n'atasosola muntu yenna k'abeere mwavu oba mugagga, mukulembeze oba muntu wa bulijjo, mukozesa oba bamukozesa. N'olumu omu ku Basswahaba abeebitiibwa bwe yajja okumubuuza emirundi omuntu gye yandisaanye okusonyiwa

omukozi mu lunaku olumu, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yamuddamu nti

"Mumusonyiwe buli lunaku emirundi nsanvu: (Abu Dauda, Adab, 123-124/5164; Tirmidhi, Birri 31/1949)

Okusaasira kwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwabeeranga ng'ennyanja etalina lubalama. Obuntubulamu bwe n'okubudaabuda bye yalina eri emitima gy'abantu byali tebirina kibyenkana. N'ekiraga ekyo kye kigambo kye yagamba nti:

"Omukozi bw'aleeteranga omu ku mmwe emmere, bw'abanga tamutuuzizza w'ali (nga tatudde naye ku lujjuliro lumu) amuliise ennoga emu oba bbiri oba ekitole kimu oba bibiri, kubanga ye ye yagumidde omuliro era nga ye yateeseteese emmere. (Bauhari, Atw-imah, 55; Tirmidhi, Atw-imah, 44)

Singa kwe kwali okwagala kwe, Allah Oweekitiibwa omukozi gwe yandifudde omukozesa ate amukozesa n'amufuula omukozi. Olw'ensonga eyo twandibadde tuteekeddwa okwebaza Allah Oweekitiibwa ne tumutendereza nga bwe kyetaagisa, n'abatuli wansi nga tubalabirira ne tubayisa bulungi.

### **Engeri Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **gye yayisangamu abakyala**

Omukazi, mu biseera ebya Jaahiliyya, yayisibwanga mu ngeri etyoboola ekitiibwa kye ng'omukazi era ng'omukyala. Abantu b'ebiseera ebyo baazikanga abaana baabwe abawala mu ttaka nga balamu awatali kusaasira nga batya mbu

bajja kubaswaza. Emitima gyabwe egyakakanyala ng'ejjinja gyakolanga ebikolobero ebyo ebyekivve basobole okwekuuma obutatuukibwako mutawaana ekintu kye baafumiitirizanga obufumiitiriza. Allah Oweekitiibwa atukubira ekifaananyi mu Kulaane eyeekitibwa n'agamba nti:

((وَاِذَا بُشِّرَ اَحَدُهُمْ بِالأُنْثَى ظَلَّ وَجْهُهُ مُسْوَدًّا وَهُوَ كَظِيمٌ)) (النحل، ٥٨)

Okuvvuunula:

"Omu mwabo bwe bamuwa amawulire ag'okufuna omwana omuwala ekyenyi kifuma yenna n'ajjula ennaku (ey'omu mutima)". (Nahli, 58)

Abantu mu biseera bya Jaahiliyyah, abakyala n'abawala baababayisanga mu ngeri ebakkakkanya. Baababakozesanga ng'ekyokwesanyusa mu ngeri eweebula ekitiibwa kyabwe okutuusa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) lwe yajja n'ateekawo omusingi gw'eddembe ly'abakyala, omukazi n'afuuka nga ke kabonero ak'ensa n'empisa ezisembayo obulungi mu bantu. Obwamaana ne kafuuka nga ke kabonero ak'ekitiibwa eri omukazi, omukazi n'atuuka ku ddaala n'ekigero ebimusaanira ku lw'okulumirwa okwa Muhammadi okuli mu hadiisi eyeekitiibwa egamba nti:

"Ejjana eri wansi wa bigere bya bamaama".[35]

35 Nisaa-i, Jihad, 62; Ahmada, ekitabo 3, 429; Suyuutwi, ekitabo 1, 125)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yayolesa ekifaananyi ekirungi ekiraga okulumiwa n'obukwatampola eri abakyala. Lumu omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali mu lugendo ng'ali n'omuvubuka gwe baayitanga An'jasha. An'jasha ono yatambuzanga enngamiya ng'aziyimbira ne zanguwa nnyo olw'eddoboozi lye eddungi.[36] Kyokka Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatiisa abakyala emisinde olw'emibiri gyabwe eminafu kye yava agamba omuddu ono:

"Mpolampola An'jasha. Ennyimba zireke". (Bukhari, Adab, 95; Ahmada ekitabo 3, 117)

Mu hadiisi endala, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagamba bw'atyi:

"Allah! Mpisibwa bubi ng'eddembe ly'abanafu ababiri lirinyiriddwa: mulekwa n'omukazi" (Ibn Maajah, Adab, 6)

Era agamba bw'atyi mu hadiisi ye eyeekitibwa endala.

"Omukkiriza omusajja takyawanga Omukkiriza omukazi bw'amutamwamu empisa emu amusiimemu empisa endala" (Muslim, Ridwa-i, 18)

Kubanga omukazi mu butuufu si nsiko ya maggwa olwo alyoke asaanire obulabe n'obukyayi; omukazi nnimiro esaana okuganza n'okwagala. Okumwagala kirabo okuva ewa Allah Oweekitiibwa. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ayogera bw'atyi mu hadiisi eyeekitiibwa:

36 Enngamiya zaayagalanga nnyo eddoboozi eddungi n'okukooloobya okulungi. Era atambuza enngamiya yaziyimbiranga eddoboozi eddungi zisobole okwanguwa.

“Mu nsi nnayagazibwa abakyala n’ebiwunya obulungi era okutebenkera kwange ne kuteekebwa mu sswala”. (Nisaa-i, Ishratu Nisaa-i, 10; Ahmada ekitabo 3, 128, 199)

Tekisaanira okwagala kuno okukupima n’obutali bwegendereza. Omukazi kye kifo omugenda ettondo eryo erifuuka omusigire wa Allah mu nsi muno.[37]

Tuteekwa okumanya nti okwagala okwo Allah yakuteeka mu bubumbwa, obububumbwa obwo n’abuteeeka mu kifo n’eddaala eryategekerwa okwagala okwo okwawaggulu. N’olw’ensonga eyo okwagala kwa Omubaka wa Allah (Allah

37 Tetusobola kulaba kukyama oba buluvu mu kintu kyonna mu mbeera za Omubaka wa Allah Owekitiibwa. Ekisooka Nnabbi teyawasaako muwala muto mu buvubuka bwe. Mukyala we eyasooka yali nnamwandu ng’alina emyaka amakumi ana, era Mukyala Khadiija (Allah amusiime) teyamuwasizaako mukazi mulala yenna nga mulamu. Yawangaala n’omukazi oyo omu emyaka gye egisinga okubeera egy’omuwendo. Khadiija we yafiira Omubaka wa Alalh yali atandise okukaddiwa. Abakyala bonna be yawasa oluvannyuma yabawasa amaze okuweza emyaka amakumi ataano mwena. So ng’ate tekwali kwesiimira wabula, ng’oggyeko Allah ebintu by’amanyi ebingi, byabanga biragiro okuva ewa Allah ebyagendeera okusomesa abakyala abo eddiini. Ebiseera ebisinga abakazi omubaka be yawasa babeeranga bakaddiye era nga tebalina mwasirizi, nga balina n’abaana. Kye tufuna kwe kuba ng’okulunngamya mukama waffe Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) okusobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa obw’obwannabi obungi, n’obuvunanyizibwa obw’obufumbo ku myaka egyo emikulu kikulaga n’obweyolefu nti embeera ezo zaali zajjula era ne zituukirira na kulondebwa kwa Allah ng’ekyazigendererwamu ekikulu kwe kutuusa Obusiraamu n’eddembe n’obwangu eri ebibinja by’abantu ebingi. Okumanya ebisingawo soma ekitabo kya Osman Nuri Topbas, mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) Omulondemu (ekitabo 1, 130-140)

amusaasire amuwe n'emirembe) eri abakyala tekwali kintu ekimussa wansi, wabula ate kyali kyennyume ky'ekyo. Omubaka yawa abakyala eddaala eryawaggulu eribagwanira. Omukyala, mu byafaayo by'obuntu ekifo ekyo yakifuna wansi w'ekisiikirize ky'Obusiraamu, eddiini ekkiririza mu bwannamunigina bwa Allah. Ekituufu kiri nti,  enkola zonna ezeeyogerako ng'ezaawa omukazi ekitiibwa – ng'oggyeeko Obusiraamu - omukazi zaamuwa ekifo ng'ekintu eky'okwewunda kyokka. Ekitali ekyo - era ng'abantu abeerimbika mu nkola ezo kye bakolera ddala -  omukazi baamukozesenga ng'ekyamaguzi eky'obusuubuzi era eky'okweyagala eky'okumalirako ennyonta y'obwagazi.

Nga bugoberera ekifaananyi ekyo, obuntu obw'oku mulembe gwaffe guno buteekeddwa okuddamu okutunuulira omukazi mu ngeri entuufu, era ekyo kituukirizibwe bupya nga bukozesa endowooza ey'ekisiraamu eyaawaggulu erimu emikisa. Omukazi n'omusajja okuviira ddala ku ntandikwa y'okutonda bombi bawangaalira mu nsi bbiri engazi nga buli omu ajjuuliriza munne. Naye mu kujjuuliriza kuno, Allah Oweekitiibwa yawa omukazi eddimo erisinga obunene erikwata ku bulamu bw'abantu. Kino kiri bwe kityo kubanga omukazi y'asobola okwonoona ebibiina by'abantu oba okubizimba. N'ekyomuwendo ekyo, omukazi abeera n'ekifaananyi ekisinga obunene n'okubeeera ekyawaggulu mu ndaba y'Obusiraamu nga n'omulimu gwabwo (Obusiraamu) gwe gw'okuteekateeka omukazi oyo alongoosa embeera z'abantu. Ensonga eyo hadiisi eyeekitiiwba egyogerako bw'etyi:

"Oyo yenna abeera n'abaana aboobuwala abasatu oba bannyina abasatu, oba abawala ababiri oba bannyina ababiri,

n'awangaala nabo bulungi, ne yeewala obusungu bwa Allah mubo oyo waakusasulwa Jjana. (Tirmidhi, Baabu Swilat, 13/2040; Abu Dauda, Adab, 131/5147; Ahmada, ekitabo 3, 97)

Awalala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), mu hadiisi eyeekitiibwa, agamba nti:

"Omuntu ayola abawala ababiri abato okutuusa lwe bakula ajja kujja ku Lunaku lw'enkomerero nga nze naye tuli bwe tutyi (awo n'awumba engalo ze)". (Muslim, Birr, 149; Tirmidhi, Birr, 13/2038)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yamala n'akkaatiriza ekifo ky'omukazi omulongoofu n'agamba bw'atyi:

"Ensi byakweyagala naye ekintu ekisinga mu by'okweyagala by'omu nsi ye mukazi omulongoofu". (Muslim, Ridwa-i, 64; Nisaai, Nikaah, 15, Ibn Maajah, Nikaah, 5)

N'okutwalira awamu, buli mabega wa munene waliyo omukyala omulongoofu, okugeza mukama waffe Khadiija (Allah amusiime) mukyala wa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ye mukyala asinga ekitiibwa era nga ye yasookera ddala okumuyamba ng'atandika okukola Da-awa (okusikiriza abantu okuyingira Obusiraamu). Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyeerabira Khadiija obuwangaazi bwe bwonna. Ne mukama waffe Fatumah al-Zaharaa (Allah amusiime) alina ekyamaanyi kye yakola mu buwanguzi bwa mukama waffe Ali (Allah amusiime).

Kye tuggyamu kwe kuba ng'omukazi omulongoofu kye kyengera ky'omu nsi ekisingira ddala obunene. Eyo y'ensonga lwaki Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu hadiisi ye eyeekitiibwa yassaamu akakwakkulizo ke tuyinza okulabirako omuddu omulongoofu nga n'akakwakkulizo ako kwe kuyisa abakyala obulungi. Yagamba bw'atyi:

"Omukkiriza alyamu banne akendo mu bujjuvu bwa Imaan y'oyo abasinga empisa; ate ababasinga obulungi beebo ababasinga obulungi eri bakyala baabwe" (Tirmidhi, Ridhwa-I, 11/1162, 1195)

Mu ngeri eyo kuba kwezza nnyo mabega na kwekkakkanya nnyo okukeera enkya ng'omukazi kintu kya kuliisa maaso, era n'okumutunuulira ng'ekyokufuna era ekyokwemalirako ennyonta y'omukwano. Obutawa mukazi kitiibwa kuba kuziba maaso eri ebintu ebmweyawulidde eby'ekika ekyawaggulu byonna Allah bye yamuwa ng'omukazi. Kubanga olwaleero omukazi, mu nsi y'okunyuunyuuta, bamulaba nga eky'okukozesa mu kulanga ebyamaguzi ng'ali bukunya. Kiki ekisinga okukkakkanya ekitiibwa ky'omukazi n'okumuwewula ng'okumuteeka mu kifo ekimussa mu ddaala erisinga okubeera eryawansi! Ekifo ekyo kikkakkanya ekitiibwa ky'abakyala era nga ly'eddaala ly'okunyomoola erisembayo.

Omukazi ateekeddwa okulabirirwa nga yinginiya era omutandisi owannamaddala ow'ekibiina ky'abantu, n'okubeera nga kirerero ekyava mu ggulu ekirabirira abanunuzi kubanga omukazi tebaamutondera kifo kirala ekimusaanira - ekisaanira okussibwamu ekitiibwa n'okwagala okwanamaddala – ekisinga okubeera maama.

Maama owannamaddala oyo eyatwetikka mu lubuto lwe ebbanga eriwera, oluvannyuma n'atusitula mu mikono n'atuteeka ne mu mutima okutuusa  okuva mu nsi. N'ayimirira yekka, obulamu bwe bwonna n'abugabira awaka; olw'ensonga eyo, omukazi oyo asaanira okwagalibwa okuwanvu n'okuweebwa ekitiibwa eky'amaanyi n'okwebazibwa obulamu bwonna.

Bwe tudda ku lusu olulungi olwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), olusu lwe oluwunya obulungi, n'obugonvu, n'obukwatampola ebyaweebwa omwoyo gwe bye byamuviirako okwagalibwa. Olusu olulungi kaabeeranga kawoowo kalungi Bamalayika ke baayagalanga era kaali kabonero akalaga obuyonjo, kubanga omuntu avaamu olusu olulungi era abeera muyonjo. Okugeza omubiri gwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekiseera kyonna gwabeeranga guwunya kalifuuwa, nga n'akawoowo kawunya mu ntuuyo ezaatonnyanga okuva ku mubiri gwe. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yasiimulanga mu mutwe gw'omwana omuto ng'akawoowo ka misiki kajja kumubeerako okumalira ddala akaseera.

Ku nsonga eyo al-A'amash ng'abijja ku Bulayimu yagamba nti: "Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yamanyikanga ekiro olw'akawoowo ke akawunya obulungi". (Daarimi, Muqaddimah, 10)

Bwe tudda ku mutima gw'esswala tusanga ng'okutebenkera kwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwateekebwa mu sswala. Kino kiri kityo kuba esswala y'etuyunga

era nga y'esisinkanya omuntu ne Omutonzi Oweekitiibwa. Olw'ensonga eyo, esswala eteekeddwa okusaalibwa mu ngeri nti Ibaada esobozesa omuddu okutuukirira Omutonzi we ne kiba ng'omusaaze alinga alaba Allah Oweekitiibwa kubanga bw'aba tamulaba ye, Allah, amulaba. Olw'ensonga eyo sswala bwe butebenkevu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

**Engeri Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **gye yayisangamu ba mulekwa**

Allah oweekitiibwa yatuma omwagalwa we Muhammad (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eri ensi nga mulekwa, omuntu okubeera mulekwa kifunyise ekifo ekyenjawulo. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalinga alumirwa ba mulekwa, ng'ababudaabuda n'okubalabirira n'obukwatampola obw'ekika ekyawaggulu. Mu Kulaane eyeekitiibwa aya nnyingi ezikwata ku kwegendereza eddembe lya bamulekwa. Allah Oweekitibwa mu Kitabo kye ekyekitiibwa alagirira abantu bye bateekwa okukolera bamulekwa n'agamba nti:

((فَأَمَّا الْيَتِيمَ فَلاَ تَقْهَرْ)) (الضحى، ٩)

Okuvvuunula:

"Mulekwa tomutuntuzanga". (Dhuha, 9)

Ye Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu hadiisi eyeekitiibwa agamba nti:

"Ennyumba esinga obulungi mu nnyumba z'Abasiraamu ye nnyumba omuli mulekwa gwe bayisa obulungi. Ate

ennyumba y'Abasiraamu esinga obubi y'ennyumba omuli mulekwa gwe bayisa obubi" (Ibn Maajah, Adab, 6)

Mu hadiisi endala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) agamba:

"Omuntu, mu Busiraamu, atwala mulekwa n'amugabula emmere n'eby'okunywa, awatali kubuuabuusa, Allah ajja kumuyingiza Ejjana okuggyako ng'akoze ezzambi eritasonyiyika". (Tirmidhi, Birri 14/1917)

Mu hadiisi endala Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagamba nti omuntu asiimuula mu mutwe gwa mulekwa, nga kino takikola okuggyako lwa Allah, buli luviiri omukono gwe kwe guyita afuna ebirungi. Ate oyo ayisa obulungi mulekwa ali ewuwe (omuwala oba omulenzi) nze naye tujja kuba bwe tuti mu Jjana" n'ayawula wakati w'olunwe ne kyawakati. (Ahmada, ekitabo 5/250)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalaamiranga abantu ab'emitima emisaasizi mu bibiina bya bantu, nga talekera awo era ng'akola n'amaanyi mangi, batuukirize emirimo gyabwe egikwata ku bantu egiteekeddwa okukolebwa ku bamulekwa n'agamba nti:

'Nze n'omuntu ayola mulekwa tujja kubeera bwe tuti mu Jjana'. Olwo n'alaza n'engalo ze olunwe ne kyawakati". (Bukhari, Adab, 24)

Waliwo Swahaba eyali yeemulugunyiza Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga ye (Swahaba) bwe yalina omutima omukalubu, Omubaka kwe kumulaamira bw'atyi:

“Bw’oba oyagadde okufuula omutima gwo omugonvu, liisa omunaku, osiimuule mu mutwe gwa mulekwa (Ahmada, ekitabo 2, 263, 387)

Omulundi omulala Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yatuuka ku ntikko y’okulumirwa n’okusaasira bwe yagamba nti:

“Nze nsinga okubeera Omukkiriza okumpi n’okumusinga. Omuntu aleka ebyobugagga ebyo bya bantu be, naye aleka ebbanja oba ekintu ekibuze ebyo bidda wange era nze mbirinako obuvanaanyizibwa” (Muslim, Jum’ah, 43; Ibn Maajah, Muqaddimah, 7)

### **Engeri Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) **gye yayisangamu ebisolo**

Enneeyisa ya Nnabbi oweekisa (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yazimbirwanga ku kusaasira n’omukwano. Ebitonde byonna yabisemberera na kulumirwa n’aggyawo obwetaavu bwa buli abulina. Ebiramu nabyo byafuna omugabo gwabyo mu nnyanja y’okusaasira okugazi okwo. Okugeza abantu mu biseera eby’ekijaahiliyya baali beeyisa mu ngeri eteriimu kusaasira era eteriimu bwenkanya eri ebiramu n’ebisolo. Mu butasaasira buno baayinzanga ensolo okugiryebulako ekiyungula ky’ennyama nga nnamu etambula ne bakirya. Bateekangawo okuvuganya wakati w’ensolo mwe zaalwaniranga. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) kwe kuziyiza ebifaananyi bino byonna ebikontana n’emitima egy’ekintukiramu n’obubumbwa bw’omuntu obutuufu.

Abu Waqidi al-Laythi anyumya bw'atyi:

"Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatuuka e Madiina ng'abantu baayo basalako amabango g'enngamiya nga bakutulako ebikira by'endiga (babirye) Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ebyo n'abibagaana n'agamba nti:

"Ekyo kyonna kye baba bakutudde ku nsolo nga nnamu kibalibwa ng'ekifudde kyokka: (Tirmidhi, Swaydu, 12/1480; Ahmada 5, 218)

Jabir ye anyumya nti Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalaba endogoyi nga bagirambye mu maaso kwe kugamba bw'atyi:

"Saabagaana okukola ekyo? Allah akolimire omuntu aba akikoze". Era yagaana okukuba mu kyenyi (Abu Ya'ala, Musnadu, 4, 76). Ye Abdu Rahmaani bin Abdallah yanyumya nga by'anyumya ebijja ku kitaawe eyagamba bw'atyi: "Twali mu lugendo ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'akyamako okumala ekyetaago ne tulaba akanyonyi nga kalina obwana obuto bubiri ne tubukajjako. Akanyonyi ne katandika okukubaganya ebiwawaatiro. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yatuuka nabuuza

'Ani atwalidde akanyonyi kano obwana bwako n'akatawaanya? Mukaddize abaana baako'. Ate n'alaba ekituli ky'ensanafu nga tukyokezza n'agamba nti" Ani ayokezza ebiyumba by'ensanafu bino?' Twaddamu nti: 'Ffe'! Omubaka kwe kugamba nti: 'Allah nannyini Muliro ye yekka asaana

okubonereza n'omuliro". (Abu Dauda, Jihad, 112/2675; Adab, 163-164/5268)

Ululala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yava e Madiina ng'ali mu mbeera eya Ihram, ng'agenda Makka ekibuga eky'ekitiibwa. Bw'atuuka ku kifo ekiyitibwa Uthaaya yalaba entulege ng'egalamidde yeebase wansi mu kittuluze ky'omuti. Omubaka wa Allah, akulira ebitonde, (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kulagira omu ku Basswahaba okuyimirira okumpi nayo waleme kubaawo muntu yenna agitawaanya ng'agiyitako". (Muwatta-a, Haaji, 79; Nisaa-i, Haaji, 78)

Ululala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali ayolekedde e Makka okuginunula ng'akulembedde eggye eriweza abalwanyi omutwalo mulamba. Baba bali wakati wa Araji ne Twalbi kwe kulaba embwa ng'ekunngaanyiza obwana bwayo ebuyonsa, Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kulagira omu ku basajja be eyayitibwanga Ju-ailu bin Suraaqat okuyimiria okumpi n'embwa eno waleme kubaawo mujaasi yenna agitawaaanya oba atawaanya obwana bwayo (Waaqidi, ekitabo 2, 804)

Ate olunaku lumu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yayita ku nngamiya ng'olubuto lugudde ku mugongo kwe kugamba bw'atyi:

"Mwewale obusungu bwa Allah mu nsolo zino ezitasobola kwogera. Muzeebagalenga nga ziri mu mbeera nnungi, era muzirye nga ziri mu mbeera nnungi". (Abu Dauda, Jihad, 44/2548)

Abdallah bin Ja'far ye yanyumya bw'atyi: Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) olunaku lumu namuvaako emabega ku nsolo n'annyumiza emboozi naye n'agamba ngikuume ng'ekyama sigibuulirako muntu yenna. Bwe yayagalanga okukyamako ebweru nga yeesiikiriza n'ekikuta ky'omuti omutende. Yayingira mu nnimiro emu n'asangamu enngamiya eyattulukusa amaziga ng'emulabye. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagenda we yali n'asiimula emabega w'okutu kwayo, enngamiya n'erekera awo okuttulukusa amaziga. Nnabbi kwe kubuuza bw'atyi: "Ani nannyini nngamiya eno? Ani nnanyini nngamiya eno" Omuvubuka Munnamadiina Omu-Ansaari kwe kuvaayo n'agamba nti: "Yange, Mubaka wa Allah". Omubaka kwe kugamba nti:

"Totya busungu bwa Allah mu kisolo kino kye yakusobozesa okufuga?! Kindoopedde engeri gy'okirumyamu enjala n'engeri gy'okitikkamu". (Abu Dauda, Jihad, 44/2549)

Olulala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'ali mu lugendo yayita ku bantu nga bayimiridde waggulu ku nsolo zaabwe banyumya n'abagamba bw'atyi:

"Muzeebagalenga nga nnamu era muziveeko nga nnamu. Temuzifuula ntebe ze mutuulako kwe munyumiza emboozi zammwe mu makubo ne mu butale. Oboolyawo ng'ensolo emu esinga nnyini yo, era nga yeesinga okutendereza Allah Oweekitiibwa okusinga nnyiniyo". (Ahmada, ekitabo 3, 439)

Olulala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagwikiriza omusajja ng'agenda kusala mbuzi

ng'agyebasizza. Bwe yamala okugyebasa olwo n'atandika okuwagala ekiso. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kumuwabula ku neeyisa eno eteriimu busaasizi nga bw'amugamba nti: "Ensolo eno oyagala kugitta emirundi mingi? Singa wawagadde ekiso kyo nga tonnaba kugigalamiza?!" (Haakim 4, 257, 260)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) atunnyonnyola ekifo ky'abantu abalina okusasira n'abatalina n'agamba nti

"Omusajja omu yali atambula enkalamata n'emuyitirirako n'akka mu luzzi n'anywa n'avaamu. Kwe kulaba embwa ng'esowose olulimi ng'erya ettaka olw'ennyonta. Muli omusajja kwe kugamba nti embwa eno erabika efunye ekizibu ky'ennyonta kye kimu ng'ekimbaddeko". Yateeka amazzi mu ngatto n'ayasamya embwa n'aginywesa oluvannyuma Allah n'amusiima n'amusonyiwa amazambi ge". Abaaliwo kwe kubuuza Nnabbi: "Omubaka wa Allah! Ne mu bisolo tulinamu empera?" Omubaka kwe kugamba nti:

"Mu buli kirina ekibumba ekibisi mulinamu empeera" (Bukhari, Musaaqaat, 10)

Mu hadiisi endala:

"Omukazi yabonyaabonyezebwa nga kino kiva ku kkapa gye yasiba n'efa era eyo n'emufuukira ensonga eyamuyingiza Omuliro. Teyagiwa mmere wadde amazzi ng'agisibye; so ng'ate era teyagireka erye mu bisubi by'omu nsi muno: (Bukhari, Anbiyaa-I, 54; Muslim, Salaam, 151, 145, Birr, 133; Nisaa-I, Kusuufu, 14)

N'ebipimo ebyo, Omubaka wa Buwalabu n'obuntu bwonna, Muhammadi bin Abdallah, okusaasira n'emirembe ebisinga obulungi bibeere ku ye, yakyusa abantu abaali bawangaalira mu biseera by'ekijinga, n'abafuula ekibiina ky'abantu ekisinga obulungi, era n'omulembe n'agufuula omulembe ogusinga emirembe emirala obulungi,okutuusa abantu abaali baziika abaana baabwe aboobuwala nga balamu ne bakeesa enkya nga be bajjudde okusaasira okwasaasaanira n'ebisolo.

Ekyo kyali bwe kityo kubanga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), eky'okugoberera ekirungi eri abantu, yali yeegendereza nnyo obutatyoboola ddembe lya kintu kyonna nga mw'otalidde n'akanyonyi akatono. Basswahaba yabalunga n'ekisa ky'otayinza kutenda, okutuusa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yalagiranga ayagala okutta ssigga oba omusota akikubenga akitte n'olukuba lumu, alemenga kubibonyabonya. Ekyo akyogerako bw'atyi mu hadiisi eyeekitiibwa:

"Omuntu atta omusota mu lukuba olusooka afuna ebirungi bwe biti ne bwe biti; agukuba n'agutta mu lukuba olwokubiri afuna ebirungi bwe biti ne bwe biti nga bitonoko okusinga by'afuna ng'agusse mu lukuba olusooka; so ng'ate agukuba n'agutta mu lukuba olwokusatu oyo afuna ebirungi bwe biti ne bwe biti nabyo nga bitonoko okusinga by'afuna ng'agusse mu nkuba ebbiri ezisooka (Muslim, Salaamu, 147; Abu Dauda, Adabu, 162-163/5263)

Kino kitegeeza nti Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali alaamira abantu okukwata empola n'okusaasira okutuusa n'ebiramu ebyomutawaana ennyo eri

omuntu ebiteekeddwa okuttibwa ng'omusota ne ssigga. Ekyo tekimala bumazi ng'akabonero akalaga okulumirwa, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe yalina mu kifuba kye eky'ekitiibwa omuntu owaabulijjo kw'atasbola kutuukako?!

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali talina lw'ayagala kumuwaana. Kino yakikolanga okutuukiriza okukola obuddu eri Allah wamu n'empisa ezo waggulu ze yalina. Yayogeranga ku byengera Allah bye yamuwa nga bw'agamba mu buwombeefu obw'ekika ekyawaggulu nti "Si kwewaana". (Tirmidhi, Manaaqib, 1; Ibn Maajah, Zuhud, 237; Ahmada ekitabo, 1, 5, 281)

Olw'okuba ng'ensibuko y'okwematira kwe kusuuta omuntu n'okumutendereza, ate ng'eyo y'ensonga ereetera abantu okufuuka bannakyemalira, ate awamu ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okubeera nga yali nga y'asinga ebitonde ekitiibwa era awamu n'okuba nga Allah Oweekitiibwa yamutenda, wabula ye Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagambanga bw'atyi:

"Temunsuutanga nga abagoberezi ba Kristo bwe baakola mutabani wa Mariamu. Nze ndi muddu wa Allah. Mugambe nti: "Muddu wa Allah era Mubaka we". (Bukhari, Anbiyaa-i, 48; Ahmda, ekitabo 1, 23)

Ekiriwo kiri nti ekitendo ky'obuddu kisangibwa mu buli muntu; omuntu ayinza okusalawo okubeera omuddu w'ebintu by'afunamu emigaso ne bye yeetaaga, oba okusalawo okubeera omuddu eri Mukama we. Omuntu asalawo okubeera omuddu wa Katonda we abeera akuumibwa n'atabeera muddu

wa byetaago bye, n'ebintu by'afunamu emigaso egy'omwoyo n'omubiri era ekyo n'akiwona.

Mukama waffe Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyalagako bukendeevu bwonna, kulemererwa oba obutasobola kupima mu butuufu emisingi gye yateekawo mu njuyi zonna ez'obulamu ezenjawulo. Mu ngeri eyo, tetuyinza kufuna mu byafaayo muntu mulala ayinza okuba ng'ekyokulabirako asemberera obuntu bwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Mu bibiina by'abantu tusobola okusangamu abazira abalina ebitone ebyawaggulu n'obukugu obwenjawulo mu bintu ebimu oba ebirala mu bulamu. Naye Omubaka wa Allah yali kyakulabriako ekyenjawulo era nga yasobola okukunngaanya mu buntu bwe entikko ya buli kintu.

Okutwalira awamu, Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali obuntu obwokulabirako obwenjawulo mu ddaala erisingayo okubeera waggulu mu madaala obuntu ge bwali bulabye okutuukira ddala olwaleero mu mpuuyi zonna ezenjawulo.

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagabira obuntu bwonna ettundutundu mu bulungi n'engeri endala awatali muntu yali abisemberedde mu bintu by'okusinza, enkolagana n'abantu n'empisa. Mu bufunze, obuntu yabuwa ebirungi ebituukiridde eby'amakulu n'ebirabwako oba okukwatibwako eby'enkomeredde ebitalina bibyenkana wadde ebibifaanana.

Olw'ensonga eyo Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali mulunngamya ow'olubeerera eyamanya

n'okutegeera kwe obuvunaanyizibwa bw'okubeera omuntu awa ekyokulabirako eri ensi.

Wano we twagala okutegeereza nti Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yajjumbiranga nnyo esswala era ng'agitwala ng'ekikulu okusinga ebintu ebirala. Ekiro yeebakangako katono ng'omubiri gwe ogwomukisa ebiseera bitono bye guwummula ku mufaliso. Abalala we baawoomererwanga otulo ekiro ye amaziga g'amaaso ge nga gakulukuta ng'asaala okutuusa nti ne bwe yali abuzaayo akaseera katono nnyo afe, obulwadde bwe ne bwe bwayitiriranga nga bw'afunamu akalembereza ng'afuluma mu kisenge kye n'agenda mu muzikiti asaale Jama n'abantu abalala.

Ono Abdallah Ibn Shikhiri anyumya ku bugonvu n'okutya kwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'ali mu Sswala n'agamba bw'atyi: "Najja ewa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'asaala (ng'akaaba) nga munda ye mulimu eddoboozi nga liringa eddoboozi ly'ekintu ekitokota". (Abu Dauda, Swalaat, 156, 157/904; Nisaa-i , Sahaw, 180)

Ng'ozze ku kusiiba, ng'ogyeeko Lamanzaane, tewaayitangawo mwezi oba sande nnamba nga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tasiibye lusiiba lwa sunna. Maama wafffe mukyala Aisha (Allah amusiime) kino akyogerako bw'atyi: "Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yasiibanga ne tutuuka okulowooza nti taliryamu; ate ng'alya ne tulowooza nti taddemu kusiiba". (Bukhari, Swawmu, 52)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yasiibanga olunaku olw'ekkumi n'essatu, ekkumi n'ennya, n'ekkumi n'ettaano buli mwezi. Yasiibanga ennaku mukaaga mu mwezi gwa Shawaali, n'asiiba olunaku olw'omwenda n'ekkumi, oba olw'ekkumi n'ekkumi n'olumu mu mwezi gwa Muharramu. So nga yali mbeera ye okusiiba olunaku olwa bbalaza n'olw'okuna mu buli sande.

Aya eraalika Zakat bwe yakka, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yalagira Abakkriiza okutoola Zakat n'okuaasaanya bye balina mu makubo amalungi. Naye ekyo ye ye yasooka okukissa mu nkola era n'awa ekifaananyi ekisinga obulungi mu kugaba. Yawangaala obulamu mu ngeri esinga obulungi ku kigambo kya Allah Oweekitiibwa nti:

((وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُنْفِقُونَ)) (البقرة، ٣)

Okuvvuunula:

"Nga ne mu bye tuba tubawadde (babisaasaanya nga) babigabako". (Baqara, 3)

Yatendanga era n'atendereza emmaali esaasaanyizibwa mu mirimu emirungi era yawaananga abasuubuzi abatya Allah abo abasaasaanya emmaali yaabwe mu kkubo lye.

# Ebipimo ebyawaggulu ebiyisa emmunyeenye

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyatereka kintu mu by'okweyagala by'oku nsi, era buli kintu kye yafunanga ng'akisaasaanya mu kkubo lya Allah Oweekitiibwa. Naye kino kyali mu bintu ebimweyamwulidde yekka. Sswahaba omukulu Abu Dharri al-Ghafaariyy (Allah amusiime) yanyumya bw'atyi:

"Nnali ntambula ne Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu nsalosalo za Madiina ne twolekera Uhudi Omubaka kwe kumpita nti: "Abu Dharri" nange ne mpitaba nti: "Wangi Mubaka wa Allah". Olwo kwe kunngamba nti: 'Tekinsanyusa okuba nga nnyina zaabu eyenkanankana olusozi olwo ne wayitawo ennaku ssatu ne nsigazaako ne dinaari emu bw'etyi okuggyako akatono ennyo ke mba nterese okusasula ebbanja, okuggyako okugamba abaddu ba Allah bwe muti ne bwe muti ne bwe muti' kuddyo ne ku kkono we ne mabega we. Oluvannyuma yatambula n'agamba nti: 'Abangi be balibeera abatono ku Lunaku lwe nkomerero, okuggyako eyagamba bw'ati ne bw'ati ne bw'ati' ku kkono ne ddyo n'emabega we 'ate ng'abo batono nnyo…' (Bukhari, Riqaaq, 14; Istiqraadhu, 3; Muslim, Zakaat, 32)

Ebiseera ebimu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yasiibanga n'atasiibulukuka okumala ennaku bbiri oba ssatu. Abantu bwe baamusabanga basiibe nga ye bwe yakolanga yabagaana nga bw'abagamba nti: "Temuyunga kusiiba". Baamuddamu nti: "Naye ggwe tukulaba oyunga". Ye kwe kubaddamu bw'atyi: "Nze siringa omu ku mmwe. Nze ndisibwa era ne nywesebwa". Kino yakibagaana olw'okubasaasira n'okufa ku bulamu bwabwe". (Bukhari, Swawumu 48)

Wano tuteekeddwa okunnyonnyola ekintu ekirala nti: tuteekeddwa okumanya nti Mukama waffe Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mulunngamya owenjawulo era nga kyakugobera ekyenjawulo. Era tutekeddwa okumanya we tukoma mu kumugoberera kubanga eneeyisa ye n'ebikolwa biteekululwamu ebiti bibiri:

- Ebikolwa n'embeera ebimweyawulidde
- Ebikolwa n'embera ebikolebwa n'Abasiraamu abalala.

Mu ngeri eyo tetusobola kugoberera Nnabbi mu birungi ebyawaggulu ebyo ebimweyawulidde yekka. Kubanga ezo embeera, engeri, n'ebikolwa eby'eddaala eryawaggulu biri mu bitnu ebirina ebigero n'ebipimo ebiyisa emunyenye, ng'ate embeera ezo tetutsobola kuzifuumiitiriza n'okuzituukako. Naye ebigambo, embeera n'empisa ebiri mu kitundu ekyokubiri kisoboka okubigoberera n'okutambulira mu kitangaala kyabyo n'okubikola, buli omu okusinziira ku nneetegeka gy'alimu, okufuba kwe, n'obusobozi.

Wadde nga tewali asobola kutuuka ku ddaala lya Muhammadi omulondemu (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) wabula buli muntu asobola okubeera "muhammadi" omutono mu ngeri ye, okusinziira ku ngeri gy'atambuliramu ku kulunngamya kwe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Okugeza kwali kubikkulirwa kwa kika kya waggulu ba Ottomani, abajaasi abazira abalwanirira ensi yaabwe, okubayita "Bumuhammadi", ekitegeeza "Obusirikale bwa Muhammadi".

Tulina obuteerabira nti tusobola okumanya ekigero ky'emmaali gye tuteekeddwa okuwaayo ne tusobola okutuukiriza ekitukatakatako mu kukola Ibaada (okusinza) eya zaka. Naye tetusobola kumanya kigero kya mirimo gye tuteekeddwa kukola tusobole okutuukiriza ebitukakatako okukola okusinziira ku busobozi n'obweteefuteefu Allah bye yatuwa. Olw'ensonga eyo, tusigala nga tukakatibwako, okutuusa okussa omukka ogusembayo, okuwangaala obulamu bw'okusinza Allah (obwobuddu) nga bwe tusobola.

Mu ngeri eyo minzaane n'ebipimo bye tusobola okupimisa embeera zaffe be Ba-ansari ne Bamuhaajiriina abo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) be yayola n'abagunjula era nga bo, olw'okusobola okutuukiriza okwebaza ebyengera bye baafuna, baatambula ne batuuka e China ne Samarkard (Makkati ga Asia) era nga tebaalaga kukoowa oba kukaluubirirwa mu kaseera konna mu kutambula kwabwe n'amaanyi n'obuvumu bye baalaga nga bettanira kimu kusaasaanya ddiini eno era obwo bwe Bukkiriza.

# Ekitundu Ekyokusatu

- **Okutereera kw'omutima mu kugoberera Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)
- **Okugoberera Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **mu kumwagala n'okukinywererako.**
- **Omulembe gw'okwesiima: ye ndabirwamu ey'empisa ez'empisa za Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **n'okumwagala.**
- **Okukyamuka okuyitirivu mu kwagala Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)**.**
- **Okusaalira ku Nnabbi** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **n'okumwagaliza emirembe**

## Okutereera kw' omutima mu kugoberera Omubaka wa Allah
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Basswahaba ab'ebitiibwa (Allah abasiime) baaganyulwa, mu ngeri enkukunavu, mu Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe baamanya nti ye kyokulabirako ekisinga obulungi. Naffe bwe tuba twagala okutuuka ku ddaala lya Basswahaba abeebitiibwa eryawaggulu n'okutuuka ku bye baatuukako, tulina okutereeza emitima gyaffe, nga tetunnakola kintu kyonna, tusobole okutuuka ku kintu ekifaanana bwe kityo. Kino kiri kityo kubanga aya eyeekitiibwa eyogera ku kufuula Omubaka ekyokulabirako ekirungi n'egamba bw'etyi:

((لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللهِ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِمَنْ كَانَ يَرْجُوا اللهَ وَالْيَوْمَ الآخِرِ وَذَكَرَ اللهَ كَثِيرًا)) (الأحزاب، ٢١)

Okuvvuunula:

"Mulina ekyokulabirako ekirungi mu Mubaka wa Allah eri oyo asuubira okusisinkana Allah n'Olunaku lw'enkomerero n'atendereza nnyo Allah" (Ahzaab, 21)

Nga aya bw'ekirambika, okusuubira okusisinkana Allah n'okutuuka ku Lunaku lw'enkomerero, n'okujjukira ennyo Allah, makubo makulu nnyo ge tulina okukwata tusobole okugoberera obuntu bwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) obutuufu.

Emirimu gyonna egikwatagana n'okusinza gibeerawo mu biseera ebigere. Naye eky'okwenywereza ku Bukkiriza kyo kiteekeddwa kubeerawo mu kiseera ekitalina kkomo. Buli kaseera akaliwo kateekeddwa kubeera mu kukkiriza Allah Oweekitiibwa na kunoonya kusiima kwe. Olw'ensonga eyo, Omukkiriza okutuukiriza ebyo ateekeddwa lubeerera okubeera mu mbeera y'okujjukira Allah, omutima gwe guleme kuba munafu era asobole okwennganga okulabankanya kwa Sitaani, n'omwoyo mu ngeri esaanira era mu ngeri y'emu aleme kwerabira Allah wadde olutemya lw'eriiso olumu bwe lutyi.

Eyo y'ensonga lwaki Allah Oweekitiibwa agamba mu Kitabo kye ekyekitiibwa nti:

((يَا اَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اذْكُرُوا اللهَ ذِكْرًا كَثِيرًا))

Okuvvuunula:

"Abange mmwe Abakkiriza! Mutendereze nnyo Allah okutendereza okungi"[38]

Engeri aya eno lw'etaatuteera kkomo yadde okutuwa ekifaananyi ekirambulukufu ku kigero n'omuwendo gw'emirundi gye tuteekedwa okwogera ku Allah, ate ng'ekintu ekitawee-

38 Ahzaab 41. Laba Jum'ah, 10.

reddwaako kkomo okutuukirira obulungi kiteekwa kukolebwa mu bujjuvu bwakyo.[39] Omuntu ayagala okubeera omuddu omujjuvu ateekeddwa okwogera n'okujjukira Allah emirundi mingi buli w'afunira akakisa ne w'akoma mu kusobola.

Mu aya endala Allah agamba bw'atyi:

((اَلَّذِينَ آمَنُوا وَتَطْمَئِنُّ قُلُوبُهُمْ بِذِكْرِ اللّٰهِ اَلاَ بِذِكْرِ اللّٰهِ تَطْمَئِنُّ الْقُلُوبُ)) (الرعد، ٢٨)

Okuvvuunula:

"Abo Abakkiriza era emitima gyabwe ne gitebenkera olw'okutendereza Allah. Abange! Okutendereza Allah kuviirako emitima okutebenkera". (Ra'adu, 28)

Ekigendererwa mu kwogera ku Allah Oweekitiibwa si kuddinngana bigambo kyokka, nga tebinnyikidde mu mutima, wabula okutendererreza n'omutima ogwo okwetooloolera okuwulira okw'omu nda, era omuntu n'awulira muli obuwoomi ng'ayogera ku Allah Oweekitibwa. N'ekiva mu kutendereza ekitaliimu kuwannaanya kwonna kwe kuba ng'okwogera ku Allah n'okukkalira mu mutima gw'Omukkiriza kuwonya omuntu endwadde, ne kutukuza omutima okuguggyamu obukyafu n'ekko ne kugujjuzaamu ekitangaala era ne kuguwa ebogonvu n'okuwulira okwomunda obulungi, ne kuguwa ennyonta y'okwagala okumanya ebyama ebyawaggu-

39 Ekintu kyonna ekitoogeddwa kkomo lyakyo oba ekigero kyakyo ekigendererwa kiba kirina kukolebwa mu bujjuvu bwakyo okutuuka gye kikoma nga bwe kisoboka.

lu. Okukuba kw'omutima bwe kugendera awamu n'ekigambo "Allah", nniya y'omuddu n'emirimu gye bifuna obuzito ne birinnya mu ddaala era eyo y'ensonga lwaki Omubaka wa Allah  (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagamba mu hadiisi eyeekitiibwa nti:

"Akabonero akalaga okwagala Allah, kwe kwagala okumwogerako". (Baihaqi, Shi-ab, 1, 367; Suyuutwi, ekitabo 2, olup. 52)

Abantu abalina be baagala tewali kaseera we beerabirira baagalwa baabwe, era tebabava ku mumwa ne ku mitima. Mu ngeri eyo, omuntu ayagala okufuna obuwoomerevu bw'Obukkiriza, alina okwemanyiiza okutendereza Allah okw'omunda n'abeera ng'atendereza Allah bu kiseera: ng'ayimiridde oba ng'atudde oba ng'agalamidde. Era abaagala Allah balina okulowooza ennyo ku nsonga ezitali zimu ez'omunda n'ezekwese lwaki Allah yakola eggulu zonna n'ensi, ng'eno bwe bagamba nti:

((رَبَّنَا مَا خَلَقْتَ هَذَا بَاطِلاً سُبْحَانَكَ فَقِنَا عَذَابَ النَّارِ))

(آل عمران، ١٩١)

Okuvvuunula:

"Katonda waffe! Bino tewabitonda watali nsonga. Wayawukana ku birala byonna. Tukusaba otuwonye ebibonerezo by'Omuliro". (Aali-Imran, 191)

Gyo emitima egitaafuna bugonvu bwa kika kino n'obunnyikivu bw'Obukkiriza ng'obwo, egyo gye mitima egitayagala Allah. Olw'ekyo Allah Oweekitiibwa agamba nti:

((فَوَيْلٌ لِلْقَاسِيَةِ قُلُوبُهُمْ مِنْ ذِكْرِ اللهِ أُولَئِكَ فِي ضَلاَلٍ مُبِينٍ)) (الزمر، ٢٢)

Okuvvuunula:

"Okuzikirira kuli eri (abantu) abo abalina emitima emikakanyavu egitatendereza Allah. Abo bali mu bubuze obweyolefu". (Zumaru, 22)

Omuntu yenna eyeesamba okutendereza Allah nga aya bw'egamba aba takyalina nda era obuntu bwe buba bwonoonese.

Ekiva mu bino, kwe kuba ng'omuntu okusobola okubeera agoberera Omubaka wa Allah  (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumuganyulwamu nga bwe kyetaagisa, omutima gwe ateekeddwa okugujjuza okwagala Allah n'okwewala okugoberera obwagazi bw'omwoyo n'ebyokweyagala by'oku nsi, ne gubeera ogunoonya n'okusuubira okudda eri Allah n'okwesunga Olunaku lw'enkomerero era ne gwenyiriza n'okutendereza ennyo Allah.

## **Okugoberera Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **ng'oyita mu kumwagala n'okukinywererako**

Ebibala by'okwagala okwannamaddala n'okufuula Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) omuganzi kwe kufuula ettaka ly'ekkubo ly'omuntu nga ye ngule eri emitwe, n'okugonderwa n'okumwewa nga bino biviira ddala ku ntobo ya mutima n'omwoyo. Kubanga obuntu obw'ekika ng'ekyo butegeeza kusaasira okw'olubeerera eri abantu bonna mu buli ngeri yonna.

Aya ejja ekulaga Omutima gwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe gwali gujjudde okulumirwa n'okusaasira okusembayo eri Abakkiriza. Aya egamba nti:

((لَقَدْ جَاءَكُمْ رَسُولٌ مِنْ اَنْفُسِكُمْ عَزِيزٌ عَلَيْهِ مَا عَنِتُّمْ حَرِيصٌ عَلَيْكُمْ بِالْمُؤْمِنِينَ رَءُوفٌ رَحِيمٌ)) (التوبة، ١٢٨)

Okuvvuunula:

"Mazima ddala Omubaka yabajjira ng'ava mu mmwe mwennyini. Kimuyisa bubi mmwe okutuukibwako omu-

tawaana. Abalumirwa nnyo. Ate nga musaasizi eri Abakkiriza era ng'abakwatirwa ekisa". (Tauba, 128)

Era ne hadiisi eyeekitiibwa ejja erambika bulungi okusaasira kwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eri abantu b'ekibiina kye n'okubalumirwa. Abdalla bin Masuudi (Allah amusiime) anyumya bw'atyi:

"Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatuwa ekyebikiro ng'abuzaayo omwezi mulamba afe. Bwe yasemberera okutwawukanako, yatukunngaanyiza mu nnyumba ya maama waffe Aisha (Allah amusiime) oluvannyuma n'atutunuulira nga bw'akulukusa amaziga, n'agamba:

"Nsanyuse okubalaba. Allah abawe obulamu obulungi. Allah abasaasire. Allah ababudamye. Allah abataase. Allah abasitule mu kigero. Allah abawe ebibagasa. Allah abalunngamye. Allah abagabirire (abawe riziki). Allah abanguyize buli kimu. Allah abawe emirembe. Allah abakkirize. Mbalaamira okutya Allah era nsaba Allah abanyweze ku kyo era mmubalekedde…"[40]

Mazima ddala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali mulunngamya, muwabuzi era eky'okusaasira, okwabuutikira ne kubuna obuntu nga kuyita mu bikolwa bye, ebigambo bye, wamu n'empisa ze. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yeetikka ku kibegabega kye obuzito bw'ebizibu n'okutegana ebingi ng'ali mu kkubo lya Da-awa (okusaasaanya ekigambo kya Allah).

40 Twabraani, al-Awsatw, ekitabo 4, 208; Abu Na-eem, Hilyatul Awliyaa-I, Beirut, 1967, ekitabo 4, 168.

Obugumiikiriza bwe n'okujjumbira byamutuusa wala nga n'ebiseera bingi yatuukanga okussa obulamu bwe mu katyabaga naye ng'ekimutta kye Kibiina kye okufuna obulunngamu n'okusaasira.

Allah yatuuka n'okumwekesa okwewaayo eri okufa olwa Da-awa n'amugamba mu Kulaane ye eyeekitiibwa nti:

((لَعَلَّكَ بَاخِعٌ نَفْسَكَ عَلَى آثَارِهِمْ اِنْ لَمْ يُؤْمِنُوا بِهَذَا الْحَدِيثِ اَسَفًا)) (الكهف، ٦)

Okuvvuunula:

"Oboolyawo ennaku ebula okukutta ng'ogoberera obuwufu bwabwe ng'olumwa olw'okuba nga tebakkiriza kigambo kino." (Kahfi, 6)

Mu aya endala Allah agamba nti:

((فَلَعَلَّكَ بَاخِعٌ نَفْسَكَ اَلاَّ يَكُونُواْ مُؤْمِنِينَ)) (الشعراء، ٣)

Okuvvuunula:

"Oboolyawo obula kwetta olw'okuba nga sibakkiriza". (Shu-araa-u, 3)

Aya ezo zimala bumazi okulaga nti Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali ayagala nnyo buli muntu awangaalira mu nsi muno abeere ng'akkiriza Allah, era nga yettanira nnyo okuwonya abantu b'Ekibiina kino Omuliro olw'okubasaasira n'okubalumirwa.

Olw'okulumirwa, okusaasira, n'okwagala ebingi Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bye yalaganga abantu b'ekibiina kye, kitukakatako ng'ekibiina okulowooza ku kintu kye tuteekeddwa okumuwa ng'okusasula okwagala kwe yatulaga.

Mu butuufu, ekigero ky'okwagala kwaffe eri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kisobola kweragira mu kugoberera Kulaane ne ssunna za Omubaka, n'embeera zaffe okuzikyusa nga tugendera ku mbeera ze, nga twebuuza nti Basswahaba (Allah abasiime) kiki kye baawuliranga muli mu nda era baali bamumanyi batya okusobola okumwagala ne bawaayo buli kintu mu kkubo lye. Embeera za Omubaka zaakyusa zitya embeera zaabwe? Empisa ze zaafuuka zitya endabirwamu y'obulamu bwabwe? Era ffe tutuuse wa mu mbeera ezo? Okwagala kwaffe eri Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tuteekwa okukupimisa ebipimo ebyo era n'emitima gyaffe ne tugipima n'empisa ze. Era emyoyo gyaffe tuteekeddwa okuginaaza ne tugiggyamu ebyonoono, ebisobyo n'obukendeevu, nga tweyambisa empisa ze ezeekitiibwa, entukuvu, nga bwe tunaaza ne tutukuza emibiri gyaffe nga tukozesa amazzi ga Zamzamu. Era tuteekwa okuwangaala obulamu obulina amakulu n'okuzuukira okw'amakulu nga tugoberera obulamu bwe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ekyama ekituusa omuntu eri Allah Oweekitiibwa kiri mu kusembera n'omutima omutukuvu ogutalinaamu kakiki yenna eri Ekitabo kya Allah n'eri ssunna za Nnabbi we ennungi. Amakulu okugoberera empisa za Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okulunngamya kwe okwawag-

gulu. N'ekyama ekirala ekitutuusa eri Allah Oweekitiibwa kwe kwagala buli ayagala Allah Oweekitiibwa ne Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okukyawa kyonna ekyawukana kw'ekyo.

Kubanga okwagala Katonda kuwa emitima obulamu n'ekugireetera emirembe, ne kugifuula egitambulira ku mulamwa omulungi. So nga okwagala n'okukyawa, nga kye kyennyume ky'okwagala, tebisobola byombi kubeera mu mutima gwe gumu mu kiseera kye kimu. Ekitegeeza nti omutima ogubulamu ekimu ku bino (okwagala oba okukyawa) guba ekitegeeza nti guba gujjuddemu kinnaakyo, ng'ate enjawulo wakati w'ebibiri eringa ebbanga eritalina we likoma eriri wakati w'ekintu ekisembayo okubeera waggulu n'ekisembayo okubeera wansi.

Omutontomi Kamal Adiib Kurkcoglu yalabula Abakkiriza abagayaavu eri ssunna za Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumwagala n'ebigambo ebirungi bino:

Kyakusaalirwa nnyo! Kyakusaalirwa nnyo eri oyo atasaasiddwa Nnabbi. Obugayaavu bwe bumufiirizza kubanga aba afiiriddwa ensi n'Enkomerero.

Yee! Kyakusaalirwa eri oyo ammiddwa obukwatampola bwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'akeesa enkya ng'ali mu bantu abagayaavu olwo n'afiirwa ensi n'Enkomerero.

Katonda waffe! Tufuule ekibiina ekisaanira okwagala kwe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kubanga naye

yali ludda mu kusaasira n'okulumirwa awatali muntu yenna eyali amusemberedde.

Engeri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) gye yakwatamu abantu abaamuyisa obubi yali ya kyewuunyo! Omubaka yatwala obuvunaanyizibwa n'akozesa amaanyi ge gonna n'okufuba asobole okuyita abaali bamuyigganya okudda eri Allah n'okubalunngamya, naye bo kye baamusasulamu kwe kumulaga okunyooma kwonna ne bamukasuukirira amayinja wabula ye n'abasabira busabizi bulungi n'atabasabira bubi. Kino Zaidi bin Haaritha kyamuyitirirako kwe kugamba bw'atyi: "Omubaka wa Allah bakulyazaamaanyizza okulyazaamaanya okusinga obubi, singa obasabidde ebibonerezo kati!" Naye ye Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga bwe yali enkola ye yabasabira kulunngama na kulongooka kubanga ye yatumibwa nga kya kusaasira eri ebitonde; teyatumibwa kusabira bantu kuzikirira.

Waliwo omuntu yenna eyali atuuse ku ntikko esembayo mu kwewaayo okwawaggulu, okutuukiriza okutalabikalabika, obulungi bw'omutima, okusaasira, n'okulumirwa, ebyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bye yalina?!

Okutumibwa kwa Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwatuusa obuntu eri omulunngamya ajjudde gwe bwali bulindirira asobole okubulunngamya eri ensi eyaawaggulu. Olw'ensonga eyo, omuntu yenna asigala ng'awangaalira mu bulamu obw'obwagazi oluvannyuma lw'okulaba obuntu bwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire

amuwe n'emirembe) obwenjawulo obw'ettendo obw'okugoberera, ow'ekika ekyo avunaanibwa n'okusinga oyo eyawangaala obulamu bw'ebiseera bya Jaahiliyya nga Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tannaba kutumibwa.

Ku ludda olwo, obuntu olwaleero buwangaalira mu bwakabaka bw'omwoyo ne gubusinza amaanyi. Olw'ensonga eyo bubeera bwetaaga nnyo okutandikawo obuntu n'ekyokulabirako ebyefaanaanyirizaako obuntu bwa Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ekiriwo kiri nti ekintu ekyasinga okubaako kye kiyamba ku bulamu bw'abantu mu mirembe eminene mu byafaayo byaffe, kwali kubeerawo Bakkiriza abakozi b'emirimu emirungi abasika abannamaddala abaasikira Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), ow'ekigero ekyawaggulu n'eddaala eddene. Abasika abo baafuuka obuntu obw'okulabirako eri abantu b'ebiseera byabwe.

Mu mbeera eyo, ekintu ekisinga okunakuwaza nga tutunuulidde embeera zaffe, kwe kulaba okufaafaaganirwa abantu baffe kwe bawangaaliramu mu nsi ey'omunda, nga kino kiva ku bbula ly'abantu abalina obuntu obw'okulabirako ng'obwo bwe twogeddeko.

Omulundi omulala, tuteekeddwa okubeera abantu abalina abantu ab'okukoppa tulyoke tusobole bupya okutuuka ku ddaala ly'abazira b'Obukkiriza abo abaagoberera okulunngamya kwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era abo emitima gyabwe egyajjula obugagga obw'omwoyo, amaanyi n'obuvumu, eby'okulabirako ebyo ebisinga ebintu byonna ebyokukoppa ebyali bitegeerekese mu byafaayo.

Olw'ensonga eyo tuteekeddwa okubawuliza, ne tubategeera, ne tubawulira mu nda, era ne tufuna omugabo mu nsi zaabwe ez'omunda.

Amakulu nti kitukakatako okumanya obulungi butya bwe beeyisa mu nsi eno ey'okuggwaawo, era butya bwe baakozesa amagezi n'okugonda n'okutegeera, n'omwoyo, n'emmaali, na byonna Allah bye yabawa basobole okutema empenda z'essanyu n'okwesiima, ebyabwe n'ebyabantu bonna.

## **Omulembe gw'okwesiima: ye ndabirwamu ey'empisa za Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **n'okumwagala**

Okugunjula kwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okw'okungulu ne munda kwakola kinene okukyusa abantu b'oku mulembe gw'obutamanya (ogw'eki-jaahiliyya) ogw'abantu abaawangaalanga kumpi ng'ensolo, era abaali batamanyi bingi ku mbeera z'obuntu, n'agutuusa mu kaseera mpa we kaaga ku ddaala eryawaggulu omuntu ly'atayinza kufumiitiriza, era nga n'okutuusa kati gusaaliza abantu mu byafaayo by'obuntu bwonna. Ekibiina ky'aban-tu ky'ekibiina kya Basswahaba. Yabafuula abakolagana era abeegattidde awamu wansi w'eddiini ne bbendera n'obugun-jufu n'obuyigirize, n'amateeka, n'okulamula okumu.

Abantu abaali batamanyi, okugunjula kuno kwabafuula abantu abagunjufu. Bo abagyemu abawangaala ng'ensolo, abatemu ne kubafuula abantu abalongoofu, so nga n'abamenyi b'amateeka abagwagwa okugunjula kwabafuula abantu abatya Allah. Amakulu nti kwabafuula abantu abalongoofu abawan-gaalira ku kwagala Allah n'okumutya.

Omulembe ogwo ogw'obutamanya ogutaasobola kuleeta-tayo muntu ayogerekekako omu bw'atyi mu byafaayo bya-

gwo, gwalaba abantu abangi ennyo nga bagenda bavaayo nga bannyikidde ebitendo ebyawaggulu ebyo bye baayonka okuva mu bintu eby'omwoyo n'enjigiriza ya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Era abo abaasitula Obukkiriza n'ebintu ebingi bye baamanya, eri ensonda z'ensi ennya ne bafuuka omumuli gw'okumanya n'obugunjufu. Ekiriwo kiri nti ekitangaala ekyo ekyakka mu ddungu kyatwala embeera ey'olubeerera ne kigissa wansi w'ekisiikirize kyakyo, ne kigabanya amazima n'obwenkanya mu buntu bwonna, ekyama kya "Singa ssi ggwe! Singa ssi ggwe!" ne kikiggyayo ne kirabika, era ng'eyo y'engeri eyasobozesa ekigendererwa kya Allah Oweekitiibwa okutonda ebitonde okutuukirira.

Abantu abo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) be yayola baakola ekibiina ky'abantu abamanyi Allah. Omulembe gwabwe ne gufuuka omulembe gw'okufumiitiriza okuwanvu, era omulembe gw'okumanya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumanya Allah Oweekitiibwa ng'omulabidde kumpi. Basswahaba (Allah abasiime) baafuula Tawuhiidi (okwawula Allah) nga gwe mulamwa okwetooloolera okulowooza n'okufumiitiriza kwabwe ne basobola okuwonya emitima gyabwe emigaso gy'ensi, ne bakomba ku buwoomerevu bw'Obukkiriza, ebyobugagga n'omwoyo ne bifuuka amakubo naye nga si bye bintu bye bettanira. Okusaasira ne bakwongeramu amaanyi era ekigendererwa kyabwe ekikulu ne kifuuka kya kuweereza na kukolerera balala. So nga okusobola okutuukiriza ebyo byonna baalina okwefiiriza ebintu ebingi nnyo era nga bwe baasobola okutulaga ekifaananyi ky'obuntu bw'Omusiraamu.

Bagamba nti omu ku baali ku ddimu ly'okukunngaanya hadiisi yatambula eggendo eryakulungula omwezi omulamba ng'agenze kunoonyereza ku hadiisi emu bw'etyi ate n'atagitwala kubanga gwe baali bagamba nti ye yali agimanyi yasanga akwenyakwenya embalaasi n'okugirimba.

Ka twebuuze nti: ki ki Basswahaba kye bajja ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)? Basswahaba baamujjako bino:

1. Embeera zaabwe zaakyuka olw'embeera za Omubaka wa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ze baalaba.

2. Baafuna okusembera ewa Allah Oweekitiibwa

Nga bali mu kisiikirize ky'ebintu ebyo ebibiri, Basswahaba abeebitiibwa baasobola okwenaazaako obukyamu n'ebibi byonna, era ne basobola obulamu bwabwe okubutambuliza ku bulungi bw'amazima n'ebirungi byonna. Allah Oweekitiibwa baamutegeera mu ngeri mpya, era mu ngeri y'emu ebitonde n'omwoyo nabyo baabifuna mu ngeri mpya. Ekigendererwa kyabwe kye baatandika okuluubirira kyafuuka okufaananya embeera zaabwe eza Mubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) engeri enjuba gy'erabikira mu ndabirwamu entono.

Ensalo z'eggwanga ly'Obusiraamu ettono eryatandikira e Madiina nga lizimbiddwa ku nju ng'ebikumi bina, zaagaziwa era mu myaka kkumi gyokka zaatuuka e Iraq ne Palestine, so ng'era Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) we yafiira ng'eggwanga eryo liri mu biseera bya lutalo n'Abalooma n'Abafaarisi. Naye Basswahaba awamu n'ekyo tebaakyusaako ku ngeri gye baatambuzangamu obulamu bwabwe, engeri gye

baawangaalangamu, ennyumba ze baasulangamu, era nga byonna byasigala nga bwe byabeeranga emyaka ekkumi emabega. Empangaala yaabwe n'esigala nga bulamu bwa bugubi na kusinza. Ekibiina kya Basswahaba tekyamanya ngeri ya bulamu obuzimbiddwa ku kwegyalabya n'okululunkana. Baaberanga bakimanyi bulijjo nti: "Entaana y'ennyumba ey'omwoyo guno ey'enkya". Olw'ensonga eyo, bulijjo baali beewala nnyo okwefuga ebyengera by'ensi n'okubikozesa mu ngeri eyisa ekikomo, era ebintu ebyo baabikozesanga mu kuteeka birungo mu Bukkiriza n'okubuwoomesa ng'ekkubo ery'obulunngamu bw'obuntu n'okwesiima kwe.

Emu ku nsonga enkulu ezaayamba ennyo mu kusaasaanya Obusiraamu mu bwangu obuyitiridde, n'okusaasaana kw'ekitangaala ekyo ng'emmambya y'okumakya mu buntu bw'abantu, obwali bukutte enzikiza, abantu abaali balinnyiririrwa era nga bafugibwa bumbula, bwe Busiraamu okuba nga bwalabikiranga mu buntu bwa Basswahaba (Allah abasiime) buli kifo gye bwatuukanga. Era olw'ensonga nti Basswahaba baali banywanyi ba Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era nga baali bakkiriza ba njawulo, nga bajjudde okusinza, amazima, obwenkanya, obugagga bw'omutima, n'ekitangaala ky'obubaka. Olw'ensonga baatunuuliranga abaddu ba Allah n'eriiso ly'okusaasira nga Omutonzi kw'alina eri ebitonde bye ku nsi.

Basswahaba baakakasa Allah Oweekitiibwa ne Omubaka we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu mitima gyabwe. Eyo y'engeri Ekibiina kyabwe ekyali ku mulembe ogutaamanya kusoma wadde okuwandiika ne gutuuka ku ntikko y'obugunjufu. Emitima gyabwe gyaddinngananga okukoowoola okwawaggulu okwebuuzanga nti: "Kiki Allah Oweekitiibwa ky'atwagalamu?

Ki ki kye tuyinza okukola n'atusiima? Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ayagala kutulabira mu kifaananyi ki?"

Abantu abo baafuukamu emirembe n'ebiseera, era obuntu ne buweebwa ekitiibwa n'omulembe gw'okwesiima.

Abantu abo era beetakkuluzaako obubi bw'omwoyo ogulagira okukola obubi ne bagufuula emyoyo egibuuza entakera ne gifuukuuza era ne gyenenya, abantu abo abaalimu amaalo nga bawangaala ng'ensolo ne bafuuka nga Bamalayika.

Imaamu Qaraafi, omu ku bamaanyi abakulu aba Uswulu (ebikolo ebikulu omusimbulwa amateeka g'eddiini y'Ekisiraamu) eyafa mu mwaka gwa 684 ogwa Hijra, yagamba bw'atyi:

"Singa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) teyalina kyamagero kyonna okuggyako okwola Basswahaba ab'ebitiibwa (Allah abasiime) ekyo kyokka kyandimaze okukakasa nti Mubaka wa Allah".

Naye buli omu ku Basswahaba abeebitiibwa abo yali kyakulabirako ekiramu ng'akola ng'ekyamagero kya Kulaane eyeekitiibwa, era baatuuka ku ntikko mu buzira n'okukiikirira empisa ennungi ez'obuntu.

Ebyetaago by'amagezi n'omwoyo baabitambuliza wamu mu kiseera kye kimu mu ngeri empime obulungi mu mulembe ogwo, ekyatuusa Omukkiriza okufuna eddaala ly'obujjuvu, era okulowooza kw'Omukkiriza ne kugenda wala nga kwetabise n'okuwulira mu nda n'obujjumbize n'omwoyo. Olubeerera baawangaalanga bakimanyi nti ensi eno ku bo yali nnyumba ya

bigezo na kugezesebwa. Emitima gyabwe ne gikeesa enkya nga gimanyi obusobozi bwa Allah obungi era obunene.

Olw'ensonga eyo baatindigga enngendo okutuuka e China, Samarakandi ne Spain basobole okubunyisa enkola eragira okukola obulungi era ekugira abantu okukola obubi. Abantu abo abaali bawangaalira mu biseera by'obutamanya ne bakeesa enkya nga bamanyi era bategeera ekituufu era nga bakimanyi mu butuufu bwakyo. Ebiro byabwe ne bifuuka misana, ebiseera bya ttogo ne bifuuka eby'obudde obulungi. Ne babanguka mu kulowooza kwabwe, ne batandika okulowooza ennyo ku buli kintu ekibeetoolodde, okugeza: engeri omuntu gye yatondebwamu mu ttondo ly'amazzi, engeri akanyonyi gye kaatondebwamu mu ggi ettono, omuti engeri gye gwamera ne gukula nga guva mu mpeke, n'ebintu ebirala ebingi ebifaanana ebyo. Obulamu bwabwe ne babuteekateeka era ne babutereereza ku kusiima Allah Oweekitiibwa. Okusaasira, okulumirwa, n'okusobola okutegeera amazima n'okugassa mu nkola, ne bituuka ku ntikko.

Ebiseera Basswahaba bano abeebitiibwa we baafuniranga essanyu mu bulamu bye biseera bye baamalanga nga batuusa obubaka bwa tawuhiidi eri abantu bonna.

Waliwo Sswahaba omu (Allah amusiime) eyeewuunyisa eyali asigazizzaayo eddakiika ssatu mu bulamu, naye nga tebannaba kumutta yeebaza omuntu oyo eyamuwaayo eddakiika essatu nga bw'agamba:

"Nsigazizza eddakiika ssatu ze njagala okukozesa okukutuusaako Ekigambo kya Allah Oweekitiibwa". Ebyo yabyogezanga ssanyu wadde nga yali mu kaseera kazibu.

Okutwalira awamu, Basswahaba abeebitiibwa baawangaalanga ne Kulaane era nga bagikolerako ne bawaayo obulamu bwabwe olwa Kulaane ne balaga obuvumu n'okwewaayo ebyali bitalabibwangako mu byafaayo. Baagumira okubonyaabonyezebwa n'okutulugunyizibwa n'okulyazaamaanyizibwa, naye ne batava ku mulamwa n'empisa bye bakkiririzangamu. Baaleka emmaali yaabwe n'ebyamaguzi ne bawannganguka okuva mu nsi zaabwe basobole okuwangaala ne aya Allah ze yaweereza. Era baawaayo buli ke balina basobole okutuukiriza bye baali bakkiririzaamu.

Baali beegomba nnyo era nga balina obuvumu okuyiga Kulaane n'okussa mu nkola buli aya eri mu Kulaane. Tebaalekanga Kulaane ne bwe baabeeranga mu biseera ebisinga obuzibu oba mu katyabaga. Sswahaaba ayitibwa Abaadi bin Bishri (Allah amusiime) atunyumiza nti lumu baali mu lutalo ne Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe):

Omubaka n'abaako ne we yawummula mu kiwonvu n'abuuza: "Muntu ki anaatukuuma ekiro kino?" Ammaaru bin Yaasir okuva mu Bamuhaajiriina ne Abbaad bin Bishri okuva mu Ba-ansaari ne bavaayo ne bagamba nti: "Omubaka wa Allah! Ffe tujja kukuuma". Omubaka kwe kubagamba nti: "Mubeere ku mumwa gw'ekiwonvu". Abasajja bwe batuuka ku mumwa gw'ekiwonvu Abbaad n'agamba Ammaar: "Kitundu ki eky'ekiro ky'oyagala okutwala: ekisooka oba ekikomererayo?" Ammaar n'agamba nti: "Ekisooka". Ammaaru ne yeebaka. Abbaadi n'asigala ng'akuuma. Abbaadi yayimirira ekiro n'asaala naye aba ayimiridde ne wabaawo omusajja eyabawondera n'amanya nti be baali bakuuma. Kwe kukuba Abbaadi akasaale. Abbaadi

yakaggyamu n'akasuula wansi ne yeeyongera okusaala. Omusajja yamukuba akasaale akalala nako n'akaggyamu n'akassa wali ne yeeyongera okusaala. Omusajja yamukuba akasaale akookusatu nako n'akaggyamu n'akassa wali, oluvannyuma n'akutama n'avunnama. Munne yawawamuka n'agamba Abbaadi nti: "Tuula bakukubye". Yabuuka n'ayimirira. Omusajja n'adduka ng'ategedde nti bamulabye. Muhaajiru bwe yalaba omusaayi ku munne yamugamba nti: "Allah atenderezebwe! Lwaki tewanzuukusizza!" Munne yamuddamu nti:

"Mbadde ndi mu makkati mu ssuula (ssuula ya Kahfi) nga ngisoma, ne saagala kugikutulamu nga njagala ngimaleko. Obusaale bwe bweyongedde kwe kukutama ne nkweraga. Ndayira Allah singa sitidde kuleka kituli Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kye yandagidde okukuuma nandikkirizza ne nkutuka oba ne mmalako essuula naye nga sigikutuddeemu". [41]

Basswahaba abeebitiibwa (Allah abasiime) baawangaala obulamu nga bwetooloolera ku Kulaane eyeekitiibwa, era baali bafuna obuwoomerevu obutalina bubwenkana nga bakoze empagi yonna ku mpagi z'Obusiraamu. Ku ludda lwabwe buli aya eyakkanga yabeeranga ekijjulo okuva mu ggulu. Baatwala omutawaana okuyiga Kulaane eyeekitiibwa ne bagifuula ekyokulabirako kye baasobola okuwangaalirako. Ekintu ekiraga okwagala Basswahaba kwe baalina eri Kulaane n'okugijjumbira ye mukyala eyasalawo Sswahaba okumusomera ekitundu

41 Laba: Abu Dauda, Twahaarah 78/198; Ahmada, ekitabo 3, 344; Baihaqi, Dalaa-ilu nnubuwwah 3, 459; Ibn Hisham, ekitabo 3, 219; Waqidi, ekitabo 1, 397.

kye yali akutte mu Kulaane n'okukimuyigiriza nga ge mahare g'ayagala bamuwe bamuwase.[42]

Basswahaba baasaalanga ekiro, era nga basoma obulaadi ne adhkaari zaabwe ekiro eyo, era nga okusoma Kulaane kyabasingira okwebaka mu buliri obubuguma. Eyayitanga ekiro ku mayumba gaabwe ng'awulira amaloboozi amaseeneekerevu nga baleeta Dhikri n'okusoma Kulaane nga galinga okuyimba kw'enjukyi.

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yabayigirizanga Kulaane ne mu mbeera enzibu ennyo. Okugeza Anasi (Allah amusiime) anyumya bw'atyi:

"Olunaku lumu Abu Twalha yajja nga Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ayimiridde asomera Ba-aswhaabu Swuffa (abagenyi b'Obusiraamu abaasulanga mu Muzikiti gwa Nnabbi) Kulaane, nga ku lubuto asibyeko ejjinja olw'enjala asobole okwegolola.

Okutegeera Kulaane n'okugiyiga baabiwanga ebiseera bingi, era nga bafuba nnyo okugitereeza obulungi, n'okugiyimba n'okugiddinngana. (Abu Na-iimu, Hilyat ekitabo 1, 342)

Basswahaba abeebitiibwa era baafuula Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekyokugoberera ekirungi. Olw'ensonga eyo gye byaggweera nga Madiina ejjudde abamanyi n'abakwasi ba Kulaane.

42 Laba: Bukhari, Nikaah, 6 32,35; Fadhwailul Qur'an, 21,22; Mu - lim, Nikaah, 76.

Bwe gutyo omulembe gw'okwesiima bwe gwafaanana nga tewali mulembe gugwenkana.

Singa Bakagezimunnyu (Bafilosoofi), n'abamanyi b'eby'omwoyo, n'abamanyi b'embeera z'abantu, n'abamanyi b'ebyenjigiriza, n'abamanyi b'omuntu mu nsi yonna baba bakunngaanye ggwe olaba basobola okufuuka akabiina k'abantu akatono akalina empisa n'embeera ezaawaggulu zonna ng'ezo ezaakunngaanira mu mulembe gw'okwesiima? Ekyokuddamu awatali kuwannaanya kiri nti nedda. Wabula tebasobola na kutuuka ku ddaala erisembayo obutono ebantu b'omulembe ogwo lye baatuukako. Okugeza ekitabo kya Farraabi ekiyitibwa "al-Madiinatul Faadhwilah" ekyo kye yawandiika ku ngeri gye yali alowoozaamu ekibiina ky'abantu ekyokulabirako kyasigala nga mmere ewoomera emimwa gy'enkuyege.

## **Ebigambo ebinyuma mu kwagala Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali nga ye nsibuko y'okwagala n'okusaasira era nga talina amwenkana. Ensibuko eyo eyasitula omuntu eri ennyanja y'okwagala Allah, olw'okuba okwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kuva mu kwagala Allah Oweekitiibwa, n' okugondera Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kuva mu kugondera Allah Oweekitiibwa, so nga n'okugyemera Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kuva mu kugyemera Allah Oweekitiibwa. Ensonga eyo Allah Oweekitiibwa ajoogerako bw'atyi mu Kulaane ye eyeekitiibwa:

((قُلْ اِنْ كُنْتُمْ تُحِبُّونَ اللّٰهَ فَاتَّبِعُونِي يُحْبِبْكُمْ اللّٰهُ وَيَغْفِرْ لَكُمْ ذُنُوبَكُمْ وَاللّٰهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ)) (آل عمران، ٣١)

Okuvvuunula:

"Bagambe bwe muba mwagala Allah, mungoberere, Allah alyoke abaagale era abasonyiwe ebyonoono byammwe. Allah Musonyiyi era Musaasizi nnyo". (Aali-Imraan, 31)

Ne mu kigambo kya Tawuhiidi (shahadu), ekigambo "Muhammadu Rasuulu Llaahi (Muhammadi Mubaka wa Allah)" kigoberera ekigambo "Laa ilaaha illa Llaahu (Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah)". Ate nga buli kigambo kya tawuhiidi na buli kusaalira ku Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), guba gwe mutwe ogw'okwagala n'okusembera eri Allah Oweekitiibwa. Na buli ddembe n'okwesiima ku nsi n'Enkomerero, na buli kuwangula kwonna okw'omwoyo, kutuukirira na mutwe ogw'okumwagala. Obulungi bw'ensi bweyoleka mu kwagala Allah, n'ekitangaala kya Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga lye kkula ly'okweyoleka kuno, so nga n'ekkubo lyokka erisobozesa omuntu okutuuka eri Allah liyitira mu kwagala Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

N'ekiriwo kiri nti ddala obulungi bwonna, okugeza: eby'omwoyo mu kusinza, n'obuntubulamu mu nkolagana n'abalala, n'empisa ezisinga obulungi n'obukwatampola mu mutima, n'ekitangaala mu ggulu, n'okusengeka ebigambo mu kwogera, n'obugonvu mu ngeri omuntu gy'awuliramu mu nda, n'okulowooza okuwanvu, ebyo byonna bubonero obulabikira ku mitima nga biva mu kwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), oyo ekitangaala ky'okubeerawo.

Wulira ebigambo ebinyuvu okuva ewa mukama waffe Jalaalu Ddiini ar-Ruumi bwe yagamba nti:

"Jangu mutima ggwe, embaga ey'annamaddala kwe kutuuka eri Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), kubanga ekitangaala ky'ensi kiva mu kitangaala ky'obulungi bw'okubaawo kwe okwomukisa".

Ne mw'ekyo tusanga nti ekkubo liri limu lyokka lye tusobola okusaabala tulyoke tufune okusiimibwa Allah Oweekitiibwa n'okwagalwa okuva gy'ali, n'ekkubo eryo kwe kugoberera empisa za Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ez'okulabirako. Amakulu nti Omukkiriza yenna tasobola kubeera **"muntu mujjuvu"** amakulu omuntu agobererwa – ate ng'ekyo Obusiraamu kye bwettanira – ebbanga ly'amala nga tatambulidde n'okugoberera enkola ya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okulunngamya kwe, mu nsinza n'enneeyisa ye era tajja kufuna kutereera na ddembe ebyannamaddala ey'eddiini. Kubanga Allah Oweekitiibwa yalaga ekyokugoberera n'okulabirako "Omuntu omujjuvu" oyo Obusiraamu gwe bwettanira nga ye Mubaka Oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era n'amufuula eky'okusaasira eri ebitonde bye, era ekyokulabirako eri Abakkiriza bonna.

Mu ngeri eyo, okugonda okwo kukwata ekifo kya ku mwanjo, okutuusa ne Allah Oweekitiibwa bwe yakufuula kalombolombo k'okwagala abaddu be. Okugonda okwo kuli kutya?

Tewali kubuusabuusa nti embeera ey'ekika ekyawaggulu etandika na kwagala Mubaka wa Allah okuviira ddala ku ntobo y'omutima n'okufuna omugabo mu nsi ye ey'omutima. Kino kiri kityo kubanga Katonda waffe Oweekitiibwa agamba mu Kulaane ye eyeekitiibwa ng'ayogera ku kugoberera Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) oyo "ekyokukoppa ekirungi" nti:

((وَمَا آتَاكُمُ الرَّسُولُ فَخُذُوهُ وَمَا نَهَاكُمْ عَنْهُ فَانْتَهُوا وَاتَّقُوا اللّٰهَ اِنَّ اللّٰهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ)) (الحشر، ٧)

Okuvvuunula:

“Kyonna Omubaka ky’aba abaleetedde (oba abawadde) mukitwale; ate ky’aba abagaanye ekyo mukireke. Mube ne taquwa kubanga ddala Allah Muyitirivu wa kubonereza”. (Hashri, 7)

Mu aya endala, Allah Oweekitiibwa agamba nti:

((يَاأَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اَطِيعُوا اللّٰهَ وَاَطِيعُوا الرَّسُولَ وَلاَ تُبْطِلُوا اَعْمَالَكُمْ)) (محمد، ٣٣)

Okuvvuunula:

“Abange mmwe Abakkiriza, mugondere Allah mugondere ne Omubaka, era temwonoona emirimu gyammwe”. (Muhhamadi, 33)

Era agamba nti:

((وَمَنْ يُطِعِ اللّٰهَ وَالرَّسُولَ فَاُولَئِكَ مَعَ الَّذِينَ اَنْعَمَ اللّٰهُ عَلَيْهِمْ مِنَ النَّبِيّينَ وَالصِّدِّقِينَ وَالشُّهَدَاءِ وَالصَّالِحِينَ وَحَسُنَ اُولَئِكَ رَفِيقًا)) (النساء، ٦٩)

Okuvvuunula:

“Abo abagondera Allah ne Omubaka we beebo abali awamu n’abo Allah be yawa ebyengera mu Bannabbi, ne mu boogezi b’amazima n’abaafiira mu ntalo (nga balwana mu kkubo lya Allah) n’abalongoofu era abo be balungi okubeera nabo”. (Nisaa-i, 69)

Mazima ddala Kulaane eyeekitiibwa nga y'ettaala, obulunngamu, era ekitabo Allah Oweekitiibwa mw'ayigiririza ebyo bye yassa, kiraga abantu b'ekibiina ebintu by'omu nda ebikwata ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ekikakafu kiri nti ebyama bya Kulaane eyeekitiibwa byeyoleka ne birabika bulungi omutima bwe gujjula ebyama eby'omu nda ebya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Singa tufuna omukisa nga Basswahaba abeebitiibwa (Allah abasiime) gwe baafuna ne tuyingira mu nsi y'ebyama bya Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) twandisobodde okutuuka eri obulungi obuva ewa Allah, n'obulungi obuli mu kulagira okukola obulungi n'okuziyiza okukola obubi, n'okumanya n'amagezi ebyo ebiri mu byama ebyo.

Mu bufunze, singa tusobola okusoma oba okuyiga ebigambo bya Allah mu bwanjulukufu n'obweyolefu bwabyo, ku bikwata ku nsi ya Omubaka ey'omunda, emitima gyaffe gyandisobodde okubuukira awali Omubaka oweekitiibwa ne tubeera ng'abo abaali ku mulembe gw'okwesiima, abaayagala ennyo Nnabbi. Mu ngeri y'emu twanditegedde buli kigambo na buli kiragiro ne bwe kwandibadde kukozesa bubonero obwa Omubaka wa Allah, era twandituuse ku ddaala ly'okumwagala n'okumwewa, okwo ebigambo bino kwe byogerako:

"Mubaka wa Allah! Mpaayo taata ne maama n'emmaali yange nange kennyini ku lulwo."

Mazima ddala okubeerawo kwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) y'ensibuko y'obulungi n'ekitangaala era y'enkomerero y'okwagala eri omuntu. Abamanyi Allah bakimanyi nti ensonga y'okubeerawo okw'ebitonde kwali kwagala

kwa Allah ng'ayagala ekitangaala kya Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Olw'ensonga eyo ebitonde byonna byali mu ngeri ya kirabo eri oweekitiibwa Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), n'ebitonde byonna byakolebwa lwa kitiibwa kya kitangaala kya Muhammadi era ebimukuuma, nga Muhammadi ggemo era luulu ate ng'ensi y'eribikka. Olw'ensonga eyo yasaanira Allah Oweekitiibwa okumwogerako ng'agamba nti: "mukwano gwange".[43]

Nga beesiimye Abakkiriza abo abaawaayo emitima gyabwe eri Allah Oweekitiibwa ne Omubaka we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era ne bamwagala nnyo. Okwagala okwo okwabasobozesa okulinnya gye bali okusinga okwagala kwonna.

Mazima okusemberera ekituufu kusobola okutuukirira ng'omuntu akozesezza okwagala n'omukwano okusinga amagezi.

Mazima ddala eggulu ly'omwezi gwa Rabbil Awwal (omwezi ogwokusatu ku kalenda y'Obusiraamu) – eryafuna omukisa olw'okujja kwa Nnabbi eri ensi eno - lyaggulwawo, nga kya kusaasira n'okusonyiwa eri Abakkiriza.

Okusinziira ku bitabo bye byogera, mukyala Thuwaibah (Allah amusiime) yali omu mu bamaama ba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) abaamuyonsa. Omukyala ono yali muzaana wa Abu Lahabi, taata omuto owa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), nga Abu Lahabi oyo y'omu ku baasinga okuwalagganya Omubaka (Allah amusaasire

43 Laba: Tirmidhi, Manaaqib, ekitabo 1/3616; Darimi, Muqaddimah, 8; Ahmada, ekitabo 6/241; Haithami, ekitabo 9/29.

amuwe n'emirembe). Naye bwe baazaala Muhammadi, Thuwaibah n'awa Abu Lahabi amawulire ag'essanyu ag'okuzaalibwa kw'omwana wa muganda we. Olw'essanyu eringi Abu Lahabi yasalawo okuta Thuwaiba okuva mu buddu n'afuuka mwana waboobwe, nga tewali kyamukozesa kino okuggyako okwagala n'okwewulirira mu kika kye. (Halabi, ekitabo 1, 138)

Kyokka wadde kino Abu Lahabi yakikola lwa kwagala nnyo musaayi gwe, naye kyamufuukira ensonga emukendezesa ku bibonerezo buli lunaku lwa bbalaza mu buli wiiki.

Abbaasi (Allah amusiime) ensonga eno aginyumyako bw'atyi:

"Namala omwaka mulamba nga Abu Lahabi amaze okufa nga simuloota. Kyokka oluvannyuma n'amuloota ng'ali mu mbeera mbi nnyo n'anngamba nti:

'Sifunanga mirembe okuva lwe nnayawukana nammwe mpozzi bankendereza ku bibonerezo buli lunaku lwa bbalaza'. Olw'okuba nga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yazaalibwa ku lunaku lwa balaza Thuwaibah n'amuwa amawulire ago ag'essanyu n'amugamba nti: Otegedde nga Amina azaalidde muganda wo Abdallah omwana owoobulenzi?!' Abu Lahabi kwe kumugamba bw'atyi: 'Genda. Kati oli mwana waabwobwe' Ekyo ne kimuyamba ng'ali mu Muliro nga muganda we Abu Twalibi okulwanirira Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe kwamuyamba kubanga y'asinga abantu b'omu Muliro okubeera n'ekibonerezo ekitono. (Baihaqi, Raudhwul An'fi, 1, 273)

Hadiisi eno era baginyumya bwe batyi:

“Oluvannyuma lw’okuva eyo sifunangayo kalungi okuggyako nti bampa ku k’okunywa muno olw’okuba nti nata Thuwaibah”, olwo n’alaza mu bbanga eriri wakati w’engalo ze kyalakisajja n’olunwe.[44]

Ye Ibn Juzri agamba nti:

“Oba Abu Lahabi omulabe wa Nnabbi bamukendereza ku bibonerezo mu Muliro (Jahannama) olw’okusanyuka kwe yayolesa ku lunaku Nnabbi kwe yazaalibwa so ng’ensonga ze zaali za kwagala nnyo ggwanga lye, Omukkiriza anaafuna byengera ki n’okusaasirwa Allah bw’alaga okussa ekitiibwa mu kiro Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) kye yazaalibwamu, n’aggulawo omutima gwe, n’olujjuliro lwe, nga bino byonna abikola lwa kwagala nnyo ekyokweyagaza ky’ebitonde ekyolubeerera (Allah amusaasire amuwe n’emirembe)! Olw’ensonga eyo kikakata okuteekawo entuula ez’omwoyo ennyingi ddala mu mwezi Omubaka (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) mwe yazaalibwa, ng’era bwe kikakata okukolera Ekibiina “embaga” ennyingi abantu basobole okuganyulwa mu bintu by’omwoyo ebiri mu mwezi guno ogw’omukisa era bazze bujja obulamu obw’omwoyo. Ng’era bwe kikakata okusanyusa emitima eminakuwavu n’okusoma n’okusomesa Kulaane eyeekitiibwa, n’okuyisa abantu obulungi mu buli ngeri yonna esoboka, n’okuwayo saddaaka eri abaavu ne bamulekwa n’abatambuze, n’abantu abapya mu bitundu, n’abalina obwetaavu obw’engeri emu oba endala.

44 Ibn Kathiiri, Bidaayah, Cairo, 1993 A.D. ekitabo 2, 277; Baihaqi, Assunaul Kubra, 7, 162; Ibn Saad, ekitabo 1, 108, 125.

**Okwagala Basswahaba abeebitiibwa kwe baalina eri Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Basswahaba (Allah abasiime) baayagala nnyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) enjagala omuntu gy'atasobola kunnyonnyola wadde kutenda buzito na kigero. Okwagala okw'ekika kino kwasobola kutuukirira na kwagala kuva eri Allah era eno y'engeri yokka gye kusobola okubaawo.

Buli omu ky Basswahaba yalina olujegere lw'omukwano olumuyunga ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga lulinga amasannyalaze agasika mu kwagala. Ne bakeesa enkya nga balinga emmunyeenye ezeerippye ku ggulu mu ngeri gye baamwekwatako. Mu nda mwa buli omu ku Basswahaba bano mwalinga omuli eddoboozi lubeerera erimuyita nga ligamba nti: "Bw'atyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yali nga akola". Olw'okwagala okufuna omugabo gwabwe mu kumugoberera baalinga batambulira mu kkubo eryo lye yali atambuliramu, nga bawunyiriza ku kamuli ke yawunyangako era nga beesiiga akawoowo ke yali yeesiiga, nga bayimirira mu kifo kye yali ayimiriramu.

Nekiriwo kiri nti okwagala Basswahaba kwe baali balina eri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'engeri gye baali bamutwalamu ng'omuganzi byali tebyoge-rekeka wadde okutendeka. Bino byeyolekera mu bifaananyi ebingi ebyayatiikirira nga mwe muli na kino Mukyala Aisha (Allah amusiime) mwe yatendera ekyenyi ekyakaayakana ekya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga yagamba bw'atyi:

Singa abantu b'e Misiri baawulira ku ttama lye nga bwe lifaanana

Tebandyetawaanyizza kunenya Yusufu n'akamu

Abanenya Zulayika singa baalaba ekyenyi kye

Ate bandyagadde kukutula mitima mu kifo ky'emikono

Awatali kuwannaanya, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'otutte ekifaananyi muddu era muntu ng'era Shahadu bw'ekikakasa. Naye bw'otunuulira empisa ze okisanga nga ye "Akulira Ababaka". Wulira ebigambo by'omusomesa Aziizi Muhamuudu Hudayi eyalaba ku nsi y'ebyama n'agamba:

**Ensi eno ndabirwamu; buli ekigirimu kiyimiridde ku mazima. Ebiseera byonna Allah alabikira mu ndabirwamu ya Muhammadi** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)**.**

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kye kifo omweyolekera okwagala kwa Katonda, okwo okwadda waggulu ne kulinnya oluvannyuma lw'okwagala okulala okutali kwaddala okuli mu bubumbwa bw'omuntu n'obutonde bwe okujjula. Ekikakafu kiri nti Omukkiriza yenna bw'awulira engeri mu nda n'okukankanyizibwa okuva eri Katonda, era omwoyo gwe bwe guvaamu engeri n'obubonero obw'obwagazi bwonna, eyo ebeera ntandikwa y'ekkubo ly'okumwagala n'okumugoberera n'okwegatta naye. Ensonga eyo mukama waffe Jalaalu Ddiini Ar-Ruumii agyogerako bw'atyi:

"Ensi bbiri zaatondebwa olw'omutima ogumu. Lowooza ku makulu agali mu kigambo 'Singa si ggwe, singa si ggwe ensi teyanditondeddwa'"

Kyeyoleka bulungi nti okwagala kwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kulina kinene kye kukola ku kuweesa omuntu ekitiibwa mu nsi ebbiri: edduniya n'Enkomerero. Era Basswahaba abeebitiibwa (Allah abasiime) baafuna amadaala agaawaggulu awatali muntu ayinza kugasemberera olw'okwagala ennyo kwe baayagalamu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Waliwo ekyafaayo ekirala ekiraga engeri Basswahaba abeebitiibwa (Allah abasiime) gye baayagalamu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) enjagala eterina egifaanana:

Mu kusenguka Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yafuluma ng'agenda ku mpuku ng'ali wamu ne Abubakari (Allah amusiime). Nga batambula, ekiseera ekimu Abubakari yatambuliranga mabega wa Mubaka ate ekirala n'amutambulira mu maaso. Ekintu kino Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatuuka okukiraba kwe kubuuza Abubakari bw'atyi:

“Abubakari ebiseera nkulaba ontambulira mabega ate bw'omala n'onkulembera. Ekyo kitegeeza ki?”

Abubakari kwe kumuddamu nti: “Omubaka wa Allah! Ngenda ne nzijukira abatunoonya abatuva emabega olwo ne nkutambulira emabega, ate ne nzijukira abatulinze mu maaso olwo ne nkutambulira mu maaso”.

Omubaka kwe kugamba: “Naye Abubakari, singa waliwo ekintu ky'oyagala kikutuukeko nga tekintuuseeko”



Abubakari kwe kugamba nti:

“Yee gye kiri. Ndayira Oyo eyakutuma n’amazima nti singa wabaawo eky’okukutuukako njagala kibeere ku nze ggwe kireme kukutuukako” (Haakimu, Mustadraku, 3, 7/4268)

Bwe baamala ne batuuka ku mpuku eyitibwa Thauri Abubakari Swidiiqi (Allah amusiime) kwe kugamba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bw’atyi:

“Mubaka wa Allah! Ndeka nkusookeyo mu nda singa ebeerayo omusota oba ekintu kyonna eky’omutawaana kisooke nze nga tekinnakutuusaako bulabe”. Abubakari yayingira n’atandika okukwatakwata n’emikono gye. Bwe yalabanga ekituli ng’ayuza olugoye lwe ng’akibikka. Ekyo yakikola ku bituli bingi okutuusa olugoye lwe bwe lwaggwaawo nga wasigaddeyo ekituli kimu. Kye yakola ekituli kwe kussaawo akakongovule ke kazibe ekituli. Oluvannyuma yayita Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) ayingire. Ku makya Omubaka yamubuuza:

“Abubakari, olugoye lwo luli ludda wa?” Abubakari kwe kumubuulira ebyali bituuse ku lugoye. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yasitula emikono gye n’agyolekeza eggulu n’asabira Abubakari.[45]

Waliwo n’ekyafaayo ekirala ekirungi ekyoleka omukwano mukyala Sumayiraa bint Qaisi (Allah amusiime) gwe yalina eri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe). Omukyala oyo yafiirwa abantu be bataano balamba mu lutalo lw’e Uhudi, nga muno mwalimu abaana be babiri, taata we, bba

45 Laba: Ibn Kathiiri, al-Bidaayah, ekitabo 3, 222-223; Ali al-Qaarii; al-Mirqaati, Beirut, 1992 A.D. ekitabo 10, 381; Abu Na-iim, al-Hilyat, ekitabo 1, olup. 33.

ne mwannyina. Madiina ku lunaku lw'e Uhud yabuutikirwa emiranga, ebiwoobe n'okwaziirana, awo we baafunira amawulire nti Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bamusse. Abantu ebigambo byabaggwaako, ne baleekaana, ne badduka nga bagenda mu makubo bafune amawulire agava mu ddwaaniro. Mu bantu abaagenda okunoonya amawulire mwe mwali n'omukyala oli Sumayiraa. So nga bwe baamubikira abantu be teyalaga nnaku. Sumayiraa yatandika okubuuza abaavanga mu ddwaniro ekyali kituuse ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) Basswahaba abeebitiibwa ne bamuddamu nti: "Tewali mutawaana. Omubaka ali bulungi nga bw'oyagala". Omukyala kwe kugamba nti: "Mumale kumundaga mmulabeko". Baamumulaga ye kwe kugamba nti: "Omutawaana gwonna nga tegutuuse ku ggwe guba mutono". Oluvannyuma n'agenda n'anona emirambo gy'abaana be ku mbalaasi n'agitwala e Madiina". (Laba: Ibn Hishaam, 3, 51; Waqidii, ekitabo 1, 292; Haythami, ekitabo 6, 115)

Ye Anasi bin Maaliki anyumya nti:

"Waliwo omusajja eyajja ewa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'amubuuza nti: "Enkomerero etuuka ddi?" Omubaka n'amuddamu ng'aamubuuza nti: "Ggwe Enkomerero ogitegekedde ki?" Omusajja kwe kumuddamu nti: "Okwagala Allah, ne Omubaka we". Awo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) we yamugambira nti: "Ojja kubeera n'oyo gw'oyagala".

Anasi agamba nti: "Tetusanyukangako, oluvannyuma lw'Obusiraamu okujja, nga bwe twasanyuka nga Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) atugambye nti 'Ojja kubeera

wamu ne gw'oyagala'. Nze njagala Allah ne Omubaka we ne Abubakari ne Umaru era nneesunga okubeera nabo wadde ng'emirimu gye nkola tegibatuuka" (Muslim, al-Birr, 163)

Tewali kubuusabuusa nti buli Mukkiriza, okusobola okuyingira mu kusanyusibwa kuno Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe yayogera n'annyonnyola, Omukkiriza oyo ateekeddwa okuwunda omutima gwe n'okwagala ennyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumufuula mukwano gwe n'ekitangaala kye n'okwagala ennyo okumusisinkana.

Embeera ya Basswahaba olw'ennaku gye baalimu nga Omubaka oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) abafuddeko yali yeefaanaanyirizaako emisubbaawa gye bakoleezezza ne gisaanuuka. Mu lunaku olwo, emitima gyakoleera ne bitawuliro by'ennaku mu kiseera kimu olw'okwawukana ne Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), embeera ya Basswahaba (Allah abasiime) n'ekyuka okuva ku mbeera okudda ku ndala. Mukama waffe Umaru ye yali takyategeera, era Abubakari Swiddiiq yakola kyonna ekisoboka okumutereeza n'okukkakkanya emitima gya Basswahaba abalala (Allah abasiime), kubanga emitima egyali gyagala ennyo Omubaka nga tegisobola kugumiikiriza kuyitawo lunaku nga tegirabye ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) oba okufumiitiriza nti gyali tegikyaddayo kumulaba mulundi mulala mu bulamu buno obw'ensi obw'okuggwaawo. Ye Abudalla bin Zaid (Allah amusiime) kyamuyitirirako n'asitula emikono gye waggulu n'asaba n'omutima ogujjudde ennaku n'obulumi ng'agamba nti:

“Katonda wange! Nkusaba onzibe amaaso nneme kuddayo kulaba kintu kyonna oluvannyuma lwa mukwano gwange okunjawukanako okutuusa lwe ndimusisinkana (Allah amusaasire amuwe n’emirembe)”.

Edduwa eno yagisaba ng’eva ku ntobo y’omutima gwe ng’eno amaaso bwe gafukumula amaziga era ne gazibirawo.[46]

Ye Abubakari (Allah amusime) buli lwe yayogeranga ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) ng’amaze okufa oba n’ajjukira Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yatyetyemukanga n’akaaba ebigambo ne byesala era n’alekera awo okwogera. Embeera ya Abubakari eyo, Abuhurairah (Allah amusiime) aginyumyako bw’atyi: Lumu Abubakari (Allah amusiime) yalinnya ku mimbari n’agamba nti:

‘Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yayimirira ku mimbari omwaka ogwasooka’ olwo n’akaaba naddamu ekigambo ekyo era n’akaaba n’omulundi ogwokusatu, n’atasobola kwefuga era n’akaaba omulundi ogwokusatu”. (Laba: Tirmidhi, Da-awaati, 105/3558; Ahmada ekitabo 1, 3)

Abubakari buli kiseera yabeeranga ku lusegere lwa Omubaka nga mulamu; awamu n’ekyo yali takoowa kwagala kumulaba. Okwagala okulaba Nnabbi kuno kweyongera nnyo nga Nnabbi amaze okufa. Mukyala Aisha (Allah amusiime) attottola omukwano n’enkolagana eno taata we bye yawuliranga ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’agamba bw’atyi:

“Abubakari (Allah amusiime) bwe yasemberera okufa yabuuza nti: ‘Lunaku ki luno?’ Baamuddamu nti: ‘Lunaku lwa

46 Qurtubi, al-Jaami-u, Beirut, 1985 ekitabo 5, 271

bbalaza'. Kwe kugamba nti: 'Bwe mba nfudde ekiro temunsuzaawo kunziika nkeera kubanga emisana n'ebiro bye nsinga okwagala by'ebyo ebisinga okusemberera Omubaka wa Allah'. (Ahmada, ekitabo 1, 8)

Wabula teyafa kiro ekyo. Yabuwungeeza okutuusa ku lwokubiri ne bamuziika nga tebunnakya". (Bukhari, Janaa-izu 94, 70)

Basswahaba abeebitiibwa abamu (Allah abasiime) olw'okwagala ennyo Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) baabeeranga obulwadde obugenda okubatta nga babwesunga kubanga baabeeranga bagenda kusisinkana Allah ne Omubaka we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), era baatumanga abalwadde abasemberedde okufa okubalabira Omukama waffe Muhammad Kabaka w'emitima (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ye Muhammadi bin Munikadri (Allah amusiime) bwe yagenda okulambula mukama waffe Jabbeeri bin Abdalla (Allah amusiime) mu bulwadde bwe obwamutta, mu kumubeesabeesa n'okumusanyusa, yamugamba bw'atyi:

"Jabbeeri, tuusa Salaamu zaffe ewa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)". (Ibn Maajah, Janaa-iz, 4)

Basswahaba abeebitiiwba (Allah abasiime) abaayagala ennyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) baawuliranga emirembe n'essanyu bwe baawuliranga ng'omuntu ayogera ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Barraa-u bin Aazibi (Allah amusiime) atunyumiza engeri taata we gye yayagalanga okukozesa buli kakisa ke yafunanga awulire ebikwata ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Yagamba bw'atyi:

“Lumu Abubakari (Allah amusiime) yagula ensolo ku Aazibi ku Dirihamu kkumi na ssatu (13), kwe kugamba Aazibu nti: “Tuma Baraa-u andetere ensolo yange”. Naye Aazibu yamuddamu nti:

“Tekijja kusoboka okutuusa ng’otunyumizza engeri gye mwalimu ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bwe mwafuluma okuva e Makka nga Abashiriku babanoonya”. Abubakari kwe kugamba bw’atyi:

“Twatambula okuva mu Makka ekiro n’emisana okutuusa mu malya g’ekyemisana ne ntunulatunula okunoonya ekisiikirize tusobole okwewogomamu akasana, okutuusa lwe nnalaba olwazi ne ndusemberera ne ndaba ekisiikirize ekisigaddewo. Awo ne njaliraawo Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) asobole okuwummulirawo. Oluvannyuma ne mugamba nti: ‘Weewunzikeko, Nnabbi wa Allah’. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) ne yeewunzikako.

Oluvannyuma nnagenda nga bwe ntunulatunula ndabe oba nga waaliwo eyali atuwondera, nagenda okulaba nga ndaba omulunzi w’embuzi ng’agoba embuzi ze azitwala ku lwazi nga naye anoonyaayo kisiikirize nga ffe kye twali tunoonya. Kwe kumubuuza nti: ‘Oli mulenzi w’ani?’ Kwe kumbuulira mukama we nga musajja Mukulayishi mmumanyi. Kwe kumugamba nti: ‘Embuzi zo mulimu ku mata?’ Ko ye nti, ‘ye’. ‘Osobola okutukamirako?’[47] Kwe kukkiriza. Namulagira asibe emu ku

47 Yali mpisa ya Bawalabu era mu byabuwangwa bwabwe obutagaana mutambuze kunywa mata ga mbuzi n’ensiga ne nngamiya zaabwe. Ekyo baakikuutiranga abalunzi

mbuzi (endiga) oluvannyuma ne mulagira okulongoosa ekibeere akiggyeko enfuufu, oluvannyuma ne mmulagira ayonje ebibatu bye bw'atyi, olwo n'akuba ekibatu ekimu ku kirala n'ankamira ekikopo ky'amata.

Nali nakolera Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ensawo y'amazzi nga ku mumwa gwayo kuliko ekiwero ekisengejja ne nfuka amata okutuusa lwe yatoba wansi, olwo ne nkitwala ewa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ne musanga ng'azuukuse ne mmugamba nti: 'Nywa Mubaka wa Allah', n'anywa okutuusa lwe nnamatira. Oluvannyuma ne mmugamba nti: 'Mubaka wa Allah! Ekiseera ky'okutambula kituuse'. Omubaka wa Allah kwe kugamba nti: 'Tutambule'. Twatambula nga n'abantu batunoonya naye tewali yatusanga okuggyako Suraaqah bin Maaliki bin Ju-ushum eyali ku mbalaasi ye, nze kwe kugamba Omubaka wa Allah nti atuwondera atusanze. Omubaka wa Allah yagamba bugambi nti:

---

baabwe era nga bakateekawo nga kakwakkulizo eri omuntu atwala obuvunaanyizibwa bw'okulunda embuzi n'ebisolo byabwe obutagaana mutambuze yenna kunywa mata. Ekyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) akyogerako bw'atyi: "Abantu ba biti bisatu, Allah tagenda kwogera nabo ku Lunaku lw'Enkomerero: Omuntu amma omutambuze amazzi g'aba asigazizza, n'omusajja alayira ku kyamaguzi olwegulo (ng'alimba), n'omusajja awera mu maaso ga Imaamu (omukulembeze) naye nga bw'abaako ky'amuwa ng'atuukiriza obweyamu bw'aba akoze, so nga bw'atamuwa obweyamu bw'aba awaddeyo abumenya". (Abu Dauda, Buyuu-u, 60/3474).

((لاَ تَحْزَنْ اِنَّ اللّٰهَ مَعَنَا)) (التوبة، ٤٠)

Okuvvuunula:

"Tonakuwala. Mazima Allah ali wamu naffe (Taubah, 40)". (Bukhari, Aswhaabu Nnabiyy, 2 Ahmada ekitabo 1,2)

Basswahaba abeebitiibwa (Allah abasiime) baawanga nnyo Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekitiibwa, nga bamugulumiza, era nga bamwagala nnyo, okutuusa ng'abamu tebasalako nviiri ku mitwe gyabwe wadde okusanirira enviiri kubanga Nnabbi yabasiimula mu mutwe. (Laba: Abu Dauda, Swalah 28/501)

Waliwo ekyagwawo ekiraga engeri bakyala ba Babaswahaba (Allah abasiime) nabo gye baayagalangamu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'engeri abakyala abo gye baali bayigirizaamu abaana baabwe okwagala Nnabbi. Era bakyala ba Baswahaba baagugumbulanga abaana baabwe abaamalanga ebbanga eggwanvu nga tebalabye Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ekintu kino mukama waffe Huzaifah bin Yamaani (Allah amusiime) akitunyumizaako bw'atyi:

Lumu mmange yambuuza bw'atyi: "Omaze bbanga ki nga tolaba Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)?" Kwe kumuddamu nti: "Simulabanga okuva ku kiseera kino na kino". Yansika okutuusa lwe nnamugamba nti: "Ndeka nja kugenda ewa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nsaale naye Sswala ya Magharibi era mmusabe asabe Allah nze naawe atusonyiwe". Nnagenda ewa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ne nsaala naye Sswala ya Magharibi

n'asaala okutuusa ku Sswala ya Ishah. Oluvannyuma yafuluma ne mugoberera n'awulira eddoboozi lyange n'agamba nti: "Ani ono, Huzaifah?" Ne nngamba nti" "Ye". Kwe kunngamba nti: "Oyagala ki, Allah akusonyiwe ne maama wo …" (Tirmidhi, Manaaqib, 30 – 3781; Ahmada ekitabo 5, 391)

Yo embeera ya Bilaali (Allah amusiime) omwaziinyi wa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era ennyonza y'omuzikiti gw'obwnnabbi yo ate yabeera mbi nnyo okusinga ey'abalala. Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yafa, Bilaali yafuuka nga gwe basazeeko olulimi era teyaddayo kwasamya kamwa, ne Madiina n'emufundirira. Abubakari (Allah amusiime) bwe yatandika okufuga yayagala akomyewo okwejjukanya okwekitiibwa okw'okwaziina kwa Bilaali nga bwe kwabeeranga ku mulembe gwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), kwe kwesiba ku Bilaali emirundi egiwera addemu ayaziine. Naye Bilaali eyali mu bulumi ate nga yali ayagala nnyo Omubaka wa Allah yamwetondera nga bw'agamba nti:

"Abubakari! Sikyalina kaagala konna okusitula eddoboozi nga njaziina. Nkusaba oleme kumpaliriza ondeke mu mbeera yange gye ndimu". Wabula mukama waffe Abubakari (Allah amusiime) yeeyongera okumupererereza olutatadde, ng'ayagala ajjukize ekibiina kya Nnabbi ennaku ennungi ze baalimu mu biseera bya Omubaka oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kumugamba nti:

"Ekibiina kya Mutume kiyinza okufiirwa Omwaziinyi wa Omubaka nga bwe kyafiirwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)?"

Bilaali (Allah amusiime) yali takyasobola kugaana nga Abubakari (Allah amusiime) amwesibyeko. Naye wadde yeewaliriza n'alinnya omunaala ng'akotese omutwe nga n'amaziga gamuyitamu, ayaziine ku Sswala ya Fajri (Subhi), wabula okujjukira ennaku ennungi ze yamala ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwamuleetera okufukumuka amaziga, okukaaba ne kumuziba eddoboozi era okwaziina ne kumulema n'adda eka. Abubakari (Allah amusiime) teyaddayo kumwesibako mulundi mulala.

Bilaali yali takyasobola kuwangaalira Madiina kusukka awo, kubanga Madiina yali ejjudde ebintu bingi by'emujjukiza nga bali ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Olwamala Sswala ya Subuhi yafulumirawo n'agenda e Damascus.

Yeetaba mu ntalo nnyingi nga ky'ayagala kwe kufiira mu lumu kuzo asobole okusisinkana Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) wabula bambi buli mulundi yali akomawo nga mulamu ku lw'okugera kwa Allah n'okusalawo kwe. Waayitawo emyaka ng'ali mu mbeera eyo, okutuusa ne kawumpuli eyazingiza Damascus n'atta abantu emitwalo ebiri ne kitundu (25,000) Allah yamugerera obulwadde n'abuvvuunuka n'awangaala naye ng'omutima gwe guggweerera olw'okwagala ennyo okusisinkana Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Lumu yaloota Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) Omubaka oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'amugamba nti:

“Okukyawa nga kuyitiridde Bilaali? Olowooza totuuse okunkyalira?” Bilaali n’azuukuka nga munakuwavu, ne yeebagala ensolo ye, n’agenda e Madiina. Bwe yatuuka e Madiina yagenda ku ntaana ya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’abeera awo ng’akaaba nga bw’agyekuusaako ekyenyi kye. Hasane ne Huseyini bazzukulu ba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) ne batuuka. Olwabalaba n’abagwa mu kifuba n’abanywegera, bo kwe kumugamba nti:

“Bilaali! Twegomba nnyo okuwulira okwaziina kwo”

Bilaali n’akikola. Yalinnya waggulu w’ennyumba n’ayimirira. Olwagamba nti “Allaahu akbaru, Allaahu akbaru”, Madiina yaddamu obulamu. Bwe yagamba nti: “Ash-hadu an laa ilaaha illa Llaahu”, Madiina yeeyongera okuddamu obulamu. Bwe yagamba nti: “Ash-hadu anna Muhammadan rasuulu Llaahi”, abawala baafuluma mu bikomera. Abantu ne bagamba nti: “Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) azuukidde”. Madiina teyalabako basajja na bakazi bakuba biwoobe oluvannyuma lw’okufa kwa Omubaka wa Allah nga bye baalaba ku lunaku olwo.[48]

Sswahaba oyo eyayagala ennyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yafa ng’awezezza emyaka nkaaga (60). Yafiira Damascus. We yafiira ng’addinngana mu ssanyu ekigambo: “Enkya nja kusisinkana abaagalwa Muhammadi n’ekibiina kye”.

Mukyala we yakaabanga nga bw’agamba nti: “Ndabye! Naye ye omutima gwe ogwajjula okwagala ennyo okusisinkana

48 Laba: Ibn Athiiri, Asadul Ghaabah, ekitabo 1, 244, 245; Dhahabi, Siyaru A-alaami nubalaa-i, Beirut 1986 A.D. ekitabo 1, 357, 358.

Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ne banne (afunye kye yali ayagala). Yali tajja ku mumwa mu masanyu ekigambo nti: "Nga ssanyu lyereere!" (Dhahabi, Siyaru a-alaamu nubalaa-i, ekitabo 1, 359)

Okwagala kuno okungi era kweyolekera nnyo mu ngeri Basswahaba abeebitiibwa gye baayogerangamu hadiisi ezeekitiibwa. Basswahaba abeebitiibwa bwe baabanga boogera hadiisi eyeekitiibwa eya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ebyenyi byabwe byamyukiriranga ne bakankana nga batya okwogera ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekintu kyonna ky'ataayogera (okumuwaayiriza). Okugeza Abdalla bin Masuudi buli lwe yagambanga nti: "Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagamba …" ng'akankana nnyo. Mu ngeri eyo Basswahaba bangi olwamalanga okwogera hadiisi nga basembyayo ebigambo nga: "oba nga bwe yagamba", "nga bwe yagamba", "oba ekyagala okwefaanaanyirizaako ekyo", "oba ekisemberera ekyo". Kino baakikolanga olw'okumanya nti wayinza okubeerawo ensobi ez'obuntu. (Ibn Maajah, Muqaddimah, 3)

Olw'okubanga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali Mubaka mukulu nnyo, enduli y'omutende kwe yali ayimirira okubuulirira abantu yakaaba ng'agirekawo. Amazzi gaafukumuka mu ngalo ze abantu b'ekibiina kye banywe. Amazzi ge yafissangawo lyabeeranga ddagala erivumula endwadde. Era lumu abaali balya naye baawulira ekitole ky'emmere kye yali akutte mu ngalo nga kitendereza.[49]

49 Okusoma ku byamagero ebyo n'ebirala laba: Bukhari, Manaa - ib, 25.

Enviiri okuva ku nviiri ze ezeekitiibwa zaasigala zikuumibwa mu mimbari y'emizikiti nga baziyita: "Enviiri ezeekitiibwa" nga bazissaamu ekitiibwa n'okugulumiza nga bazinoonyaamu okufuna emikisa gye (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), era nga kya kusaasira eri Abakkiriza.

Ye mukulembeze w'okuzuukira ku Lunaku lwenkomerero

Ye w'okuwolereza aboonoonyi

Ye alumwa era awulira okunyolwa olw'ekibiina kye nga bw'agamba nti: Kibiina kyange! Kibiina kyange ….

Bendera y'okutendereza eri mu mikono gye,

Bannabbi bonna bajja kuwummulira wansi w'ekisiikirize kye

Omukono gwe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) gwe mukono ogulisooka okuggula emiryango gy'e Jjana.

Wulira ebigambo ebisenekerevu Seeka Ghalib by'ayogera ng'atenda embeera eno. Agamba nti:

- Ebigambo byo bye wabuuliriranga biyimbibwa era ne bisomebwa ku bituuti by'ensi y'okusigalawo
- Amateeka go, okuwolereza n'ebigambo byo bijja kubeerawo era biteekebwe mu nkola ku Lunaku lwe Nkomerero.
- Okutuuka kwo okwekitiibwa kwanirizibwe abo abali ku Arshi n'okukunngaana n'essanyu ery'ekika kyonna.

- Amannya go ag'ebitiibwa lubeerera bagoogera ku nsi ne mu ggulu
- Ggwe Ahmada, ggwe muhaamuudu, era ggwe Muhammadi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ggwe mukama wange!
- Ggwe Kabaka, Allah gwe yatusiimira mukama wange!

**Ensulo z'okwagala ezikulukutira Omubaka** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **oluvannyuma lwa Basswahaba abeebitiibwa** (Allah abasiime)

Omukwano n'okwagala eri oyo eyali ekyokusaasira eri ebitonde Omubaka wa Allah Omulezi w'ebitonde (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) byagenderera nga bifukumuka bupya mu bungi kubanga omutwe gw'okwesiima n'emirembe ku nsi n'Enkomerero biri mu kumwagala.

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ayogera mu hadiisi ey'ekitiibwa nti abamwagala ennyo era ab'omukwano gy'ali baakugenderera okutuusa ku Lunaku lwenkomerero n'agamba nti:

"Mu bantu abasinga okunjagala mu Kibiina kyange mulimu abantu abajja okujja oluvannyuma lwange ng'omu ku bo yeegomba nti singa yali asobola okuwaayo abantu be n'emmaali ye okusobola okundaba" (Muslim, Jannah, 12; Haakimu, ekitabo 4, 95/6991)

Katonda waffe! Ffe abataasobola kumulaba tuteeke mu bantu abo aboogerwako mu hadiisi eyo. Aamiina.

Ekifaananyi ekyo kyoleka bulungi nti okwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), eri abo abamwagala era abaamufuula ow'omukwano, kubuuka ensalo z'obulumi, ebigezo, n'emitawaana ebiggwaawo. Abdalla bin Mubaarak agamba bw'atyi:

"Nnali ewa Imaamu Maaliki ng'alina hadiisi za Omubaka wa Allah z'atubuulira. Naye mu kiseera ky'okusoma hadiisi nnalaba obubonero mu kyenyi kye obulaga nga yali tateredde ng'alabika ali mu bulumi. Nnalaba kkala ye ng'ekyuse nga yenna amyukiridde mu maaso. Naye teyalekera awo kusoma hadiisi za Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okutuusa essomo lwe lyaggwa. Abantu bwe baagenda nnamubuuza bwentyi:

"Abu Abdalla olwaleero nnyina kye nkulabyeko ne kinneewuunyisa". Ye kwe kunngamba:

"Kituufu sigga ambozze nga nsomesa emirundi kkumu na mukaaga (16) naye ebyo byonna ne mbigumiikiriza olw'okuwa hadiisi z'omulondemu (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekitiibwa".[50]

Imaamu Maaliki y'omu mu Madiina eyakaayakana yali teyeebagaliramu nsolo ye olw'okuwa ettaka Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) lye yatambulirangako ekitiibwa. Ate waliwo eyajja okumubuuza hadiisi ey'ekitiibwa kwe kusituka n'atawaaza ne yeesiba ekitambaala ne yeekuba obuwoowo n'atuula awasitufu, olwo n'alyoka amwanukula. Ebyo byonna yabikolanga kweteekerateekera bulamu bwa mwoyo obwa

50 Manaawi, Faidhwul Qadiir, Beirut, 1994 A.D. ekitabo 3, 333; Suyuutwi, Miftaahul Jannah, olup. 52.

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Yali assaayo omwoyo mu ngeri eyeekika ekyawaggulu era nga abeera n'empisa empitirivu buli lwe yabanga ayogera ebigambo bya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ate bwe yabeeranga ku Rawudhwa eyeekitiibwa (ekifo ekiri wakati wa Mimbari n'entaana ya Nnabbi mu muzikiti gw'e Madiina) yakkakkanyanga eddoboozi ng'anyumya. Waliwo Khaliifa Abu Ja-afari al-Mansuuri lwe yali anyumiza mu ddoboozi eryawaggulu, Imaamu Maaliki kwe kumugamba bw'atyi:

"Khaliifa! Kkakkanya eddoboozi mu kifo kino. Allah Oweekitiibwa yagaana okunyumya ng'ositudde eddoboozi awali Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), ate ng'okwekesa n'okugaana yali abikola ku Basswahaba abaali bakusinga obulungi n'ekitiibwa.

Olulala yasonyiwa Omufuzi w'e Madiina eyali amulyazaamaanyizza (amuyisizza obubi) n'amugamba nti:

"Nkwatibwa ensonyi okuwoza n'omu ku bazzukulu ba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu Bbaliro"

Ye Sayyid Ahmada Yasawi, omu ku bakulembeze abakulu ab'abo abaagala ennyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), olwaweza emyaka enkaaga mu esatu (63) n'alekera awo okutambula n'okutaayaaya mu nsi ng'ekimugaana gwe mukwano n'okwagala bye yalina eri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), okuva Omubaka lwe yafa ng'alina emyaka nkaaga mu esatu (63). Olwo obulamu bw'okulunngamya n'asigala kubukolera mu kifo ekyefaanaanyirizaako entaana okumala ebbanga lya myaka kkumi we yafiira.

Ate Imaamu Nawawi yeesonyiwa okulya *woota meloni* (*water melon*) obulamu bwe bwonna ng'entabwe eva ku kuba nga yali tamanyi ngeri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) gye yagiryangamu. Ono ekyamukozesa ekyo kubanga yali ayagala kuwangaala bulamu nga Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bwe yabuwangaala ate ng'atya okukola ekintu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ky'ataakola.

Ye Sultaan Saliimu Owoolubereberye Omuottoman, eyafuga ensi eno, yeetuusa ku kumanya ekituufu ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'akizuula nti buli mukwano gwa Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ali waggulu w'ebipimo by'edduniya yagamba nti:

Omuntu okubeera omufuzi w'ensi eno kitegeeza kukaayana na kulwana ebitaliimu mugaso.

Naye omuntu okubeera omugoberezi era ayagala omulunngamya owaddala oyo abeera ku ddaala erisinga okubeera waggulu, era erisinga obulungi n'omuwendo okusinga ekintu kyonna.

N'obunyiriri buno atutegeeza okusaalirwa kwe n'okwegomba, n'obukulu bw'okusemberera omulyango gwa Allah ne Omubaka we.

Ate edda nga ku mpeta (sitampu y'obufuzi) bawandiikako olunyiriri olw'ebitontome oba ekigambo ky'amagezi eky'omu ku bagezi. Naye mukyala Bezmi Alem maama w'omu ku Bakabaka ab'olulyo lwa Ba-ottoman ku mpeta ye yawandiikako ebigambo ebiraga nti Allah Oweekitiibwa yatonda ensi eno

olw'okuwa ekitiibwa ekitangaala kya Muhammadi nga bigamba bwe bityi:

Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yajja eri ensi okuva mu kwagala kwa Katonda gy'ali,

Tewali kalungi mu kwagala okutaliimu Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe),

Okujja kw'omwagalwa eri ensi eno n'okumuwa ekitiibwa, byayamba Bezmi Alem okutuuka eri Katonda we.

Ye Fadhuliyy al-Baghdaadi omuyimbi omwatiikirivu okujja kuno n'okubeerawo yabiraga bw'atyi mu luyimba lwe olwatiikirivu lwe yatuuma "Amazzi" n'agamba:

- Liiso! Tosaasaanya ezziga ly'eriiso ku kitawuliro ky'omutima gwange.
- Amazzi tegajja kusobola kuzikiza kitawuliro ekyo ekyakoleera nga kiva mu muliro gw'okwagala.
- Simanyi langi ya ggulu, abaffe langi yaago eva mu langi y'amazzi oba mu maziga agaatonnya ne gafukumuka okuva mu liiso lyange ge galifuula eryetoolodde.
- Omulimi amazzi gonna yandigalazizza mu nnimiro ye n'ateebonyaabonya,
- Kubanga ne bw'afukirira ennimiro lukumi teyandiggyeemu kimuli na kimu kifaanana kyenyi kyo, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

- Abaagalwa bange! Bwe mba nfudde nga sinnaba kunywegera mikono gye (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) egyekitiibwa.
- Ettaka ly'entaana yange mulikolemu eggiraasi mugiweeremu Omwagalwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) amazzi olwo mbe nga nnywegedde emikono gye egy'ekitiibwa.
- Amazzi gakulukuta ne gatambula nga tegayimiriddeemu okumala emyaka n'ebisiibo gasobole okunywegera ebigere byo eby'omukisa,
- Amazzi mu kufubutuka, okutabuka, okukulukuta, n'okumiribwa ettaka, gonna gadda wuwo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) gakulukuta nga tegamanyi ng'emitwe gyago gagitomeza amayinja limu ku limu n'olwazi lumu ku lumu.

Ate ye Sulaimani Celebi yagamba nti enjuba yali erengejjera waggulu wa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'eringa ekiwojjolo bwe kibuuka okwetooloola ekitangaala. Yagamba bw'atyi: "Ye kye kitangaala ekyo enjuba kye yeetooloola".

Ate Sultaan wa Ba-ottoman ayitibwa Ahmada Khan yasiiga ekifaananyi ky'ekigere kya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekyekitiibwa ng'atambula, asobole okufuna ebirungi ebingi mu kumujjukiza Omubaka. Era ekikolwa ekyo yakitungamu obuyimba obugamba nti:

- Ndabye nze. Singa nnali plubeerera nga nsitula engule yange waggulu w'omutwe gwange,

- Obuwufu bw'ekigere kya Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekyomukisa, oyo engule za Ababaka,
- Nannyini buwufu bw'ekigere ekyo ky'ekimuli ekiri mu nnimiro y'obwannabbi,
- Ahmada! Tambula ofukirire n'ekyenyi kyo ekigere kya "ekimuli" (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ate Ustaazu Aziizi Muhamuudu Hudayi ye omukwano ogwo yagwogerako bw'atyi:

- Okutuuka kwo kusaasira na kuwoomerwa na kutukula na bugonvu, Mubaka wa Allah,
- Okujja kwo ddagala eri obulwadde bw'abaagala, Mubaka wa Allah,
- Hudayi muwolereze kungulu ne munda,
- Ye musabiriza talina kantu eyeewombeese akutte ku mwango gw'omulyango gwo, Mubaka wa Allah.

Ate abantu abaali bagenda okukola Hijja bwe baasemberera e Madiina, omuyimbi Naabi yawulira bubi kubanga yalaba ekigere ky'omu ku Ba Pasha (abaami) nga yeerabidde alannamye ekigere ne kituuka ku Rawudhwa eyeekitiibwa. Yawandiika ennyirir ng'ali mu ngeri eyo ey'okwennyamira mwe yalagira engeri gye yawangamu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekitiibwa. Yagamba bw'atyi:

- Weewale okukola empisa embi. Kino kifo kya Mubaka wa Allah,

- Kino kifo era Allah w'atadde eriiso era Omulondemu we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) w'ali,
- Naabi! Yingira mu Rawudhwa eyo naye na kakwakkulizo kamu kulongoosa mpisa,
- Wano abatukuvu we beetooloolera era Bannabbi we banywegera.

Mu kwagala ennyo kuno okutaliimu kakiki yenna aviira ddala ku ntobo y'emitima, abaaziinyi ba Rawudhwa baasomanga ebigambo ebitenda n'okuwaana Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) buli kiseera kya Sswala ya Subuhi. Kuno okudda okugonvu eri Omubaka wa Buwalabu n'abantu bonna, Muhammadi bin Abdalla (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwalinanga kinene kye kwakolanga ku muyimbi Naabi n'ayingira mu Rawudhwa n'amaaso agajjudde amaziga.

Ye Muhammadi As-ad omu ku Bamaseeka abakulu mu mirembe gino yayogera bulungi ku kujja n'okulumwa olw'eki-tawuliro ky'okwagala kwe yali awulira eri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'agamba nti:

- Ebiseera ebirungi olw'endabika yo ennungi mukwano gwange byafuuka muliro,
- Ekimuli muliro, n'ennyonza mulito, n'ebirimba muliro n'ettaka n'eriggwa muliro.
- Okumasamasa kw'ekyenyi kyo ekyakaayakana ng'en-juba kwe kwayokya abaagala bonna,
- Olulimi muliro n'ekifuba muliro okutuusa n'amaaso ago agakaaba olw'okukwagala nago muliro,

- Abaffe kisoboka okusinziira ku miriro egyo gyonna egyetoolodde okunaaza omuzira afudde mu lutalo lw'omukwano?
- Omubiri gwonna muliro n'essanda muliro okutuusa n'amazzi ag'okunaaza omuzira oyo nga bagataddemu ne kalifuuwa nago muliro.

Waliwo n'ennyimba omuyimbi ow'oku mulembe guno Yaman Dede, eyali omugoberezi wa Kristo, kyokka oluvannyuma n'asiramuka, mpozzi ye omukisa gwe kwe kuba nga yategeera ekituufu ku Muhammadi n'afuuka Omukkiriza eyakaabanga ennyo ate ng'aggweerera olw'okwagala Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Yaamaani yawandiika ennyimba ennungi okuzaama n'agamba bw'atyi:

- Singa nfunye ennyonta eyaamaanyi ennyo omwoyo gwange ne ntuuka okuguwaayo mu ddungu eryokya ennyo, sandiwulidde bulumi,
- Ensozi z'omuliro zikoleera mu kifuba kyange okutuusa ne bwe bandinfukiridde amayanja g'amazzi sandiwulidde kutoba wadde amazzi agafukumuka,
- Mpa emirembe n'obulungi bwo Mubaka wa Allah nkoleera nzigwawo,
- Ng'okwesiima kuyitirivu omuntu okuzibiriza amaaso olw'okukwagala n'omwoyo n'aguwaayo mu kkubo lyo,
- Sikkirizibwa okuwaayo omwoyo gwange ku mwango gwo, ggwe anfuga?!

- Kijja kumbeerera kyangu okuwaayo omwoyo gwange nga gusinda n'ennaku n'okukwagala gy'oli,
- Mpa emirembe n'obulungi bwo Mubaka wa Allah nzija nzigwawo,
- Nkonkonye omutwe gwange ne mpeta ku nsingo. Mbonaabona, ate ng'eddagala ly'endwadde yange liri wuwo,
- Emimwa gyange gyakala ne gikoleera omuliro, nga gyasamye olw'okukwogerako wansi w'ebigere byo,
- Wa eddembe ono atalina kantu wonna w'oba oyagalidde era omutima gwo we guba gwagalidde,
- Mpa emirembe n'obulungi bwo Mubaka wa Allah nkoleera nzigwawo.

Era Kamaal Adiib Kurkcuglu yawandiika obunyiriri bw'oluyimba obulungi ng'attottola okwagala ennyo n'okujjumbira abaali mu ggulu kwe baalaga nga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) alinnye mu ggulu ku lunaku lwa Israa ne Miraaje. Yagamba bw'atyi:

- Olw'okuba ng'eggulu lyafuna ekitiibwa olw'okulaba ku kyenyi kye ekyekitiibwa ku lunaku lwa Miraaje,
- Eggulu ne ligwa ku nsi ne livunnama olw'okwebaza,
- Nga ne Jibriilu (Mwoyo Mutukuvu) abugaanye essanyu ng'ayambadde engoye z'emizizo buli kiro,

- Alyoke akke ku Haram n'ebifo ebitukuvu nga mugenyi mu kibuga kya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).
- Yandyewuunyizza oyo alabye ekyenyi kye nga bw'agamba nti nga ndabye singa mulabye omulundi omulala ng'amagezi gamuweddemu olw'okwewuunya, okuwuniikirira n'okusamaalirira,
- Era yandiwuniikiridde olw'obulungi bw'ekyenyi kye n'awoggana …. Allah! Allah!

Obuntu bwa Basswahaba ne bufuuka buntu obwenjawulo ennyo ku buntu bw'abantu abalala bonna, ne bafuuka emmunyeenye ezeeyolese mu nsi, nga kino baakituukako olw'okuba nga baafuula obuntu bwa Omubaka ekyokugoberera gye bali, era nga kye kyokugoberera kw'abo abaabagoberera mu buli kintu ne bafuna essanyu eryolubeerera n'okusembera. Basswahaba abeebitiibwa (Allah abasiime) n'abalongoofu, n'abo abanywerera ku mazima baafuna obulungi n'ekitiibwa mu kigero nga bwe baasobola okusembera eri Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) eky'okweyagaza kw'ebitonde ekyolubeerera.

Tulina katundu kenkana wa mu by'omwoyo abantu nga Abdalla bin Zaid (Allah amusiime), ne Bilaali Omuhabashi (Allah amusiime) ne Imaam Nawawi, ne Sayyid Ahmada Yasawi n'ababafaanana bye baalina! Olw'ensonga eyo, kitukakatako okugeraageranya we tutuuse mu kwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ne tulaba eddaala lye tusaana okubeeramu mu Kibiina kya Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ng'era bwe kitukakatako emyoyo gyaffe okugiriisa n'obuzuukufu n'obulamu obw'omwoyo ebyo

byonna nga biri mu mbeera z'abo abaafuna okwagala okwo okwafukumuka okuviira ddala ku mulembe gwa Basswahaba (Allah abasiime).

N'ekiriwo kiri nti engeri z' Abasiraamu abanene ezo ze twogeddeko wano, ebyo bipimo ebiwanvu okusinga ekigero n'obuntu obulinga emmunyeenye. N'ekibafuula emmunyeenye mu mitima gy'Abakkiriza abo abajja oluvannyuma lwabwe okutuusa ku Lunaku lwenkomerero, bwe buyitirivu bw'okwagala n'omukwano bye baalina eri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ffenna tumanyi nti okwagala n'omukwano biringa olukoloboze oluyunga wakati w'emitima ebiri. N'akalombolombo akaliwo osobole okubeera Omukkiriza omulungi, gwe mutima gwo okufuna okweteekateeka okwo. N'ebizibu abantu bye bawangaaliramu olwaleero bijja lwa kubulawo kweteekateeka kwa mutima. Olw'ensonga eyo empisa ennyingi zaafuuka byoya bya nswa, ne ziyulika mu bitimba by'obwagazi bw'omutima. Ate omuntu tasobola kulaba kkubo lituuka eri okulinnya kw'omwoyo kasita amayengo agamusindika gabeera bwagazi na bintu bya nsi.

Omuntu tasobola kulinnya kuva mu kwagala okutali kwaddala okudda eri okwagala okwaddala nga bwe kitasoboka omuyimbi gwe baayitanga Imru-ul Qayisi gwe baapaatiikako erya "Majnuun Layla (omulalu wa Layla)" okutuuka eri Omutonzi mu lugendo lwe lwe yatandikira ku muwala Layla, okuggyako ng'omutima gutendekeddwa mu kkubo ly'okufuna ensi y'okwagala okwannamaddala.

Obuntu olwaleero bwetaaga nnyo okwagala okwo. Era ensonga evaako obumenyi bw'amateeka, ebyonoono n'ebikolwa ebyettima kubulawo kwagala kuno.

Obunene n'obukulu bw'okwagala okwannamaddala bugeraageranyizibwa ku kwewaayo n'okwefiiriza omuntu kw'aba akoze n'obulamu bwe okubussa mu katyabaga ku lw'oyo omwagalwa gwe twegomba. Kubanga omuntu ayagala ennyo awaayo omwoyo gwe ku lw'oyo gw'ayagala, era takiteeka mu mwoyo gwe nti alina ky'awaddeyo, wabula muli awulira nti asasudde bbanja ly'alina kw'oyo gw'ayagala. Naye abantu abo abataamanya kwagala okwannamaddala, ng'ate tebaafuna mugabo gwonna mu kwagala okwo, era nga tebeetekateeka mu kifaananyi ekimala okutuuka eri obujjuvu, ne bafaafaaganirwa emitima gyabwe era ne bagizikiriza wansi w'entoli z'obwagazi.

Okutwala obwesigwa obwo ensozi bwe zaagaana okwetikka ekyo kintu kya njawulo Allah kye yawa omuntu ng'ekirabo. Wabula ekirabo kino okusobola okukituukirira mu bwennyini bwakyo, omuntu ateekeddwa okutuuka eri okwagala okwannamaddala. Kubanga okukoonagana n'okulwanagana ebiri mu mwoyo gw'omuntu bisobola okusebeengerera ne biggwaawo na mukwano ogwannamaddala. So nga n'omuntu omujjuvu omwoyo gwe agutukuza kimu ku kimu okuguggyamu okwekubiira okwensolo ng'ayita mu kifaananyi ekirungi ky'ajja ku bantu ab'okulabirako, omutima n'agufuula ennimiro ennene ebifo ebinyiririra amadirisa g'omutima mwe geggulira okulaba.

Katonda waffe agamba mu kitabo Kye ekyekitiibwa:

((وَنَفَخْتُ فِيهِ مِنْ رُوحِي)) (الحجر، ٢٩)

Okuvvuunula:

“Ne mmufuuwamu omwoyo okuva gyendi” (Hijru, 29)

Amakulu nti Allah Oweekitiibwa ajjukiza omuntu ekkula eryawaggulu lye yamuwa. Singa ekkula eryo n’obuntu obwo nga bisobola okutuusa omuntu eri obujjuvu okusinziira ku mukwano n’okwagala, awo omutima gwandisobodde okukutula olugendo n’ebisulo okusobola okutuuka ku byama ebya Katonda. Olwo ebyama by’ebintu nga bwe biri mu butuufu bwabyo, n’omuntu n’ensi ne byeyoleka, omuddu n’abeera nga y’alaga obutukuvu bw’omutima omulamu.

Omuddu bw’atuuka ku kukula kuno n’okujjula atandika okunoonyereza n’okufuukuuza ensibuko y’obugayaavu wakati we n’okumanya Allah Oweekitiibwa era n’abeera n’omugabo mu kyama kya “**okufa nga tonnafa**” olwo ebirungi by’ensi n’okwagala ensi okuggwaawo, ne bimuva maaso ge n’aba nga takyabiraba, era nga takyalaba buli kyonna ekiyitawo nga kiggwaawo n’abijja ne mu mutima gwe bwe gutyo. Bw’atyo omwoyo gwe gufuna obuwoomerevu obutatendeka, ku lw’okubeera okumpi ne Omutonzi Oweekitiibwa.

Naye abo abataakomba ku ddekende ly’okwagala okwannamaddala tebaasobola kumenya mbuga y’okwekubiira okwensolo okusangibwa mu muntu – wano tugenderera obwagazi bw’omwoyo – era tebaasobola kusimbula kigere okukituusa ku ddaala lya Bamalayika. Omutima gw’omuntu oyo ataamanya kwagala gulinga ettaka eryafa. Okumanya kuli mu kwagala. So nga ensibuko y’okwagala kumanya. Kubanga okwagala ye nsonga y’okubeerawo.

Okusaasira okwa Katonda okwawonya obuntu okubujja mu kwekkakkanya n'okunyomebwa ne kubusitula okubuwa essanyu n'okwesiima, yali Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), oyo eyawa obuntu ekyokulabirako ekirungi. N'ekkubo ly'okwesiima okwannamaddala kutuukirira na kuyiga okwagala okwannamaddala Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumufiirako n'okugoberera okulunngamya kwe ng'otambulira ku mpenda z'okumwagala.

Kubanga Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kutebenkera kw'ebitonde byonna era ye nsonga y'okubeera n'ekkula lyakwo. Ye kwe kusaasira okwawaggulu okuva ewa Allah Oweekitiibwa. Era ye ye mulunngamya ayunga wakati w'omuddu ne Omutonzi Oweekitiibwa. Era ye, omubiri gwe bwe gwaggwaawo, yafuuka kyakulabirako mu kifo ky'ebyokusinza mu mbeera ze (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ez'ekika ekyawaggulu ekyo ekitasoboka kunnyonnyolekeka wadde okuzoogerako, ye (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yafuuka kifaananyi ekyokulabirako ekyawaggulu gye tuli mu ngeri y'okusinza Allah Oweekitiibwa.

Mu bufunze, ye (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali kya kusaasira era ayagalwa ebyabuutikira ensi zonna. Era emitima egyamwagala era egyo egyamwewa gijja kukoleera olw'okwagala ennyo okumufuula ow'omukwano ow'olubeerera mu nsi eno, era buli kaseera emitima giggya kumirayo akagiraasi k'okwegomba okutuuka gy'ali n'okumweyungako.

Era kyaddaaki okumwagala kujja kulabika buli okukoleera kw'omutima lwe kweyongera mpola mpola wamu n'okuleekaana okwo n'okusaba nti:

“Mpa essanyu n’okwesiima olw’endabika yo ennungi; mazima omwoyo gwange guggya gusaanawo Mubaka wa Allah”.

Na bwe kityo, omukwano ogwo gwakyusa abanene nga Bahaa-u Ddiini an-Naqshindiyy, ne Yunusu Amrah omuyimbi omwatiikirivu, ne Jalaalu Ddiini ar-Ruumi ne gubafuula emmunyeenye mu ggulu ly’amazima agoomwoyo. N’omukwano ogwo mukama waffe Jalaalu Ddiini yalandululako ekigere okutuuka ku kwesiima okw’olubeerera okwannamaddala. N’okwesiima kwe okwo lyali kkubo erimutuusa ewa “**Asobola atalina kkomo**” Owoolubeerera Allah Oweekitiibwa, okwawulwa ku kwe. Abaami abo beekwakkulako enjegere ne bejja mu buwambe bw’omubiri ogw’okusaanawo, ne bakutula eggendo nga bagenda eri obulamu obutaggwaawo obw’olubeerera, ng’ekibasanyusa kyokka kwe kubeerawo olubeerera.

Butya bwe kisoboka omuntu okuwulira eddembe eryannamaddala n’abantu abafa ne baggwaawo! Ekkubo ly’okwesiima okw’olubeerera liri limu, kwe kwagala kwo n’okukola omukwano n’oyo asaanira okwagala okwo. Twala ebigambo bya mukama waffe Jalaalu Ddiini ar-Ruumi mw’alandulira ensibuko y’okwesiima kwe bw’agamba nti:

“Nze muddu wa Kulaane ebbanga ly’emala ng’enteekamu omwoyo, era nze ttaka ly’ebigere bya mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe), wadde ng’omu mu bigambo byange ajja kujjukiramu ekisinga obutono ekitali kye nngambye, nze n’oyo omuntu tetulina nkolagana wadde n’ebigambo bye”.

Amakulu mu kubeera ebigere bya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’okwewaayo mu kkubo

lye, bwe bulamu bwo bwonna okubumala ng'omugoberera era ng'ogoberera ssunna ze mu buli kintu, n'olubeerera okuwangaala ng'omwekutteko ng'oyita mu kumwagala.

Okwo kw'ogatta ekkubo ery'okubiri eryo eritwongera okuganyulwa mu kwagala Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okunyweza enkolagana ey'omutima naye, kwe kumusaalira n'esswala ezeekitiibwa, n'omuntu okumufuula ekitundu ku ye. Eryo ly'ekkubo ly'okwambalagana n'okukwatagana n'ekitangaala ky'okubeerawo okwa Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'ekkubo erimusaana.

Ekitukakatako okufuna tusobole okugoberera Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), ekitangaala ky'okubeerawo, , kwe kuwambagatira n'ebyomwoyo gwe, n'esswala ze ezeekitiibwa okuzifuula obulaadi obwa buli lunaku. Kubanga okumusaalira esswala ezo kutuwa amaanyi ne kutuyunga mu ngeri ey'omwoyo wamu naye, era ne kwakaayakanya emitima gyaffe n'okwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

## **Okusaalira ennyo Nnabbi** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **n'okumusabira emirembe**

Allah Oweekitiibwa yalayira obulamu bwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu Kulaane eyeekitiibwa era n'ayogerera wamu erinnya Lye arigulumizibwa n'erinnya lya Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Era omuddu okukkiriza obwannabbi bwe yakussaawo ng'akalombolombo akafuula omuddu Omukkiriza Omusiraamu. Yagaana omuntu yenna okusitula eddoboozi lye n'ayogerera waggulu w'eddoboozi lya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga w'ali. Teyayagala erinnya lya Nnabbi ery'emikisa okumala galyogera ng'amannya amalala. Ng'oggyeeko ebyo, naye Allah Oweekitiibwa yayogera ku kusaalira Nnabbi ne Bamalayika be, era n'alagira abantu b'e Kibiina kye okumusaalira n'okumusabira emirembe emingi. Yagamba mu Kulaane eyeekitiibwa:

((اِنَّ اللّٰهَ وَمَلائِكَتَهُ يُصَلُّونَ عَلى النَّبِيِّ يَا اَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَلُّوا عَلَيْهِ وَسَلِّمُوا تَسْلِيمًا)) (الأحزاب، ٥٦)

Okuvvuunula:

“Allah ne Bamalayika be basaalira ku Nnabbi. Abange Abakkiriza mumusaalire mumusabire n’emirembe emingi” (Ahzaab, 56)

Ye Sswahaba ayitibwa Ubayy bin Kaab (Allah amusiime) yagamba bw’atyi:

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bwe yatuusanga eyo mu bibir bya kusatu by’ekiro yayimiriranga n’agamba nti:

“Abange abantu! Mwogere nnyo ku Allah, mwogere nnyo ku Allah. Okukankana kuzze ne kugobererwako enngombe eyookubiri erangirira okuzuukira. Okufa kuzze n’ebyo ebikulimu; okufa kuzze n’ebyo ebikulimu”. Ubayyi agamba nti: awo ne mmugamba nti: Mubaka wa Allah! Nze nkusaalira nnyo, nkusaalire emirundi emeka mu sswala yange? Omubaka yamuddamu nti: “Gy’oyagala”. Ubayyi agamba nti ne mmugamba nti: kimu kya kuna. Omubaka n’agamba nti: “Gy’oyagala naye bw’oyongeramu kiba kirungi gy’oli”. Ne nngamba nti: kimu kya kubiri. Omubaka n’agamba nti: “Gy’oyagala naye bw’oyongeramu kiba kirungi gy’oli”. Ne mmugamba nti: Bibiri bya kusatu. Omubaka n’agamba nti: “Gy’oyagala naye bw’oyongeramu kiba kirungi gy’oli”. Kwe kumugamba nti:

Esswala yange yonna ngifuule yiyo. Ye kwe kugamba nti:

“Olwo by’owankawanka nabyo bijja kukumalirwa era osonyiyibwe n’ebyonoono byo”. (Tirmidhi, Qiyaamah 23/2457)

Nga bali ku kkubo eryo, abaagala Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) okusaalira Nnabbi n’okumusabira emirembe baakukolamu obulaadi obuyitira ku nnimi zaabwe. Kubanga

okusaalira n'okusabira Nnabbi emirembe, kkubo eryongera okwagala Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu mitima gy'Abakkiriza. Ekiriwo kiri nti okugoberera Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu ngeri emusaanira, n'okuganyulwa mu kubeera ekyokugoberera ekirungi bisobola okutuukirira awatali kubuusabuusa okuva mu kumanya n'okutegeera Kulaane ne ssunna. Ebyo bituukirira n'okusemberera mu nda mu mutima n'empisa ez'okulabirako eza Mukama waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Tewali n'omu ku bantu abazikirira eyasobola okutenda Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) entenda eyannamaddala. Era teri n'omu yasobola kutegeera bubumbwa bwe na mpisa ze ezaawaggulu mu ngeri esaana. Abamanyi n'abalowooza, ne bakakensa b'emitima, ne Jiburiilu (Emirembe gibeere kuye) baamanya ekitiibwa n'obunene bw'okugoberera ekkubo lye era ne bafuna ekyengera ky'okuyimirira ku mulyango gwe okumusaba.

Ku ludda olulala okusaba okusinziira ku mpisa z'ekisiraamu kutandika na kutendereza Allah na kusaalira Mubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Era edduwa n'ekomekkereza na kutendereza na kusaalira Nnabbi. Kino kiri kiti kubanga waliwo okukkiriza nti Edduwa n'okuwanjagira Omutonzi Oweekitiibwa ng'omuntu akozesezza Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tebisobola kuddizibwayo nga tebyanukuddwa oba okubigoba. Olw'ensonga eyo okunyiriza entandikwa n'enkomerero y'okusaba kwaffe n'okusaalira ku Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumusabira emirembe kuva mu kintu kukakasa kuno. Amakulu nti okuwanirira edduwa n'esswala ezeekitiibwa zino olwo okukkirizibwa ne

kusuubirwa ennyo. Mukama waffe Umaru bin Khattwab (Allah amusiime) yagamba bw'atyi:

Edduwa eyimirizibwa wakati w'eggulu n'ensi nga tewali kyonna kyambuka waggulu mu dduwa eyo okutuusa lw'osaalira ku Nnabbi wo (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)" (Tirmidhi, Witri 21/486)

Olunaku lumu Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yawulira omusajja eyali asaba mu sswala ye naye n'atasaalira Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba nti: "oyo nno ayanguyirizza". Oluvannyuma yamuyita n'amugamba, nga mw'agambira n'abalala, nti:

"Omu mu mmwe bw'asaalanga atandike n'okutendereza Allah n'okumwebaza oluvannyuma asaalire ku Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'oluvannyuma alyoke asabe ky'ayagala" (Tirmidhi, Da-awaati 64/3477)

Bagamba nti Ibn Abbaas (Allah amusiime) yayogera ku bukulu bw'okusaba ng'oyitira mu Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'agamba nti:

Abayawudi b'e Khaibar baabeeranga mu ntalo ne Baghatwfaan. Waliwo lwe baasisinkana Abayawudi ne babawangula. Olulala kwe kusaba edduwa eno:

"Tukusaba ku lwa Nnabbi atamanyi kusoma oba okuwandiika, oyo gwe watulagaanyisa okumututumira ku nkomerero y'omulembe, otutaase ku basajja". Ibn Abbaasi agamba nti buli Bayawudi lwe baasisinkananga Baghatfani mu lutalo nga bakozesa edduwa eno ng'era olutalo balulinnyako. Wabula ate ekyewuunyisa, Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

bwe yatumibwa ate Abayawudi be bamu baagaana okumukkiriza. Olwo Allah Oweekitiibwa n'assa aya eboogerako egamba nti:

((وَكَانُوا مِنْ قَبْلُ يَسْتَفْتِحُونَ عَلَى الَّذِينَ كَفَرُوا))

(البقرة، ٨٩)

Okuvvuunula:

"Ate nga mu kusooka baali bayita mu ggwe okusaba okubawa obuwanguzi ku Bakaafiiri". (Baqara, 89)

Amakulu nga bakozesa linnya lyo ggwe Muhammadi. Aya yeeyongerayo okutuuka awagamba nti:

((فَلَمَّا جَاءَهُمْ مَا عَرَفُوا كَفَرُوا بِهِ فَلَعْنَةُ اللّٰهِ عَلَى الْكَافِرِينَ)) (البقرة، ٨٩)

Okuvvuunula:

"Bwe yamala okubajjira oyo gwe baamanya baamuwakanya! Ekikolimo kya Allah kibeere ku bakaafiiri" (Baqarah, 89; Qurtwubi, ekitabo 2, 27; Waahidii, olup. 31)

Allah Oweekitiibwa era ayogera ne Omubaka we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu Kitabo kye ekyekitiibwa n'agamba nti:

((وَمَا كَانَ اللّٰهُ لِيُعَذِّبَهُمْ وَأَنْتَ فِيهِمْ وَمَا كَانَ اللّٰهُ مُعَذِّبَهُمْ وَهُمْ يَسْتَغْفِرُونَ)) (الأنفال، ٣٣)

Okuvvuunula:

“Allah teyandibabonerezza nga naawe oli mu bo, era Allah teyandibabonerezza nga bamwegayirira abasonyiwe” (An’faali, 33)

Ebigambo bino byali ku Bamushriki be baddiramu ne batatuukibwako bibonerezo olw’okuba nga baalina akakwate mu mbeera ezaabulijjo ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe). Mu ngeri eyo ebyengera ebiva ewa Allah Abakkiriza bye basobola okufuna biri waggulu wa kufumiitiriza n’okulowooza. Ng’oggyeeko ekyo, Abakkiriza abo awamu n’okubeera nga bakkiririza mu kifo ekinene ekya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) bo era balina enkizo endala olw’omugabo gwe balina mu kwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) okwagala okwo okukiikirira ekkula ly’Obukkiriza obwo. Wano we tutayinziza kufuna bigambo biyinza kunnyonnyola bye bayinza okufuna.

Kituufu nti ddala omutima gw’Omukkiriza kasita gufuna eddaala lyonna mu kwagala Omibaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe), ekigero ekyo kirinnyisa ekifo kye ku Lunaku lwe nkomerero era ne kimwongera essanyu n’emirembe by’afuna muno mu nsi.

Olw’ebyo byonna weewale okwerabira okusaalira Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) n’okumusabira emirembe kubanga weetaaga okuwolereza kwe n’okuyita muye okuyambibwa ku lunaku lw’entiisa ennene, Olunaku lwenkomerero.

# Ekitundu Ekyokuna

- **Omuntu ky'asinga okwetaaga bwe buntu obuwa ekifaananyi ekisembayo**
- **Tukoma wa okwagala Omubaka wa Allah** (Al-lah amusaasire amuwe n'emirembe)

# Ekisinga okwetaagibwa mu ssomero ly'amagezi n'omutima bwe buntu obw'okulabirako

## Ekiwa omuntu obuntu bwe kwe kulabirira okwa Katonda

Allah Oweekitiibwa yaddira eggulu zonna n'ensi n'abiteekawo biweereze omuntu.[51] Era omuntu teyamuleka ng'ataayaaya nga talina buvunaanyizibwa ku bintu bino ne kuye yennyini.[52]

Amakulu nti Allah Oweekitiibwa omuntu n'obutonde yabirunngamya n'amateeka ag'o kunsi n'aga Katonda ge yateekawo. Kino yakikola bwe yasalawo omuntu awangaalire mu nsi y'ebigezo wakati w'amasanyalaze ag'okubeera n'eddembe okukola ky'ayagala ne wakati w'obuvunanyizibwa. Aya ezo zinnyonyola bulungi ekintu kino ne zigamba nti

((وَالسَّمَاءَ رَفَعَهَا وَوَضَعَ الْمِيزَانِ. اَلاَّ تَطْغَوْا فِي الْمِيزَانَ))

(الرحمن، ٧،٨)

51 Laba: Jaathiya, 13.
52 Qiyaamah, 36.

Okuvvuunula:

"N'eggulu yaliwanika (mu bbanga) n'ateekawo minzaane muleme kubula kuva ku minzaane". (Rah-maan, 7, 8)

Aya eno ekikkaatiriza nti omuntu alina okukkiriziganya ne minzaane eyaawaggulu eyo Allah gye yateekerawo ebitonde byonna, mu nsi eno engazi nga terinaamu kawaatwa konna. Olw'ensonga eyo omuntu kimukakatako obutava ku mazima mu ngeri gy'akwataganamu n'olugendo lw'aba akutte okudda eri Allah Oweekitiibwa. Abamanyi be basinga okwesiima okusinga abaddu bonna mu bitonde byonna kubanga obuwangaazi bwabwe bwonna babumala nga bali munda mu minzaane nga minzaane eno. Naye abo abawangaala nga tebagoberera bipimo, emitima gyabwe nga gijudde ebiwoomereze eby'okuggwaawo, nga baagala nnyo ebintu eby'ekiseera eby'okuvaawo, abo be bantu abagaayalirira ekyama ekiri mu kujja mu nsi eno n'okutambula okugivaamu. Era abo be batakwatagana na bintu Omutonzi Omunene bye yatonda wamu n'enteekateeka Ye mu bintu ebiriwo mu nsi, era nga tebaamanya engeri eno ey'ebintu buli kimu okubeera mu ngeri yaakyo. Ekyokusaalirwa kwe kuba ng'emyaka gyabwe bagimalira mu bugayaavu obwagenda ewala n'ebintu ebirabika nga ebitaggweewo ebikwenyakwenya, naye ng'enkomerero yaabwe egenda kubeera kufaafaaganirwa okutoogerekeka.

Okunnyonyola ebintu bino kwekwese mu kituufu ku muntu. Ekituufu kino kwe kuba ng'omuntu bwe baamuweereza ku nsi kuno akole ekigezo ekyo, yatonderwamu okusikirizibwa okukola ekirungi n'ekibi mu kiseera kye kimu. Kubanga ekigezo tekibeera

kigezo okuggyako ng'omuntu alina obusobozi okukola ekituufu naye ng'era asobola okukola ensobi.

Olw'ensonga eyo, obulamu bw'omuntu abumala ng'ali mu kulwanagana mu nsi ye ey'omu nda ne mu nsi ye ey'ebweru, wakati w'ekirungi n'ekibi, kubanga buli kimu kirwana okumwefuga. Kino kiri bwe kityo kubanga mu nda yaffe nga bwe mulimu amaanyi g'obulungi mu ngeri y'emu mu nda yaffe mulimu amaanyi g'obubi, amaanyi g'omwoyo ogulagira okukola obubi ogutaagunjulwa wadde okulabirirwa.

Mu lutalo luno ebintu ebifuga omuntu, okugeza amagezi, okumanya, okugonda, okwagala, byokka tebimala kusobozesa kirungi kutuula kibi ku nfeete n'okukiwangula kubanga ebintu bino ebifuga omuntu singa byali bimala Allah teyadiwagidde mukama waffe Adamu, jajja w'abantu (Emirembe gibeere ku ye) n'obwannabbi, era ebibi tebyandimutuseeko abantu basobole okufuna okweyagala n'essanyu mu nsi ne ku Lunaku lw'enkomerero. Naye Allah Oweeekitiibwa buli kiseera yalagiriranga omwana w'omuntu eri amazima ng'ayita mu bubaka obwa Katonda ne Bannabbi. Allah Oweekitiibwa yaweereza Ebitabo ebiva mu ggulu biyambe amagezi n'omutima, era abaddu be n'abanyweza n'okugunjula okw'omwoyo.

Olw'okuba ng'amagezi kitala ekirina obwogi ku buli ludda, gayinza okutiisa omuntu oba okumuyamba okukola emirimu emirungi. Omuntu amagezi gaamutuusa eri "Ekifaananyi ekisigna obulungi", amakulu eri eddaala eryawaggulu erisembayo omuntu ly'asobola okutuukako. Naye ebiseera ebingi omuntu, olw'amagezi ge, yessa n'atuuka mu ddaala erya "wabula bo be basinga okubeera ababuze", amakulu eddaala eryawansi

mu kutegeera n'okusinga ebisolo. Era, mu ngeri eno, kikakata amagezi okugassa wansi w'enteekateeka eyenjawulo, nga kwe kugunjula kw'obubaka n'okulunngamya kwa Bannabbi. Amagezi nga galabirirwa obubaka omuntu gamutuusa eri emirembe. Naye amagezi singa gammibwa okulunngamya kw'obubaka yandifuuse ensonga etuusa omuntu ku nkomererero embi.

Abalyazamaanyi bangi ddala baali ku ntikko y'amagezi naye baakola ebikolobero bingi ne basala abantu ne batasobola na kuwulira kwennyamira mu nda. Kubanga ebikolobero bye baakola bo baabirabanga nga ly'eddaala ery'amagezi erisembayo waggulu. Okugeza Hulagu bwe yayingira  Baghdadi yatta abantu abataalina musango abawerera ddala emitwalo amakumi ana ng'ayita mu kubannyika mu mugga Tigirs, naye teyawulira kwejjusa kwonna mu mutima. Sso nga ne bataata b'e Makka, ng'Obusiraamu tebunnasimba makanda, baasitulanga abaana baabwe aboobuwala ne babatwala okubaziika nga balamu wakati mu kulaajana kw'abaana okwekimpowooze, okuyinza okukutula obusuwa bw'emitima gya bamaama. Mu bantu bano, okutta omuddu kyabenkaniranga n'okwasa oluku nga bagoberera ebipimo by'amagezi gaabwe, nga n'ekintu kino kibalabikira ng'eddembe lyabwe ery'obwebange.

Abantu abo baalina amagezi nga naffe ge tulina. Naye amagezi gaalinga amannyo ga namuziga y'omupiira ekolera mu kyennyume, olwo ekivaamu ne kiba nga kyennyume ky'ekyandisuubiddwa.

Ebifaananyi bino byonna bitulaga bulungi nti omuntu yeetaga amulagirira  n'amagunjula era n'amulungamya ku ludda lw'ebintu ebimusikiriza n'eby'obutonde bye yeegomba ebirungi

n'ebibi. Wabula akakwakkulizo ku kino kali nti okulagirira kuno kubeere nga kutuukagana n'obubumbwa. Kino kisoboka nga tuyise mu kkubo ery'okugunjula kw'obubaka n'okulunngamya n'okukoowoola kwa Bannabbi. So ng'ate okulagirira kuno bwe kuba nga tekuli ku kifaananyi ekituukagana n'obubumbwa, eyo efuuka ensonga ereeta ebibi n'obukyamu ebitoogerekeka.

Embeera emu bwe yeefuga omuzimbo gw'omuntu, eba ejja kutwala omutawaana okusangulawo embeera endala ekyennyume kyayo. Singa obulungi buwangudde obubi, obukyamu buba buvaawo. Obukyamu bwe buwangula buba bulwana kusaanyaawo bulungi. Bwe kityo olutalo olw'omu nda olwo lugenderera obulamu bw'omuntu bwonna. Olw'ensonga eyo Allah Oweekitiibwa yasaasira obuntu n'abuwa Bannabbi n'Abaawule be nga be balunngamya era abayigiriza eri obutonde. Ku lw'obulungi bwa Allah Oweekitiibwa, omuntu oyo eyayolebwa n'emikono emikugu era egijudde ekitangaala eky'omukisa, yasobola okubikkula obulungi n'ebirungi ebimuli mu nda. Bwe batyo abantu abaali bawangaalira mu butamanya era nga balinga ekitundu eky'ebisolo, abaaziikanga abaana baabwe aboobuwala nga balamu, baakeesa enkya nga bantu ba bitiibwa abali mu ddaala ery'ekika n'ekigero ebyawaggulu ng'ebyo byonna byatuukibwako na kulunngamya kwa Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Kubanga abantu bwe bagoberera okulunngamya kwa Bannabbi bakeesa enkya nga baddu Allah b'asiima era ne basaanira okutenda. So ng'abo abagwa ebigezo bya Katonda ebijjira mu kulwanagana kw'omwoyo, obuddo bwabwe buli kubeera nga be banyoomebwa okusinga byonna ebyawansi. Obulamu buno obw'ensi bwateekebwawo kusobola kukakasa nti omuntu atuu-

kiriza ekimu ku bigendererwa ebibiri. Ekiriwo kiri nti okusikirizibwa okudda eri obulungi oba obubi okuli mu muntu mu nda, kwe kulagirira omuntu okudda eri ekimu ku bintu bino ebibiri ng'akozesa okwagala kwe. Oludda lwe yeekubiirako lusinziira ku biva mu kulwanagana wakati w'omutima n'omwoyo, naye omuntu ng'ali mu kutuukiriza ekyo asigala ng'ali wansi w'ebintu ebingi ebimwetoolodde ebirina kye bimukolako.

Omuntu bw'abeera mu nnimiro y'ebimuli abuutikirwa obuwoowo obulungi. Naye bw'abeera mu kifo ekiwunya obubi era avaayo na lusu oluwunya obubi. Amakulu nti embeera eyeetoolodde abantu erina engeri gy'eyisaamu oba okukosaamu omuntu. Olw'ensonga eyo abantu be basinga okwetaaga okulunngamizibwa, okugunjulwa n'okutukuzibwa okusinga ebintu ebirala byonna.

Mu butuufu, eddaala ly'omuntu okusereba n'adda mu ddaala erisinga okuberea eryawansi erizikiriza obulamu bwe obw'okuggwaawo, kiva ku bintu ebitakkiriziganya ebiva mu nda ye. Ensonga ereeta obutakkiriziganya buno kwe kuba nga mu muntu musangibwamu empisa ezisinga okubeera ezaawaggulu ezimusembeza okumpi ne Allah Oweekitiibwa, ate mu kiseera kye kimu n'abeeramu emize egy'ebisolo egimusika okumujja ku mulamwa ogwamutondesa.

Mu ngeri eyo, ensi ey'omunda ey'abantu – abo abataayolebwa kwolebwa kutuufu era emitima gyabwe ne gitafuna kumanya makulu ga kusembera na butebenkevu - esigala ng'eringa ekibira ekibudamyemu ensolo ezitali zimu. Buli omu mu bantu aba mu buntu bwe alinamu obubumbwa bw'ensolo oba ekiramu ekirala bw'atuulidde okusinziira ku bintu ebimwanguyira n'embeera ze.

Mulimu kalinkwe ng'ekibe. Mulimu omunyakuzi ng'empisi. Mulimu akunngaanya ng'ensanafu. Mulimu ow'obusagwa ng'omusota. Abamu bazannyikiriza nga tebannalya. Mulimu kanywamusaayi ng'ebiwuka. Mulimu akusekera mu maaso go naye ng'emabega akusimira lunnya ogwemu. Buli omu ku bano alina ekintu ekisangibwa mu biramu ebitali bimu.

N'omuntu atasobola kwetaasa na kwewonya okufugibwa omwoyo n'obwagazi ng'ayita mu kugunjulwa okwamakulu, n'asobola okwekolamu obuntu obutuufu, asigala ng'ali munda mu mbuga y'ebintu ebitaliimu kantu. Obuntu bw'ekiramu ekimu buyinza okwefuga omuntu oba embeera ennyingi n'obubonero obungi eby'ebiramu ebyenjawulo ne bimwefuga. Ebiseera bingi embeera y'omuntu eyo munda efuluma ne ku ngulu ne yeeyoleka n'emulabikako. Ebiseera ebisinga obungi, empisa z'abantu bwe zirabikira mu bifaananyi byabwe tekiba kizibu okumanya n'okutegeera obuntu bwabwe n'okubumanya ng'oyita mu mpisa zaabwe, kubanga, enneeyisa yaabwe ebeera ndabirwaamu ebooleka nga bwe bafaanana munda n'ensi yaabwe eyomunda. Enneeyisa yaabawe ndabirwamu eyaamazima etamanyi kulimba n'akatono.

Enkola ey'ekikominisiti eyazimbibwa ku musingi gw'obuwanga bw'abantu be batta abaawera obukadde amakumi abiri, tetulaga omuzimbo gw'omutima ogw'ensolo?! Ne wabbali w'amasiro g'emisiri (Piramidi mwe baaziika Falaawo), awaazikibwa abantu enkumi n'enkumi olwa Falaawo omu bw'atyi si muzimbo ogw'ekijjukizo ogulaga obulyazaamaanyi n'obukambwe?! Ebintu eby'ekika ekyo, mu bantu abagayaavu abangi, bibalabikira ng'ebintu eby'ebyafaayo ebikyabeewunyisa n'okutuusa kati mu magezi gaabwe.

Naye ebintu bino bw'obyetegereza obulungi ng'obipimisa n'endabirwamu ey'amazima, bikolwa bya mitima gya nsolo ebitiisa n'abagwagwa abasembayo ne ba kanywamusaayi ne bibeewunyisa era ne bibawuniikiriza?!

Bino byonna biraga nti singa abafuzi b'abantu ab'ekitundu kyonna babeeramu obubumbwa bw'ebikere ekitundu kino bajja kukifuula ntobazi mwe bawangaalira. Singa abantu abafuga abalala balina emyoyo gy'emisota egy'obusagwa n'emisota emirala, ekibiina kyonna kijja kufuna obusagwa kitandike okukola obutujju n'effujjo. Naye singa abantu abalina obububumbwa obw'ebimuli nga be bafuga ekitundu, abantu b'ekitundu ekyo bakyuka ne bafuuka ennimiro olwo ne bafuna eddembe n'obutebenkevu ebyannamaddala.

N'olw'ensonga eyo, omuntu ateekeddwa okufuna okugunjulwa obubaka. Kubanga abantu abeesamba okugunjulwa kuno ne bwe baba nga tebayolesezza oba kulaga bikolwa bya nsolo ng'ebyo bye twogeddeko, buli kiseera bakolayo ekintu ekibakakasaako okubatenda n'ebitendo eby'ensolo, ne bwe baba nga bayolesezza empisa, enneeyisa n'enkola ebirungi oba ebituufu.

Obulungi bwonna obufunibwa wabweru w'okugunjulwa okwa Katonda tebuwangaala era buba bwa kiseera. Kubanga engeri yonna ey'okusikirizibwa etali nnenkamu, n'ebibi byonna mu bantu abatafuna kugunjulwa okwawaggulu, byanguwa mangu okudda ku ngulu naddala mu biseera ebizibu ne mu biseera by'okutabuka kw'okwegomba okw'obwagazi. Omwoyo ogutaalabirirwa gufaanana kkapa erulunkanira okuyigga emmese. Ewamu n'okuba nga kkapa eyinza okuba

ng'erina ebyokulya ebiwoomerera ebyenjawulo bye baba bagiteeredde mu maaso, eyinza okulaba akamese nga kayitawo n'esuulawo ebiwoomerera ebirungi ebigiri mu maaso amangu ago n'ebuuka n'etandika okugoba akamese k'erabye. Omuntu bw'aba tagunjuddwa n'ebipimo ebya Katonda – ne bw'aba alina ebirungi eby'engeri ezitali zimu - omwoyo gwe ogufaanana kkapa gugoba buli mmese gye gugwikirizza ne guzikiriza omuntu. Bwe tutunuulira obulamu bwa Falaawo ne Nimuroodi tubasanga nga baasanjaga abantu bangi nnyo abataalina musango, ng'ebyo babikola olw'okugezaako okumatiza bye baali baagala ebyali bifaanana akamese.

Obanga okugunjula kwa Katonda kutulagira okukankana ng'eddembe ly'omuddu erisembayo obutono lityoboolwa, nga kutulagira tukankane ng'olulimi lw'omusubbaawa bwe lukankana mu maaso g'empewo ekunngunta, naye butya ku bikwata ku kutta omuntu omulamba atazzizza musango! Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatuuka n'okugaana okutema ettabi ly'omuti eryakiragala ng'era bwe yagenda okununula Makka yalagira eggye lye likwate ekkubo eddala baleme kutawaanya oba kutiisa embwa eyali etudde ng'eyonsa obwana bwayo. Olulala ensisi yamukwata ng'alabye ekituli ky'ensanafu ekyali kiyidde n'abuuza mu kunyolwa nti:

"Ani eyayokezza ekituli ky'ensanafu kino?"

Bwe kityo Ba-Ottoman – abaafuba ne banyiikira mu mwoyo ogwo - baateekawo ebintu bingi ebya waqfu (ebigasa abantu bonna awamu). Ebintu ebyo byatuuka ku ntikko, kye kimu mu kuweereza abantu oba mu kulumirwa ebitonde. Bino byonna baabikola nga bayita mu kusaasira kwe baayiga okuva

mu Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Baatuuka n'okuteekawo waqfu ezigenderera okufa ku bulamu bw'ebisolo. Ekimu ku biraga okulumirwa kuno by'ebyo abagwira abajja ng'abalambuzi mu ggwanga lya ba Ottomani bye baayogera nti mu bitundu bya Abasiraamu kkapa n'embwa zeetoloolanga abantu nga tezibatya, ekintu ekitaasobokanga mu bitundu by'abatali Basiraamu, kubanga mu bitundu ebyo, bwe byalabanga omuntu yenna nga bifubutuka bidduka.

Ebifaananyi ebiyise biraga omuntu eyagunjulwa n'omuntu ataagunjulwa. Oyo attira abantu obwemage n'ayiwa emisaayi gy'abwe, n'agifukiriza ettaka, oyo muntu. N'oyo agaba omusaayi eri omuntu agwetaaga, n'amuwa n'ekimuli, oyo naye muntu.

Kyamagezi ga kika kyawaggulu abantu abagwa mu biti ebibiri nga baawukanira ddala, buli omu ng'ali kyennyume kya munne: abalina obuntu obulungi, n'abalina obuntu obubi, kyokka awamu n'ekyo ne bawangaalira wamu. Bwe kiba nga kyetaagisizza kino okukitangaaza n'ekifaananyi tugamba nti kino kifaananako ekibonerezo empeewo enngonvu ky'eyinza okugwako nga singa bagisibira mu kisibo kye kimu, nga teyeeyagalidde, n'ensolo ennene, enkambwe ez'omutawaana era embi. Ebiseera ebimu omukodo ennyo awangaalira wamu n'omugabi, omusiru n'awangaala n'omumanyi, omusaasizi n'awangaala n'omulyazaamaanyi. Ye omugabi oyo musaasizi, mwetoowaze era asaanira okuweereza abalala. Ate omusiru tasobola kukwatagana na mumanyi. Omulyazaamaanyi alowooza nti by'akola bwe bwenkanya era n'akozesa amaanyi ku bantu abo abamwetoolodde. Amakulu nti ab'emitima emikakanyavu ng'ejjinja bawangaalira wamu kyenka-

nyi, mu bulamu buno obw'ensi, n'abantu abalina emitima emirungi ng'egya Bamalayika. Omu w'awangaalira amanye Allah Oweekitiibwa Owawaggulu, abeere omuddu we amugondera, era ng'afuba okunoonya ekkubo erimutuusa Allah Oweekitiibwa gy'ali, omulala ye aba alowooza nti eddembe liri mu kuwangaala ng'agoberera ekkubo ly'ebitonde ebisembayo okunyoomebwa n'eddaala eryawansi. Obulamu bwabwe ne bubeera nga kululunkana kufuna mmere na bimala nnyonta ya bwagazi, n'okufuna ebifo n'obukulu, n'ebintu by'edduniya eby'okusaanawo ebirala ebifaananako n'ebyo waggulu.

Kigezo kizibu nnyo era kikalubu okutwala ewala, ffe okuwangaalira mu nsi emu nga mwe musula abantu abalina obuntu nga buli omu kyennyume kya munne, wadde ng'omuntu ateekeddwa okuyita ekigezo ekyo kubanga ekigendererwa ekikulu eky'omuntu mu kumutonda kwali kuyita bigezo bya mu nsi, n'okufuna okusembera eri Allah. N'olw'ekyo omuntu ateekeddwa okweggyako n'okweyambula ebitendo ebibi ne yeewunda n'ebitendo ebirungi ebiwaanibwa, amakulu alina okuwangaalira mu kitiibwa ky'obuntu.

N'omuntu oyo, omutima gwe gwa mu Ggulu ate omubiri gwe gwatondebwa mu ttaka. Olw'ensonga eyo wadde ng'omwoyo gwe gudda eri Allah omubiri gwe gwa kudda mu ttaka. Nga tutunuulidde omubiri gw'omuntu, tusanga ng'alina ebitendo ebiri mu bitonde ebirala. Olw'ensonga eyo aba ateekeddwa buteekwa okulaba ng'agunjula omwoyo gwe okugunjula okw'amakulu, n'atukuza omwoyo, n'afuga okwagala kwe, omwoyo gwe n'aguliisa era n'aguwa amaanyi. Bw'akola ekyennyume ky'ebyo aba tajja kusobola kuwona Sitaane kumuwangula okuva wabweru w'omubiri, n'obwa-

gazi bw'omwoyo nga bumufubutuka mu nda. Bino bireetera amaanyi g'omwoyo okunafuwa mu kiseera ekyo. Ebyo aya ez'ekitiibwa zibyogerako bwe zityi:

((وَنَفْسٍ وَمَا سَوَّاهَا. فَأَلْهَمَهَا فُجُورَهَا وَتَقْوَاهَا. قَدْ أَفْلَحَ مَنْ زَكَّاهَا. وَقَدْ خَابَ مَنْ دَسَّاهَا)) (الشمس، ٧-١٠)

Okuvvuunula:

"Ndayidde omwoyo ne Oyo eyagwenkanyankanya. N'aguyigiriza obwonoonefu bwagwo n'okutya kwagwo. Yeesiimye oyo agutukuza ate afiiriiddwa oyo agunnyise mu bibi". (Shamsu, 7-10)

Mukama waffe Jalaaluddiini al-Rruumi annyonnyola ebigambo obwonoonefu n'okutya ebiri mu nsi y'omuntu ey'omu nda era aya bye zaayogerako n'agamba:

"Owange ggwe ayolekedde okugenda eri Omutonzi Oweekitiibwa Owaawaggulu, singa oyagadde okumanya ekituufu manya nti Musa ne Falaawo tebaafa. Bombi balamu era, n'okutuusa kati, bawangaalira mu nda yo naye beekwese era bali mu mutima gwo nga bombi bali mu ntalo ezitakoma. N'olw'ensonga eyo kikukakatako okunoonya abantu abo ababiri abatasiba kambugu mu mwoyo gwo".

Awalala mukama waffe oyo agamba:

"Tonoonya kukuza mubiri na kuguliisa mu ngeri ey'okwonoona kubanga gye biriggweera gujja kuleetebwa nga saddaaka esalibwa okuweebwayo eri ettaka. Wabula genderera okugunjula omutima gwo kubanga gujja kufuna ekitiibwa

era gujja kugenda mu nsi eyaawaggulu. Omubiri guliise akabisi k'enjuki (k'asaali) n'akazigo bitono kubanga oyo aliisa omubiri gwe waggulu w'ekyetaagisa gye biggweera agwa mu byegombebwa eby'obwagazi n'akeesa enkya nga munafu, owaawansi era anyoomebwa. Omwoyo gwo guliikirize ebintu ebyamakulu, olowooze kw'ekyo ekisaanira omwoyo gusobole okutambula n'amaanyi amangi mu lugendo lwa gwo eri ebifo gye gujja okugenda".

Omwoyo ogutaayolebwa gufaanana omuti ogulina emirandira eminafu egivunze. Obubonero bw'obunafu bw'omuti ogwo bweyoleka ku matabi n'ebikoola, n'ebibala. Singa mu mutima nga mulimu obulwadde, obulwadde buba bulabikira mu bintu omubiri bye gukola era ne buguleetera obuzibu. N'ebitendo eby'obwagazi bino okugeza ensaalwa, ettima, okwekuza n'okwematira, biba byetaaga kuvumulwa. Naye okutereeza ebitendo ebikyamu ebyo kisoboka kutuukirizibwa na kuyingira mu nsalo za Allah Oweekitiibwa okusooka, n'okusiimisa Allah mu nneeyisa yo, n'okutereera nga bw'oteekeddwa. Kino okukituukiriza, omuntu yeetaaga ebintu bibiri alyoke azimbire obuntu bwe ku musingi ogusiimisa Allah Oweekitiibwa. Ebintu bino ebibiri bye: obwetaavu bw'okufuna ky'ogoberera n'okulabirako, n'okufuna okwanguyirwa okugoberera n'okugondera ekyokulabirako.

### Omuntu okwanguyirwa ekyokugoberera n'ekyokulabirako

Omuntu yenna yeetaaga ekyokugoberera mu buli ngeri yonna okuviira ddala lwe bamuzaala. Kino kiri kityo kubanga

ebirowoozo byonna ebitambuza obulamu bw'omuntu okugeza olulimi, eddiini, embeera, empisa n'ennono, n'ebitendo eby'empisa byonna, bisangibwa mu bifaananyi ebirumbagana ebirowoozo ebyo, ebintu bye bikola ne mu bubumbwa, nga byonna biva mu bifaananyi bino. Wadde nga mu bino tuyinza okuggyamu ebitonotono naye okutwalira awamu bwe bityo bwe biri.

Okugeza singa taata ne maama boogera olulimi lwonna omwana aba ajja kuyiga olulimi olwo lwokka. Bw'afuna ekyokulabirako ekirala eky'omuntu ayogera olulimi olulala olwo nalwo asobola okuluyiga, n'olwokusatu n'olwokuna bw'atyo. Mu ngeri eyo omuntu okumugunjula n'okumuyigiriza biva mu kugoberera bintu by'aba akoppye kye kimu birungi oba bibi, ebyo ebisimba amakanda mu butonde bwe, okwo nga kw'ogatta ebintu ebirala ebimukyamya oba okumutereeza. Mu ngeri eno, omuntu by'akola abijja ku taata ne maama we eyamwola, ne mu bantu aboowaka, n'oluvannyuma okuva mu bintu ebimwetoolodde mu mbeera mw'awangaalira. Olwo ne yeeyunga mu bantu b'ekitundu ng'omuntu alina obuntu obulungi oba obubi okusinziira ku nneetegeka gy'aggye mu bintu by'azze akoppa.

Naye wadde nga kiyinza okubeera ekyangu omuntu okuyiga olulimi n'ebifaanana olulimi mu bintu bye tulabako, kirabika kiyinza okubeeramu obuzibu obwamaanyi era obunene okuzimba omusingi gw'eddiini ye n'empisa ze n'ensi ye ey'omwoyo. Kino kiri kityo kubanga enkonge n'ebirala ebiyinza okwekiika mu kkubo ly'okutuukiriza kino tebiyinza kumukkiriza kubituukiriza. Okugeza ebintu Allah bye yayagala n'abissaawo okugezesa omuntu n'okumupima, okugeza

Sitaane, omwoyo, n'obwagazi, tebiyinza kulekera ddala muntu oyo wabula bigezaako okumwesambisa okukoppa ebintu ebirungi bye yandifunye.

Olw'ensonga eyo, abantu basikirizibwa n'abantu be balaba ng'ababalunngamya – mu bubi ne mu bulungi – olw'ensonga y'okwanguyirwa okukoppa n'okweteerawo ekyokulabirako ebyasimba amakanda mu butonde bwabwe. Mu ngeri y'emu bafuba okulaba nga bagoberera abantu abo buli omu okusinziira ku busobozi bwe ne w'akoma. Olw'ensonga eyo, abantu ebbanga lye bamala ng'eddiini yaabwe n'empisa zaabwe, n'ensi yaabwe ey'omu nda nga tebinnafuna kifaananyi kituufu nga bikijja ku Bannabbi n'abantu ba Allah (abaagalwa), tebayinza kuwona kugwa mu bugayaavu, obubuze, n'obugyemu. Bwe tutyo essanyu n'eddembe eby'olubeerera bye bandibadde nabyo ne bibafuukira okufaafaaganirwa okweyolefu.

Olwaleero embeera y'abo abaafuula abantu abaatiikirivu ekyokulabirako kyokka ng'abaatiikirivu abo batambulira mu bugwenyufu n'okwekkakkanya, ne basuulawo essanyu lyabwe ery'olubeerera eri okuzikirira basobole okutuuka abagwenyufu abo gye bali, okwo teri kirala wabula kudiibuuda okw'obuntu era kuggwaamu bugunjufu okutalabwangako. Okukwata nnamulondo y'omutima n'ogibunduggulira abantu abatalina mugaso batuuleko, eba ngeri ya kufaafaaganirwa na kubula eby'ekyewuunyo.

Mukadde waffe Jalaalu Ddiini ar-Ruumi, enkwe z'omutima yazoogerako mu bufunze mu bigambo ebirungi, bwe yakuba ekifaananyi ky'omwoyo engeri eyeewuunyisa era

enngenyi gye gukwenyakwenya omuntu. Ng'ayisa mu lugero yagamba bw'atyi:

"Endiga bwe zidduka omusege ekyo tekyewuunyisa kubanga omulabe w'endiga gwe musege. Naye omutima gw'endiga okuba nga gwagala era nga gufiira ku musege ekyo kye kiwuniikiriza.

"Ebyennyanja bimeka ebiwangaalira mu mirembe na buli kintu kyonna ekiri mu mazzi naye olw'okululunkana n'omululu ne kyetunga ku ddobo".

Olw'ensonga eyo, lubeerera obuntu bwetaaga abalunngamya abalina emyoyo emigezi n'emitima emigonvu babulagirire era babulunngamye eri enkwe z'emyoyo n'obwagazi n'emitego gyabyo.

**Obuntu bw'ababaka** (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku bo) **obwokulabirako n'okugoberera**

Waliwo ekintu ekikulu ennyo eri omuntu nga kiri mu kubeerawo bifaananyi ebijjuvu by'alina okugoberera n'okutambulira mu buufu bwabyo. Omuntu okwagala obuntu obwenjawulo n'okubumatira n'okugezaako okubugoberera, kintu kya mu butonde; n'olw'ekyo ekimukakatako kwe kunoonya ekyokulabirako ekijjuvu asobole okugoberera obuufu bwakyo. Olw'ensonga eyo kwali kulumirwa kwa Mutonzi na kisa kye okuba ng'abantu teyakoma ku kubawa Bitabo bitukuvu byokka, wabula n'okubatumira n'abatumira Abatume okubeera nga kye kinnyonnyola ekyatula ekiramu eky'ebitabo ebyo.

Ababaka abo bwe buntu obwokulabirako kubanga obujjuvu bubalabikiramu mu ngeri gye beeyisaamu n'empisa zaabwe, mu by'eddiini, okumanya, n'empisa. So nga buli Nnabbi mu Bannabbi abo empisa ze n'enneeyisa ebiwa ekyokulabirako ekimanyiddwa, byatuuka ku ntikko mu byafaayo by'obuntu, era ne biwa obuweereza obwenjawulo eri abantu bonna.

N'abantu ba Allah Oweekitiibwa abalondemu era abasika ba Bannabbi be, baali Abamanyi Allah, Abalongoofu era Abakkiriza kubanga bo:

- Baatabula, mu ngeri esaanira, eddiini ey'okungulu ne mu nda era ne bagiyingiza mu buntu bwabwe.
- Ne bakutulawo amasa g'emitima mu kkubo lya zuhud ne taquwa, era ne batuuka ku bujjuvu bw'enneeyisa.
- Ne bagaziya bye bamanyi ne bye bawulira mu nda eri empuuyi z'ensi n'eggulu, ne bamanya obuwoomerevu bw'Obukkiriza ne batuuka eri obuwanvu bw'okuwulira eri mu nda.
- Emirimu gyabwe n'okufuba kwabwe ne biwonya obuntu bwonna embeera n'ebitendo byonna ebibi n'obubuze bw'omwoyo obujjudde ekizikiza, ne balinnya okutuuka ku mpisa ezisembayo obulungi, amakulu eri eggulu ly'obujjuvu ery'omwoyo.

Abantu abo baatuuka ku ntikko mu bulunngamu n'empisa ez'obwannabbi ne basaasaana okuyita mu biseera byonna. Amakulu nti obuntu bwabwe obwawaggulu buteekwa okufuulibwa ekyokulabirako eri oyo asobola okufuna ekitii-

bwa ky'okulaba Bannabbi. Kubanga okubuulirira kwabwe n'okulunngamya – ebyo ebyazza obuggya emitima nga bakozesa olulimi lw'okusaasira – matondo ag'omwoyo agaatonnya okuva mu nsulo z'obwannabbi.

Singa obwenkanya nga bwe bubuutikidde abantu bonna, nga tetufudde ku kifo kye balimu, nga bwe bubalamula era nga bwe bubafuga, singa abantu ekisa n'okusaasira nga bye bigatta emitima gyabwe, singa abagagga mu buli kibiina ky'abantu nga bettanira okuyamba abaavu era ne balongoosa enkolagana yaabwe nabo ne babalumirwa era ne babasaasira, singa abaamaanyi balwanirira abalyazaamaanyiziddwa, singa abalamu bayamba bamulekwa ne bannamwandu, singa ebyo byonna bibituukirira, twandigambye nga tetukirumyemu nti: obulungi buno bwonna bwava mu Bannabbi n'abo abaabaddira mu bigere ne batambulira ku kkubo lyabwe.

Olulyo olw'obuntu olwatandika ne mukama waffe Adamu ne maama waffe Haawa (emirembe gibeere ku bo) olw'okwagala okuwangaalira mu ssanyu n'okuusembeza eddiini mu mitima, baafuula Kaaba nga kye kifo n'ennyumba omwokusinziza Allah. Oluvannyuma okulunngamya n'okuyigiriza Abaanaadaamu abaasaasaanira mu nsi olw'ebyetaago eby'obulamu n'empangaala y'obuntu byayitanga mu Bannabbi, Abaanaadaamu abo basobole okugenderera n'okutuukiriza obulamu bwabwe obw'eddiini. Bwe waabangawo okuva ku mulamwa ku bikwata ku bintu bya Allah nga kuva ku bantu aboonoonyi b'eddiini n'abasiru, Allah Oweekitiibwa yatandika okubaweereza Bannabbi baggyewo okwanguyirwa okwo, bazze buto abantu ku mulamwa gw'eddiini. Mu kkubo eryo, ensi y'obuntu yasigala nga yeewonya obuyinike obw'abantu

kinnoomu n'obwabantu bonna awamu, okuyita mu byafaayo, olw'obulungi bwa Allah Oweekitiibwa n'okusaasira okuva gy'ali, okutuusa ku mulembe gwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ku nkomerero "Omulembe gw'okwesiima", ogufaanana ebiseera by'omulembe gw'ensi yaffe gwatuuka. Obulamu bw'eddiini ne butuuka ku ntikko y'obujjuvu bwabwo omulundi omulala era ogukomererayo ng'era butandikira mu kifo mwe bwali bwatandikira. Entikko eno n'akasolya ne byeyubulira mu mukama waffe mukama wa Bannabbi, Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). N'oluvannyuma lwa **"Obujjuvu obwa Muhammadi"** obwali ku ntikko, tekikyasoboka kufumiitirizaayo bujjuvu bupya. N'olw'ekyo okuzza obuggya eddiini n'okugizuukusa nga biyita mu kutuma Ababaka byatuuka ku ntikko yaabyo. Eddiini Allah Oweekitiibwa gye yasiimira abantu n'ebeera Eddiini y'Obusiraamu.

Mu ngeri eno, tusobola okugamba nti: omubaka waffe oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yali ekifaananyi ekijjuvu mu kuyigiriza n'okulagirira omuntu n'ebifaananyi ebitasoboka kumalikayo ebyo ebyalabibwako ne biragibwa mu bulamu bwe. Ekituufu kiri nti okwanguyirwa okugoberera Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kya mu butonde naye okusobola okuyitamu mu kugoberera n'okufuula Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekyokulabirako awatali kubuusabuusa kyegatta n'okusikirizibwa ne Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'obuntu bwe, n'okumuteeka mu mitima gyaffe n'awangaaliramu.

## **Omubaka wa Allah** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **tumwagala kukoma wa?**

**Okukozesa omutima n'amagezi**

Allah Oweekitiibwa Owaawaggulu yatonda omuntu mu kifaananyi ekisinga obulungi era n'amugonnomolako ekitiibwa bwe yamufuula ali waggulu w'ebitonde byonna. Okwo kw'ogatta okuba nga yannyonnyola nti ebintu byonna ebiri mu ggulu zonna ne mu nsi, nti byonna yabigondeza omuntu bimuweereze. Kya mu butonde nti ebyo byonna bigasa bantu abalowooza.

Tusobola okugamba nti omulimu gwaffe ogusinga obunene kwe kulowooza ku byengera bya Omutonzi Oweekitiibwa Owaawaggulu gye tuli, n'okubikozesa nga tugoberera era nga tusinziira ku kigendererwa kya Omutonzi okubituwa. Mu ngeri eyo, twawalirizibwa ne tulagirwa okukozesa emitima gyaffe n'amagezi gaffe gonna ku kifaananyi ekisinga obulungi n'okunyirira.

Kitukakatako kitya okukozesa amagezi?

Kikakata ku magezi obutagondera na kumala geewaayo eri okwagala n'okuduumirwa omwoyo. Mpozzi ate ekyennyu-

me ky'ekyo kye kituufu amagezi gateekeddwa okuzuukuka ne gamanya nti galiwo mu nsi eno ejjudde ebigezo gasobole okumanya ebya Katonda era gabitegeerere.

Omutima gwo gwandikozeseddwa gutya?

Omutima kye kifo ky'okwagala okwannamaddala eri Omutonzi Oweekitiibwa Owaawaggulu era kye kifo ky'okulaba Omutonzi. N'olw'ekyo kikakata okugutukuza okugugyamu engeri z'ebyonoono n'ebibi byonna, n'okugujjuzaamu okutendereza ne tawuhiidi (okwawula Allah). Ku nkomerero y'ebyo byonna gusobola okujjulukuka ne gubeera awali Allah Oweekitiibwa ne gumusisinkana nga mutima mulamu.

**Ekyokulabirako ekyeyawudde ekimu nga ye Muhammadi Omubaka wa Allah**
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Allah Oweekitiibwa Owaawaggulu yatuma Ababaka ng'ekigendererwa kwe kutulunngamya n'okutuwabula. Era mu kusaasira n'okulumirwa ebitonde bye ebitoogerekeka, we yatumira Omubaka Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), yali yaakatuma Bannabbi n'Ababaka abakunuukiriza mu 124,000. Allah Oweekitiibwa yatuma Nnabbi waffe Muhamadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), Omubaka gw'asinga okwagala era asinga okuba owenjawulo, era asinga okubeera okumpi gy'ali, ku nkomerero ya byonna, nga ye Mubaka akomererayo. Buli mubaka yatumwa eri abantu abenjawulo era Omubaka oyo ng'ayigiriza abantu b'ekibiina kye n'okubalunngamya ng'agoberera embeera abantu abo gye

baabeerangamu n'engeri abantu b'ekitundu gye baafaananangamu.

Naye Omubaka wa Allah Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yatumwa eri abantu bonna era obubaka bwe n'okukoowoola nga bigaziwa ne bituuka ku Lunaku lwe nkomerero. Allah Oweekitiibwa yamuwaayo ng'ekyengera mu biseera by'ensi ebisinga obuzibu, ekizikiza, n'obutamanya, abeere ng'enjuba esaasaanya ekitangaala kyayo eri obuntu, n'atuwa obulungi n'ekkula lino erya Muhammadi, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

**Kulaane eyeekitiibwa kye kyamagero ekisinga obunene**

Allah Oweekitiibwa yagabira Omubaka we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekyamagero ekisinga obunene nakyo ye Kulaane eyeekitiibwa. Kulaane eno ejja kukikakasa okutuuka ku Lunaku lwe nkomerero nti bigambo bya Allah Oweekitiibwa era nti Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) Mubaka wa Allah era obuntu bwonna bujja kulaba ekyamagero ekyo ekyaweebwa Omubaka wa Allah okutuuka ku Lunaku lwe nkomerero era bujja kukimanya nga bukirabira kumpi.

Mukama w'ababaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yakola ng'ayita mu Kulaane ekibiina ky'abantu abaamanyibwa nga "Abantu b'omulembe gw'okwesiima"[53], ensi

53 Abaturuuki bakozesa ekigambo **"Omulembe gw'okwesiima"** nga bategeeza omulembe gw'omwagalwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) Kino bakikola okulaga empisa nga baawula omulembe gwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ku mirembe emirala nga baguyita ogw'okwesiima.

teyamanyako bantu ba kibiina nga kibiina ekyo, kubanga ebiseera ebyo byalaba abantu abaatuuka ku ntikko y'obugagga (bw'empisa). Abantu abo abaali bawangaala obulamu obwefaanaanyirizaako obw'ensolo nga baziika abaana baabwe nga balamu, naye oluvannyuma lw'okutendekebwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okugunjula okw'ekitangaala eky'omwoyo, baafuuka abantu abajjudde okusaasira okw'o munda, okulumirwa, n'okuwulira obuvunaanyizibwa, okutuuka ku ddaala nti ekiseera kyatuuka nga tekisuubirwa nti omusege gusobola okulya endiga ennafu gye gusanze ku lubalama lw'omugga Tigris. Okuwangula kuno kwokka kumala okulaga engeri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) gye yalina mu buntu bwe, nga kye kifaananyi ekisinga obulungi omuntu ky'asobola okugoberera n'amakulu agasinga obujjuvu nga "ekyokulabirako ekirungi" obuntu gwe bwali bulabye.

### Abeera muzibe ageya enjuba n'agikwatirwa ensaalwa

Singa amaaso g'emitima tegaaziba, tewali kubuusabuusa, gyandisobodde okulaba Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Era singa amaaso tegaalwala ne gafuna ekizibu ky'okulaba okumpi tegandisobodde kulaba bunafu bwonna mu Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Amakulu nti oyo yenna afuba alabe ng'abembeka obunafu obwekika kyonna eri Nnabbi talina ky'ajja kusobola okuggyako okulaga obunafu obubwe n'okulemwa kwe, oba obukendeevu bwe n'ensobi z'oyo omuntu kennyini.

Ebyafaayo bijjudde obulyazaamaanyi n'okuwaayiriza okubi ennyo abantu b'emirembe egitali gimu bye baatuusa ku Bannabbi baabwe. Kubanga Ababaka abo ebintu ebikwata ku Allah bye baatuusanga ku bantu, ebiseera ebimu byabaleeteranga okweraliikirira n'okukankana. Ebirungi ebyo byali tebituukagana wadde okukwatagana n'okusikirizibwa kwabwe, obwagazi bw'emitima gyabwe, ne bye beegomba.

Era emirimu gyabwe emibi gye baakolanga n'amayisa gaabwe amasiiwuufu agavumirirwa baabissanga ku Bannabbi ne Ababaka basobole okubinyiriza n'okubifuula ebirungi era ebyakkirizibwa.

N'olwaleero entalo z'ebirimbo ebibi ezo ze baggula ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu mazima teziraga kirala wabula zooleka bubi bwa busiiwuufu bwa mpisa na bubi bwa mitima gy'abo abaaziggulawo.

Buli kintu ekiriwo, nga n'omuntu mw'omutwalidde, kisobola okuwangaalira n'okukuumira obulamu bwakyo mu kifo ekituukana n'obubumbwa bwakyo. Ng'ekyokulya ky'enjukyi bwe kiri asaali (omubisi gw'enjukyi), ng'okussa kwayo n'ensi mw'ewangaalira kye kimuli, tesobola kuwangaalira mu nsi etali eyo gye yamanyiira; so ng'emmese eyamanyiira okuwangaalira mu kazambi n'ebikyafu era n'ebimanyiira, tesobola kusula mu nnimiro ya bimuli. Na bwe kityo, ng'emyoyo egyawaggulu bwe giriikirizibwa ebintu ebirungi eby'omwoyo ebiva mu nsi eya Muhammadi, emyoyo emibi emyonoonyi emirembe gigiwulirira mu bukyafu n'obukyamu.

Abubakari Swiddiqu (Allah amusiime) yatunulanga mu kyenyi kya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe

n'emirembe) n'empunda y'ebikiriko n'awuniikirira nga bw'agamba nti: "Katonda wange! Kino ekyenyi nga kyayitirira obulungi!" Ekyo, mu butuufu, kwabeeranga kulaba nsi ye ey'omu nda mu ndabirwamu ye. Olw'ensonga eyo, Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) lwe yagamba nti: "Emmaali yange teyangasaako n'akamu ng'emmaali ya Abubakari bwe yangasa".

Abubakari (Allah amusiime) yakaaba n'agamba nti:

"Nze n'emmaali yange okuggyako bibyo Omubaka wa Allah" (Ibn Maajah, Muqaddimah, 11)

N'ekigambo ekyo Abubakari (Allah amusiime) yalaga nga bwe yali yeeyamye, ye na byonna bye yalina, okufuuka ebya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era nti yali aggweerera mu kwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kubanga ensi ye ey'omu nda yali efuuse ndabirwamu eraga empisa za Omubaka oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ku ludda olulala ye Abujahali, omulabe asooka owa Allah ne Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) olwalabanga ku kyenyi kya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekyomukisa yakyukangako mu ngeri embi, olwo n'ammibwa okulaba obulungi n'obutukuvu ebyali byetondeka mu kyenyi kya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Enjawulo eyo yajjangawo olw'okuba nga buli omu ku bano ababiri buli lwe yatunulanga ku Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga yennyini ye yeeraba mu "ndabirwamu ya Muhammadi".

Kubanga Bannabbi ne Ababaka ndabirwamu eraba obulungi, buli muntu alabamu ensi ye ey'omu nda. Ng'ate teri ndabirwamu egenda kulimba n'eddira omubi n'emulaga nga omulungi oba omulungi n'emulaga nga omubi esobole okusanyusa agyekebebereramu. Endabirwamu atunulamu emulaga ekigikubiddwaamu.

Ekituufu kiri nti omuntu eyettanira okunyigiriza n'okukola obulabe ku Busiraamu ne Kulaane eyeekitiibwa ne Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), awatali kubuusabuusa ajja kufuna okwesasuza (okuwolera) okuva ewa Allah kati oba gye bujjako, kubanga Allah Oweekitiibwa y'asasula era n'akuuma Obusiraamu n'okusobola kwe, n'ekitiibwa kye.

N'ekimanyiddwa kiri nti, Abasiraamu abeenywereza ku misingi egy'eddiini yaabwe era abo emitima gyabwe egyajjula okwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) bawulira ennaku, okulumwa, n'okunyolwa ennyo ebireetebwa ekkalaamu ez'obutwa ezirumbagana Obusiraamu era ezo ezikendeeza abazikozesa ne balema okwetegeera. Ekkalaamu zino ziringa emisota egy'obusagwa egiwangaalira mu bizikiza, egitambula okuva wano na wali nga ginoonya okukosa abantu n'okuwolera eggwanga.

Tuteekeddwa okumanya obulungi nti ky'ava ku Allah Oweekitiibwa kukwata bulungi omuntu okubanga tewali n'omu asobola kusagulawo mu bubumbwa bwe, eky'okudda eri amazima n'ebintu ebituufu. Ky'ova olaba nga wadde okuwakanya eddiini kwagezaako okusaasaanya engeri zonna ez'obulyazaamaanyi, wabula tekwasobola kuziyiza obulamu bw'emirandira gy'eddiini egyawaggulu egyo egyasimba ama-

kanda mu nda mu mwoyo n'omutima. Bwa'tyo omuddu tasobola kuziyiza bwetaavu bwe obuli mu kusemberera Allah Oweekitiibwa era tekisoboka kulinnyirira ssanyu eryawaggulu erisangibwa mu bubumbwa bwe. Kubanga Allah Omusobozi yasalawo nti obwetaavu bw'eddiini n'okusemberera Omutonzi kimu ku nteekateeka za Allah Oweekitiibwa ezitakyuka era ezitafuuka.

Tunuulira obulungi bw'engeri mukama waffe Jalaalu Ddiini ar-Ruumi eyawa ekifaananyi eri abantu abawaayo amaanyi gaabwe okuzikiza ekitangaala ekya Katonda nga bazibye amaaso tebasobola kulaba mazima n'agamba nti:

"Mazima omuntu anenya enjuba ewa ensi yaffe ekitangaala n'anoonya bigikendeeramu, y'oyo nga mu maaso ge mulimu obuzibe. Kimusaanidde adde ku mwoyo gwe agunenye, aguvume era agugumbule nga bw'agugamba nti: 'Ye ggwe alina ekifu ku maaso'

"Singa Allah Oweekitiibwa yayagala okuweebuula omu ku bantu abo n'okumuggyako ekibikka, omutima gw'omuntu oyo yandiguwadde okusikirizibwa okuvuma abantu abatukuvu n'okubajeeja".

Olw'ensonga eyo kikakata ku buntu okulowooza ku ngeri y'okukyusaamu ensobi ku bikwata ku Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ne babiwaanyisaamu okumwebaza ne bakumuwa. Kubanga omutima ogutajjula muli ngeri gye guwuliramu okwagala okwebaza n'okufumiitiriza n'okusiima engeri Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) gye yalulunkaniramu ne gye yatawaanamu mu kkubo ly'okulunn-

gamya abantu okuva lwe yazaalibwa okutuusa okufa kwe, ogwo si mutima.

Olw'ensonga nti okwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe yatwagala ffe Abasiraamu kwali kungi era nga kunene okusinga okwagala n'omukwano n'okulabirira taata ne maama bye balina eri abaana baabwe. Ensonga eno Omubaka oweekitiibwa agyogerako bw'atyi:

"Natiisibwa mu bya Allah nga tewali atiisibwa, ne bampisa bubi mu bya Allah nga tewali ayisibwa bubi. Twawangaala ennaku amakumi asatu ekiro n'emisana nga tetulina mmere esaanira muntu assa okuggyako ebyo ebyavanga mu nkwawa za Bilaali (entuuyo za Bilaali)" (Tirmidhi, Qiyaamah, 34/2472)

Naye omwoyo gwe n'omutima gwe tebyemulugunya wadde okwekubagiza ku nsonga eno n'akatono. Mpozzi okulumwa n'okuyisibwa obubi ebituuka ku bantu be bisiriiza omutima gwe. Ate nga ye Omubaka ajjudde okutulumirwa n'okutusaasira okutuuka ku ddaala nti yatawaananga n'afuba nnyo asobole okututaasa mu bulamu buno mu ngeri y'emu nga bw'alyeyala wansi wa Arshi ya Allah omusaasizi ng'avunnamye amusaba akkirize okuwolereza kwe okutuusa Allah lw'alikkiriza okusaba kwe n'okutuwolereza.[54]

Ng'ekkubo ly'okusasula Omubaka oyo atawaana n'afuba era n'akola ebingi okusobola okututaasa n'okutuwonya, tolaba nga kitukakato, olw'okumwebaza n'okusiima by'akola n'okumutendereza, okugoberera by'ayigiriza n'okubeera mu

54 Laba: Bukhari, An-biyaa, 3, 9; Muslim, Imaani, 327, 328; Tirm - dhi, Qiyaamah, 10.

bakkiriza abo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) basiima, na buli omu okubeera n'omutima ogumwagala ne gumufuula omuganzi ne gumufuula nga y'asinga ekitiibwa n'obukulu okusinga omwoyo gwe ogumuli mu kifuba!

Omwoyo gwa Omubaka gwali guggweerera asobole okutuwolereza ku nsi ne ku Lunaku lwenkomerero. Lwaki buli omu muffe tabeera Omukkiriza oyo Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) gwe yayagala?! Lwaki buli omu muffe tafuna mutima ogumufuula omuganzi era ogumwagala (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)! Era lwaki omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tabeera gye tuli nga y'asinga ekitiibwa okusinga emyoyo gyaffe egituli mu bifuba?!

**Omwagalwa agondera omuntu gw'ayagala**

"Omuntu abeera bumu ne gw'ayagala" (Bukhari, Adab, 96)

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tumwagala kukoma wa?

Kya mu butonde okutegeera era ne tuwangaalira mu kwagala nga tukitegedde nti okwagala kuno lukoba olusiba era nkolagana, ebigabanyizibwa wakati w'ayagala ne gwe baagala. Omuntu ali bumu n'oyo gw'ayagala mu bigambo, omwoyo, n'ekkula. Ali bumu n'oyo gw'ayagala mu nneeyisa n'empisa; ali bumu naye mu ngeri gy'awuliramu mu nda n'engeri gy'alowoozaamu; ali bumu naye mu mpangaala n'obulamu.

Kino kitegeeza nti singa tewaali kukkiriziganya ng'okwo okuli mu kwagalana, era singa buli mwagalwa yakwata ekkubo eryikontana ne munne ly'akutte teyandisobodde kubeera bumu n'oyo gw'ayagala buli kiseera, kubanga nga bwe bagamba aba tayagala munne mu makulu agannamaddala agali mu kigambo kwagala.

Nga tuzimbira kw'ebyo ka twebuuze, Omubaka wa Allah tumwagala kukoma wa? Ssunna ze ezeekitiibwa tuzeekutteko kukoma wa? Abaana baffe n'abantu abatwetoolodde tubagamba ki ku bikwata ku Mubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)? Ebintu ebibiri bye yaleka, Kulaane eyeekitiibwa n'abantu be, tubyekwatako kukoma wa? Ennyumba zaffe zirina mugabo ki mu nnyumba z'abantu ba Nnabbi ezaali zijjudde omwoyo gwa Kulaane ne Ssunna entukuvu?

**Okugoberera Omubaka** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **kwetaaga kutendekebwa na kugunjula okw'omutima**

Tuteekeddwa okufuula Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ekyokugoberera era ekyokulabirako mu buli mitendero na buli kintu mu bulamu bwaffe bwonna, olw'okufuna essanyu lyaffe mu nsi eno entabangufu ne ku Lunaku lw'okukunngaanyizibwa okunene (Olunaku lw'enkomerero).

Era tuteekeddwa okumufuula ekyokugoberera mu bulamu obw'empangaala yaffe n'abantu ne mu bulamu obwawaka ne mu bulamu obw'okukola. Ye kye ky'okulabirako ekyenjawulo

eri abantu bonna okuviira ddala kw'asembayo wansi okutuuka kw'asembayo waggulu.

Butya bwe tujja okumufuula eky'okugoberera? Abaffe ekyo tugenda kusoma kisome ku lupappula oluwandiike? Nedda, okuyiga ekyokulabirako ekyo n'okukisomako kubeera mu mitima gyaffe.

Allah Oweekitiibwa alambika ekkubo ly'okuyigamu ekintu kino mu Kulaane eyeekitiibwa n'agamba bw'atyi:

((لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللهِ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِمَنْ كَانَ يَرْجُوا اللهَ وَالْيَوْمَ الآخِرِ وَذَكَرَ اللهَ كَثِيرًا)) (الحزاب، ٢١)

Okuvvuunula:

"Mazima ddala Omubaka wa Allah mwamulinamu eky'okugoberera ekirungi eri oyo aba asuubira (okusisinkana) Allah n'Olunaku lwe nkomerero n'ayogera nnyo ku Allah" (Ahzaabu, 21)

Amakulu nti akakwakkulizo akasooka omuntu asobola okuyiga n'okusoma kwe kwesunga okusisinkana Allah Oweekitiibwa. Tuteekeddwa okuwangaala n'essuubi ery'olubeerera era ne tuteerabira n'akaseera n'akamu nti tugenda kubalibwa mu maaso ga Allah.

Akakwakkulizo akookubiri ak'okuyiga n'okusoma kuno kwe kwesunga okutuuka ku Lunaku lwenkomerero, n'okukkiriza nti lujja kubaawo awatali kubuusabuusaamu n'akamu. Era kitukwatako okumanya amakulu agagamba nti tuli

mu nsi ey'okusaanawo era n'okubuuka ensalo zaayo. Ekyo Mukama waffe Jallalu Ddiini yakyogerako mu bigambo ebirungi n'agamba nti:

"Obulamu bw'ensi kirooto bulooto. N'omuntu alina ebyobugagga mu nsi afaanananako n'omuntu afuna obwesedde bw'ebintu mu kirooto. Ebyobugagga by'omu nsi bya kusigala mu nsi nga bijjulukuka okuva ku mulembe okudda ku mulala".

Ku ludda luno tuteekeddwa okuzuukuka ne tumanya nti tuli mu nnyumba ya kigezo. Mu ngeri eyo emitima gyaffe tuteekeddwa okugitambuliza n'okugifuula egiwuga mu nsi y'obwakabaka bwa Allah nga tugyesambisizza okwagala n'okwegomba kw'obwagazi.

Nga gitambulira mu bwakabaka nga gyeggyeeko okwegomba okw'obwagazi.

Embeera bw'etyo bwe tusobola okugifuula enkomerero gye tuli, eba efuuse kifo kya kusisinkana. Okuyiga ekyo tuteekeddwa ng'akalombolombo okufuna ekigero mu buntu bwa Omubaka wa Allah obw'okugoberera obulungi.

Mu kiseera ekyo Allah Oweekitiibwa atulagaanyisa Ejjana era n'akitulambikira bulungi nga bw'agenda okutugabira okutunula eri Ekyenyi kye ekyekitiibwa.

Akakwakkulizo akookusatu okusobola okuyiga kuno, kwe kwogera ennyo ku Allah Oweekitiibwa. Kitukakatako mu ngeri eno lubeerera okusembeza omutima mu bumu ne Allah Oweekitiibwa Owaawaggulu. Okubeera obumu buno bwenkana wa? Ekyokwanukula kiri mu aya eno eyeekitiibwa:

((الَّذِينَ يَذْكُرُونَ اللهَ قِيَامًا وَقُعُودًا وَعَلَى جُنُوبِهِمْ وَيَتَفَكَّرُونَ فِي خَلْقِ السَّمَاوَاتِ وَالأَرْضِ رَبَّنَا مَا خَلَقْتَ هَذَا بَاطِلاً سُبْحَانَكَ فَقِنَا عَذَابَ النَّارِ)) (آل عمران، ١٩١)

Okuvvuunula:

“Abo aboogera ku Allah nga batudde, nga bayimiridde ne bwe baba bagalamidde ku mbiriizi zaabwe era ne balowooza ku ngeri eggulu zonna n’ensi bwe byatondebwamu (nga bwe bagamba nti): Katonda waffe bino tewabikola awatali nsonga, okwawulwa kukwo, tuwonye ebibonyoobonyo by’Omuliro”. (Aali Imraani, 191)

N’obumu obw’olubeerera butegeeza okuwulira nti tuwangaalira wansi w’obulabirizi bwa Katonda obwo obulonda ne bulabirira ebifaananyi byaffe mu ngeri ey’olubeerera … Allah Oweekitiibwa Owaawaggulu atuli kumpi okusinga omusuwa gw’obulamu. Naye ffe Allah okusobola okutuukiriza eky’okubeera okumpi naye tuteekeddwa okufuula Omubaka (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) eky’okugoberera.

**Tutuuse wa mu kutegeera ekigero kya Nnabbi** (Allah amusaasire amuwe n’emirembe)**?**

Kiri mu bitasoboka okukwata ekkubo ettuufu erituuka ewa Allah Oweekitiibwa nga tetuyize na kumanya ekitiibwa kya Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) we kikoma. Allah Owekitiibwa yatunnyonnola obuzito

bw'ekitiibwa kye yawa Omubaka we Oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'agamba nti:

((إنَّ اللهَ وَمَلائِكَتَهُ يُصَلُّونَ عَلَى النَّبِيِّ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَلُّوا عَلَيْهِ وَسَلِّمُوا تَسْلِيمًا)) (الأحزاب، ٥٦)

Okuvvuunula:

'Mazima ddala Allah ne Bamalayika be basaalira ku Nnabbi. Abange Abakkiriza mumusaalire era mumusabire emirembe olusabira olwamaanyi". (Ahzaab, 56)

Allah Oweekitiibwa asaalira ku Mubaka we oweekitiibwa ne Bamalayika be nabo bwe batyo bwe bakola, era tekiri mu busobozi bwaffe okutegeera n'emitima gyaffe n'okuwulira kaffe (okw'omu nda) n'okumanya kwaffe engeri Allah gy'asaaliramu Omubaka. Allah Oweekitiibwa Omutonzi asaalira atya ekimu ku bitonde bye?

Wadde nga waliwo entaputa nnyingi ku nsonga eno wabula kino kisigala nga "Kyama kya Allah". Wabula ekyeyolefu wano kwe kuba nga waliwo okwagala okwenjawulo okuva eri Omutonzi Oweekitiibwa eri Omubaka we Oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era nga Allah Oweekitiibwa atulagira tumanye era kino tukitegeere. Olw'ensonga eyo yatulagira n'agamba nti:

((يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَلُّوا عَلَيْهِ وَسَلِّمُوا تَسْلِيمًا))

(الأحزاب، ٥٦)

Okuvvuunula:

Abange Abakkiriza kale mumusaalire era mumusabire n'emirembe olusabira olwamaanyi". (Ahzaab, 56)

Wabula okusaala n'okusaba emirembe kuteekeddwa obutakoma ku lulimi lwokka, wabula embeera yaffe yonna eteekeddwa okubeera okumusaalira n'okumusabira emirembe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Engeri yonna gye tweyisaamu n'empisa ezaawaka n'empangaala yaffe endala, ne nkolagana gye tubeeramu n'abantu, biteekeddwa okulaga mu ngeri esaanira era etuukana n'okusaalira n'okusabira Nnabbi emirembe.

Okugeza, tuteekeddwa okufumiitiriza olubeerera nti: singa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) alabye engeri gye nneeyisaamu mu bulamu obwawaka (mu maka gange), mu kusuubula, ne mu nkolagana yange n'abantu abalala abaffe yandimwenyezza (ng'alaga okusiima)? Yandimwenyezza ng'alaba engeri gye ndabiriramu abaana bange? Yandimwenyezza ng'alaba engeri gye nsinzaamu Omutonzi?

Ebibuuzo ebyo ne bwe tutabyebuuza olwaleero, ne bwe tutabala mitima gyaffe n'emyoyo gyaffe olwaleero, ne bwe tutabipimisa minzaane ey'amazima, enkya okubalibwa ne minzaane y'Olunaku lw'okukunngaanyizibwa ejja kuba nga y'esinga entiisa n'okukanga.

Awatali kubuusabuusa omulamwa gw'okubalibwa ku Lunaku lwe nkomerero gujja kuba:

((اِقْرَأْ كِتَابَكَ كَفَى بِنَفْسِكَ الْيَوْمَ عَلَيْكَ حَسِيبًا))

(الإسراء، ١٤)

Okuvvuunula:

"Soma Ekitabo kyo ojja kwemalirira olwaleero okuba nga weebalirira". (Israa, 14)

Mu kiseera ekyo tuliraba embeera zaffe ze tubikkirira ne tukweka mu Bitabo by'emirimu gyaffe. Tuliraba obulamu bwaffe nga tulinga abalaba filimu ya sineema: Esswala zaffe twazisaalanga tutya? Twasiibanga tutya? Ibaada zaffe twazikolanga tutya? Twazikolanga na bifaananyi byokka oba twaziyimirizangawo n'emyoyo n'emitima gyaffe? Twakola ki mu nsi okusobola okwebaza ebyengera ebingi ebitabalika Allah bye yatuwa? Bye twawaayo mu myoyo, amagezi n'ebyobugagga byenkana wa (ne bye twali tulina)? Bye twayonoona byenkana wa? Allah Oweekitiibwa ne Omubaka we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tubaagala kwenkana wa era tukoma wa mu kwekwata ku Allah Oweekitiibwa n'empisa za Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ebyo byonna biritwanjulibwa mu Bitabo by'emirimu gyaffe, era ebyo byonna tulibiraba mu Jjanjuliro ly'Olunaku lwe nkomerero. Kino aya eyeekitiibwa ekyogerako bw'etyi:

((حَتَّى إِذَا مَا جَاءُوهَا شَهِدَ عَلَيْهِمْ سَمْعُهُمْ وَأَبْصَارُهُمْ وَجُلُودُهُمْ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ)) (فصلت، ٢٠)

Okuvvuunula:

“Okutuusa bwe balituuka (mu Bbaliro) amatu gaabwe n’amaaso gaabwe n’ensusu zaabwe bijja kubawaako obujulizi ku ebyo bye baali nga bakola” (Fusswilat, 20)

Olw’ensonga eyo, tuteekwa okwebala olubeerera ng’eno bwe twebuuza bino:

Kiki amaaso gaffe kye galaba?

Amatu gaffe emirundi emeka gye gawulira obubaka okuva eri Allah n’obubaka obwannabbi?

Emirundi emeka gye tusobola okufuga emibiri gyaffe n’obusobozi bwaffe mu kkubo ly’amazima?

Okutwalira awamu, ekigambo ekisinga obukulu kye kino: kwe kutwala buli mukisa ne tukola buli ekyetaagisa olw’okufumiitiriza embeera zaffe n’okuzisoma n’okuzeetegereza ng’obudde tebunnayita.

**Ekigezo ky’okwagala n’empisa**

Abantu bonna bawangaalira mu nsi ya kugezesebwa. Amakulu nti ensi eno nsi ya bigezo ebya Katonda, nga n’ekimu ku bigezo ebikulu mu nsi eyo kikwata ku kwagala, okugonda n’empisa eri Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n’emirembe). Ku kino Allah agamba nti:

((يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَطِيعُوا اللهَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ وَلاَ تُبْطِلُوا أَعْمَالَكُمْ)) (محمد، ٣٣)

Okuvvuunula:

“Abange Abakkiriza mugondere Allah, mugondere ne Omubaka. Era temwonoona emirimo gyammwe”. (Muhammadi, 33)

Era Allah Oweekitiibwa agamba nti:

((يَا اَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لاَ تَرْفَعُوا اَصْوَاتَكُمْ فَوْقَ صَوْتِ النَّبِيّ وَلاَ تَجْهَرُوا لَهُ بِالْقَوْلِ كَجَهْرِ بَعْضِكُمْ لِبَعْضٍ اَنْ تَحْبَطَ اَعْمَالُكُمْ وَاَنْتُمْ لاَ تَشْعُرُونَ. اِنَّ الَّذِينَ يَغُضُّونَ اَصْوَاتَهُمْ عِنْدَ رَسُولِ اللهِ اُولئِكَ الَّذِينَ امْتَحَنَ اللهُ قُلُوبَهُمْ لِلتَّقْوَى لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَاَجْرٌ عَظِيمٌ. اِنَّ الَّذِينَ يُنَادُونَكَ مِنْ وَرَاءِ الْحُجُرَاتِ اَكْثَرُهُمْ لاَ يَعْقِلُونَ)) (الحجرات، ٢-٤)

Okuvvuunula:

“Abange Abakkiriza! Temusitula maloboozi gammwe (ne mwogerera waggulu) kusukka ddoboozi lya Nnabbi era temumwatuliranga kigambo nga bwe mwatuliragana ebigambo nga muli mwekka, olwo emirimu gyammwe ne gyonooneka nga temumanyi. Mazima abo abakkakkanya amaloboozi gaabwe awali Omubaka wa Allah abo b’ebo Allah be yagezesa emitima gyabwe ne taquwa abo balina okusonyiyibwa n’empeera ennyingi. Abo abakukoowoolera emabega w’ebisenge abasinga tebategeera” (Hujuraati, 2-4)

Tusobola okugamba nti empisa zaffe ne Omubaka wa Allah n'okugondera kwaffe Ssunna ze entukuvu n'okumanya Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okumanya okwannamaddala ebyo ky'ekigezo kya taquwa eri emitima gyaffe, era lye kkubo ly'okufuula Nnabbi omuganzi gye tuli wamu n'okumwagala, era mu kiseera kye kimu lye kkubo ly'okusembera okumpi ne Allah.

Era tusobola okugamba nti omuntu ayisa Omubaka wa Allah obubi n'amukowoola n'eddoboozi eryawaggulu ng'ali wala, n'abo abamuyisaamu amaaso, ne batamuwa kitiibwa, abo be bantu abasiru abatategeera.

N'ekirala kye tujja mu bino kye: butya bwe kifuuka eky'obuwaze okufuula Omubaka wa Allah ekyokulabirako era ekyokugoberera? Butya obulamu bwaffe bwe tuteekeddwa okubupima nga tubupimira ku bulamu bwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Mu kino, ekintu ekirambuluddwa mu Kulaane eyeekitiibwa kye kino:

((وَمَنْ يُطِعِ الرَّسُولَ فَقَدْ اَطَاعَ اللهَ وَمَنْ تَوَلَّى فَمَا اَرْسَلْنَاكَ عَلَيْهِمْ حَفِيظًا)) (النساء، ٨٠)

Okuvvuunula:

"Omuntu oyo agondera Omubaka mazima ddala aba agondedde Allah ate akyuka n'amukuba omugongo Ffe tetwakutuma kubeera mukuumi ku bo". (Nisaa-i, 80)

**Ekipimo mu kwagala Omubaka**
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Ekimu ku bintu ebikulu ebiyinza okutubuulira eddaala okwagala Omubaka wa Allah lye kuteekwa okutuukako bye bigambo Sswahaba omukulu Abdalla bin Hisham bye yanyumya bw'atyi:

"Twali ne Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ng'akutte ku mukono gwa Umar bin Khattaab, Umar kwe kugamba nti: 'Mubaka wa Allah! Ggwe muntu gwe nsinga okwagala okusinga buli kintu okuggyako nze'. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe kugamba bw'atyi:

'Nedda! Ndayira Oyo afuga omwoyo gwange nti okutuusa lwe mba nga nze gw'oyagala n'okusinga omwoyo gwo (ggwe wennyini)'. Umar (Allah amusiime) kwe kugamba bw'atyi: 'Kati ndayira Allah nti ggwe asinga okubeera omwagalwa gyendi n'okusinga omwoyo gwange'. Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) wano we yamugambira nti: 'Kati nno Umar'" (Bukhari, Imaan, 3)

Bwe kityo tuteekwa okugoberera Omubaka wa Allah Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumwagala, n'okumufuula omuganzi nga Umaru (Allah amusiime) bwe yamwagala, Omubaka okumufuula nga ye Kabaka atudde ku nnamulondo y'emitima gyaffe era nga mulunngamya w'obulamu bwaffe. Kubanga okwagala Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) tteeka gye tuli (Tawubah, 34)

Allah Oweekitiibwa atubuulira mu Kitabo kye eky'ekitiibwa, obukulu bwa Omubaka okubeera nga y'asinga okwa-

galwa n'okubeera nga y'asinga okuweebwa ekitiibwa eri Abakkiriza n'okusinga bo bennyini, n'agamba nti:

((النَّبِيُّ اَوْلَى بِالْمُؤْمِنِينَ مِنْ اَنْفُسِهِمْ)) (الأحزاب، ٦)

Okuvvuunula:

"Nnabbi y'asinga Abakkiriza okubabeera okumpi okusinga bo bennyini" (Ahzaab, 6)

Ku mulamwa guno hadiisi eyeekitiibwa egamba nti: Okwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kakwakkulizo ak'obukkiriza obwannamaddala n'agamba nti:

"Omu mu mmwe tagenda kubeera Mukkiriza (owannamaddala) okutuusa lwe mbeera nga nze gw'asinga okwagala okusinga bakadde be, n'abaana be, n'abantu bonna" (Bukhari, Imaan, 8)

Olw'ensonga eno, Basswahaba abeebitiibwa (Allah amusiime) baabanga beetegefu okussa mu nkola akantu konna ne bwe kaabanga katono katya era nga bakoowoola n'emitima egijjudde okwagala nti:

"Taata ne maama wamu n'omwoyo gange na buli kintu mbiwaayo ku lulwo Mubaka wa Allah"

Ekikulu kiri nti okwagala kuno okukwolekeza obutafaayo n'obutawa kitiibwa kabonero akalaga obutamanya. So nga okwekwata ku mukwano ogwo n'okukwenywezaako ly'eddagala ly'okuwona.

**Akabonero akalaga okwagala Nnabbi**
(Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Omuntu oba ekintu oli by'ayagala tebimuva ku mumwa. Buli w'afunira akakisa atandika kwogera ku gw'ayagala era n'ayogera ku bintu ebyetoolodde gw'ayagala.

Omusuubuzi abbidde mu bizinesi abeera ayogera ku mirimu gye nga bw'agamba wano nnafuna bw'entyi wano nafiirwa bw'entyi, kino kifuna bwe kityi, ate kiri kifuna bwe kityi… omuntu ayagala ennyo abaana be okugenda ewala, buli w'abeera omusanga ayogera ku baana abo.

Wabula Basswahaba ab'ebitiibwa n'abantu ba Allah, bo baayogeranga nnyo ku Mubaka wa Allah oyo gwe baayagala ennyo ne bamumatira. Baabeeranga kino bakyenyumiririzaamu engeri gy'otayinza kuttottola.

Kuno kwe kumanya n'okugoberera Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okumwagala ebijjudde okwegomba okubeera naye era ebiritusobozesa okubeera naye ku Lunaku lwenkomerero.

Allah! Tukusaba otugabire okumanya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga tumusembezza, okumanya okwo okugenda ewala, era otugabire n'okumwagala. Aamiina.

Okukola omuntu gw'oyagala by'akola n'okufuba okukwata ekkubo lye kye kimu ku byama ebikusike ebiri mu kigambo "kwagala" ekyo eyali ensonga y'ensi okubeerawo. Omuntu ayagala ne bw'abeera munafu atya, ne bw'aba nga talina busobozi, afuna omukisa eddaala lye okusituka olw'oyo gw'ayagala okusinziira ku ddaala ly'omwagalwa n'obuzito bwe.

**Ekizibu ennyo kwe kutenda Nnabbi** (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) **nga bwe kyetaagisa**

Mu byafaayo mulimu kye bagamba nti lumu Khalid bin Walid (Allah amusiime) yatwala eggye okulwana mu kafo akamu. Eyali alamula akafo ako kwe kumugamba bw'atyi: "Tutendere Muhammadi". Khalid yamuddamu nti:

"Nze okumubatendera! Ekyo si kisobola".

Oli kwe kumugamba nti: "Tuweeko kifaananyi bufaananyi".

Khalid kwe kugamba nti:

"Bw'omanya atumye ofuna obuzito bwa gwe batumye".[55]

Okuva Omutonzi eyatonda ensi eno era eyagibeezaawo era nga ye nnannyini busobozi obunene lw'ali nga ye yatuma Nnabbi waffe Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), kati lowooza ku ddaala n'obuzito bw'oyo gwe baatuma. Okusaasira n'emirembe ebisinga obulungi bibeere ku ye.

Allah! Tukusaba oteeke mu mitima gyaffe omugabo okuva mu Basswahaba abeebitiibwa nga enjagala gye baayagalamu Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) era obulamu bwaffe obuwunde n'okwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) …

Aamiina.

55 Manaawi, Fatihul Qadiir, ekitabo 5, 921/6478; Qastalaani, Tarj - matul Mawaahibu Alladuniyya, Istanbul, 1984 A.D., olup. 417.

# Ebikomererayo

Okusobola okufuna okuwolerezebwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), obulamu bwaffe tuteekeddwa okubupima nga tukozesa minzaane eyannabbi eyo gye tulambuludde wano, n'okuddamu okupima obupya ekigero kye tutuseeko era ne we tuba tuyimiridde mu bigambo by'okuyingira mu mbeera ey'okufumiitiriza n'okujjumbira.

Tuteekwa okufuna ne tufuba n'obujjumbize n'essanyu ery'omu nda, okuwangaala obulamu obuja mu Kibiina kya Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), obuwa ekifaananyi eky'obulungi bwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'obuwanvu bw'embeera ze ezitalina kizenkana. Ekifaananyi tukirage mu kusinza kwaffe, mu mpisa n'enneeyisa yaffe, mu mpulira gye tuwuliramu mu nda, n'ebirowoozo byaffe, ne mu lunaku n'enkya. Mu bufunze, mu nsi yaffe n'enkomerero. Omuntu abeera muwambe w'omuntu gw'ayagala era n'amugoberera mu by'akola okusinziira ku ngeri gy'amwagalamu. Okusobola okukoppa n'okugoberra Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) mu ngeri emusaanira, kitukakatako okufuba okumanya emmanya eyannamaddala empisa ze n'embeera ze zonna, n'okugeraageranya obuzito bw'obuntu bwe n'ekyo ekibusaanira.

Ettaka lyonna, ne bwe liba jjimu litya, teriyinza kuleeta bimera bya kiragala nga tebifunye nkuba, ne bifuuyibwako empewo eza ttoggo ezirimu ne ku kasana. Bwe kityo, omutima gwonna gye gufa gwenkana tusobola okugukyusa ne guba ng'ettaka ejjimu, nga tuyita mu kugoberera oyo ekyokwewulira kw'ebitonde, era ekyokulabirako ekirungi eri obuntu bwonna, okusaasira n'emirembe ebisinga obulungi bibeere kuye.

Kubanga Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) y'asinga obuzito abo abaamusookawo n'abalijja oluvannyuma lwe, kubanga ye nsulo y'ebirungi n'empisa ezisinga obulungi etekalira, era y'ensonga y'emikisa n'okusaasira kwonna mu nsi eno. Ku ye Kulaane eyeekitiibwa – ejjudde ebintu ebituufu ebyaliwo ng'ensi tennabaawo era eby'okubaawo olubeerera – nga kye ky'okulunngamya eri ensi y'Obukkiriza ne Aqiidah (enzikiriza).

N'ekiva mu bino bye twogedde ekyenkomeredde era ekikunngaanya byonna kiri nti: okuwa ekitiibwa Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) oba ekintu kyonna ky'aba atujjukizza wadde tukoze tutya – wadde mu kantu akatono katya – tetusobola kutuukiriza kimugwanira kumukolera. Kubanga Omubaka waffe, ow'ekitiibwa ekyawaggulu (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kyamugwanira Allah Oweekitiibwa okwogera naye n'amugamba nti: "Omwagalwa wange". Naye ffe n'ebigambo byaffe ebitono ebikoma, tetusobola na kusemberera ku bulungi bwa Mubaka waffe oweekitiibwa (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) na bujjuvu bwe, n'okumumanya, n'okumanya bw'afaanana. Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), Allah eya-

tonda ebitonde byonna yamusaalira ne Bamalayika be abatabalika era abatamanyiddwa muwendo.

Okugonda, okukkiriza ekitiibwa kya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okukkiriza obuzito bwe, bye bintu byokka ebiraga nti omuntu akkiririza mu mulamwa era n'alangirira eddaala lya Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) okuba eryawaggulu, era ekiva ku kino kwe kusirika okwolubeerera. Ennimi zaffe bwe zimala okulemererwa ddala okutuwa ekifaananyi kye, ebyo byonna bye twogedde ku lulimi lwaffe liringa ettondo obutondo mu guyanja semayanja, kalinnganga ettondo ly'enkuba eryatonnya mu kumanya kwaffe n'okutegeera.

Eddembe ly'Abakkiriza n'essanyu byewuunyisa! Abo okwagala kwabwe kwonna nga kuli eri Omubaka wa Allah yekka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) nga tebakwenyezebwa na bimuli ebiginge mu nnimiro ez'olukalu ezijjudde ebisolo.

Tudde eri Katonda waffe nga tussa omukka gw'omwoyo gwe na buli kaweke akatulimu nga tutendereza n'okukuba kw'omutima gwaffe …

Tugonde eri Katonda waffe nga tunoonya okutuuka gy'ali nga tukulembeza okwagala kwaffe eri Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe):

Okusaasira kubeere ku mukama w'ensi ebbiri (eggulu n'ensi), Muhammadi Omulondemu.

Okusaasira kubeere ku Mukama w'ebizito ebibiri Muhammadi Omulondemu.

Okusaasira kubeere ku Mukulembeze w'ebibuga eby'emizizo ebibiri, Muhammadi Omulondemu.

Okusaasira kubeere ku jajja wa Hasane ne Huseyini Muhammadi Omulondemu.

Allah! Nkusaba osse okusaasira ku Muhammadi ne ku bantu be ne Basswahaba be, era omuwe emikisa n'emirembe.

Allah! Nkusaba otufuule ab'omu abo abakwata ekkubo ly'omulunngami waffe, era essanyu lyaffe ery'olubeerera, Muhammadi Omulondemu (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) otuwe omugabo mu mbeera ze ez'okulabirako ezeewuunyisa nga kyakugoberera ekirungi gye tuli nga kyakulabirako nga bwe kimusaanira mu ngeri gy'osiima.

Ensi yaffe n'enkomerero yaffe obitikkire engule tusobole okumufuula n'okukolerera n'okwefunira omugga ogukulukuta mu bulungi bwe.

Emitima gyaffe ogigabire amatondo g'enkuba agatonnya okuva mu nsi y'omwoyo gwe ekulukuta.

Emitima gyaffe ogitufuulire ekifo ekyolubeerera omuli okwagala Allah Oweekitiibwa ne Omubaka we (Allah amusaasire amuwe n'emirembe)

Allah! Tukusaba otugabire ffenna okubeera mw'abo abaliganyulwa mu kuwolereza okunene.

Aamiina.

## *Ekitiibwa kye tulina nga kyamaanyi okubeera Ekibiina kye*

Obulungi bwonna yonna gye bubeera, bulaga kifaananyi kye (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Era teri kimuli kyeyanjuluza mu nsi eno okuggyako ng'ekitangaala kikijja mu kitangaala kye!

Tetwabeerawo era tetwatondebwa ouggyako lwa nsonga ya kubeerawo kwe (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

Ye kimuli ekimulisizza ekyanjulukuse era ekijjudde obulamu nga buli lunaku oluyita kyeyongera kunyirira na kulabika bulungi. Ye kitangaala okuva waggulu mu mutwe gwe okutuukira ddala mu nda w'ebigere bye.

❁

Mazima ddala okusemberera ku Muhammadi kisobola okutuukirira nga tuyita mu kwagala n'okumufuula omuganzi okusinga okukozesa amagezi. Kino kintu kya mutima na kwewaayo. Okutegeera kwaffe ekituufu ku Muhammadi kiringa abaana abato okutegeera ebiri emabega w'ebitonde.

❁

Mazima ddala Allah Oweekitiibwa yalaga ekifaananyi kya **"Omuntu Omujjuvu"** oyo gwe yayagala, nga ye Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe), era

n'amufuula obuntu obwenjawulo obutalina kibufaanana mu bantu bonna.

❁

Mazima ddala omuntu yekka gwe baawandiika kalonda yenna akwata ku bulamu bwe mu byafaayo by'obuntu, ye Mukama waffe Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ebitabo byonna ebimanyiddwa mu byokuyiga eby'Obusiraamu byava mu kunyiikira n'okufuba ebikolebwa okunnyonnyola ekitabo kimu n'obuntu bumu.

❁

Obulamu bwa Nnabbi, ekyokweyagala ky'ebitonde, (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) butujjukiza enimiro z'omu Jjana, ezirina langi ezenjawulo, eziwundiddwa n'ebimuli ebisinga obulungi ebitalabikalabika ebyekutte awamu obulungi. Okutuusa n'abo abanoonya ebimuli, ekimuli ekisinga obulungi bajja kukisanga mu nnimiro eyo.

❁

Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) yagamba nti: "Tewali kintu wakati w'e Ggulu n'ensi okuggyako nga kimanyi nti ndi Mubaka wa Allah, okuggyako abagyemu mu bantu n'amajinni. (Ahmada, 3,310)

Olusozi lw'e Uhudi lwamumanya, n'enduli y'omutende era ne binoonya okusaasira okuva gy'ali, okutuusa n'ebiramu ne bimufuula ow'okunoonyako obubudamo nga gye biddukira. Wabula Abujahali n'abamufaanana bo tebaamumanya era tebaamanya kifo kye ekyawaggulu, ssi ggulo ssi leero.

❁

Obulamu bwa Nnabbi waffe n'empisa ze biringa endabirwamu eraba obulungi, omuntu mw'asobola okwerabira ku bikwata ku mbeera ye ey'omu mwoyo, enneeyisa ye, ebigambo bye, emirimo gye, n'empisa ze, olwo n'asobola okwepima n'alaba w'ayimiridde.

❁

Abo abawakanya Obubaka obwava ewa Katonda n'okulunngamya kwa Omubaka we, n'abo abalyazaamaanya Abakkiriza, baakusisinkana ebibonerezo bya Allah mu ngeri etabangawo. Ago ge mateeka ga Allah agatakyuka wadde okufuuka.

❁

Ensibuko y'okusaasira n'omukwano yokka etuusa omuddu eri ennyanja y'okwagala Allah, ye Nnabbi Muhammadi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe).

❁

Empeke y'okwagala tesobola kweyanjuluza wadde kumerera mu ttaka ddala okuggyako mu ttaka lyokwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe). Ye y'ensibuko y'okwagala okwa Allah eri omwoyo n'omutima gw'Omukkiriza.

Ettaka ly'okwagala Omubaka likyusa emitima mingi egikaluba ng'ejjinja era emigumu, ne ligifuula ekkula eritukula eritaliimu bbala lyonna.

❁

Tuteekwa obuteerabira okufuba okwamaanyi Omubaka (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) kwe yakola obw'omu bw'atyi ku lw'okutuusa n'okubunyisa amawulire (Da'awa)

ag'okuwona n'okwesiima okw'olubeerera eri obuntu bwonna, mu kiseera ensi we yawugiranga mu kazigizigi w'ekizikiza ky'obutamanya. Olw'ekyo kitusaanidde okunyweza ennyimirira yaffe n'ekifo mwe tuli mu kulunngamya kwa Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) n'okulowooza wa we tutuuse mu kaweefube omunene gwe yakola.

❁

Nga beesiimye nnyo era balina omukisa omunene Abakkiriza abo abaafuna omugabo gwabwe mu kwagala Omubaka wa Allah (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) ne Basswahaba be abeebitiibwa. Abakkiriza abo abaawunda Imaani zaabwe n'okwagala, n'emitima gyabwe, n'obulamu n'omwoyo gwa Kulaane. Era abaawunda emyoyo gyabwe n'essanyu n'omukisa gw'okuweereza n'okukola, n'enda yaabwe ne bagiwunda n'obulungi, n'okutukula kw'empisa, era abo abawangaala n'obulamu bwabwe ne babumalira mu mukisa gw'eddembe ery'olubeerera.

❁

Katonda wange! Nkusaba onteeke mu abo abaagala era abafuula Nnabbi (Allah amusaasire amuwe n'emirembe) omuganzi gye bali, abo abawangaalira mu Busiraamu ne babufuula ettaala emulisa obulamu bwabwe, ne bagoberera Kulaane ne bagissa mu nkola mu buli kantu mu bulamu bwabwe bwonna!

Allah! Tukusaba otufuulire okukwagala n'okwagala Omubaka wo nga z'ensigo ze tusiga okufuna eddembe n'essanyu eby'olubeerera.

Aamiina

# Ebiri mu kitabo


Ennyanjula ........................................................................ 7

**Ekitundu ekisooka / 15**

Ekyokulabirako eky'obuntu ekyenjawulo .................................. 17

Mukama waffe Muhammadi...................................................... 17

Eky'okugoberera ekirungi/ Ekifaananyi era
eky'okulabirako ekisinga obulungi............................................. 40

**Ekitundu ekyokubiri / 59**

Empisa za Omubaka wa Allah ez'ekika ekyawaggulu ................ 61

Obunyirivu bw'ekyenyi kya Omubaka wa Allah,
obutonde bwe wamu n'empisa ze ............................................... 63

Obwetoowaze bwa Omubaka wa Allah....................................... 71

Okugaba kw'omubaka wa Allah ......................................... 75

Taquwa ya Omubaka wa Allah............................................ 77

Zuhudu (Okwesonyiwa ensi) ya Omubaka wa Allah........... 81

Obugonvu bw'omutima gwa Omubaka wa Allah ................ 85

Empisa n'ensonyi ebya Omubaka wa Allah......................... 90

Obuzira bwa Omubaka wa Allah......................................... 93

Ekisa kya Omubaka wa Allah ............................................. 95

Okulumirwa kwa Omubaka n'okusaasira kwe..................... 99

Okusonyiwa kwa Omubaka............................................... 102

Okufaayo kwa Omubaka okutuukiriza eddembe lya muliraanwa ........ 109
Engeri Omubaka wa Allah gye yayisangamu abaavu .......... 111
Engeri Omubaka wa Allah gye yayisangamu abawambe n'abakozi b'awaka ........ 114
Engeri omubaka wa Allah gye yayisangamu abakyala ...... 121
Engeri omubaka wa Allah gye yayisangamu ba mulekwa... 129
Engeri Omubaka wa Allah gye yayisangamu ebisolo ....... 131
Ebipimo ebyawaggulu ebiyisa emmunyeenye ........ 141

**Ekitundu ekyokusatu / 145**

Okutereera kw' omutima mu kugoberera Omubaka wa Allah .. 147
Okugoberera Omubaka wa Allah ng'oyita mu kumwagala n'okukinywewererako ........ 152
Omulembe gw'okwesiima: ye ndabirwamu ey'empisa za Omubaka wa Allah n'okumwagala ........ 160
Ebigambo ebinyuma mu kwagala Omubaka wa Allah .............. 170
Okwagala Basswahaba abeebitiibwa kwe baalina eri Omubaka wa Allah ........ 178
Ensulo z'okwagala ezikulukutira Omubaka oluvannyuma lwa Basswahaba abeebitiibwa ........ 194
Okusaalira ennyo Nnabbi n'okumusabira emirembe ........ 211

**Ekitundu ekyokuna / 217**

Ekisinga okwetaagibwa mu ssomero ly'amagezi n'omutima bwe buntu obw'okulabirako ........ 219
Ekiwa omuntu obuntu bwe kwe kulabirira okwa Katonda ... 219

Omuntu okwanguyirwa ekyokugoberera n'ekyokulabirako .. 231
Obuntu bw'ababaka obwokulabirako n'okugoberera ......... 234
Omubaka wa Allah tumwagala kukoma wa? ............................. 238
Okukozesa omutima n'amagezi........................................ 238
Ekyokulabirako ekyeyawudde ekimu nga ye Muhammadi Omubaka wa Allah....................................... 239
Kulaane eyeekitiibwa kye kyamagero ekisinga obunene .. 240
Abeera muzibe ageya enjuba n'agikwatirwa ensaalwa ..... 241
Omwagalwa agondera omuntu gw'ayagala ...................... 247
Okugoberera Omubaka kwetaaga kutendekebwa na kugunjula okw'omutima................................................ 248
Tutuuse wa mu kutegeera ekigero kya Nnabbi? ................ 251
Ekigezo ky'okwagala n'empisa........................................ 255
Ekipimo mu kwagala Omubaka ........................................ 258
Akabonero akalaga okwagala Nnabbi................................ 260
Ekizibu ennyo kwe kutenda Nnabbi nga bwe kyetaagisa .. 261
Ebikomererayo .................................................................. 262
Ekitiibwa kye tulina nga kyamaanyi okubeera Ekibiina kye ..... 266
Ebiri mu kitabo ................................................................. 270